

MANNYA OKUNNYONYOLA KY'OKKIRIZA



Dads and Kids Together in God's Word..

[practiceministries.org](http://practiceministries.org)

## PRACTICE MINISTRIES BIBLE STUDY CURRICULUM.

### MANNYA OKUNNYONYOLA KY'OKKIRIZA N'OKUFUNA EBY'OKUDDAMU OKUVA MU BAIBULI.

#### Ebiri mu katabo:

- Ekitundu 1: Emisomo okuva mu Baibuli mu bufunze.  
Okussa mu nkola kuleeta okola ebituukiridde; Engeri gy'oynza okutambuzaamu obulungi amasomo g'okuyiga Baibuli.
- Ekitundu 2: Emisomo okuva mu Baibuli.
- Ekitundu 3: Eby'okuddamu mu Baibuli.

Practice Ministeries Bible Study Curriculum and Exploring The Bible  
©1997,2002 by Practice Ministries

Ebyawandiikibwa bikozeseddwa okuva mu nzivunula ya New International Version copy right 1973,1978,1984, by International Bible Society. Bikozeseddwa oluvannyuma Iw'okufuna olukusa okuva mu bakubi be bitabo aba Zondervan. Byonna eby'olukusa babyesigaliza.

e-mail address: [Practiceministries@gmail.com](mailto:Practiceministries@gmail.com)  
website address: [www.practiceministries.org](http://www.practiceministries.org)

**MANYA OKUNNYONNYOLA KY'OKKIRIZA.**

**Omusomo # 1: Ennyanjula**

Naye mutukuzenga Kristo mu mutima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteetateeka bulijo okuddamu buli muntu abauuzanga ensonga ey'okusuubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya; (1Peetero 3:15).

Okuyiga kwa leero kuwa ennyanjula ku ngeri gy'oynza okulambika obutuufu bw'ebyo ebiraga nti Obukristaayo mazima agasobola okumanyibwa.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kukubiriza abaana okutandika okwekeneenya (okwetooloola) amazima g'obukristaayo.

**Omusomo # 2: Amazima agakwata ku Bukristaayo.**

"Bwamala okufulumya ezize zonna, azikulembera, n'endiga zimugoferera; kubanga zimumanyi eddoboozi, omulala tezimugoferera, naye zirimudduka buddusi. Kubanga tezimanyi ddoboozi lya balala (Yokaana 10:4-5).

**Omusomo # 3: Obukakafu obulaga nga Katonda gyali**

19 Kubanga ebya Katonda ebimanyika birabika eri abo; kubanga Katonda yabibalabisa.

20 Kubanga ebibye ebtalabika okuva kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeerera ku bitonde, obuyinza bwe obutaggwaawo n'obwakatonda bwe; babeere nga tebalina kya kuwoza; (Barumi 1:19-20).

Leero tujja kutunuulira ebyo ebiragira ddala nga Katonda gyali.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okuyiga ebyo ebiraga nti Katonda gyali.

**Omusomo # 4: Ddala Yesu Kristo Katonda?**

1.Katonda edda bwe yayogereranga mu bitundu ebingi ne mu ngeri ennyingi eri bajajjaffe mu bannabbi. 2 Mu nnaku ez'olvannyuma yayogerera naffe mu mwana, gwe yassaawo okuba omusika mu byonna, era gwe yatonza ebintu byonna (Abaebulaniya 1:1-2)

Leero tujja kutunuulira ebyo Yesu bye yeeyogerako nga ye n'obukakafu obulaga amazima gaabyo.

Okuyita mu Baibuli kuyigiriza abaana ebyo Kristo bye yeeyogerako n'amazima gaabyo.

**Omusomo # 5: Okuzuukira.**

Naye kaakano Kristo yazuukizibwa mu bafu, gwe mwaka omuberyeberye ogw'abo abeebaka. (1Abakolinso 15:20).

Leero tujja kuyita mw'ebyo ebiraga obukakafu obw'okuzuukira kwa Yesu.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okwejjukanya obukakafu obulaga okuzuukira kwa Kristo n'amazima gaakwo.

**OMUSOMO # 6: Okunnyonnyola okuzuukira.**

- 16 Naye abayigirizwa ekkumi n'omu ne bagenda e Ggaliraaya, ku lusozi Yesu gye yabalagira.
- 17 Bwe baamulaba ne bamusinza, naye abalala ne bamubuuusabuusa.
- 18 Yesu n'ajja n'ayogera nabo n'agamba nti mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne kensi.
- 19 Kale mugende, mufule amawanga gonna abayigirizwa , nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu.
- 20 Nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe; era, laba, nze ndi wamu nnammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo  
[ Matt 28:16-20]

Endowooza nnyingi zaaweebwa/zaayanjulwa okugezaako okuwa enonnyola lwaki entaaana yasangibwa nga njeereere mu makya g'olunaku olw'amazuukira olw'okusooka. Tujja kuwlira ku ndowooza zino nga bwe ziri era twogere lwaki nkyamu.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okunnyonnyola okuzuukira.

**OMUSOMO # 7: Okwejjukanya emisomo 1-6**

Naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijo okudamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusuubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu nokutya. (1Peetero 1:15)

Okuwumbawumba ennyanjula ey'okumanya eky'okuddamu kw'ekyo ky'okkiriza okubuulira abantu amazima g'Obukristaayo. Tumanya tutya nti Katonda gyali. Lwaki Yesu Katonda, tumanya tutya nga Yesu yazuukira okuva mu bafu, obukakafu obw'okuuzuukira.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okwejjukanya emisomo 1-6.

**Omusomo # 8: Ddala Baibuli eyogera mazima?**

Buli ekyawandiikibwa kirina okulungamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okuterezanga olw'okubuulira okuli mu butuukirivu (2Timoseewo 3:16)

Ekyogerebwa ekyewuunyisa Baibuli ng'ewa obukakafu obulaga nti eyogera mazima.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okufuna ebyo Baibuli byeyogera nga biraga nti eyogera mazima.

**Omusomo 9# : Ddala Baibuli geyogera mazima.**

Obunnabbi obwatuukirira

3. Eddbooz iyanggerera waggulu nti mulongoose mu lukoola ekkubo lya Mukama , mugololere mu ddungu Katonda waffe oluguudo. 4 Buli kiwonvu kirigulumizibwa, na buli lusozi n'akasozi zirikakkanyizibwa; n'obukyamu buligololwa. N'ebifo ebitali bisende biritereezebwa; 5 n'ekitiibwa kya Mukama kiribikkulibwa, ne bona abalina omubiri balikiraba wamu; kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde ( Isaaya 40:3-5).

Leero tujja kutunuulira obunnabi obuwerako obwayogerwa mu Ndagaano Enkadde nga kaakano bumaze okutuukirira mu Yesu Kristo.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okuyiga obunnabbi obumaze okutuukirira mu Baibuli.

**OMUSOMO # 10:: Ddala Baibuli eyogera mazima; Weeyongereyo**

Kubanga tetwagoberera ngero ezaganjibwa n'amagezi bwe twabategeeza obuyinza n'okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo, naye twalaba n'amaaso gaffe obukulu bwe (2Peteero 1:16).

Leero tujja kutunuulira obukakafu obulaga nti Baibuli ekyayogera kye kimu nga bweyasooka okuwandiikibwa.

Okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okumanya nti Baibuli gye tulina leero yeeyo yennyini eyasooka okuwandiikibwa.

**OMUSOMO # 11: Okwejjukanya Emisomo 8-10.**

Buli ekyawandiikibwa kirina okulungamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okbuulira okuli mu butuukirivu (2Timoseewo 3:16). Obukakafu obunyweza okutuukirira n'okugerageranya Baibuli eyasooka n'erivo leero.

Okuyita mu Baibuli nga twejjukanya emisomo 8-10.

**OMUSOMO # 12: Yesu ly'ekkubo lyokka erituuka ewa Katonda?**

So tewali mu mulala bulokozi , kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola (Bikolwa 4:12).

Leero tujja kutunuulira enjawulo erivo wakati w'Obukristaayo n'enzikkiriza endala zonna.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okuyiga lwaki Yesu Kristo yekka ly'ekkubo erinyweza enkolagana ne Katonda.

**Omusomo # 13: Ekyo Abakristaayo Baibuli kye Bakkiriza.**

Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati, n'okuwaayo nawaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo (Yokaana 3:16).

Leero tujja kutunuulira ebintu ebikulu ebikola enzikkirza y'Obukristaayo nga bwe buli mu Baibuli- Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku Yesu Kristo, obusatu bwa Katonda, omuntu ow'omunda (Omwoyo) abeerera emirembe gyonna, ekibi, obulokozi n'engeri ey'okubufunamu.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okwejjukanya ebintu ebikulu ebikola Obukristaayo obuli mu Baibuli.

**Omusomo # 14: Enjawulo eriwo wakati w'Obuyudaaya n'Obukristaayo bwa Baibuli.**

Kubanga tewali njawulo ya muyudaaya na muyonaani; kubanga omu ye Mukama waabwe bonne, ye mugagga eri abo bonne abamukaabirira; kubanga, buli alikaabirira erinnya lya Mukama alirokoka (Baruumi 10:12-13).

Wadde ng'Obuyudaaya n'Obukristaayo bulina bingi bye bufaanaganya, naye era bwawukana nnyo mu bintu ebimu.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kwejjukanya enjawulo eriwo wakati w'obuyudaaya n'Obukristaayo bwa Baibuli.

**Omusomo # 15: Enjawulo eriwo wakati w'Obuyisiraamu n'Obukristaayo bwa Baibuli.**

Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza.

29 Mwetiike ekikoligo kyange, muyigire ku nze; kubanga ndi muteefu era omuwombeefu mu mutima; nammwe muliraba ekiwummulo eky'omu myoyo gyammwe.

30 Kubanga ekikoligo kyange si kizibu n'omugugu gwange mwangu (Matt 11:28-30).

Obusiraamu bugattika ebintu ebimu okuva mu Ndagaano Enkadde n'Obukristayo nga bubiyita amazima, naye ate ne bumaliriza nga bukontana n'okuyigiriza kwa Baibuli. Tujja kutunuulira wa ebifaanagana w'ebikoma n'enjawulo etandikira wa.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kwejjukanya enjawulo wakati w'obuyisiraamu n'obukristaayo obwa Baibuli.

**Omusomo # 16: Enjawulo wakati w'Obuhindu n'Obukristaayo bwa Baibuli.**

Mwekuume tewabeerangawo muntu abanyaga mu bufirosoofo n'ebiyobulimba ebitalimu, okugobereranga eby'oluberyebery eby'ensi, okutali kugoberera Kristo.

(Abakkolosaayi 2:8-10).

Leero tujja kutunuulira enjawulo wakati w'enzikkiriza yabahindu n'Obukristaayo bwa Baibuli.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kwejjukanya enjawulo wakati w'Obuhindu n'Obukristaayo bwa Baibuli.

**Omusomo # 17: Enjawulo wakati w'aba Mamona n'Obukristaayo bwa Baibuli.**

Ku luberyeberye waaliwo kigambo, kigambo n'aba awali Katonda, kigambo n'aba Katonda (Yokaana 1:1).

Leero tujja kutunuulira enzikkiriza ya Mamona era eyawukanira wa ku bukristaayo bwa Baibuli.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kwejjukanya enjawulo eriwo wakati w'enzikkiriza ya Mamona n'Obukristaayo bwa Baibuli.

**Omusomo # 18: Enjawulo eriwo wakati w'aba Yakuwa n'Obukristaayo bwa Baibuli.**

Tomasi n'addamu n'amugamba nti ggwe Mukama wange era Katonda wange. [Yokaana 20: 28].

Leero tujja kutunuulira ezimu ku njigiriza za Yakuwa wadde nga ziwlilikika ng'Obukristaayo naye Iwaki ziri wala nnyo n'Obukristaayo.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kwejjukanya enjawulo wakati w'enzikkiriza ya Yakuwa n'obukristaayo bwa Baibuli.

**OMUSOMO # 19: Enjawulo eriwo wakati w'Obukristaayo obwa Sayansi n'Obukristaayo obwa Baibuli.**

Katonda ow'emirembe gino be yaziba amaaso g'amagezi gaabwe abatakkiriza omusana gw'enjiri gy'ekitiibwa eya Kristo oyo kye kifaananyi kya Katonda , gulemenga okubaakira. (2Abakkolins 4:4).

Leero tujja kutunuulira Iwaki obukristaayo obwa Sayansi tebulina kakwate konna n'amazima g'obukristaayo wadde Sayansi.

Okuyiga kunno okuyita mu Baibuli kwejjukanya enjawulo eriwo wakati w'Obukristaayo bwa Sayansi n'obukristaayo obwa Baibuli.

**Omusomo # 20: Eddlini z'ensi n'enjigiriza enkyamu.**

Nze kkubo, n'amazima n'obulamu; tewali ajja eri Kitange, wabula ng'ayita mu nze. (Yokaana 14:6).

Oyize ki mu misomo gy'okubye amabega?

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kwejjukanya enyawulo eriwo wakati w'obukristaayo, eddiini z'ensi n'enjigiriza ez'obulimba nga zerimbise mu bukristaayo.

**Omusomo # 21: Enjawulo wakati w'enzikkiriza y'omulembe omuggya n'Obukristaayo bwa Baibuli.**

Ekyaliwo kye kinaabangawo; n'ekyo ekyakolebwa kye kinaakolebwanga; so tewali kintu kiggya wansi w'enjuba (Omubuulizi 1-9-10).

Enzikkiriza y'omulembe omuggya kye ki? Eno ereeta kino na kiri, naye amazima gali nti tewali kintu kyonna kippy mu yo. Ka tuzuule yo etandikira wa era Iwaki lwelwo oluyimba olwa bulijjo olukadde.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kwejjukanya enjawulo wakati w'enzikkiriza y'omulembe omuggya n'Obukristaayo bwa Baibuli.

**Omusomo # 22: Okutonda kukwatagana ne ndowooza Y' Evolusoni**  
**(Ekitundu 1).**

Bwe mbabuulidde eby'ensi, ne mutakkiriza, mulikkiriza mutya bwe nnaababuulira eby'omugulu? (Yokaana 3:12).

Leero tujja kutandika ku lufulube /lukalala lw'obukakafu obuliwo obulaga amazima g'okutondebwa ngambalaganye n'endowooza y'Evolusoni.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okutegeera amazima kw'ekyo Baibuli kyeyogera ku kutondebwa kw'ensi n'obulamu obuliko.

**Omusomo # 23: Okutonda kukwatagana ne ndowooza Y' Evolusoni**  
**(Ekitundu 2).**

Kubanga Katonda si wa kuyoogaana, naye wa mirembe (1Abakkolinso 14:33).

Endowooza esinga okumanyibwa wonna ku nyigiriza ya evolusoni eraga nti evolusoni yakakasibwa amagezi ga sayansi nti ntuu. Leero tujja kutunuulira obukakafu obulaga nti okunoonyereza kwa Sayansi ku bulamu n'okutondebwa nga bwe kuli mu Baibuli bikirizaganya bulungi tebikubagana nakatono.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okuyiga nti amazima ga Baibuli tegakontana na magezi ga Sayabsi ku bikwata ku ntandikwa y'obulamu.

**Omusomo # 24: Okutonda kukwatagana ne ndowooza Y' Evolusoni**  
**(Ekitundu 3) Olufulube lw'obujulizi.**

Kubanga beerabira kino nga balaba, ng'edda waaliwo eggulu, n'ensi eyava mu mazzi era eyali wakati mu mazzi, olw'ekigambo kya Katonda; 6 ensi ey'edda amazzi kyegaava gagisaanyaawo n'ezikirira (2Peteero 3: 5-6).

Leero tujja kuwa obukakafu obulaga nti ddala nti amataba agoogerwako mu Luberyeberye 6-9 gaaliwo nga Baibuli bweyogera.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okunnyonnyola amazima g'amataba ga Nuuwa.

**Omusomo # 25: Okutonda kukwatagana ne ndowooza Y' Evolusoni**  
**(Ekitundu 4): Taata wo teyali nkima.**

Katonda n'akola ensolo z'ensi mu ngeri yaazo, nabuli ekyewalula mu ngeri yaakyo: Katonda n'alaba nga birungi (Luberyeberye 1:25).

Leero tujja kutunuulira lwaki ggwe wadde jjajja wo temwava mu nkima.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba omwana okwejjukanya lwaki abantu tebaava mu nkima wadde ekisodde.

**Omusomo :Okwebaza Okw'enjawulo.**

**Mwebazenga**

Mumwebazenga Mukama mukaabirenga erinnya lye; mumanyisenga ebikolwa bye mu mawanga. Mumuyimbirenga , muyimbenga okutendereza; mwogerenga ku by'amagero bye byonna (Zabbuli 105:1-2).

Leero tugenda kubala omukisa gwaffe ogw'engeri ez'enjawulo ate tugukozese nga tuwaayo!.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okulowooza ku ngeri empya ey'okuwaayo.

**Omusomo ogw'enjawulo ku mazaalibwa.**

Era, laba, oliba olubuto, olizaala omwana ow'obulenzi, olimutuumma erinnya Yesu [Lukka 1;31]

Leero tugenda kwogera ku lugero lw'amazalibwa naye ku luno nga lwawukanako mu kutandika n'okumaliriza okuva kwolwo lwe tuwulira bulijjo.

Okuyiga kuno okuyiga mu Baibuli kuyamba abaana okujjukira amakulu gennyini ag'amazaalibwa.

**Omusomo ogwenjawulo ku mazuukira.**

Kubanga Katonda bw yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo nawaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo (Yokaana 3;16).

Omusomo guno gunnyonnyola ekyo ekya baawo ku Yesu. Omwana yekka owa Katonda – ku lunaku okulumbera okukwatibwa kwe akomererwe okutkolera obulokozi nze naawe.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kuyamba abaana okutegeera obukulu bwa ssaddaaka Yesu gye yakola.

**Omusomo gw'okusaba okw'enjawulo.**

Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetoozanga ne basaba ne banonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe. (2Ebyomumirembe 7;14).

Mu kifo ky'okuyiga leero tugena kussa mu nkola. Tugenda kukozesa ekiseera kyaffe eky'okuyiga okusaba Katonda eyatutonda era atuwanirira kulw'abantu b'eggwanga lyaffe.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kwaniriza abaana okuwandiika okusaba kulw'abantu b'eggwanga lyaffe.

### **Kiseera Kya bujulizi.**

Ye n'addamu nti oba ng'alina ebibi simanyi; ekigambo kimu kye mmanyi nti nnali muzibe wa maaso, naye kaakano ndaba (Yokaana 9:25).

Ekirowoozo eky'okuwa obujulizi-engeri Yesu gye yajja mu bulamu bwo kiyinza obutakusanyusa. Oyinza n'okutya n'olemererwa olw'obutamanya kya kwogera. Naye Yesu bwaba ng'ali mu bulamu bwo, olina eky'okwogera era okuyiga engeri ey'okubuwaamu kye kyetaagisa okuleeta amawulire amalungi aga Yesu Kristo mu bulamu bw'omuntu omulala.

Okuyiga kuno okuyita mu Baibuli kukuwa ebirowoozo, amagezi n'okkuteerawo enkola gy'osobola okugoberera mu bufunze okukugganya obujulizi bwo awamu.

### **Okuteeka mu bikolwa kuleeta okutuukirira**

Okumalirira ddala emyaka egissuka mu mwenda tuyambye okutegeka ebikumi n'ebikumi by'emisomo gy'okuyiga Baibuli. Era twavuddeyo nendagiriro oba enkola ennungi ejja okuyamba amaka gammwe okusobola okuganyulwa obulungi mu kuyiga kuno.

Bino bye birowoozo mu bufunze ebisobola okkuyamba engeri gy'oyinza okutegeka obulungi okuyiga Baibuli.

- Yaniriza Yesu okubeerawo mu kuyiga Baibuli. Musabe amaanyi ge n'okubeerawo okukola mu buli bulamu bwa muntu azze.
- Bwe kuba kuyiga kwa ku makya, tegekayo ku by'okulya n'okunywa. Bwe kuba kwa kawungeezi, beerawooko n'obwokulya obwangu eri abaana n'abazadde ng'okuyiga tekunaba kutandika.
- Tandika mu bwangu ate mu bujuvu kuba abantu abamu obudde buyinza okuba obutono.
- Kikola bulungi abaana ne batuula ne bataata baabwe mu kuyiga.
- Weeyanjule n'abaana beeyanjule naddala singa waba waliwo abatamanyiganye.
- Tandika okuyiga Baibuli n'okusaba. Buuza obanga omu ku baana oba ku bataata baabwe ayinza okulembera okusaba, naye ate tobawaliriza, kubanga ekyo kiyinza okubakaluubiriza. Kikola bulungi okulonda anaagulawo n'okusaba nanaamaliriza okusobola okwetegeka.
- Mu kibiiна abantu bwe batandika buli omu okumanyiira munne, kiba kirungi okusaba okwetooloola buli wiiki mu bantu ab'enjawulo, abaana ne bakitaabwe bona basobola okwenyigiramu.
- Mu bufunze nnyonnyola eky'okuyiga ky'olunaku.

- Yanjula ebibuzzo eby'okubaganyaako ebirowoozo era tandika okubikubaganyaako mu bufunze. Kubiriza ba taata okwenyigira mu kubaganya ebirowoozo. Bataata bayinza obutabaako ne kye-bogera kubanga okuyiga kw'abaana. Naye okwenyigira kwa bataata kukulu nnyo.
- Yita mu ky'okuyiga mu ngeri ewa emirembe mu kibiina. Bwotomalaayo si nsong'a.
- Malira mu budde obutegekeddwa. Eddakiika ng'abiri ziba zimala bulungi. Ate bwezikendeerako kiba kirungi.
- Kubiriza abaana ne bataata okuddamu akapapaula buli wiiki era lekayo ekiseera buli mwana okusobola okuwa eky'okuddamu.
- Kubiriza abaana okussa mu bikolwa embala eba essiddwako essira mu kuyiga kw'olunaku. Okuyita mu wiiki basoomooze okusobola okugabana n'ekibiina mu kuyiga okuddako mu mbeera zonna we bafunira omukisa okuteeka mu nkola ebyo bye baayiga.
- Eno y'engeri ennungi ey'okumaliriza buli kuyiga bataata n'abaana (abawala oba abalenzi), basabe buli omu okusabira omulala. Oyinza n'obasaba buli omu abuuze munne ki kye yandyagadde omusabira ku lunaku olwo.

Gezaako ku nkola eno waggulu bwe kiba kyetaaga okukyusa kyusaamu okusobola okusisinkana eby'etaago by'ekibiina.

Eky'okulabirako engeri gy'oyinza okutegekamu okuyiga Baibuli.

7:10-7:20am – Okutabagana mu kulya n'okunwa.

7:20-7:40am – Omusomo gwa Baibuli

7:40-7:50am – Okwejjukanya mu Baibuli

7:50-7:55am – Okusaba kw'abaana ne bataata.

7:55 - Okuteeka mu nkola ekiyigiddwa.

**EBY'OKUYIGA MU BAIBULI**

NO	EKY'OKUYIGA	OLUNYIRIRI	OLUPAPULA
1	Enyanjula (Manya eky'okuddamu kw'ekyo ky'okkiriza	1Peteero 3:15	
2	Osobola okumanya Katonda?	Yokaana 10:14	
3	Obukakafu obulaga nga Katonda gyali?	Baruumi 1:19-20	
4	Ddala Yesu Kristo Katonda?	Baebulaniya 1:1-2	
5	Okuzuukira	1Abakolinso 15:20	
6	Okunnyonnyola okuzuukira	Yokaana 20:5	
7	Okwejjukanya emisomon 1-6	1Peetero 3:15	
8	Ddala Baibuli eyogera mazima? [Ekitundu 1]	2Timoseewo 3:16	
9	Ddala Baibuli eyogera mazima? [Ekitundu 2]	Yeremiya 28:9	
10	Ddala Baibuli eyogera mazima [Ekitundu 3]	2Peetero 1:16	
11	Okwejjukanya emisomo 8-10	2Timoseewo 3:16	
12	Yesu ly'ekkubo lyokka erituuka ewa Katonda?	Yokaana 14:1-7	
13	Ekyo Abakristaayo ba Baibuli kye bakkiriza	Yokaana 3:16	
14	Enjawulo eriwo wakati w'Obuyudaaya n'Obukristaayo bwa Baibuli	Baruumi 10:13	
15	Enjawulo eriwo wakati w'obusiraamu obukristaayo bwa Baibuli	Mattayo 11:28	
16	Enjawulo eriwo wakati w'Obuhindu n'Obukristaayo bwa Baibuli	Abakolosaayi 2:8-10	
17	Enjawulo eriwo wakati w'aba Mamona n'Obukristaayo bwa Baibuli	Yokaana 1:1	
18	Enjawulo eriwo wakati w'aba Yakuwa n'Obukristaayo bwa Baibuli	Yokaana 5:24	
19	Enjawulo wakati w'Obukristaayo bwa Sayansi n'Obukristaayo bwa Baibuli	2Abakolinso 4:4	
20	Eddiini z'ensi n'enyigiriza enkyamu	Yokaana 14:6	
21	Enjawulo wakati w'enzikkiriza y'omulembe omugya n'obukristaayo bwa Baibuli	1Yokaana 5:11-12 Mubuulizi 1:9-10	
22	Okutonda kukwatagana ne 'Evolusoni'[Ekitundu 1]	Yokaana 3:12	
23	Okutonda kukwatagana ne 'Evolusoni'[Ekitundu 2]	1Abakkolinso 14:33	
24	Okutonda kukwatagana ne 'Evolusoni' [Ekitundu 3]	2Peetero 3:5-6	
25	Okutonda kukwatagana ne 'Evolusoni' [Ekitundu 4]	Baruumi 1:20	
26	Emisomo egy'enjawulo		
27	Okwebaza	Zabbuli 105:1-2	
28	Amazaalibwa	Luuka 1:13	
29	Amazuukira	Yokaana 3:16	
29	Okusaba	2Ebyomumirembe 7:14	
30	Ekiseera ky'obujulizi	Yokaana 9:25	

MANNYA OKUNNYONYOLA KY'OKKIRIZA

## OKUYITA MU BAIBULI

**EBY'OKUDDAMU OKUYITA MU BAIBULI.**

**OMUSOMO # 1: ENNYANJULA KU MANYA EKY'OKUDDAMU KW'E KYO KY'OKKIRIZA**

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero

*Naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekatekanga bulijo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusubira okuli mu mmwe; naye n'obuwombeefu n'okutya. [Peetero 1:15].*

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Yiga engeri gy'oynza okuba n'ekyokuddamu ku mazima agakwata ku bukristaayo.

**Ekibuuzo eky'okubaganyaako ebirowoozo; Lwaki okkiriza nti Obukristaayo mazima?**

**Ennyanjula ku kumanya eky'okuddamu olw'ekyo ky'okkiriza [1Peetero 1:15]**

*Naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka nga bulijo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya;*

**Ekibuuzo; Okumanya eky'okuddamu kw'ekyo ky'okkiriza kitegeeza ki?**

Kino kitegeeza engeri ey'okunnyonnyola ekyo ky'okkiriza era lwaki okikkiriza. Y'engeri y'okuwaamu obukakafu n'olaga ebituufu amazima gasobole okumanyibwa.

**Ekibuuzo: Mu bukristaayo okumanya eky'okuddamu kw'ekyo ky'okkiriza kitegeeza ki? Kitegeeza okuba n'ensonga entuufu ezikwata ku bukristaayo z'osobola okunnyonnyola amazima g'obukristaayo ne gamanyibwa.**

**Ekibuuzo: Okuyiga engeri gy'oynza okunnyonnyola amazima agakwata ku bukristaayo kukuyamba kutya?**

Okuyiga okunnyonnyola amazima agakwata ku bukristaayo kukuyamba;

- Okumanya n'okutegeera amazima ku bukristaayo.
- Kukuyamba okutegeeza abantu amazima g'Obukristaayo.
- Kukuyamba okukuwa obuvumu n'obugumu mu kukkiriza kwo kubanga Obukristaayo busimbye ku mazima n'obukakafu obutayinza kubuuшибابعو.

Okutegeera amazima agakwata ku Bukristaayo.

Nze kkubo n'amazima n'obulamu.... Yokaana 14:16

Okutegeera amazima agakwata ku bukristaayo, twetaaga okunnyonnyola ebimu ku bigambo ebikozesebw, kituyambe nti bwe biba birina we birabikidde mu kuyiga kwaffe tuba tubitegeera bulungi.

Abakristaayo n'Obukristaayo.

**Ekibuuzo: Obukristaayo kitegeeza ki?**

Omukristaayo kitegeeza ki? Omuntu aguddewo oluggi lw'obulamu bwe eri Yesu n'amwaniriza ayingire ng'omulokozi we. Omukristaayo assa obwesige bwe bwonna n'obulamu bwe mu mulimu Yesu gwe yakola ku musalaba ng'engeri yokka emufuula ekitundu ku amaka ga Katonda.

**Ekibuuzo : Obukristaayo kye ki?**

Obukristaayo kitegeeza ekibina ky'abantu nga balugamizibwa nga baweebwa amaanyi Omwoyo Omutukuvu nga bakola okusalawo era nga babeera mu bulamu okusinziira kw'ekyo Yesu kyayigirizanga amazima.

Ebantu bibiri by'olina okujukira ku bukristaayo;

1. Tosobola "Kola" bukristaayo. Okuzaalibwa si kye kintu ky'oynza okuyitamu omulundi ogw'okubiri. Tosobola kuzaalibwa nga toyise mu mitendera omuntu gyayitamu okuzaalibwa. Mu ngeri y'emu tosobola kubeera mukristaayo nga toyise mu mitendera egikufuula omukristaayo.
2. Tosobola kwegatta ku bukristaayo. Eky'okulabirako, osobola okwegatta ku basikawutu n'ofuuka omusikawutu; era osobola okwegatta ku bandi y'essomero n'ofuuka mmembra.. Naye tosobola kufuuka mukristaayo lwa kwegatta ku kkanisa oba ekibiina.

Obukristaayo bujja oluvannyuma lw'okufuuka Omukristaayo oli ayise mu mitendera nga Baibuli bwiegirambika.

Amazima agakwata ku mazima.

Awo Yesu n'agamba Abayudaaya bali abamukkiriza nti bwe munywerera mu kigambo kyange, nga muli bayigirizwa bange ddala; era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe [Yokaana 8:31, 32]

**Ekibuuzo: Bwe tugamba ekintu nti mazima kiba kitegeeza ki?**

Ekintu eky'amazima ky'ekyo ekituufu ekyesigamwako nga kyekyo kyennyini.

**Ekibuuzo: Amazima kye ki?**

[Amazima kwekwawukana ku nsobi]. Amazima y'engeri yennyini ekintu bwe kiri.

Waliwo amateeka g'olina okutegeera agakwata ku mazima n'engeri ekintu gye kibaamu eky'amazima.

- Amazima gategeerekeka. N'olwekyo, ng'amazima agamu bwe gasobola okutegeerekeka, kisoboka okubaako amazima agamanyibwa ku Katonda.
- Amazima gaba masukulumu era malongoofu. Mu ngeri endala, waliwo engeri emu yokka ekintu gye kiteekwa okuba ekituufu. Okugeza; Ebitaala by'akalippagano tebisobola kubeera bya kiragala ate nga bimyufu omulundi ogumu mu kiseera kyekimu.
- Eky'amazima kiba ky'amazima bulijo, okugeza  $1+1=2$ .
- Ekiba eky'amazima kiba mazima eri abantu bona mu biffo byonna ekiseera kyonna. Okugeza  $1+1=2$ .

- Wasobola okubeerawo enjawulo wakati w'amazima n'ekyo abantu kye balowooza okuba amazima okugeza . ebiseera ebimu, waaliwo abantu abaalowooza nti ensi yali ntereenvu. Naye ekyo tekyaggyawo kituufu nti ensi bulijjo neetoloovu.
- Wasobola okubeerawo enjawulo wakati w'amazima n'ekyo abantu kye baagala gabeere amazima, okugeza Yesu Katonda. Abantu ab'enzikkiriza ezimu n'amaddiini akatali ga bakristaayo tebaagala kukkiriza nti Yesu Katonda.
- Ekituufu kiba kituufu si nsonga abantu bawulira batya kw'ekyo si nsonga abantu bakkiriza batya kw'ekyo oba baagala kukkiriza batya kw'ekyo.
- Amazima n'ensobi bya njawulo nnyo.
- Buli kintu kyonna ekiwakanya amazima kiba bulimba.

**Ekibuuozo:Bwe kiba nga buli kintu kyonna ekiwakanya amazima kiba kikyamu; ate endowooza y'Obukristaayo ku Katonda ge mazima, awo kiba kitegeeza ki eri endowooza zonna eziwakanya endowooza y'Obukristaayo ku Katonda?**

Endowooza zonna eziwakanya ziba nkyamu. N'olwekyo endowooza y'Obukristaayo bwe gamba mazima, tuba tulina obukakafu nti:

- Katonda wa Baibuli gyali.
- Yesu ye mwana wa Katonda emirembe gyonna, Masiya eyasuubizibwa Baibuli gweyogerako.
- Baibuli yonna eyogera mazima.
- Yesu lye kkubo lyokka omuntu mwayita okomyawo enkolagana ne Katonda.

Buli muntu ayagala okumanya nti ekyo ky'akkirizza mazima, naddala bwe kituuka ku kukkiriza Katonda.

Kye tugenda okukola mu misomo eginaagoberera kwe kulaga amazima g'Obukristaayo nga tukozesa ensonga n'obukakafu obutabuusibwabuusibwa.

## OMUSOMO # 2: AMAZIMA AGAKWATA KU BUKRISTAAYO.

Olunyiriri ly'okuyiga kwa leero:

Oyo Yesu kye kifaananyi kya Katonda atalabika.... [Abakkolosaayi 1:15].

Ekigendererwa ky'okuyiga:

Yiga engeri gy'oyinza okuba n'ekyokuddamu ku mazima agakwata ku Bukristaayo.

Ekibuuzo eky'okubaganyaako ebirowoozo:

Mbuulira ebintu by'omanyi ku Katonda:

Ngeri ki esinga okuyamba okumumanya:

Amazima agakwata ku Bukristaayo [Yokaana 10:1-5].

Ddala ddala mbagamba nti atayita mu mulyango ng'ayingira mu kisibo ky'endiga, naye nalinnyira awalala oyo ye mubbi era omunyazi. Naye ayita mu mulyango , ye musumba w'endiga.

Oyo omuggazi amuggulirawo; n'endiga zimuwlira eddoboozi; aziyita endiga ze amannya azifulumya ebweru.

Bwamala okufulumya ezize zonna, azikulembera; kubanga zimumanyi eddoboozi.

Omulala tezirimugoberera naye zirimudduka buddusi; kubanga tezimany ddoboozi lya balala.

**Ekibuuzo:Ekitundu kino kikutegeesa ki ku musumba?**

Omusumba amanyi endiga ze amannya.

**Ekibuuzo:Ki kye tumanyi ku Katonda era tusobola tutya okumumanya mu buntu?**

Yesu ye ngeri yokka gye tusobola okumanya Katonda n'omumanya mu buntu. Katonda yeeranga okuyita mu musumba omulungi Yesu Kristo. Oyo (Yesu) kye kifaananyi kya Katonda atalabika (Abakkolosaayi 1:15).

**Ekibuuzo:Njawulo ki eriwo wakati w'okukkiriza Yesu nga ye Kristo oba Masiya n'okukkiriza mu Yesu Kristo?**

Okukkiriza nti Yesu ye Kristo kwe kukimanya nti Yesu ye mulokozi w'ensi. Ate okukkiriza mu Yesu Kristo kwe ku mwesigamako n'omwesiga n'omulimu gwe yakola ku musaalaba okutunaazaako ebibi byaffe byonna n'okutuwa obulamu obutaggwaawo.

Okumanya engeri y'okubuulira abantu amazima g'obukristaayo kukuyamba okuleeta omuntu okukkiriza nti Yesu ye Kristo (eyalondebwa Katonda okukomyawo enkolagana y'abantu ne Katonda mu kusuubira nti omuntu oyo anaakkiriza Yesu ng'omulokozi we.

Kino kyakulabirako kirungi okukuyamba okutegeera bwe kiba okukkiriza Yesu Kristo:

Okukkiriza omugoba w'ennyonyyi nti asobola okusaabaza mu bbanga okuva mu kifo ekimu okugenda mu bwengula ne mutuuka bulungi si kye kimu n'omuntu akkiriza n'atuula mu nnyonnyi ng'alina obwesige mu ye nti asobola okukikola. Okkiriza n'otuula mu nnyonnyi ne weesiga omugoba okutwala, okukkiriza kwe kumu kwe weetaga okufuuka Omukristaayo (Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati n'okuwaayo n'awaayo omwana we

eyazaalibwa omu yekka buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutaggwaawo. (Yokaana 3:16).

Waliwo ebintu ebimu bye weetaaga okumanya n'okujukira bw'oba onobuulira amazima g'Obukristaayo.

- Okubuulira amazima g'Obukristaayo kifaananako n'okuwa omuntu egiraasi erimu amazzi. Kyokka ky'osobola okukola kwe ku kigimukwasa. Bwomala kiba kisigalidde ye okusalawo oba annywa.
- Kye tusobola okukola kyokka kwe kubuulira abantu Yesu Kristo ng'Omulokozi. Eky'okumukkiriza kuba kusalawo kwa buli muntu. Olaba ne Katonda tassa muntu ku muddumu gwa mundu amukkirize nga teyeeyagalidde nga ye.
- Abantu abamu bajja kukkiriza basse obwesige n'obugumu bwabwe mu Yesu ng'omulokozi era Mukama waabwe, bw'onoobabuulira Obukristaayo. Baibuli egamba nti Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi; kubanga ebiro bwe birituuka tulikungula' nga tetuzirise (Abaagalatiya 6:9).
- Waliwo abantu bo nga tebalikkiriza. Baibuli egamba "Era temwagala kujja gyendi okubeera n'obulamu (Yokaana 5:40).

#### Okubeera n'obugumu mu kukkiriza kw'Obukristaayo.

Kubanga ggwe oli ssuubi lyange , ai Mukama Katonda. Ggwe gwe nneesiga okuva mu buto bwange (Zabuuli 71:5).

Amazima g'Obukristaayo geesigamye ku nsonga n'obukakafu obutaliiko wadde akabuuza. Era obukakafu buno bwo busobola okuyimirirawo wadde ng'olina okusoomoozebwा okw'okubuusabuusa, ne bw'oba obuuziddwa ebibuuzo nga tolina na kyakuddamu.

Baibuli egamba nti naye ow'omukka obukka atakkiriza bya mwoyo gwa Katonda kubanga bya busirusiru gy'ali; era tayinza kubitegeera, kubanga bikeberwa mwoyo.  
(1Abakkolinso 2:14).

#### **Ekipuuzo:Lwaki abantu abamu tebakkiriza mazima ga bukristaayo?**

Abantu abamu tebafuna kuyigirizibwa kutuufu, abalala tebafuna kumanyisibwa ku Katonda ate abalala bo tebakkiriza bukkiriza.

Omulimu ogwaffe kwe kuwa abantu egiraasi erimu amazzi. Omwoyo Omutukuvu ye abayambe okunyuwa amazzi ago. Ekimu ku bikozesebwा Omwoyo Omutukuvu okuyamba abantu okulaba amazima g'Obukristaayo kwe kunnnyonyola okuli mu njiri. Era Katonda alonda abantu okubakozesa okuwa obubaka bwe. Omuntu oyo asabolera ddala okubeera ggwe. Biabuli egamba nti Naye omuddu wa Mukama waffe tekimugwanira kulwananga, wabula okubeeranga omukakkamu eri bona, omuyigiriza, omugumikiriza.

Abuulira n'obuwombeefu abawakannyi mpozzi oba nga Katonda alibawa okwenenya olw'okutegeerera ddala amazima (2Timoseewo 2:24-26).

**Ekibuuzo:Tusobola kubeera tutya nga tubuulira abantu amazima g'Obukristaayo?**  
Nga tulina ekisa, nga tuyigiriza mu buwoomeefu.

**Ekibuuzo:Olunyiriri lwe twakasoma lugambye nti abantu banaamanya batya amazima g'Obukristaayo nga tuyita mu kuyigiriza?** Katonda yennyini anaabakulembera mu kumanya amazima.

Waliwo abantu abalina ebibuuzo bingi ku bukristaayo ebitali byangu okuddamu. Kikulu nnyo okujjukira nti wadde oyinza okuba nga tomanyi kyakuddamu eri ekibuuzo, tekitegeeza nti tekiriyo. Baibuli egamba nti ebyekyama biba bya Mukama Katonda waffe; naye ebibikkulibwa biba byaffe era n'abaana baffe emirembe gyonna.  
(Ekyamateeka 29:29).

**Ekibuuzo:Lwaki tetulia kyakuddamu eri buli kibuuzo?**

Tetulina kyakuddamu ku buli kibuuzo kubanga Katonda teyatubikkulibwa buli kimu.

Tulina obukakafu obumala okutuklera omusingi omugumu ogw'okukkiriza kwaffe. Okukkiriza Yesus Kristo kwsigamye ku bukakafu. Era obukakafu buno bwesigika, bwesigamwako era tebuliiko kabuuza konna. Yesu agamba nti ye lye kkubo, n'amazima n'obulamu (Yokaana 14:6).

Kubanga enzikkiriza y'Obukristaayo mazima abantu basobola okugitunuulira ng abigirinako ebibuuzo ebizibu nga bwe baagala, wabula amazima gaayo tegakosebwa wadde akatono.

Wano wetulaga; mu misomo eginaagoberera, tujja kuba twogera kw'ebyo ebiraga obukakafu nti;

- Katonda gyali
- Yesu Kristo mwana wa Katonda
- Baibuli eyogera mazima.

### OMUSOMO # 3: OBUKAKAFU OBULAGA NGA KATONDA GYALI.

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero:

Kubanga ebya Katonda ebimanyika birabika eri bo; kubanga Katonda yabibalabisa. Kubanga ebibye ebitalabika okuva ku Kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeerwa ku bitonde, obuyinza bwe obutaggwaawo n'obwakatonda bwe; babeere nga tebalina kya kuwoza. [Abaruumi 1:19,20].

Ekigendererwa ky'okuyiga:

Okuwa obukakafu obumala okulaga nga Katonda gyali.

**Ekibuuzo eky'okubaganyaako ebirowoozo:**

Ki kye walidde ku makya? Osobola okikakasa? Otya?

Ennyanjula .

**Ekibuuzo:Ddala Katonda gyali?**

Weewaawo. Kino osobola okikakasa? Weewaawo-si weewaawo osanga simanyi.

Abantu abamu bagamba nti Katonda taliyo. Naye okugamba nti Katonda taliyo kitegeeza nti olina obukakafu n'okumanya kwonna okulaga nti Katonda taliyo. Naye bw'oba olina okumanya okwo kwonna awo kitegeeza nti ggwe oli Katonda.

N'olwekyo, bwoba olina okumanya kwonna okugamba Katonda taliyo (ng'ekyo kitegeeza ggwe Katonda) ate nga ndaba ggwe wooli, enjogera egamba nti Katonda taliyo eba yabwewuussa. N'olwekyo, waliwo obukakafu obulaga ddala nti Katonda gyali.

Mu kuyiga kwaffe okwawedde twayize nti kisoboka okumanya amazima ku kintu kyonna ng'otwaliddemu ne Katonda. Oba ng'obusobozi obulaga nti Katonda gyali mazima era nga kya nsongna nti amazima agakwata ku Katonda gasobola okumanyibwa, era kya nsongna okuwa obukakafu obulaga nga Katonda ddala gyali.

Nga tetunatandika okutunuulira obukakafu obulaga nti Katonda gyali, weetaaga okujukira kino nga kikulu; tekisobokera ddala okukakasa okubeerawo kwa Katonda ng'okozesa amagezi ga Sayansi.

**Ekibuuzo:Lwaki tekisoboka okukasa nti Katonda gyali ng'okozesa amagezi aga Sayansi?** Tekisoboka olw'obukwakulizo obutekebwawo okusobola okukakasa ekintu ng'okozesa amagezi gano. Okugeza; ekintu kirina okuba nga kirabika, okiddingana ate ng'osobola okukipima. Eky'okulabirako;

**Ekibuuzo:Wali olabye ku kipimo ekiraga okwagala, obwenkanya oba ekipimo ekiraga amazima?** Nedda.

**Ekibuuozo:Okwagala, obwenkanya n'amazima ddala gye biri?**

Gye biri. Naye okwagala, obwenkanya n'amazima tosobola kubipima ng'okozesa ebipimo by'amagezi gano aga sayansi. Bwe kityo bwe kiri ne ku Katonda. Tuteekwa okunoonyaayo engeri endala ey'okunoonyaamu obukakafu.

**Ekibuuozo:Katulowooze ng'atuddako gye twavudde:**

Osobola okukozesa amagezi ga Sayansi okukakasa ekyo kye walidde ku makya? [Nedda]

**Ekibuuozo:Bwoba tosobola kukakasa ekyo kye walidde ku makya ng'okozesa amagezi aga sayansi, bukakafu ki bw'osobola okuwa?** (Amajaani agaasigadde mu bikopo, amata agaayiise ku ngoye ze wabaddemu, taata ne maama abaakuwadde eby'okulya; ebyo byonna birowoozebwako ng'obukakafu).

**Ekibuuozo;Kaakano, bwe kituuka ku kubeerawo kwa Katonda, bwaba tasobola kukakasibwa ng'okozesa sayansi, biki bye tusobola okutunuulira?** [Waliwo obukakafu obulala]

**Ekibuuozo:Bukakafu ki obusinga okuba obw'okumwanjo obulaga nti Katonda gyali?**

(Ebyo abantu abakolaganye naye bye boogera) wuliriza bino;

16 Awo ku lunaku lw'okusatu, bwe bwakya enkyo, ne waba okubwatuka n'okumyansa n'ekire ekizimbye ku lusozi, n'eddoboozi ery'engombe eddene ennyo; awo abantu bona abaali mu lusiisira ne bakankana.

17 Musa n'aleeta abantu okuva mu lusiisira basisinkane Katonda; ne bayimirira wansi w'olusozi.

18 Olusozi Sinaayi lwonna ne lunyooka omukka, kubanga Mukama yalukkirako mu muliro; omukka gwalwo ne ganyooka ng'omukka gw'ekikoomi olusozi lwonna ne lukankana nnyo.

19 Eddoboozi ly'engombe bwe lyavuga ne lyeyongera nnyo, Musa n'ayogera, Katonda n'amuddamu n'eddoboozi (Okuva 19:16-19).

1. Katonda n'ayogera ebigambo bino byonna ng'ayogera nti.
2. Nze Mukama Katonda wo, eyakuggyga mu nsi eye'Misiri mu nnyumba ey'obuddu.
3. Tobanga na bakatonda balala we ndi. [Okuva 20:1-3].

Okubwatuka n'okumyansa, ekire ekikute n'omukka ogunyooka, okankana okw'amaanyi okw'olusozi n'okuvuga kw'engombe! Katonda n'ayogera! Enkumi n'enkumi z'abaana ba Isiraeri okubeerawo n'amaanyi ga Katonda mu maaso gaabwe, era olunaku olwo baakkiriza nti Katonda gyali. Abaana ba Isiraeri baalaba obukakafu bw'okubeerawo kwa Katonda mu maaso gaabwe.

**Ekibuuozo:Ate olwaleero?** Wali olabye Katonda ku ntkko y'olusozi lwonna ennaku zino? Oddamu ki singa omuntu akusaba obukakafu obulaga nti Katonda gyali?

**Ennyanjula ku kumanya eky'okuddamu kw'ekyo ky'okkiriza.**

19 Kubanga ebya Katonda ebimanyika birabika eri abo; Kubanga Katonda yabibalabisa.

20 Kubanga ebibye ebtalabika yabibalabisa. Okuva ku kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeererwa ku bitonde, obuyinza bwe obutaggwaawo n'obwakatonda bwe; babeere nga tebalina kya kuwoza. [Abaruumi 1:19,20].

**Ekibuuozo:Ki Baibuli ky'egamba ku ngeri Katonda gye yeeragamu mu Iwatu?** (Okuyita mu kutondebwa).

Baibuli egamba nti weetoolooze amaso kw'ebyo ebikwetooloode-oba tojja nakuba na kya kwekwasa obutakkiriza nti Katonda gyali.

Ka tutunuulire ebitwetooloodde tulabe obukakafu obutuyamba okukizuula nti Katonda gyali;

### **Entegeka y'ensi.**

1. Eggulu lyogera ekitiibwa kya Katonda: *N'ebbangla libuulira omulimu gw'emikono gye.*
- 2 Omusana gugamba ebigambo omusana, *n'ekiro kiraga amagezi ekiro.*
3. Siwali bigambo newankubadde olulimi; *eddoboozi lyabyo teriwulikika.*
4. Okuyigiriza kwabyo kubunye mu nsi zonna, *n'ebigambo byabyo okutuuka ku nkomerero y'ensi. Abiteekeddemu enjuba eweema [Zabbuli 19:14].*

**Ekibuuozo:Bukakafu ki bw'osobola okuzuula nti ensi eraga nti Katonda gyali?**

Entegeeka y'ensi.

- Ensi ejjudde ebikolebwa ebikwataganye mu ngeri eyakajegere, okugeza
- Zi ssengendo (planets) zisiiba zeetooloola, emunyeenyne, omwezi byetooloola zi ssengendo (planets), ebizungirizi bimyansa mu bbanga, emunyeenyne zizaalibwa ate ne zifa.
- Buli kimu ku bino ebigenda mu maaso birina ensibuka-entandikwa.
- N'olwekyo, ensi erina ensibuko-entandikwa.
- Tumaliriza tutuuse kwoyo eyaliwo mu ntandikwa- gwe tuyita Katonda.

### **Ensengeka y'ensi.**

25 Ensozi nga tezinnaba kussibwawo, wasooka obusozi okuzaalibwa;

26 Ye nga tannatonda nsi newankubadde ennimiro, newankubadde enfuufu ey'ensi eyasooka.

27 Bwe yanyweza eggulu nze naliyo;

28 Bwe yanyweza eggulu waggulu; *Ensulo ez'ennyanja bwe zaafuuka ez'amaanyi.*

29 Bwe yawa ennyanja ensalo yaayo, amazzi galemenga okusobya ekiragiro kye; *Bwe yalamba emisingi gy'ensi [Engero 8:25-29].*

**Ekibuuozo:Bukakafu ki obw'ensi obutulaga nti Katonda gyali?**

Enduka yaayo eraga ekigendererwa:

- Ebirungo eby'enjawulo ebikola amazzi bifuula obulamu obusoboka.
- Obugazi bw'ensi butusobozesa okubeera n'embeera gye tulina.
- Singa ensi yali ntono nnyo, embeera yandibadde tesoboka. Singa ensi yali nnene nnyo, embeera yandibadde nzibu nnyo okusobola okwanirira obulamu.
- Obuwantu obuliwo okuva ku nsi okutuuka ku njuba-ensi tebuguma nnyo ate tennyogoga nnyo okusobozesa obulamu okuba ng abusoboka.

*AbantuMusirike mumanye nga nze Katonda; Naagulumizibwanga mu mawanga, Naagulumizibwanga mu nsi [Zabbuli 46:10].*

**Ekibuuzo:Bukakafu ki obuliwo mu nzikkiriza z'abantu obutulaga nti Katonda gyali?** (Kyenkana ensi yonna ekkiriza nti Katonda gyali.

Abanoonyereza baakola okunoonyereza mu nsi yonna okuviiра ddala mu biseera ebyayita okutuusa leero, ne bazuula ekintu kimu, abantu bona kye bafaanaganya. Bakkiririza mu Katonda, era n'empisa z'obuwangwa ezisinga obukadde za Katonda ali waggulu ennyo.

**Ekibuuzo:Bubonero ki obulaga embala ya Katonda?**

(Okwagala, obwenkanya, amazima, okutonda).

Katonda yateeka embala eno mu bantu;

- Katonda kwagala [Yokaana 4:16]. Twagala kuba Katonda ayagala.
- Naye alisala omusango gw'ensi zonna mu butuukirivu. Aliwa omusango amawanga mu mazima [Zabbuli 9:8]. Abantu basaba obwenkanya kubanga abwetaaga.
- Ebigambo byonna bya mazima....[Zabbuli 119:160]. Twagala okubeera abamazima kubanga Katonda mazima.
- Katonda n'akola omuntu mu kifaananyi kye....[Oluberyeberye 1:27]. Tulina okuyaayaana okukola ebintu kubanga Katonda yatusaamu obusobozi obw'okutonda/ okukola.

Olw'okuba Katonda yassa ebintu bingi ebiraga embala ye mu muntu, abantu babadde nga banoonya Katonda okuviiра ddala mu nnaku za Adamu n'abaana ba Kaawa [Luberyeberye 4:26].

Amateeka g'empisa.

.....kubanga amakubo, ga Mukama ga nsonga, n'abatuukirivu banaagatambuliramu.... (Koseya 14:9).

- Tewali buwangwa bwali bubaddewo awatali mateeka. Agamu kyenkana gakola mu nsi yonna. Okugeza; amateeka agagaana okutta, okutyoboola eddembe ly'abaana.
- Bwe waba nga wabaddewo amateeka agafuga empisa z'abantu mu buli buwangwa okuva mu biseera eby'enjawulo, wateekwa okubaawo oyo ey'agagaba era agassa mu bantu amateeka ago agasookerwako. Agaba amateeka ago ye Katonda.

Okutondebwka kw'obulamu.

*Katonda n'atonda balukwata abanene, nabuli ekirina obulamu ekyewalula, amazzi kyegaazala mu ngeri zaabyo, na buli ekibuuka ekirina ebyoya mu ngeri yaakyoo; Katonda n'akiraba nga kirungi [Luberyeberye 1:21].*

**Ekibuuzo:Bukakafu ki bw'ozuula mu bulamu obutalaga nga Katonda gyali?**

Tonoonya nnyo kusukka mukono gwo:

- Obutafaali bw'ekintu ng'osobola okiraba bukolebwa ate obutafaali obulala nga butono nnyo tosobola kubulaba (atoms). Obutafaali obw'emmere ezimba omubiri bukolebwa omugatte gw'obutafaali (atoms) nga 3,000. Buno 3000 bugenda bweroba kamu mu buli kanaako okukola akatafaali ako kosobola okulaba. Omukisa gwabo guli  $2.02 \times 10$  (231).

- Singa obutafaali buno obutono ennyo obutadde mu jaaga n'obunyeenyeeza ku misinde egypt'okudduka kw'ekitangala, obutafaali obuwa omukisa ogw'okwegatta mu butuufu, kyanditwala ebbanga lya myaka obuwumbi 10 (234) okusobola okufuna obutafaali obwetaagisa okuzimba omubiri bukole obulamu.
- Okuteebereza okusingayo ku myaka gy'ensi kugamba nti ensi erina emyaka obuwumbi 2.5 gyokka egypt'obukulu (wabula ensonda ezeesigika ziranga nga ensi nto nnyo tetuuka ku myaka egyo). Wadde ng'ensi nkulu obwenkana wa, ekintu kiri kimu ekirambulukufu, tewannaba biseera bimala okukoleramu wadde akatafaali akamu (molecule) nga kino kiri wansi nnyo ku bwumbi bw'obutafaali (molecules) obusobola okutandika okukola obulamu!
- Lowooza ku mwana omuwere ng'atondebwa mu lubuto! Ng'omwana bweleyongera okukula, buli nnyingo erina omulimu gw'ekola ogw'enjawulo. Obuwumbi n'obuwumbi bw'ennyingo zino bumanyi ekyo kye bulina okukola na kitundu ki eky'omubiri kye zirina okubeera. Ezo ennyingo ezikola obusimu bw'omubiri ze zisooka okwekola kubanga ze ziwa emirimu gye zirina okukola. Kino kitegeke ova butanwa?
- Obungi bw'amawulire agali mu ndagabutonde (DNA) mu buli nnyingo ya muntu buteeberezebwa okubeera nga bw'enkanankana n'ebitabo bino bi kalimagezi (encyclopedia) nga 1,000. Kino kitegeke ova butanwa?
- Ebiseera ebitali by'emabega nnyo, kyalii kikkirizibwa nti obulamu busobola okubeerawo mbagirawo nga tewali na kibuleeta. Naye okunoonyereza okwakolebwa kakensa Louis Pasteur kwalaga obulamu busibuka mu bulamu obulala. Kino kitegeesa nti obulamu bwokka obulimu amagezi bwe busobola okutonda obulamu obulala. Ng'era ebyo ebyasooka okubeerawo mu nsi bwe byalina we biva, obulamu obwasooka bwalina Omuronzi waabwo; Katonda.

#### Mu bufunze

#### **Ekibuuozo:Bukakafu ki bwe wandiwadde omuntu singa bakubuuza lwaki okkiririza mu Katonda?**

(Entegeka ova okutondebwa kw'obutonde, ensengeka y'ensi, enzikkiriza abantu bona gye balina nti Katonda waali, amateeka g'empisa g'osanga mu nsi yonna n'obulamu bwennyini).

Obukakafu okuva mu butonde, ebyafaayo n'obulamu byonna bisonga ku Katonda nti gyali. Wabula jjukira, wadde ng'obukakafu obw'abantu ssekkinnomu buyinza obutakakasa kuberawo kwa Katonda.

Naye bwotandika okugatta obukakafu awamu, bwonna buwunzika bulaga nti Katonda ddala gyali.

#### **Ekibuuozo:Naye eriyo ebirala ebisukka ku bukakafu buno?**

Waliyooke obukakafu obulala obw'amaanyi obulaga nti Katonda gyali? (Yee). Tujja kuba tubulaba mu misomo essatu eginaaddako.

Ebinnyonnyola ebimu mu misomo guno bivudde mukitabo: Know Why You Believe, Paul Little, Intervarsity Press 1968pp8-14.

## OMUSOMO # 4: DDALA YESU KRISTO KATONDA? Ekitundu 1

Okwejjukanya awaka:

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero

63 Kabona asinga obukulu n'amugamba nti nkulayiza Katonda omulamu, tubuulire obanga ggwe Kristo omwana wa Katonda.

64 Yesu n'amugamba nti oyogedde: naye mbagamba nti okusooka leero muliraba omwana w'omuntu ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'amaanyi, ng'ajjira ku bire eby'eggulu [Mattayo 26:63-64].

Ekigendererwa ky'okuyiga

Okuwa obukakafu obwesigika obulaga nti Yesu Kristo Katonda ddala.

Okwejjukanya

Oyinza kuwa nsonga oba bukakafu ki singa omuntu akubuuzziza nti lwaki okkiriza Katonda?

- Enduka oba embeera y'obutonde
- Entegeka y'ensi
- Okubeerawo okw'amateeka g'empisa mu nsi yonna.
- Obulamu

**Ekibuuozo:Waliwooko ekissuka mu bukakafu?**

Waliwooko obujulizi obwa ddala obulaga nti Katonda gyali? (Yee).

Ddala Yesu Kristo Katonda

**Ekibuuozo:Singa Katonda ayagadde okuwuliziganya naffe, okutumanyisa nga bwafaanana, ngeri ki esinga gyayinza okukikola?**

(Okufuuka omuntu nga ffe n'abeera gye tuli).

**Ekibuuozo:. Kino Katonda yali akikoze? (Yee).**

Baibuli egamba: Katonda edda bwe yayogereranga mu bitundu ebingi ne mu ngeri ennyingi eri bajajjaffe mu bannabbi.

2. Mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogera naffe mu mwana gwe yassaawo okuba omusika wa byonna , era gwe yatonza ebintu byonna [Abaebbulaniya 1:1,2].

Yesu Kristo

Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gyetuli (ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng'ekyoyo eyazaalibwa kitaffe), ng'ajjudde ekisa n'amazima [Yokaana 1:14].

Yesu kye ky'okuddamu ekisinga obulungi n'obulambulukufu okutuyamba okumanya nti Katonda gyali. Ebiraga ebirala (bye twayogeddeko mu kuyiga kwaffe okuwedde) byo bikakasa bukakasa. Ekibinyweza kwe kuzaalibwa, obulamu, okufa n'okuzuukira kwa Yesu Kristo.

### Yesu Kristo

*Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng'ekyoyo eyazaalibwa kitaffe, ng'ajjudde ekisa n'amazima [Yokaana 1:14]*

Yesu kye ky'okuddamu ekisinga obulungi n'obulambulukufu okutuyamba okumanya nti Katonda gyali. Ebiraga ebirala (bye twayogeddeko mu kuyiga kwaffe oguwedde) byo bikakasa bukakasa. Ekbinyweza kwe kuzaalibwa, obulamu, okufa n'okuzuukira kwa Yesu Kristo.

**Ekibuuozo: Ki ekifuula obukristaayo okuba obw'enjawulo okuva ku ddiini endala zonna?** (Obukristaayo si ddiini. Eddiini ye mutu okugezaako okusanyusa Katonda asobole okuyingira mu ggulu. Obukristaayo eba nkolagana ne Yesu Kristo ). Abakristaayo ggwe nange tuyitiba okugoberera okuyigiriza kwa Yesu.

**Ekibuuozo: Ki ekifuula Yesu Kristo okuba ow'enjawulo okuva ku bakulembeze b'eddiini abalala bona?** (Tewali mukulembeze wa ddiini mulala yenna eyeeyogerako nga Katonda). Yesu ye yeeyogerako nga;

- Ly'ekkubo lyokka erireeta enkolagana ne Katonda
- Ye yekka ensibuko y'okusonyiyibwa
- Ye yekka ekkubo ery'obulokozi.

Ye nsonga abakulembeze ba Bayudaaya baatya era baakyawa Yesu. Ye nsonga lwaki baamutta. Ensonga gye yaalangibwa okuttibwa yali nga kuvvoola okweyita Katonda.

Yesu teyawani kibwa kkalabba lwa musango mulala gwonna gwe yakola wabula ow'ekyo kye yeeyita.

**Ekibuuozo: Yesu yeeyogerako ebintu bisatu, obimanyi?**

(Yeeyogerako ng'Omwana wa Katonda, ng'eyeenkanankana ne Katonda, yeeyogerako nga Katonda). Katweyongere okubitunuulira kinnaakimu.

### Yesu yeeyogerako ng'omwana wa Katonda.

Ojukra emboozi Musa gye yalina ne Katonda bwe yamulabikira mu kisaka ekyaka n'omuliro eri mu ddungu?

*13 Musa n'agamba Katonda nti laba, bwe ndigenda nze eri abaana ba Isiraeri, ne ,bagamba nti Katonda wa bajaja bammwe yantumye eri mmwe; nabo balyogera nti Erinnya lye ye ani?*

*14 Katonda n'agamba Musa nti Ninga Bwe Ndi; n'ayogera nti bw'otyo bw'olibaggamba abaana ba Isiraeri nti NDI ye antumye eri mmwe [Okuva 3:13,14].*

Yesu agamba abakulembeze b'enzikkiriza y'Ekiyuddaya nti ye Katonda ng'akozesa ebigambo ebyo waggulu; Yesu n'abagamba nti Ddala ddala mbagamba nti Ibulayimu nga tannaba kuzaalibwa, nze nga wendi. Baakitegeera bulungi Yesu kye yategeeza bwe yagamba nti Nze Ndi.

**Ekibuuozo: Kintu ki Yesu kyayagala ggwe obe n'obukakafu ku bimukwatako?**

(Nti ye Katonda ).

**Ekibuuzo: Tuyinza tutya okumanya nti okweyergerako kwa Yesu nga Katonda kw'amazimz?**

Waliwo ebantu bibiri byokka.

1. Okweyergerako kwe kwa bulimba
2. Okweyergerako kwe mazima.

Bwe kuba nga okweyergerako kwa Yesu bulimba: Bwe kubanga okweyergerako kwa Yesu bulimba, nga ye si Katonda, ggwe nange tuba tusigazaawo okusalawo kwa mirundi ebiri;

1. Yeus yali akimanyi bulungi nti okweyergerako kwe kwali bulimba
2. Yesu ye teyakimanyirako ddala nit bye yeeyogerako bwali bulimba.

Katugambe nti Yesu yakimanya nti yali alimba mu kweyogerako kwe. Kino bwe kiba bwe kityo:

**Ekibuuzo: Kino kyalibidde kimufuula kitya omunanfuusi?**

(Yesu y'agambanga abantu abalala okubeera abeesimbu ate nga ye mulimba).

**Ekibuuzo: Kino kyali kisobola Yesu okumufuula kitya omuzimu?**

(Y'agamba abalala okumwesiga ku lw'amagenda gaabwe ag'emirembe gyonna. Bwaba nga kino tasobola ku kikakasa nti si Katonda ate nga ddala yakimanya yali mubi nnyo okugenda ewala).

Kino kyandibadde kifuula kitya Yesu omusiru? (Kuba kwali kweyogerako kwe okuba Katonda okwamuleetera okukomererwa ku musaalaba).

Naye ate bwaba nga ddala Yesu yali takimanyi nti okweyergerako kwe bwali bulimba. Kino bwe kiba kituufu kiba kitegeeza nti Yesu yalimu obwa katwewungu. Ye yali akkiriza ddala okuba Katonda ate nga ddala teyali.

Omuntu okukkiriza nti Katonda kiri ekintu kimu. Naye ate Yesu yakolanga ebantu (obubonero) bw'olaba nga bwa Katonda. Tewaali kintu n'ekimu mu neeyisa ya Yesu ekyalaga nti yalimu obwa Katwewungu.

Bwe kuba nga okweyergerako kwa Yesu Mazima.

Bwe kuba ng'okweyergerako kwa Yesu nti Katonda mazima, kino kiba kitegeeza nti ddala ekyo Yesu, kye yeeyogerako kyali bwe kiba kino kiri bwe kityo; olwonno oba olina okusalawo.

Okumukkiriza okuba omulokozi era Mukama wo oba omugaana nga weeyagalidde okkirize byonna ebiriva mw'ekyo.

Kino kiba kisigalidde ggwe kyonoosalawo. Okusalawo kiri gyoli. Okusalawo okumugaana kiba kitegeeza nti oba oli ku ludda olw'abo abaamugaana era ng'oli mwetegegef ukgumira ebirivaamu.

**Ekibuuzo: Ggwe ogamba nti Yesu ye ani? Okkiriza nti Yesu yali mulimba? Okkiriza nti Yesu yalinamu obwa katwewungu? Oba okkiriza nti Yesu ali ekyo ky'ayogera?**

Nzikkiriza obujulizi bukakasa nti Yesu ddala ekyo kyali nga bw'agamba : Mwana wa Katonda, yenkana ne Katonda, Katonda! Naye ate waliwo obujulizi obwenkomeredde obukakasa nti Yesu ekyo kyayogera ddala mazima: Okuzuukira kwe.

**OMUSOMO # 5: DDALA YESU KRISTO KATONDA?**

**Ekitundu 2**

**OKUZUUKIRA**

Okwejjukanya waka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

Yesu n'asookera awo okubuulira abayigirizwa bwe kimugwanira okugenda e Yerusaalemi okubonyaabonyezebwa ennyo abakadde ne bakabona abakulu n'abawandiisi, n'okuttibwa, ne ku lunaku olw'okusatu okuzuukizibwa (Mattayo 16:21).

Ekigendererwa ky'okuyiga:

Okuwa obukakafu obwa nnamaddala nti okuzuukira kwa Yesu mu mubiri ddala kwaaliwo.

Ennyanjula.

**Ekibuuzo: Lwaki okuzuukira kukulu nnyo? (Kubanga obukristaayo buyimirirawo oba bugwa okusinziira ku kuzuukira kwa Yesu).**

Emirundi mingi nga Yesu agamba nti alittibwa naye olunaku olw'okusatu alizuukira. Singa yayogera nti alizuukira ate nnatazuukira kyali kya kufuula okuyigiriza kwe kwonna ne byonna bye yeeyogerako okubaako ekibuuzo ekinene. Okuzuukira kwe okuva mu bafu kwe kukaasa amazima nti Yesu ekyo kye yeeyogerako ddala kyali; Mwana wa Katonda.

**Ekibuuzo: Tumanya tutya nti Yesu Kristo ddala yazuukira?**

(Obujulizi bw'abo abaamulaba n'amaaso busangibwa mu Baibuli). Ka tutunuulire obujulizi buno.

**Okuzuukira [1Abakkolinso 15:12-20].**

12 Naye Kristo bw'abuulirwa nga yazuukira mu bafu, abamu mu mmwe boogera batya nga tewali kuzuukira kwa bafu?

13 Naye oba nga tewali kuzuukira kwa bafu, era ne Kristo teyazuukizibwa ;

14 era oba nga Kristo teyazuukizibwa; kale okubuulira kwammwe tekuliimu.

15 Era naye tulabika ng'abajulirwa ab'obulimba aba Katonda; kubanga twategeeza Katonda nga yazuukiza Kristo; gw'ataazuukiza oba ng'abafu tebazuukizibwa

16 kuba oba ng'abafu tebazuukizibwa

17 era oba nga Kristo teyazuukizibwa, okukkiriza kwammwe tekuliko kye kugasa: mukyali mu bibi byammwe.

18 kale era n'abo abeebaka mu Kristo baabula.

19 Oba nga mu bulamu buno bwokka mwe tubeeredde n'essuubi mu Kristo, tuli ba kusaasirwa okusinga abantu bona.

20 Naye kaakano Kristo yazuukizibwa mu bafu gwe mwaka omuberyeberye ogw'abo abeebaka  
[Abakkolinso 15:12-20].

**Ekibuuzo: Bwaba nga Yesu Kristo teyazuukizibwa okuva mu bafu okuba omulamu nate, Paulo agamba ki ekyandibadde ku kukkiriza kwaffe?**

(Okukkiriza kwaffe kwandibadde tekuliiko kye kugasa – Enzigi z'ekkanisa ziggalwe, amataala gaveeko abantu bade eka waabwe V14).

Naye kaakano Kristo yazuukizibwa mu bafu.....V20

Kye tugenda okukola kaakano, kwe kusima omusingi ogw'okuzuukira, tusobole okuwa obukakafu obwa ddala obulaga nti okuzuukira ddala kwaliyo nga Baibuli bwe gamba. Awo nno tujja kugatta obujjulizi bwonna awamu tubuleete mu kuyiga kwaffe okuddako.

Entaana [Yokaana 19: 38-42].

38 Awo oluvannyuma *Iw'ebyo Yusufu ow'e Alimasaya, eyali omuyigirizwa wa Yesu naye mukyama olw'okutya Abayudaaya ne yeegayirira Piraato okuggyako omulambo gwa Yesu ; awo Piraato n'akkiriza. N'ajja n'aggyako omulambo gwe.*

39 Ne Nikoodemo n'ajja (eyasooka okuja gyali ekiro) ng'aleese ebitabule eby'envumbo ne akaloosi, obuzito bw'abyo laateri nga kikumi.

40 Awo ne batwala omulambo gwa Yesu, ne baguzinga mu ngoye z'ekitaani wamu n'ebyalooosa ebyo, nga Abayudaaya bwa bayisa okuziika.

41 Awo mu kifo we yakomererwa waaliwo olusuku; ne mu lusuku mwalimu entaana empya etannaba kuteekewamu mutu.

42 Awo kubanga *Iwali lunaku Iwa kuteekateeka okw'Abayudaaya/era kubanga entaana yali kumpi) ne bassa omwo Yesu [Yokaana 19:38-42]*

Ng'empisa y'Abayudaaya ey'okuziika, nga bateekateeka omubiri gwa Yesu baaguzinga mu ngoye eze kitaani ne bamumansirako eby'akaloosa ebiweza laateri nga kikumi. Olugoye olw'enjawulo Iwazingibwa ku mutwe.

Oluvannyuma nga Yusuf ne Nikoodemu bamaze okutegeka omubiri gwa Yesu ne bagussa mu ntaana, ejinja baalibikka ku mugo gw'entaana.

Ejinja eryakozesebwa lirowoozebwa okuba nga lyali liweza obuzito ku mimwa gy'entana eyalinga obuwanvu bwa fuuti nya oba taano. Awo nno entaana n'eteekewako envumba.

Abakuumi ku Ntaana. [Mattayo 27:62-66].

62 Naye enkya, *Iwe lunaku olwaddirira olw'okuteekateeka, bakabona abakulu n'Abafalisaayo ne bakungaanira ewa Piraato.*

63 ne bagamba nti omwami tujukidde omulimba oyo eyagamba ng'akyali mulamu nti ennaku bwe ziriyitawo essatu ndizuukira.

64 Kale lagira bakuumire ddala amalaalo okutuusa ku lunaku olw'okusatu, abayigirizwa be batera okuja okumubba, bagambe abantu nti azuukidde mu bafu; era okukyamya okw'oluvannyuma kulisinga kuli okwasooka.

65 Piraato n'agamba nti mulina abakuumi mugende mugakuumire ddala nga bwe muyinza.

66 Nabo ne bagenda, ne bagakuumira ddala amalaalo, ejinja ne balisaako akabonero.

Abakuumi abarooma abasajja nga bana oba bataano be baalagirwa okukuma amalaalo. Egye ly'abarooma lyali lya mpisa era nga batya okuboonerezebwa, kale beewalanga nnyo okukola ensobi yonna nga bali ku luwalo lwa bwe. Waalingawo emisango mingi egayaviirangako omukumi w'Abarooma okutiibwa okugeza; singa yeebakiranga ku mulimu nga bwe gumusinga attibwa oba okuva mu kifo we bamutadde okukuma nga tamaze kufuna lukusa ng'asobola okuttibwa.

**Okuzuukira.**

Mattayo 28:1-7(a) ne Yokaana 20:1-7.

*1 Naye ku lunaku olwa ssabbiiti bwe lwali lugenda okuggwako, ng'olunaku olw'oluberyeberrye mu nnaku omusanvu lunaatera okukya Malyamu Mangudalena ne Malyamu ow'okubiri ne bajja okulaba amalaalo.*

*2. Laba, ne wabaawo ekikankano ekinene ku nsi; kubanga Malayika wa Mukama okuva mu ggulu n'aja n'ayiringisa ejinja okuliggyawo, n'alituulako.*

*3 Naye ekifaananyi kye kyalinga okumyansa n'engoye ze zaali zitukula ng'omuzira;*

*4 era entiisa ye n'ekankanya abakuumi ne baba ng'abafudde.*

*5 Naye Malayika n'addamu n'agamba abakazi nti mmwe, temutya; kubanga mmanyi nga munooonya Yesu eyakomererwa.*

*6 Tali wano; kubanga azuukidde nga bwe yagamba. Mujje mulabe ekifo Mukama we yagalamira.*

*7 Mugende mangu, mbuulire abayigirizwa be nti azuukidde mu bafu; laba abakulembera okugenda e Ggaliraaya; gye mulimulabira; laba mbabuulidde.*

*Yokaana 20:1 Awo ku lunaku olusooka mu nnaku omusanvu, Malyamu Mangadaleene n'aja mu matulutulu nga tebunnalaba eri entaana n'alaba ng'ejinja liggiddwa ku ntaana.*

*2. Awo n'addukana n'aja eri Simooni Peetero, n'eri omuyigirizwa oli omulala Yesu gwe yayagalanga, n'abagamba nti baggyeemu Mukama waffe mu ntaana so tetumanyi gye bamutadde.*

*3 Awo Peetero n'afuluma n'omuyigirizwa oyo omulala, ne bagenda ku ntaana.*

*4 Ne baddukana bombi wamu; n'omuyigirizwa oyo omulala nayisa Peetero, n'asooka okutuuka ku ntaana.*

*5 N'akutama n'alingizaamu, n'alaba engoye z'ekitaani nga ziteekeddwa awo; naye n'atayingira.*

*6. Awo ne Simooni Peetero n'aja ng'amugoberera, n'ayingira mu ntaana, n'alaba engoye ez'ekitaani nga ziteekeddwa awo.*

*7. n'ekilemba ekyali ku mutwe gwe nga tekiteekeddwa wamu na ngoye ez'ekitani, naye nga kizingiddwa nga kiri kyokka ku bbali.*

**Ekibuuzo: Wandibadde olaba ki singa watunula mu ntaana omwo ku lunaku olw'amazuukira ku makya?**

(Tewali) Okuleka engoye ez'ekitaani ezaali ziteekeddwa awo. Osanga ne malayita omu oba babiri.

**Ekibuuzo: Ki ekirala ky'otandirabye?** (Omubiri gwa Yesu).

**Ekibuuzo: Lwaki?** (Kubanga yali azuukidde nga bwe yagamba).

Eri abantu bangi, ebyo Baibuli by'eyogerra ku kuzuukira kwa Yesu bibamala okukasa nti Yesu yaazuukizibwa n'aba omulamu nate, era ali ekyo kyennyni kye yeeyogerako. Naye ate waliwo abantu bangi nga bo tebakkiriza ekyo Baibuli ky'egamba oba nga n'okwagala tebaagala kukkiriza ekyo Baibuli kyeyoogera.

Mu kuyiga kwaffe okuddako tujja ku kozesa buli kintu kye twogeddeko leero okuddamu okubuusabuusa kwonna nti ddala okuzuukira kwa Yesu kwabaawo.

**OMUSOMO # 6: DDALA YESU KRISTO KATONDA? (EKITUNDU 3)**  
**EBY'OKUDDAMU ERI ENFUMO EZIRAGA NTI OKUZUUKIRA TEKWALIYO.**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

16 Naye abayigirizwa ekkumi n'omu ne bagenda e Ggaliraaya, ku lusozi Yesu gye yabalagira.

17 Bwe baamulaba ne bamusinza; naye abalala ne babuuusabuusa.

18 Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.

19 Kale mugende mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu.

20 nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe; era laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaao. (Mattayo 28: 16-20).

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okugaana enfumo zonna eziraga nti okuzuukira tekwaliyo.:

Okwejjukanya

Eri abantu bangi, ebyo Baibuli bye yoogera ku kuzuukira kwa Yesu bimala okukakasa nti Yesu yaazuukizibwa n'aba mulamu nate, era ali ekyo kyenniyini kye yeeyogerako. Naye ate waliwo abalala bangi nga be tebakkiriza ekyo Baibuli ky'egamba oba n'okwagala tebaagala kukkiriza.

Ennyanjula.

**Ekibuuozo:Lwaki olowooza nti kikaluuibirira nnyo abantu abamu okukkiriza nti kituufu Yesu yazuukizibwa?**  
(Abantu abamu tebasobola oba tebalikkiriza nti kituufu yazuukizibwa okuva mu bafu). Bagamba nti wateekwa okubaawo ennyinnyola endala ng'olese Baibuli ky'eyogera. Sirikkiriza okuggyako nga nfunye obukakafu.

Waliwo enfumo endala nnyingi ezigezaako okuwa ennyinnyola endala lwaki entaana yasangibwa njereere ku lunaku olusooka olw'okuzuukira. Ka tuwulire abantu bano kye bagamba ate tubalage nti bakyamu.

**Okuzuukira [1 Abakkolinso 15:3-7].**

3 Kubanga nnasooka okubawa mmwe era kye nnaweebwa, nga Kristo yafa olw'ebibi byaffe ng'ebyawandiikibwa bwe byogera;

4 era nga yaziikibwa; era nga yazuukizibwa ku lunaku olw'okusatu ng'ebyawandiikibwa bwe byogera;

5 era nga yalabikira keefaa; n'alyoka alabikira ekkumi n'ababiri;

6 n'alyoka alabikira ab'oluganda abasingawo ebitaano omulundi ogumu, kwabo abangi abakyali abalamu okutuusa kaakano, naye abamu beebaka;

7 n'alyoka alabikira Yakobo; n'alyoka alabikira abatume bona;

Endowooza eraga nga teyafa.

Endowooza eno eraga nti mu butuufu Yesu teyafa, yaggwaamu amaanyi n'agwa wansi olw'obukoowu n'okuvaamu omusaayi omungi. Oluvannyuma ng'ali munda mu ntaana yaddamu amaanyi n'afuluma entaana.

Ka tweyongere okulaba ekifo Yesu we yakomererwa;

33 Naye bwe baja eri Yesu, ne balaba ng'amaze okufa, ne batamumenya magulu;

34 naye sserikale omu n'amufumita mu mbirizi ze effumu, amangu ago ne muvaamu omusaayi n'amazzi.

35 Naye eyalaba nategeeza n'okutegeeza kwe kwa mazima, nammwe mulyoke mukkirize [Yokaana 19:33-35].

**Ekibuuozo:Bukyamu ki obuli ku ndowooza eraga nti Yesu teyafa ku musaalaba?**

- Buli omu eyali awaakomererwa Yesu yakakasa nti yali afudde. Omu ku basirkale yamutuukako ng'aygala okumumenya amagulu namusanga ng'afudde n'amufumita mu mbirizi ze. Ate n'ab'obuyinza tebandikkiriza okuggyga Yesu ku musaalaba singa yali tannaba kufa.
- Ddala ddala nga Yesu amaze okukubibwa bwatyo, n'akomererwa ku musaalaba, n'azingibwa mu lugoye oluweza laateri kikumi, yali ddala akyalina amaanyi okusobola okweggyako engoye, n'ayimirira mu ntaana eya fuuti 4-5, n'aggyawo ejinja eriweza kiro ng'enkumi bbiri n'avaamu?.

Endowooza eraga nga abayigirizwa babba omubiri gwa Yesu.

Endowooza eno eraga nga abayigirizwa bajja ne babbawo omubiri gwa Yesu. Katulabe ekyawandiikibwa ekigoberera obutereevu okukomererwa kwa Yesu.

19 Awo ku lunaku luli akawungeezi, ku lunaku olw'okusooka mu nnaku omusanvu, enzigi bwe zaali nga ziggaddwawo abayigirizwa mmwe baali olw'okutya mu bo, n'abagamba nti emirembe gibe mu mmwe [Yokaana 20:19].

**Ekibuuozo:Bukyamu ki obuli mu ndowooza eraga ng'abayigirizwa baagenda ne babbawo omubiri gwa Yesu Kristo.**

- Okumalira ddala ennakku ssatu nga Yesu amaze okufa, abayigirizwa baali beesibidde mu kisenge nga bajjudde okutya ki ekiddirira Abayudaaya kye bayinza okubakola.
- Abakuumi Abaruumi baaliwo nga bakooma, ddala abayigirizwa bano abaali batidde bwe batyo baali basobola okwanganga ekibiina ekya bajjaasi abaatendekebwa okulwana ne bababbako omubiri gwa Yesu?.

Endowooza eraga ng'abobuyinza Abaruumi n'Abayudaaya baaggyamu omubiri gwa Yesu.

**Ekibuuozo:Bukyamu ki obuli ku ndowooza eno?**

Omubiri tebaagulina! Singa abobuyinza bano ddala bali balina omubiri gwa Yesu bandibadde bagulaga abantu. Kye baatakola. Kino kyandibadde kisanyaawo obukristaayo nga tebunnaba nnakutandika. Naye tebaalaga mubiri gwa Yesu.

Ka tulabe ekyawandiikibwa kino;

11 Naye bwe baali bagenda, laba abakumi abamu ne bajja mu kibuga, ne babuulira bakabona abakulu byonna ebibaddeyo.

12 Ne bakungaana wamu n'abakadde, ne bateesa wamu, ne babaweera basserikale effeeza nnyingi.

13 ne bagamba nti mugambanga nti Abayigirizwa be bajja ekiro, ne bamubba ffe nga twebase.

14 Naye ekigambo kino bwe kiribuulirwa owessaza, ffe tulimuwoyawooya, nammwe tulibaggyako omusango.

15 Nabo ne batwala ffeeza, ne bakola nga baaweererwa; ekigambo kino ne kibuna mu Bayudaaya, okutuusa leero.  
[Mattayo 28:11-15].

Obujulizi obulala obulaga okuzuukira kwa Yesu Kristo.

**Ekibuuozo:** Engoye ezaazikibwamu zaali ziri ludda wa? (Zasigalamu mu ntaana).

**Ekibuuozo:** Bujulizi ki obusinga obukulu mu kkooti ey'amateeka? (Abo abaaliwo nga balaba n'amaaso gaabwe).

- Yesu y'alabikira abantu ab'enjawulo emirundi egiwerera ddala kkumi okumalira ddala ennaku amakumi ana, era ku bano teri n'omu agamba nti y'addamu naalabika.
- Paulo awandiika nti Yesu y'alabikira abantu abasukka mu 500 mu kiseera kimu era nti abamu ku bo mu kiseera ekyo baali bakyali balamu we yawandikira. Bwe kuba ng'okulabika kwa Yesu tekwali kw'amazima, abantu bano bandibadde bawakanya Paulo bye yawandiika.

**Ekibuuozo:** Abayigirizwa bo beeyisa batya Yesu nga tannaba kuzuukira n'oluvannyuma ng'amaze?

- Bwe yali nga tannaba kuzuukira abayigirizwa bona badduka bwe yakwatibwa mu lusuku.
- Ye Peetero yeegaana Yesu emirundi essatu.
- Oluvannyuma lw'okomerera Yesu, abayigirizwa badda mu kwekweeka n'okuddayo mu bulamu buli bwe baalimu nga tebannagoberera Yesu.

**Ekibuuozo:** Bwe kuba nga si kuzuukira kwa Yesu, ddala ki ekyakyusa abayigirizwa ba Yesu okuva mu bali abatiitiizi okufuuka abavumu ababuulira enjiri awatali kutya?

Tewali kunnyonnyola kulala wabula okuzuukira kwa Yesu).

**Ekibuuozo:** Singa oba otegedde ekituufu nti ky'oliko si mazima, wandigenze mu maaso okuba omwetegefu n'okufa kw'ekyo ate nolemerako nti mazima?

(Nedda ekyewuunyisa nti 11 kw'abo 12 battibwa olw'okukkiriza kwabwe mu Yesu nti Katonda. Bandibadde kulw'ekyo ekitali mazima?)

Okuwumbawumba

- Engoye ezaazikiibwamu zaaliwo awo.
- Abakumi baali bagenze
- Yesu yalabibwako ng'amaze okuzuukira
- Abayigirizwa baakyusibwa.

Omaze okufuna obujulizi, okkiriza nti Yesu yazuukizibwa mu bafu? Oba olinga Tomasi

27 Awo n'agamba Tomas nti leeta wano olunwe lwo olabe ebibantu byange: era oleete n'omukono gwo, ogusse mu mbirizi zange oleme okuba attakkiriza naye akkiriza. [Yokaana 20: 27,28].

28 Tomasi n'addamu n'amugamba nti ggwe Mukama wange, era Katonda wange.

Bw'oba okkiriza, buno bwe bubaka omulokozi eyazuukira bw'okugamba okutwala eri ensi:

19 Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe; era laba, nze ndi wamu nammwe ennakuzonna, okutuusa emirembe gino bwe girigwaawo [Mattayo 28:19-20].

## OMUSOMO # 7: OKWEJJUKANYA EMISOMO 1-6

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

Naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya [Peetero 3 :13].

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okwejjukanya engeri gye tuyinza okulaga amazima g'obukristaayo.

Okwejjukanya omusomo # 1 ogusooka.

**Ekibuuozo: Mu bukristaayo okumanya eky'okuddamu kw'ekyo ky'okkiriza kitegeesa ki?** (Kitegeesa okuba n'ensonga entuufu ezikwata ku bukristaayo z'osobola okukozesa okunnyonnyola amazima gaabwo ne gamanyibwa).

**Ekibuuozo: Bwe tugamba nti ekintu ekyo mazima, ekyo kitegeesa ki?**

(Ekituufu gaba mazima ageesigamwako era amalambulukufu).

Bwe kiba ng'ekintu kyonna ekiwakanya amazima buba bulimba, era bweba ng'endowooza y'Abakristaayo ku Katonda mazima, awo nno endowooza yonna ewakanya Katonda buba bulimba. Awo tuba bakakafu nti;

- Katonda gyali.
- Yesu ye mwana wa Katonda ataggwaawo, Kristo eyasuubizibwa Baibuli gw'eyogerako
- Baibuli eyogera mazima
- Yesu lye kkubo lyokka ly'oyitamu okola enkolagana ne Katonda

Okwejjukanya Omusomo # 2.

Okubuilira abantu amazima agakwata ku Bukristaayo.

**Ekibuuozo Tusobola tutya okumanya Katonda n'ebyo ebimukwatako mu buntu?**

(Okuyita mu Yesu Kristo).

**Ekibuuozo:Njawulo ki eriwo wakati w'okukkiriza nti Yesu Katonda n'okumukirizamu Yesu nga Katonda?**

(Okukkiriza nti Yesu Katonda kwe kutegeera nti Yesu Kristo ye mulokozi w'ensi. Ate okumukkirizamu Yesu Kristo kuba ku mwesiga n'omwesigamako olw'okusonyiwa ebibi byo awo nno n'omwaniriza

Soma 2Timoseewo 2:24-26.

24 Naye omuddu wa Mukama waffe tekimugwanira kulwananga, wabula okubeeranga omukkakkamu eri bona, omuyigiriza omuguminkiriza.

25 abuulilira n'obuwombeefu abawakanyi mpozz oba nga Katonda alibawa okwenenya olw'okuteerera ddala amazima.

26 era balitamiirkuka okuva mu mutego gwa setaani, oyo ng'amaze okukwasa okukolanga okwagala kw'oli [2Timo 2:24-26].

**Ekibuuozo:Tulina kukozesa ngeri ki okubuulira abantu amazima agakwata ku Bukristaayo? (Si mu kuwakana wabula n'obukkakkamu n'okunyigirizanga mu buwombeefu).**

**Ekibuuozo:Olunyiriri olwo lwe twakamala okusoma lugamba nti abantu bategeera batya amazima okuyita mu kuyigiriza kwaffe? (Katonda yennyini yalibakulembera okutegeera amazima).**

Okwejjukannya Omusomo # 3

**Tumanya tutya nti Katonda gyali?**

Kisobokera ddala okumanya amazima aga kwata ku kintu kyonna, ng'otwaliddemu ne Katonda. Bwe kiba nga amazima agakwata ku Katonda gasobola okumanyibwa , era bwe kiba nti waliwo obusobozi obulaga amazima nti Katonda gyali, era kya nsonga okuwa obukakafu obulaga nga Katonda gyali.

**Ekibuuozo:Kisoboka okukakasa nti Katonda gyali ng'okozesa amagezi aga sayansi?**

(Nedda, amagezi aga sayansi okakasa ekintu kyonna kiteekwa okuba nga kirabika, kiddinganwa era nga kipimibwa) okugeza;

**Ekibuuozo:Wali olabye ku kipimo ky'okwagala,obwenkanya oba obungi bw'amazima ? (Nedda).**

**Ekibuuozo: Ddala okwagala, obwenkanya n'amazima gye biri?**

(Weewaawo). Naye okwagala, obwenkanya n'amazima tosobola ku bipima ng'okozesa amagezi aga sayansi, bwe kityo bwe kiri ne ku Katonda. Bwoteeka awamu obukakafu bwonna, obujulizi obulaga nti Katonda gyali oba tosobola ku bumenyawo.

**Ekibuuozo: Bwoba tosobola kukakasa nti Katonda gyali ng'okozesa amagezi aga Sayansi, olwo osobola kukozesa ki? (Ebyo ebiraga obukakafu).**

**Ekibuuozo: Bukakafu ki bwe wandiwadde singa omuntu akubuuzizza lwaki okkiririza mu Katonda?**

- Entegeka y'ensi
- Enduka y'ensi
- Abantu bona ky'enkana munsi yonna okukkiririza mu Katonda.
- Okubeerawo kw'amateeka ag'empisa
- Obulamu.

Obukakafu okuva mu butonde, ebyafaayo n'obulamu byonna bisonga ku bujulizi obulaga nga Katonda gyali. Wadde ng'obukakafu obwannakimu nga bbwo tebusobola kukakasa nti Katonda gyali – naye bw'obugatta awamu bulagira ddala nga Katonda gyali.

**Ekibuuozo: Bukakafu oba bujulizi ki obusinga okulaga nga Katonda gyali?**

(Obuntu bwa Yesu Kristo).

Okwejjukanya Omusomo # 4.

Ddala Yesu Kristo Katonda?

**Ekibuuozo: Singa Katonda ayagadde okuwuliziganya n'omuntu yandibadde akozesa ngeri ki esinga?**

(Okufuuka omuntu n'abeera mu bantu).

**Ekibuuozo: Kino Katonda yali akikoze?**

(Yee-kino Katonda yakikola dda). Baibuli egamba nti "Katonda edda bwe yayogeranga mu bitundu ebingi ne mu ngeri ennyingi eri bajajaffe mu bannabbi.

2 mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogerera naffe mu mwana gwe yassaawo okuba omusika wa byonna era gwe yatonza ebintu byonna. [Abaebbulaniya 1:1,2].

**Ekibuuozo: Biki ebifuula obukristaayo okuba obw'enjawulo okuva ku nzikkiriza endala zonna? ( Obukristaayo si ddiini. Eddiini kwe kugezaako kw'omuntu okusanyusa Katonda asobole okufuna egulu. Obukristaayo bwo nkolagana wakati w'omuntu ne Katonda).**

**Ekibuuozo: Yesu yeeyogerako mu ngeri ssatu. Engeri ezo ozijjukira?**

(Yesu yeeyogerako ng'omwana wa Katonda, Yesu yeeyogera nti yenganankana ne Katonda, Yesu yeeyogerako nti Katonda).

Okweyogerako kwa Yesu kutuwa okukkiriza ebintu bibiri bye tulina okusalawo:

1. Okweyogerako kwe bulimba
2. Okweyogerako kwe mazima.

Bwe kuba ng'okweyogerako kwe bulimba:

1. Yesu yennyini yakimanya nti okweyogerako kwe bwali bulimba.
2. Yesu yee yakiwooza bulowoozi nti yali Katonda.

Bwe kuba ng'okweyerako kwa Yesu gaali mazima:

1. Yesu yennyini yakimanya nti okweyerako kwe bwali bulimba
2. Yesu yee yakirowooza bulowoozi nti yali Katonda.

Bwe kuba ng'okweyerako kwa Yesu gaali mazima.

Ekyo kiba kitegeesa nti ddala Yesu ali ekyo kye yeeyogerako.

**Ekibuuozo:Bwe kiba nga kino kituufu kusalawo ki okw'emirundi ebiri kw'olina?**

1. Okumukkiriza ng'omulokozi era Mukama wo.
2. Okumugaana n'ewetegekera byonna ebiri ddirira.

Okwejjukanya Omusomo # 5

**Ddala kituufu Yesu yazuukizibwa okuva mu bafu?**

**Ekibuuozo: Lwaki okuzuukira kukulu nnyo?**

(Kubanga obukristaayo buyimirirawo oba bugwa okusinziira ku kuzuukira kwa Yesu Kristo).

Emirundi egiwerako Yesu ng'agamba nti yali wa kuttibwa ate oluvannyuma lw'ennaku ssatu alizuukizibwa okuba omulamu nate. Bwaba nga yagamba nti alizuukizibwa mu bafu ate natazuukira, kino kiba kitegeesa byonna bye yayigiriza biriko akabuuza. Okuzuukira kwe bwe bukakafu obunyweza amazima g'ebyo byonna bye yayogera nti abiri-Omwana wa Katonda.

Entaana.

Soma Yokaana 19:38-42

Ng'empisa y'Abayudaaya ey'okuziika, nga bateeka omubiri gwa Yesu baaguzinga mu ngoye ez'ekitaani ne bamumansirako eby'akaloosa ebiweza laateri nga kikumi. Olugoye olw'enjawulo lwazingibwa ku mutwe gwe. Oluvannyuma nga Yisuufu ne Nikodeemu bamaze okutegeka omubiri gwa Yesu bagussa mu ntaana, ejinja baalibikkha ku mugo gw'entaana. Ejinja lino eryakozesebwu lyali liweza obuzito bwa kiro nga enkumi bbiri (2000kg). Iyabikkibwa ku mimwa gy'entaana eyalinga obuwantu bwa fuuti nnya oba taano. Awo nno entaana n'eteekewako akabonero.

Abakuumi b'entaana.

Soma Mattayo 27:62-66.

Abakuumi Abaruumi abasajja nga bana oba bataano be baalagirwa okukuma amalaalo. Egye ly'Abaruumi lyali lyampisa nnyo era nga batya okuboonerezebwu; kale beewalanga nnyo okukola ensobi yonna nga bali ku luwalo lwabwe. Waalingawo emisango mingi egyavirangako omukuumi w'Abaruumi okuttibwa okugeza singa yeebakiranga ku mulimu nga bwe gumusinga attibwa, bwe yavanga mu kifo we bamulagidde okukuma nga tamaze kufuna lukusa ng'asobola okuttibwa.

### Okuzuukira

Soma [Mattayo 28:1-7(a) ne Yokaana 20:2-7]

**Ekibuuozo: Wandibadde olaba ki singa watunula mu ntaana ku lunaku olwo olusooka olw'amazuukira ku makya?** (Tewali! Okuggyako engoye ez'ekitaani nga ziri mu ntaana, osanga ne bamalayika omu oba babiri).

- Ki kytandisobodde kulabirako ddala? (Omubiri gwa Yesu Kristo)
- Lwaki? (Kubanga yali azuukidde nga bwe yagamba).

### Okwejjukanya omusomo # 6.

Obujulizi bw'okuzuukira.

**Ekibuuozo: Abayigirizwa bo beeyisa batya mu byonna ebyabaawo nga byetooloolera ku kukomererwa kwa Yesu?**

- Okukomererwa nga tekunnaba, abayigirizwa bona badduka Yesu ng'akwattiddwa mu lusuku.
- Peetero ye yamwegaana nti tamumanyi
- Oluvannyuma lw'okomererwa abayigirizwa ate beekwekera ddala ne baddayo eka okutandiika obulamu obwa bulijjo.

**Ekibuuozo: Ki ekyakyuka mu bayigirizwa Yesu bwe yamala okuzuukira?** (Abayigirizwa baakyusibwa nnyo okuva mu bali abaali abatiitiizi abeesibira mu nju ne batandka okubuulira n'obuvumu Yesu nga bwe yazuukira). Kino tolina ngeri yonna yakinnyonnyola okuggyako okuzuukira kwa Yesu Kristo.

**Ekibuuozo: Bujulizi ki obusembayo obulaga okuzuukira kwa Yesu?**

- Engoye ze baamuziikamu zaasigala munda mu ntaana.
- Yesu yennyini yalabibwako ebibinja ebiwera nga kkumi okumala ennaku makumi ana ng'otwaliddemu ne bali abantu abitaano.
- Abayigirizwa baakyusibwa.

Obujulizi bw'okuzuukira bwesigamye nnyo kw'abo abaamulaba n'amaaso gaabwe nga bwe bawandikiddwa mu Baibuli. Naye waliwo abantu abamu abayinza okugamba nti bo tebakkiriza nti Baibuli ddala eyogera mazima. N'olwekyo twagala okunnyonnyola abantu abo ababuusabuusa amazima ga Baibuli, okubalaga Iwaki Baibuli yonna eyogera mazima so si bitundu mu yo – naye yonna.

## OMUSOMO # 8: DDALA BAIBULI EYOGERA MAZIMA? (Ekitundu 1)

Okwejjukanya awaka:

Ebibuuzo n'olunyiriri

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero:

Buli ekyawandiikibwa kirina okulungamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu [2Timoseewo 3:16].

Ekigendererwa ky'okuyiga

Okuwa obubaka obulaga nga Baibuli kigambo kya Katonda era eyogera mazima.

Okuddako emabega.

Amazima kye ki? (Amazima ekyo kyonna ekiwakanya obulimba). Amazima y'engeri yennyini eraga ekintu nga bwe kiri.

Ennyanjula.

Baibuli – mu bitabo – kye kitabo ekiseera kyonna ekisinga okutunda. Abantu okuva mu buli langi na buli gwanga Baibuli gye twalibwa bajikkiriza. Kabaka oba muddu, omugagga oba omwavu, eyasoma n'atasoma, abantu ab'ensibuko yonna, obulamu bwabwe bukyuka okuyita mu kusoma Baibuli.

**Ekibuuzo: Lwaki olowooza kino kiri bwe kityo?** (Baibuli eyogera ebintu ebyewuunyisa).

- Buli ekyawandiikibwa kirina okulunagamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu (2Timoseewo 3:16). Baibuli kigambo kya Katonda-ekyo kyennyini Katonda kye yayagala kiwandiikibwe wansi.
- Buli kigambo kya Katonda kikemebwa...[Engero 30:5]. Katonda agamba nti ekigambo kye ye minzaani (omutindo) okupimirwa amazima gonna.
- *Ekigambo kyo kyonna kyonna mazima; n'emisango gyo eg'yensonga gyonna gyonna gibeerera emirembe gyonna [Zabbuli 119:160]. Baibuli egamba nti ekigambo kya Katonda tekyali mazima mu biseera mwokka mwe kyawandiikibwa, naye kiba ky'amazima leero, era kiba mazima emirembe gyonna.*

Baibuli egamba nti okuyita mu yo osobola okuzuula:

- Amazima agakwata ku mbeera yo ey'omwoyo eya leero [Baruumi 3:23].
- Amazima agakwata ku Katonda byakukoledde [Yokaana 3:16].
- Amazima agakwata ku ki ky'olina okukola okusobola okulokola [Abaruumi 10:9]
- Amazima agakwata ku ngeri gy'osobola okubeera mu n'okusinza Katonda [Aaruumi 12: 1-2].

Bino byeyogera binene- weewaawo! Naye ddala Baibuli bweba eyogera mazima,

- Buli ekyawandiikibwa kirina okulungamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu.[2Timoseewo 3;16]. Baibuli kigambo kya Katonda ekyo kyennyini Katonda kye yayagala kiwandiikibwe wansi.
- Buli kigambo kya Katonda kikemebwa...[Engero 30;5]. Katonda agamba nti ekigambo kye ye minzaani (Omutindo) okupimira amazima gonna.
- Ekigambo kyo kyonna kyonna mazima; n'emisango gyo egy'ensonga gyonna gyonna gibeerera emirembe gyonna [ Zabbuli 119:160]. Baibuli egamba nti ekigambo kya Katonda si kyamazima kyokka bwe kyawandiikibwa, naye kiba ky'amazima leero, era kiraba mazima emirembe gyonna.

Baibuli egamba nti okuyita muvo osobola okuzuula;

- Amazima agakwata ku mbeera yo ey'omwoyo eya leero [Baruumi 3:23].
- Amazima agakwata ku Katonda byakukoledde [Yokaana 3:16].
- Amazima agakwata ku ki ky'olina okukola okusobola okulokoka [Abaruumi 10:9].
- Amazima agakwata ku ngeri gy'osobola okubeeramu n'okusinza Katonda [Abaruumi 12:1-2].

Bino bye-yogera binene-weewaawo! Naye ddala Baibuli bweba eyogera mazima awo tuba tumanyi nti Katonda gyali, ddala Yesu mwana wa Katonda emirembe gyonna, era olinamazima agakwata ku bulamu bwo nga bwe bulina amakulu n'ekigendererwa.

### **Ekibuuzo: Ddala waliwo obujulizi obukakasa nti Baibuli eyogera mazima?**

(Waliwo obujulizi obuwerako obukakasa: Engeri Baibuli gye wandiikibwamu, okunoonyereza ku byafaayo, ebizuulibwa okuva mu magezi ga sayansi ku Baibuli. Obujulizi obuweebwa abantu, n'obunnabbi obumaze okutuukirira).

#### Obukakafu obulaga nga Baibuli eyogera mazima.

##### Empandiika ya Baibuli.

Buli ekyawandiikibwa kirina okulungyamya kwa Katonda..... [2Timoseewo 3;16].

Lowooza ku nsonga enkulussatu ku Baibuli.

1. Abawandiisi abasuka 40 beenyigra mu kuwandiika Baibuli. Abasajja abawandiika Baibuli bagamba nti baalungamizibwa Katonda. Osanga okwogera kwabwe mazima oba bulimba. Bwe buba bulimba, abasajja bano baalimu katwewungu. Wabula okuyita mu Baibuli yonna ozuula empisa ezituukiridde nga zibagibwa. Kino kisobola okukolebwa abantu abalalulalu?

2. Baibuli ewandiikibwa mu bbanga eriwerera ddala emyaka nga 1500. Naye byonna Baibuli by'oyogera bikwatagana bulungi nnyo-nnga tosobola kubitwala nti byaliwo mu butannwa. Batono nnyo ku basajja bano abaabeererawo mu biseera ebimu. Mu butuufu mu biseera abasajja bano we baawandiikira, tewali n'omu eyakimanyako nti omulimu gwabwe gulikunganyizibwa ne guvaamu olwa leero kye tulina nga Baibuli. Tewali we kiragibwa mu Baibuli we tufuna obukakafu obulaga nti abawandiisi bano bali balimba era beekobaana okugattagatta ebiwandiiko naye nga ebirimu bikwatagana bulungi n'ebyo ebiriwo mu nsangi zino.

3. Wadde nga Baibuli yawandiikibwa abasajja amakumi ana okumalira ddala ebbanga lya myaka 1500, naye ekyewuunyisa, erina obubaka bwe bumu: okuyaayaana n'enteetateeka ya Katonda ey'okulokola abantu okuva mu bibi byabwe.

### **Ekibuuzo:Bino byonna byabaawo bitya?**

*Waliwo eky'okudamu kimu eky'ensonga; Katonda yabikkulira abawandiisi bano mu biseera eby'enjawulo ebyo bye yayagala okwogera eri ggwe nange okuyita mu bbo.*

*Baibuli egamba nti kubanga siwali kigambo kya bannabbi ekyali kireeteddwa mu kwagala kw'abantu; naye abantu baayogeranga ebyava eri Katonda, nga bakwatidwa omwoyo omutukuvu [2Peetero 1:21].*

Mazima ddala ensibuko ya Baibuli ye Katonda so si muntu. Katonda yakozesa abawandiisi bano mu bikula byabwe eby'obuntu, ng'abalungamya okuwandiikira ddala ebyo byennyini bye yayagala biwandukibwe.

#### Obujulizi obuva mu kunoonyereze kw'ebyo eby'obuwangwa obwedda.

Buli kigambo kya Katonda kikemebwa..... (Engero 30:5). Baibuli ejjudde ebyafaayo ebitabuusabuusibwa. Byonna ebivumbulwa okuva mu kunoonyereza kwe byafaayo bw'obuwangwa obw'edda, tewali n'ekimu ekiraga nti Baibuli nkyamu. Buli kyonna Baibuli ky'eyogera nti weekiri bwe kiri, era n'okuvumbula okuppya kwongera kukakasa ebyafaayo nga bwe biwandiikkidwa mu Baibuli. Mu butuufu Baibuli y'ekulumbera okulungamya abo abakola okunoonyereza ku byedda era ebayambye nnyo okuzuula ebintu bingi eby'ewuunyisa.

Ebibuga eby'edda eby'azimbibwa ate ne biddibwamu mu kifo kye kimu. Ekikyasigalidde kwe kuzuula byonna nga bwe bizze biddiringana mu maddala. Bano abakola okunoonyereza bassako ennaku z'omwezi okusinzira kw'ebyo bye baba bazudde. Ebyo ebiri ku maddala aga waggulu bitekebwako ennaku z'omwezi ez'olvannyuma ennyo, ate ebyo bye bazuula nga biri ku maddala aga wansi ba biwa ennaku ez'emabega ennyo.

Okugeza leero, amakkansia mangi oba amasomero mangi agatumibwa amannya okusinzira ku ani eyayambako mu kuzimba. Ebiseera ebimu ebizimbe bitekebwako amayinza agawa ekitiibwa oyo eyatandika n'ennaku z'omwezi, bwe baba babiggulawo mu butongole.

Bwe kityo bwe kyali ne mu bibuga ebyo eby'edda. Ebiseera ebimu ejinja lyateekebwanga mu musingi ogw'ekizimbe nga kuwandiikkidwako ebigambo ebissaamu ekitiibwa omutandisi. Bakabaka nga bawandiika amannya gaabwe ku nziggi za yeekaalu. Nga bwogatta obujulizi awamu, n'ogerageranya n'eby'ozuudde okuva mu kifo ekiranyewo, abanoonyereza nga bavaayo ne ani eyali akola ekyo era yali akola era yali akikola ddi.

Abanoonyereza ku by'edda nga bazuula obujulizi ku mayumba, emirimu ebitabo n'ebirala nga basinziira kw'ebyo ne bagerageranya enkulakulana eyali mu kibuga n'obuwangwa obw'ekifo ekyo. Ekifo ekyo we basinziira okunoonyereza nga kiba kitabo kinene nnyo mu kuyamba okumanya ebyafaayo eby'ekibuga ekyo.

### **Ekibuuzo: Kaakano okunoonyereza ku by'edda kuno kuyamba okuwa obujulizi obulaga nti Baibuli eyogera mazima?**

Okunoonyereza ku by'edda kuno kuyamba:

- Okukakasa n'okunyweeza ebyo Baibuli byeyogera.
- Okuwa ebyafaayo ebikwata ku bantu n'ebibuga nga bwe biri mu Baibuli. Okugeza; okwonooneka kw'ebibuga bya kabaka Sulumaan bye yali azimbye kw'azuulibwa. Bino ebizuulwa biyamba okukakasa n'okunyweeza amazima g'ebyo ebyogerwa ku bugagga bwa Sulumaan n'ebyo Baibuli bye mwogerako.

Oba katulabe olugero lwa Ibulayimu n'olugendo lw'atambula okugenda mu nsi ey'e Kanani. Okunoonyereza ku by'edda kuzuudde bingi ebikwata Uli (Ur), nga gano ge gaali amaka ga Ibulayimu. Uli kyali kibuga ekikuze.

Kiteekwa okuba nga kwali kukkiriza kwa waggulu nnyo Ibulayimu okuva mu kibuga ekyali kikuze okutuuka ku ddala okugenda mu nsi gye yali tamanyi. Wadde g'obujulizi obuvumbulwa okuva mu kunoonyereza ku by'edda tebuwa bukakafu obulaga nti Baibuli mazima, naye bwongera otutwala ebuziba mu kumanya n'okuleta okukkiriza emboozi n'ebyo ebyabaawo mu biseera ebyo.

#### Amagezi ga Sayansi bye galaga.

1. Eggulu lyogera ekitibwa kya Katonda: *N'ebbanga libuulira emirimu gy'emikono gye.*
2. Omusana gugamba ebigambo omusana, *n'ekiro kiraga amagezi ekiro.*
3. Siwali bigambo newankubadde olulimi; *eddoboozi lyabyo we teriwilikika.*
4. Okuyigiriza kwabyo kubunye mu nsi zonna, *n'ebigambo byabyo okutuuka ku nkomerero y'ensi.*  
*Abiteekeddemu enjuba eweema [Zabbuli 19:1-4].*

Ennono nnyingi eza Sayansi ow'omulembe guno ezaawandiikibwa nga ntufu ez'obutonde mu Baibuli. Emyaka nga nkumi na nkumi nga ne Sayansi tannazikakasa. Ekyewuunisa nti ennono zino ebiseera mwe zaawandikibwa mu Baibuli ate nga zawukana n'ebyo bye baali bakkiriza mu biseera ebyo: okugeza;

- Ensi n'enkulungirivu (n'etooloovu) [Isaaya 40:22].
- Okwetooloola mu bbanga [Omubuulizi 1:6].
- Obukulu bw'omusaayi mu bulamu [Abaleevi 17:11].
- Ensi erina amaanyi agassa obuzito [Yobu 26:7] wadde ng'amazima gano agakwata ku sayansi tegawandikiddwa mu lulimi luli olwa sayansi olukola leero, naye bino byonna nga Baibuli bwe ebyogera bikwatagana bulungi n'ebyo Sayansi byayigiriza ng'ebituufu leero.

#### Omuntu bwayitamu mu bulamu.

1. *Naayimusa amaaso gange eri ensozi; okubeerwa kwange kuliva wa?*
2. *Okubeerwa kwange kuliva eri Mukama eyakola eggulu n'ensi [Zabbuli 121:1,2].*

Obujulizi abantu bwe bawa bwa nsonga era bukulu nnyo ng'obulala bwonna. Abantu bukadde na bukadde bakizuudde nti okuyita mu bujulizi:

- Ebisuubizo bya Katonda bya mazima
- Amagezi n'okuwabulwa kwa Katonda kwa namaddala
- Ebiragiro n'amateeka ga Katonda bya magezi.
- Obubaka bwayo obw'obulokozi bukola leero n'enkyia.

Ekiddako; tujja kutunuulira obunnabbi obumaze okutuukirira ng'obujulizi obulaga nti Baibuli kigambo kya Katonda.

**OMUSOMO # 9: DDALA SIKUMANYI?  
DDALA BAIBULI EYOGERA MAZIMA? (EKITUNDU 2).**

**Okwejjukanya awaka**

Ebibuuzo n'olunyiriri

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

*Nnabbi alagula emirembe, ekigambo kya nnabbi bwe kirituukirira, kale nnabbi alimanyibwa nga Mukama yamutuma mazima. (Yeremiya 28:9).*

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okuwa obujulizi obukakasa okuyita mu bunnabbi obwatuukirira okulaga nti Baibuli kigambo kya Katonda era g'eyogera mazima.

Ekibuuzo eky'okubaganyaako ebirowoozo.

**Singa oyagala abantu okumanya ebikukwatako mu biseera eby'omu maaso okola ki?**

(Bawandikire bw'oyagala okumanyako era obitereke)

Ennyanjula

Masiya-Omulokozi wa Isiraeri eyasuubizibwa- Eyatufukibwa amafuta – ye Kristo. Emmanueri. Omwana wa Katonda. Ddala azze? Bwaba ng'azze, tuyinza tutya okumanya? Tuyinza tutya okumanya nti ddala y'ono? Wateekwa okubeerawo obukakafu obulaga.

Mu kuyiga kuno tujja kuzuula obubonera obwa Masiya obutulaga ye tusobole okumutegeera. Tujja kutunuulira obunnabbi obuwerako obulanga Kristo mu Ndagaano Enkadde naye nga kaakano bwonna bumaze okutuukirira mu muntu omu; Yesu Kristo.

Ddala sikumanyi? (Isaaya 40:3-).

3.*Eddoboozi lyayogerera waggulu mu nti mulongoose mu lukoola ekkubo lya Mukama; mugololere mu ddungu Katonda waffe olugundo.*

4.*Buli kiwonvu kirigulumizibwa, na buli lusozi n'akasozi zirikkakkanyizibwa' n'obukyamu buligololwa, n'ebifo ebitali bisende biritereezebw.*

5.*n'ekitiibwa kya Mukama kiribkulibwa ne bona abalina omubiri balikirabira wamu; kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde [Isaaya 40:3-5].*

**Ekibuuzo: Obunnabbi kye ki?** Obunnabbi buba bubaka okuva eri Katonda ebiseera ebimu kusobola okuba okulagula kw'ebyo ebigenda okubaawo mu biseera eby'omu maaso.

**Ekibuuozo: Katonda yatuusa ng'atya obubaka bwe eri abantu?** (Katonda yalondanga abantu "bannabbi" (jjukira Eriya, Isaaya, Yeremiya) okubeera ababaka be, n'abatuma okutuusa obubaka bwe eri abantu abaali nga balina okubuwulira).

**Ekibuuozo: Tumanya tutyta nti nnabbi ono avudde wa Katonda?**

*Baibuli egamba nti Nnabbi alagula emirembe, ekigambo kya nnabbi bwe kirituukirira, kale nnabbi alimanyibwa nga Mukama yamutuma mazima.* [Yeremiya 28:9].

Buli bunnabbi oba okulagula obwateekebwa mu Baibuli bumaze okutuukirira nga bufuuka amazima bwe kiba ng'ekiseera kyabwo okutuukirira kituuse oba kiyise. Ebintu ebimu bye twagambibwanga nti bibaawo wabula nga tebinnaba nabyo bijakubaawo.

Katutunuulire obunaabbi obukwata ku Masiya; okusuubiza kw'okujja kwe, engeri gye tuyinza omumanya, okuzaalibwa kwe, okufa n'okuzuukira kwe. Oluvannyuma lwa buli bunnabbi okuweebwa, tujja kulaba engeri buli bunnabi gye bwatuukiraamu.

Obunnabbi ob'okujja kwa Masiya [Malaki 3:1].

Laba, ntuma omubaka wange, naye alirongoosa ekkubo mu maaso gange; era Mukama gwe munoonya alija mu yeekalu ye nga tebamanyiridde; n'omubaka w'endagaano gwe musanyukira, laba aija, bwayogera Mukama w'eggye.

Weetegereze: Olunyiriri luno lugamba nti Masiya alija nga yeekaalu ekyayimiridde. Naye kyewuunisa nti yeekaalu Baibuli gy'eyogerako wano yazikirizibwa mu mwaka gwe 70 nga Yesu amaze okuzaalibwa ate era teddangamu kuzimbibwa omulundi omulala; Masiya yalina okujja ng'omwaka ogwo 70 tegunnabaawo!!.

Okutuukirira kw'obunnaabbi owo [Luukka 2:21-32].

*Awo ennaku omunaana bwe zaatuuka ez'okomoleramu, n'atuumibwa erinnya lye Yesu, liri eryayogerwa malayika nga tannaba kuba mu lubuto.*

*22 Awo ennaku bwe zaatuuka ez'okulongooka kwabwe ng'amateeka ga Musa bwe gali, ne bamutwala ne bamwambusa e Yerusalem, okumwanjulira Mukama.*

*23 [nga bwe kyawandiikibwa mu mateeka ga Mukama nti buli kisaja ekiggulanda kinaayitibwanga kitukuvu eri Mukama,*

*24 n'okuwaayo ssaddaaka nga bwe kyayogerwa mu mateeka ga Mukama, bukaamukuukulu bubiri, oba obuyiba obuto bubiri.*

*25 Era laba waaliwo omunto mu Yerusalem erinnya lye Simyoni omuntu oyo yali mutuukirivu era nga atya Katonda ng'alindirira okusanyusibwa kwa Israeri; era omwoyo omutukuvu yali ku ye.*

*26 Oyo yabikkurwa omwoyo Omutukuvu nti taliraba kufa nga tannalaba ku Kristo wa Mukama.*

*27 N'ajjira mu mwovo mu yeekaalu; abakadde bwe baayingiza omwana Yesu okumukola nga empisa bweri ey'amateka,*

*28 awo ye n'amukwata mu mikono gye, ne yeebaza Katonda n'agamba nti*

*29 Mukama wange, kaakano osiibula omuddu wo emirembe ng'ekigambo kyo bwe kyali;*

- 30 Kubanga amaaso gange galabye obulokozi bwo,  
31 Bwe wateekateeka mu maaso g'abantu bona:  
32 Okuba omusana ogw'okumulisa amawanga, n'okuba ekitiibwa ky'abantu ba Isiraeri.

Obunnabbi obulaga engeri Yesu gyalimanyibwa mu [Isaaya 61:1].

*Omwovo gwa Mukama Katonda guli kunze; kubanga Mukama anfuseeko amafuta, okubuulira abawombeefu ebigambo ebirungi; antumye okusiba abalina emitima agimenyese, okulangirira eddembe eri abawambe, n'abasibe okuggulirwaho ekkomera.*

Okutuukirira kw'obunnabbi obw [Lukka 7:22; Makko 1:10-11]

Makko 10:11

10 Amangu ago bwe yava mu mazzi, n'alaba eggulu nga liyulise, n'omwovo ng'ali ng'ejjiba ng'akka ku ye;  
11 n'eddoboozi ne lifuluma mu ggulu erigamba nti gwe mwana wange gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo.

Lukka 7:22.

22 Yesu n'addamu n'abagamba nti mugende, mubuulire Yokaana ebyo bye mulabye, ne bye muwulidde, abazibe b'amaaso balaba, abalema batambula, abagenge balongoosebwa; abaggavu b'amatu bawulira abantu bazuukira, abaavu babuulirwa enjiri.

**Ekibuuzo:Ebyawandiikibwa bitegeeza ki bwe byogera ku 'bawambe' n'abasibe?**

(Baibuli eyogera ku kibi, ng'ekkomera n'abantu mu kkomera ly'ekibi ng'abawambe)

**Ekibuuzo:Mawulire ki amalungi Baibuli g'eyogerako ?**

(Wano ebyawandiikibwa biba bitegeeza nti Yesu ye mulokozi, Kristo alirokola abantu okuva mu bibi byabwe).

**Ekibuuzo:Ebyawandikibwa bwe byogera ku baavu biba bitegeeza ki?**

(Abaavu baba bategeeza abo abatalina). Abantu abo abalina okuyayaana okuwulira n'okufuna amawulire amalungi nti Yesu ye mulokozi).

Obunnabbi obulaga okuzaalibwa kwa Yesu [Isaaya 7:14; Mikka 5:2].

*Isaaya 7:14 Mukama yennyini kyaliva abawa akabonero; laba omuwala atamanyi musajja aliba olubuto, alizaala omwana wa bulenzi era alituumwa erinnya lye Immanueri.*

*Mikka 5:2 Naye ggwe Besirekemu Efulaasa, ggwe omuto okuba mu nkumi za Yuda, mu ggwe mwe muliva gyendi aliba omufazi mu Isiraeri, okutambula kwe kwa dda na dda, emirembe nga teginnabaawo.*

Weetegereze: Olunyiriri luno luba luggyawo ebifo byonna ebyandirowozeddwako mu nsi nti Kristo gye yandivudde, wabula akabuga akatono kano Besirekemu.

Okutuukirira kw'obunnabbi buno: [Lukka 2:1-7].

1. Awo Iwatuuka mu nnaku ezo etteeka ne liva eri Kayisaali Augusito ab'ensi zonna
2. Okuwandiikibwa okwasooka okubaawo Kuleniyo bwe yali nga y'afuga Obusuuli.
3. Bonna ne bagenda okwewandiisa, buli muntu ne kibuga kyabo.
4. Ne Yusufu n'ava e Nazaaleeso mu kibuga eky'e Gggaliraaya, n'alinnya e Buyudaaya, okugenda mu kibuga kya Daudi, ekiyitibwa Besirekemu, kubanga yali wa nnyumba era wa mu kika kya Dawudi.
5. yeewandiisa ne Malyamu, gwe yali ayogereza, ng'ali lubuto.
6. Awo olwatuuka baali bali eyo, ennaku ze ez'okuzaala ne zituuka.
7. N'azaala omwana we omuberyeberye; n'amubikka mu ngoye ez'obwana obuwere, n'amuzazika mu kisibo, kubanga tebaalaba bbanga mu kisulo ky'abagenyi.

Obunaabbi obulaga okukemembwa kwa Yesu [Isaaya 53:7]

Yajoogebwa, naye ne yeetowaza n'atayasama kamwa ke, ng'omwana gw'endiga ogutwalibwa okutiibwa, era ng'endiga esirika mu maaso g'abo abagisalako ebyoya; weewaawo teyayasama kamwa ke.

Weetegereze: Erimu ku mannya Baibuli geyita Yesu – y'endiga ya Katonda. Yali ndiga eyaweebwangayo nga ssaddaaka mu yeekalu olw'okusonyibwa ebibi.

Okutuukirira kw'obunnabbi buno [Mattayo 27:12-14].

- 12 Bakabona abakulu n'abakadde bwe bamuloopa, n'ataddamu n'akatono.
- 13 Awo Piraato n'amugamba nti towulira bigambo bino bye bikulumiriza bwe biri?
- 14 Naye teyamuddamu na kigambo na kimu owessaza n'okwewuunya ne yeewunya nnyo.

Obunnabbi obulaga engeri y'okufa kwa Kristo [Isaaya 53:5].

Naye yafumitibwa olw'okusobywa kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe; okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku ye; era emiggo gye gye gituwonnya.

Weetegereze: kino kya kubeerawo oluvannyuma Iw'emyaka 800 nga Isaaya amaze okuwandika obunnabbi buno!

**Ekibuuzo: Isaaya awa nsonga ki Iwaki Yesu yakomererwa? (olw'ebibi n'ensobi zaffe).**

Okutuukirira kw'obunnabbi buno [Mattayo 27:26].

Awo n'abasumululira Balaba; naye Yesu n'amukuba enkoba n'alyoka amuwaayo okukomererwa.

Obunnabbi bulaga okuzuukira kwa Kristo [Isaaya 53:11].

Aliraba ku ebyo ebiva mu kulumwa kw'obulamu bwe era birimumala:

Olw'okumumanya omuweereza wange omutuukirivu aliweesa bangi obutuukirivu era alyetikka obutali butuukirivu bwabwe.

Okutuukirira kw'obunnabbi buno [Mattayo 28:1-7(a)]

1 Naye olunaku lwa ssabbiti bwe lwalil lugenda okugwgwaako, ng'olunaku olw'oluberyeberye mu nnaku omusanvu lunaatera okukya, Malyamu Magudaleena ne Malyamu ow'okubiri ne bajja okulaba amalaalo.

2 Laba , ne wabaawo ekinkaano ekinene ku nsi; kubanga Malayika wa Mukama yava mu ggulu, n'ajja n'ayirigisa ejjinja okuliggyawo, n'alituulako.

3 Naye ekifaananyi kye kyali nga kimyansa, n'engoye ze zaali zitukula ng'omuzira;

4 era entiisa ye n'ekankanya abakuumi, ne baba ng'abafudde.

5 Naye Malayika n'addamu n'agamba abakazi ntí mmwe temutyá; kubanga mmanyi nga munooonya Yesu eyakomererwa.

6. Tali wano; kubanga azuukidde, nga bwe yagamba, mujje, mulabe ekifo Mukama we yagalamira.

7 Mugende mangú, mubuulire abayigirizwa be ntí azuukidde mu bafu;

Gano ge mawulire mu bujuvu agasangibwa mu Baibuli agakwata ku Yesu, asobola okumanya ntí Masiya, era omwana wa Katonda.

Olukalala olulaga okuzaalibwa kwa Yesu.

- Nuuwa y'alina abaana ab'obulenzi basatu-abantu bonna mu nsi basibuka mu balenzi bano abasatu. Katonda yayawula Seemu mutabani wa Nuuwa okuvaamu Yesu, olwonna kitegeeza ntí Katonda yali aggyeko bali ebitundu bibiri bya kusatu (2/3) ebya bantu omukisa ogwa Masiya okusibuka mu bo.
- Okweyongera wansi w'olunyiriri luno Katonda lwe yayawula Masiya asobole okusibuka mu Ibulayimu. Ibulayimu yazaala Isaaka.
- Isaaka yalina abaana babiri; Yakobo ne Esawu. Katonda y'alonda Masiya okuva mu lunyiriri lwa Yakobo. Awo nno Katonda yali aggalidde ebitundu kimu kya kubiri (1/2) eky'abantu abasigaddewo.
- Yakobo (olvannyuma eyakyusibwa erinnya naayitibwa Israeri) yalina abaana 12 abalenzi (n'omuwala omu). Katonda y'alondako Yuda y'aba asibukamu Yesu, awonno yali aggyeko bali ekkumi n'omu omukisa ogwo.
- Okuva mu kika kya Yuda mwalimu Kabaka Dawudi. Katonda yagamba Dawudi ntí entebe ye ey'obwakabaka eribeerawo emirembe gyonna-ntí era Masiya aliba omu ku bazukulu be.
- Okuva mu lunyiriri lwa Dawudi-emirembe abiri mu munaana giddirira olwo nno ne tutuuka ku Yakobo taata wa Yusuf bba wa Malyabu eyazaala Yesu ayitibwa Kristo [Mattayo 1:16].

Tewali muntu yenna eyali asobola okubeera Masiya okuleka Yesu.

- Mu Ndagaano Enkadde mulimu obunnabbi obukulu obuwera ddala 60 nga bukwatagana ku Masiya, era nga bwonna bwamaliriza butuukiridde mu muntu Yesu Kristo.

Lwaki obunnabbi obwatuukirira mu Yesu tebusobola kugunjibwa.

abantu abamu bagamba nti obunnabbi obwatuukirira mu Yesu bwagunjibwa busobole okwatagana n'ebyo ebyabaawo mu bulamu bwa Yesu. Eyo nayo ndowooza nnungi, naye ka tulowooze ku nsonga ssatu;

1. Abaawandiika obunnabbi tebaalina buvunanyizibwa ku byali eby'okuva mu kulagula kwabwe. Obunnabbi bwonna obwawaandikiibwa ku Masiya bwalangibwa emyaka ekitono ennyo ebikumi bina (400) emabega bulyoke butuukirire.
2. Enzivunnula ya Baibuli ey'oluyonaani eyakyusibwa okuva mu lw'ebbulaniya yawandiikibwa emyaka kikumi nga Yesu tannaba kulabika. Tewali ngeri yonna gye kyali kisoboka okugunja obunnabbi busobole okwatagana n'eb'y'obulamu bwa Yesu ng'amaze okulabika.
3. Yesu naye teyalina kye yakola ku kitundu kimu kya kubiri (1/2) ku bunnabbi obwatuukirira mu bulamu bwe. Si ye yasalawo ku baani abali bajjajja be, wa je yazaalibwa, abassirikale abakuumi okukuba akalulu ku ngoye ze yali ayambadde bwe yamala okukomererwa ku musaalaba n'ebirala.

Okuwumbawumba.

- Olunyiriri lwa Masiya, ekifo ky'okuzaalibwa kwe, ebiseera mwe y'alina okulabikira engeri y'okuzaalibwa kwe, enfa ye – byonna mu bujjuvu byonna byalagulwa era ne bituukirira mu muntu omu Yesu Kristo.
- Yesu ye Masiya – omwana wa Katonda eyasuubizibwa emyaka mingi nnyo emabega. Era olw'okubanga Yesu mwana wa Katonda, kaakano osobolera ddala okukimanya nti Baibuli eyogera mazima-era ekigambo kya Katonda mazima.

Ebimu ku biwandiikkidwa mu kuyiga ku bisimbuliddwa okuva m: Morethan A Carpenles. Josh McDowell, Tyndale House Publishers, Inc 1977.

**OMUSOMO # 10: WEEYONGEREYO  
DDALA BAIBULI EYOGERA MAZIMA?  
(EKITUNDU 3).**

Okwejjukanya awaka.

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

*kubanga tetwagoberera ngero ezaagunyibwa n'amagezi bwe twabategeeza obuyinza n'okuja kwa Mukama waffe Yesu Kristo, naye twalaba n'amaaso gaffe obukulu bwe [2Peetero 1:16].*

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okuwa obujulizi obw'ensonga obulaga nga Baibuli y'emu nga bwe yali mu kusooka nga yakawandiikibwa.

Okwejjukanya

Waliwo obujulizi obuwerako nga bukakasa nti Baibuli eyogera mazima;

- Engeri Baibuli gye wandiikibwamu
- Ebyafaayo ebyobuwangwa obw'edda ebivumbulwa
- Obutuufu bwa sayansi nga bwanwandiikkidwa mu Baibuli
- Obujulizi bw'abantu n'obunnabbi obumaze okutuukirira.

Ennyanjula.

Funa abaana (ne bakitaabwe) batuule nga beetooloodde. Awo omukulembeze w'ekibiina ayogere mu kaama obubaka eri oyo amutuudde ku mukono ogwa ddyo. Leka buli omu obubaka obwo abwogere mu kaama eri munne amutuudde ku ddyo nga bwabuwulidde. Obubaka busobola kwogerwa mukaama omulundi gumu eri buli muntu. Obubaka obwo bwe bumala okomawo eri eyasoose, nawe ddamu ekkyo ky'owulidde. Era ddamu obubaka nga bwe wasoose okubwogera gye bali.

Buno bwe bubaka (beera wa ddembe okukola obwo bw'owulira).

Ku lubereberye waaliwo kigambo, kigambo n'aba awali Katonda, kigambo n'aba Katonda. [Yoka

Ekibuuozo eky'okubaganyaako ebirowoozo.

- Obubaka obwo bukkomekereza nga bwe bwabaddde bw'ennyini kigambo ku kigambo? Oba amakulu g'obubaka gaakyuseemu okuva kw'ago agazolee?
- Bwe buba ng'obubaka ku nkomerero y'akazannyo bwakyusiddwamu okuva ku bwasoose, olowooza lwaki bwakyuseemu?

(Obubaka bwakyuse omuntu ono eyabadde abuwa omulala teyabuzeemu bulungi).

Weeyongereyo.

Ng'otadde mu birowoozo ebyo bye wakayiga mu kazannyo k'essimu, tusobola tutya okukakasa nti Baibuli leero eyogera kye kimu nga bwe yasooka okuwandiikibwa?

Mu ngeri endala tusobola tutya okukakasa nti obuwandike obuli mu Baibuli gye tulina leero bwatutuusibwako nga butuufu nga bwe bwali ddala mw'eri eyasooka?

Obujulizi okuva mu Ndagaano Enkadde.

Ng'ekyuma eikuba ebitabo tekinnaba ku kolebwa, abawandiisi baawandiikanga kigambo ku kigambo n'emikono gyabwe. Olw'okuba nti baali bawandiika kigambo kya Katonda, baafubanga nnyo okwegendereza mu kukola omulimu, gusigale nga mulungi.

**Ekibuuzo:Wadde ng'abantu beegendereza batya , ensobi ez'obuntu tezibulawo. Kino kyo kiri kitya?**

(Endagaano Enkadde mu kusooka yawandiikibwa mu lulimi olw'ebbulaniya oluvannyuma n'ekyusibwa mu Lulatin n'oluyonaani. Enzivvunula ey'olulatini n'oluyonaani bw'ozigeregeranya ne yasooka mu lw'ebbulanya enzivuunulla zona eza leero zikwatagana bulungi nnyo).

Ekitabo ekyasookera ddala okuwandiikibwa eky'Endagaano Enkadde, kyafulumizibwa awo nga mu mwaka ogw'olwenda (900) egwa Mukama waffe (A.D). Ekitabo ekyo ekya wandiikibwa okuva mu mwaka 900 (A.D) kiyitibwa "Massoretic Test", olw'okuba nga kyava mu kibiina ky'Abayudaaya abawandiisi abayitibwa Bamassoretesi.

**Ekibuuzo:Tumanya tutya nti ekiwandiiko ekyawandiikibwa amabega w'olwenda (900AD) kyakuumibwa nga kituufu okumala ebbanga lyonna?**

(Okuva mu kunoonyereza ku byafaayo ebyedda okwakolebwa mu kyaasa ekya '20<sup>th</sup>"; the Dead Sea Scrolls).

Ekibinja ky'Abayudaaya baabeeranga mu kifo ekiyitibwa kumulaamu (Qumuram) okuvira ddala mu mwaka ogwa 150 (nga Yesu tannazaalibwa) okutuusiza ddala mu mwaka ogwa 70 (AD nga Yesu azaaliddwa).

Ekibinja ky'abantu bano baamalira ddala obulamu bwabwe bwonna nga basoma ebyawandiikibwa era nga babiwandiika. Bwe baamanya nti Abarumi baali bagenda kuwamba Isiraeri baatereka emizingo gyabwe mu jaaga eze bbumba ne bagikweka mu mpuku ezaali mu kiwonvu okuliraana Ennyanja Emyufu (Red Sea) okusobola okugikuuma). Awo nno omwaka ogwa 1947, emizingo gino gyasangibwa ne balyoka bagiyita "The Dead Sea Scrolls" (Emizingo okuva mu nnyanja Enfu).

**Ekibuuzo:Lwaki emizingo gino egy'enyanja Enfu mikulu nnyo?**

(Emizingo Egy'enyanja Emyufu bwe gyazuulibwa kyalisoboka kaakano okugerageranya emizingo gino n'ebyawandiikibwa bye bimu oluvannyuma lw'emyaka 1000 egyeyawudde). Emizingo egy'Enyanja Enfu nga bwogigeregeranya n'ebitabo biri ebya "The Massoretic Text" (Ebyo nga bye byasooka okuwandiikibwa mu bujuvu ng'emizingo egy'Enyanja Emyufu teginnaba kuzuulibwa), ebitabo bino byombi bikwatagana bulungi nnyo. Wadde nga waaliwo enjawulo entonotono eyasangibwa, amakulu ag'ebyawandiikibwa gaali tegakyuse wadde n'akatono.

**Ekibuuzo: Naye ekitabo ekya "The Massoretic Text" yali nzivvunula okuva mu byawandiikibwa byennyini?**

(Emizingo okuva mu Nnyanja Enfu giddamu ekibuuzo kino bulungi nnyo). Waaliwo n'enzivvunula ey'olulimi oluyonaani ey'Endagaano Enkadde eyitibwa "Septuagint". Eno nno yawandiikibwa mu mwaka ogwe 200 nga Yesu si muzaale.

Enzivvunula eno bwogeregeranya n'emizingo gy'Enyanja Enfu, okugerageranya kulaga nga bifaanagana.

Obujulizi bulagira ddala ng'ebyawandiikibwa byakuumibwa n'obwegendereza obwa kika ekya waggulu okuviiira ddala mu mwaka 200 nga Yesu si muzaale, era ebyo byennyini byetulina kaakano bifaananira ddala n'ebyawandiikibwa nga bwe byasookera ddala okuwandiikibwa.

Obujulizi okuva mu Ndagaano Empya olwa-leero ebitabo ebisukka mu 4000 ez'Ebiwandiiko bino biwandiikkidwa mu bikozesebwa eby'enjawulo era abayizi bamalirivu okubeera n'ebiwandiiko ng'ebitundu 99.9% ebifaanagana nga bwe byasooka okuwandiikibwa.

**Ekibuuzo:Lwaki kikulu okubeera n'ebitabo nga biwandiikkidwa ku bikozesebwa eby'enjawulo?** (Ebitabo by'ebyawandiikibwa bino oba osobola okubigeregeranya okumala ebbanga eddene okulaba oba waliwo ekikyuse).

Ebitabo ebyasooka okuwandikibwa byateekebwa ku bitoogo. Bino bye bikozesebwa ebyasinga okozesebwa mu kuwandiika Obukristaayo we bwatandikira. Ebitoogo byasikirwa amaliba, nga gano gaakozesebwa , okuwandiikibwako mu biseera ebiyitibwa emyaka egya wakatikati (Middle Age btn 500 and 1500 A.D) nga gigwaako. Oluvannyuma amaliba gaasikirwa empapula zino ne leero ze zikyakozesebwa.

Bwogeregaranya ebyawandikibwa nga biri ku bikozesebwa eby'enjawulo, okizuula nti enjawulo ntono nnyo mu bigambo, n'amakulu g'ebigambo tegaakuyka olwenjawulo ezo ezisangibwa. Ng'ebiwandiiko eby'Endagaano Enkadde bw'eri, Endagano Empya nayo baagiwandiika era baagikuuma n'obwegendereza.

**Ekibuuzo:Tuyinza tutya okumanya nti Endagaano Empya yawandiikibwa mu butuufu?** (Okusookera ddala, tuteekwa okukkiriza nti yawandiikibwa mu butuufu ng'olese ensobi, n'okukontana, n'obutatereera bulungi obwa sentensi ezimu).

Okugezesza okusignalidde okukoza okukebera okulaba oba ebyawandiikibwa byawandiikibwa mu butuufu, beebo abaalaba n'amaaso boogera ki kw'ebyo ebyawandiikibwa. Abasajja abo abaaliwo, oba abo abasobola okwataganya ebyo abo abaalaba n'amaaso n'ebyo ebyawandiikibwa mu Ndagaano Empya. Baibuli egamba;

1. *Bwe baali abangi abatandika okuwandiika amakuulu g'ebigambo ebyatuukirizibwa mu ffe.*
2. *nga bwe baabituubuulira, abo abasooka okuva ku lubereberye okuba abajulirwa era abaweeereza b'ebigambo*
3. *awo bwe nnaliraanyiza ddala byonna okuva ku luberyeberye, era nange nnalaba nga Kirungi okukuwandiikira ggwe, Teefiro omulungi ennyo, nga bwe byaliraana.*
4. *Olyoke omanyamazima g'ebigambo bye wayigirizibwa (Lukka 1:1-4).*

*Kubanga tetwagoberera ngero ezaagunjibwa n'amagezi bwe twabategeeza obuyinza n'okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo, naye twalaba n'amaaso gaffe obukulu bwe [2Peetero 1;16].*

Endagaano empya eya Yesu Kristo yawandiikibwa mu biseera eby'obulamu bw'abantu abaali bakyali abalamu mu buweereza bwa Yesu Kristo. Abantu abo baali basobola okukakasa oba okugaana obutuufu bw'ebyo byawandikibwa ku Yesu Kristo.

**Ekibuuzo:Ate obusobozi obulaga nti Endagaano Empya ebyawandiikibwa byasooka kubeera bya mimwa, naye ebiseera bwe byagenda nga biyitawo, byafuuka nfumo, byafaayo na ngero?** (Ebitabo by'Endagaano byakunganyizibwa mu mulembe oluvannyuma lw'obulamu gwa Yesu Kristo). Abakakalabya emisomo batugamba emyaka 20-50- tegimala okufuala ebigambo enfumo oba engero. Abantu baali bakyajjukira Yesu bye yakola n'ebigambo Yesu bye yayogera.

**Ekibuuzo:Waliwo obukakafu obulala nga buli bweru wa Baibuli obulaga nti Baibuli ntuufu?** (Okonoonyereza ku byafaayo eby'edda kukakasa ebyawandiikibwa bingi nnyo.

Era n'ebyawandiikibwa ebirala bingi nga si Baibuli naye nga byawandiikibwa mu biseera bye bimu eby'enjiri mwe yawandiikibwa bikiriziganya bulungi n'ebyo ebiri mu Ndagaano Empya. Bino biwa obujulizi obulaga obutuufu bw'ebintu nga bwe byaddiringana era nga bwe biri mu Baibuli.

Okuwumbawumba.

Tekikola makulu singa Katonda ayagala Ekigambo kye okuwandiikibwa mu butuufu n'okikuumira emyaka enkumi, n'alungamya abantu abo abawandiika ne bakikuuma?

Ebimu ku biwandiikkidwa mu kuyiiga kuno bisimbulidde mu kitabo kya Paul Little ekiyitibwa I Know Why You Believe, Intervasity Press, 1968 pp 39-48.

## OMUSOMO # 11: OKWEJJUKANYA KU MISOMO 8-10.

### Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero

Buli ekyawandiikibwa kirina okulungamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu.

(2Timeseewo 3:16).

### Ekigendererwa eky'okuyiga

Okuwa obujulizi obukakasa nti;

- Baibuli kigambo kya Katonda
- Baibuli eyogera mazima
- Ebiwandiiko ebya Baibuli biri kyekimu leero nga bwe byasooka okuwandiikibwa.

### Okwejjukanya Omusomo # 8.

Ddala Baibuli eyogera mazima?

Baibuli erina by'eyogera ebyewuunyisa:

- Baibuli kigambo kya Katonda – Ekyo kyennyini Katonda kye yayagala, Kiwandiikibwe [2Timoseewo 3:16].
- Katonda agamba nti ekigambo kye kye kimpimo (mutindo) gw'amazima gonna [Engero 30:5].
- Ekigambo kya Katonda tekyali mazima mu biseera mwe kyawandikibwa mwokka, wabula ne leero mazima era galiba mazima emirembe gyonna [Zabbuli 119:160].
- Kiba mazima agawkata ku bulamu bwaffe obw'omwoyo obwa leero [Baruumi 3:23].
- Kiba mazima agawkata ku mulimu Katonda gwe yatukolera [Yokaana 3:16].
- Kiba mazima agawkata kw'ekyo kye tuteekwa okola okulokolebwa [Baruumi 10:9].
- Kiba mazima agawkata ku ngeri gye tulina okubeeramu n'okusinza Katonda [Baruumi 12:1-2].

### **Ekibuuzo:Bujulizi ki obuliwo nga bukakasa nti Baibuli eyogera mazima?**

- Engeri Baibuli gye yategekebwamu.
- Ebizuulibwa okuva mu kunoonyereza ku byafaayo eby'edda.
- Obukakafu obuweebwa ku Baibuli okuva mu magezi ga sayansi.
- Obujulizzi obw'abantu.
- Obunnabbi obumaze okutuukirira.

### Okwejjukanya Omusomo # 9.

Ddala Baibuli eyogera mazima?

Obunnabbi obumaze okutuukirira.

**Ekibuuzo:Obunnabbi kye ki?** [Obunnabbi buba bubaka okuva ewa Katonda – ebiseera ebimu kusobola okuba okulagula kw'ebyo ebinaabaawo mu biseera eby'omumaaso).

**Ekibuuozo:Tumanya tuya nti obunnabbi buno buvudde wa Katonda?** Baibuli egamba nti Nnabbi alagula emirembe, ekigambo kya nnabbi bwe kirituukirira, kale nnabbi alimanyibwa nti Mukama yamutuma mazima [Yeremiya 28;9]. Buli bunnabbi oba okulagula obwalabikira mu Baibuli bwatuukirizibwa – ebiseera byabwo nga bituuse. Ebantu ebimu ebyatugambibwa nti byakubaawo naye nga bibadde tebinnaba nabyo bijjakubaawo.

Mu Ndagaano Enkadde mulimu obunnabbi obukulu 60 nga bukwata ku Masiya, era bwonna bwatuukirira mu Yesu Kristo ng'omuntu.

- Omukisa ogw'obunnabbi nga 8 obwatuukirira mu omu muntu Yesu =  $1 \times 10$  (17).
- Etteeka ery'okuteebereza liggyamu omuntu yenna okuteka Yesu nga Masiya.

Obunnabbi bwonna obwatuukirira mu Yesu bwali tebusobola kugunjibwa okusobola okwatagana n'ebyo ebyabaawo mu bulamu bwa Yesu:

- Abawandiisi b'obunnabbi buno baali tebalina buyinza era nga tebavunanyizibwa ku biki ebiriva mu kulagula kwabwe. Obunnabbi bwonna obwawandiikibwa ku Masiya bwayogerwa mu myaka nga 400 emabega nga Yesu tannalabika.
- Enzivunnula ey'oluyonaani eya Baibuli okuva mu Iw'Ebbulaniya yakolebwa emyaka nga 100 emabega nga Yesu tannabaawo. Tewali ngeri yonna obunnabbi buno gye bwandigunjibwa okusobola okwatagana obulungi n'obulamu bwa Yesu.
- Yesu naye teyalina kyayinza kukola ku kitundu kimu kya kubiri (1/2) ku bunnabbi obwatuukirira mu ye; okugeza Yesu teyalina kye yakola ku baani abaali bateekwa okuba bajjaja be, wa gye yazaalibwa, abasirkale okukuba obululu ku ngoye ze ng'amaze okufa ku musaalaba.

#### Okwejjukanya Omusomo # 10.

Ddala Baibuli y'emu leero nga bwe kyali nga yakawandiikibwa mu kusooka?

Obujulizi ku Ndagaano Enkadde.

Ng'ekyuma ekituba ebitabo tekinnaba kukolebwa, abawandiisi baawandiikanga kigambo ku kigambo n'emikono gyabwe. Abawandiisi baakozesanga obukugu obwa waggulu era nga begendereza nnyo mu mitima gyabwe. Olw'okubanga baali bawandiika kigambo kya Katonda, begendereza okulaba ng'omulimu gusigala nga mulungi ate nga gwegwo gwennyini.

#### **Ekibuuozo:Si nsonga abantu begendereza batya era basigala bakola ensobi. Kiri kitya ku nsobi z'abantu?**

(Endagaano Enkadde mu kusooka yaawandikibwa mu lulimi olw'Ebbulaniya oluvannyuma n'ekyusibwa mu Lulatini n'Oluyonaani. Bwogerageranya enzivunnula ey'olulatini n'oluyonaani bwozigereranya n'ey'Olwebbulanyia, n'ezo enzivunnula zonna eza leero zikiriziganya bulungi).

#### **Ekibuuozo:Lwaki Emizingo egy'ennyanja Enfu (Dead Sea Scroll) nkulu nnyo?**

(Kaakano tusobola okugerageranya ebiwandiiko by'ebyawandikibwa byebimu emyaka 1000 egyesudde).

**Ekibuuozo:Tuzuula ki bwe tugeragernya ebiwandiiko ebyo?**

(Enjawulo eriwo eri mu nnyunga y'ebigambo n'empanidiika) Ekisinga obukulu kiri nti enjawulo entono eyazuulibwa, amakulu g'ebyawandiikibwa tegaakyuka.

Obujulizi ku Ndagaano Empya.

Ebitabo ebyasooka okuwandiikibwa byateekebwa ku bitoogo. Bino bye bikozesebwa ebyasinga okozesebwa mu kuwandiika obukristaayo we bwatandikira. Ebitoogo byasikizibwa amaliba nga gano gaakozesebwa mu biseera ebyayitibwa ebiseera ebya Makati (Midde age ). Bye biseera ebyali wakati 500-1500 AD) nga bigwaako.

Oluvannyuma amaliba gaasikizibwa empapula ezikozesebwa ne guno guliko.

**Ekibuuozo:Lwaki kikulu nnyo okuba nti ebiwandiiko byawandiikibwa ku bikozesebwa eby'enjawulo?**

(Ebiwandiiko by'ebyawandiikibwa bisobola okozesebwa okugerageranya okumalira ddala ebbanga ddene okulaba oba nga waliwo ekikyuse). Bwogerageranya ebiwandiiko bino eby'enjawulo, tukizuula nti enjawulo entono eriwo mu bigambo tekyusa makulu ga byawandiikibwa. Ng'era Endagaano Enkadde, ebiwandiiko eby'Endagaano Empya byakopeebwa era ne bikuumibwa bulungi.

**Ekibuuozo:Kiri kitya ku kuwandiikibwa kwe Endagaano Empya. Tumanya tutya nti byawandiikibwa mu butuufu? (Okusookera ddala tuteekwa okukkiriza nti ebyawandiikibwa bituufu, okuleka abawandiisi okontana n'obuntu obutonotono).**

Waliwo okugezesha okusobola okozesebwa okutuyamba okumanya oba nga ddala ebywandiikibwa byawandiikibwa mu butuufu bwabyo.

- Abaalaba n'amaaso bye boogera. Abasaja abaaliwo oba okukoza ebyo bye baawandiika mu Ndagaano Empya.
- Endagaano Empya yasaasanyizibwa mu biseera ng'abantu abaalaba n'amaaso baali bakyali balamu mu biseera by'obuweereza bwe. Abantu bano baali basobola okugaana oba okakasa ebyawandikibwa ku Yesu.

**Ekibuuozo:Kiri kitya ku busobozi nti Endagaano Empya yasooka kubeera mu bigambo by'emimwa, oluvannyuma lw'okubeera wo ebbanga byafuuka nfumo, byafaayo na ngero? (Ebitabo by'Endagaano Empya byakunganyizibwa mu biseera oluvannyuma lw'obulamu bwa Yesu).**

Abayizi batugamba nti ebiseera wakati e'emyaka 20-50, tebimala okuvaamu nfumo. Abantu baali bakyajjukirira ddala ebya Yesu bye yakola n'ebigambo bye yayogera.

**Ekibuuozo:Waliwo obujulizi obuli wabweru wa Baibuli obulaga nti ebyawandiikibwa mu Baibuli bituufu?**

- Okunoonyereza kwe byafaayo ebyeda.
- Ebyawandiikibwa ebiri ebweru wa Baibuli bikiriziganya bulungi n'ebyo ebiri mu Ndagaano Empya.

## OMUSOMO # 12: DDALA YESU KRISTO LY'EKKUBO LYOKKA ERITUTUUSA ERI KATONDA.

### Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

### Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanila okutulokola [Ebikolwa 4:12].

### Ekigendererwa ky'okuyiga.

Buli ddiini egamba nti erina okumanya okutuufu ku Katonda. Nga buli ddiini bw'egamba nti erina okumanya okutuufu ku Katonda, osobola okumanya n'oyawula entuufu ku zonna?

### Okwejjukanya

Mu kitundu ekiwedde (emisomo 1-10), twawadde ensonga ezaddala eziraga nti Katonda gyali, okweyogerako kwa Yesu kwa mazima. Baibuli kigambo kya Katonda, ne Baibuli gye tulina leero teyakyuka ky'amaanyi okuva ku biwandiiko ebyasooka.

### Ennyanjula.

Abantu baagala nnyo okuba abatuufu mu kukkiriza kwabwe mu kintu kyonna na ddala bwe kituuka ku ddiini. Bammemba oba abagoberezi ab'enzikkiriza emu baagala nnyo okumanya nti batuufu mu kukkiriza kwabwe eri Katonda.

Mu kuyiga kwa leero tuijakuddamu ebibuuzo bibiri.

1. Ddala Obukristaayo n'enzikkiriza endala bye bimu?
2. Ddala Yesu Kristo yekka ly'ekkubo erituyamba okukola enkolagana eya ssekinookmu ne Katonda?

### Ddala Yesu Kristo yekka ly'ekkubo eritutusa eri Katonda? [Yokaana 14:1-7].

1. Omutima gwammwe tegweraliikiriranga; mukkirize Katonda, era nange munzikirize.
2. Mu nnyumba ya kitange mulimu ebifo bingi eby'okubeeramu. Singa tekiri bwe kityo, nandibagambye; kubanga ngenda okubateekerateekera ekifo.
3. Era oba nga ngenda okubateekateekera ekifo, ndikomawo nate ne mbatwala gye ndi; nze gye ndi, nammwe mubeere eyo.
4. Era gye ngenda, ekkubo mulimanyi.
5. Tomasi n'amugamba nti Mukama waffe, tetumanyi gy'ogenda; ekkubo tulimanya tutya?
6. Yesu n'amugamba nti Nze kkubo, n'amazima n'obulamu; tewali aija eri Kitange wabula ng'ayise mu nze.
7. Singa muntegedde , ne Kitange mwandimumanya; okusooka kaakano mumutegeera era mumulabye.

Abakristaayo bagamba nti Yesu Kristo yekka ly'ekkubo erireeta enkolagana eya ssekinoomu ne Katonda kubanga ebyawandiikibwa bwe bityo bwe bigamba;

so tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali nalinnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola [Ebikolwa 4:12].

Abakristaayo bakkiriza kino, si kubanga basalawo ku lwabwe nti mazima, naye kubanga Yesu Kristo bwayigiriza. Yesu agamba nti Nze kkubo, n'amazima n'obulamu; tewali ajja eri kitange wabula ng'ayita mu nze [Yokaana 14:6].

**Ekibuuozo:Ate abantu ab'enzikkiriza endala aboogera nti eddiini zirina eby'okuddamu ku Katonda nga bwali?** (Omukristaayo tasobola kuba mwesigwa eri Yesu nga Mukama we ate n'akkirizaganya n'enzikkiriza ezo). Omukristaayo asisinkana ekizibu ky'amazima. Yesu bwabanga ali ekyo kye yeeyogerako okuba tuba tulina ekigambo kya Katonda ekijjudde obuyinza. Bwabanga Yesu ye Katonda, era nga tewali mulokozi mulala, ekyo kitegeeza nti ye yekka lye kkubo eritutuusa ewa Katonda.

**Ekibuuozo:Kitegeeza ki Yesu bw'agamba nti nze kkubo?**

Ku lubereberye, Katonda yatonda ensi n'ayogera nti nnungi. Awo nno n'atonda omuntu eyasooka; Adamu n'omukazi eyasooka; Kaawa. Baali kintu kya muwendo nnyo mu bitonde bye. Mu ntandikwa baali batuukiridde – nga Katonda bwe yabaagala okubeera.

**Ekibuuozo:Katonda yagezesu okwagala kwa Adam ne Kaawa, yabawa kigezo ki?**

Ekigezo kya Katonda eri okwagala kw'abantu kwali kugonda. Adamu yalondawo okujemera Katonda era mu kiseera ekyo omutindo gwe ne gukka wansi w'obutuukirivu bwa Katonda. Kaakano Adamu yali nga bulijjo alowooza ebyo byayagala. Nalekerawo okubeera ekyo Katonda kye yali amutegekedde okuba mu kusooka.

**Ekibuuozo:Ki ekyabaawo olw'obujeemu bwa Adam?**

(Gwe nange twyawukana ku Katonda).

Baibuli egamba nti Olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna, kubanga bonna baayonoona (Abaruumi 5:12). Buli muntu yenna okuva ku kujeema kwa Adamu abadde nga asikira ekikula eky'okusalawo okujemera Katonda. Erinnya eddala ery'okujemera Katonda baliyita kibi. Omuntu omwonoonyi tasobola kuyimirira mu maaso ga Katonda. Olaba n'ensi Katonda gye yatonda yafiirwa obulungi bwayo ekibi bwe kyayingira mu nsi.

**Ekibuuozo:Katonda ye yakola ki?**

(Yasuubiza – siribaleka mu mbeera eno ebbanga lyonna – nga tewali kununulibwa okuva mu kibi n'okunjawukanako. Njakussaawo olutindo, olukonko olwo olw'amaanyi olwawula mmwe nange luzibibwe, musobole okujja gye ndi nga mukozesa olutindo luno. Olutindo Iwengenda okussaawo lujja kubalaga okwagala kwe nnina gye muli , era n'okwagala kwe njagala mubeere nakwo gyendi na buli omu ne munne).

**Ekibuuozo:Yesu agamba nti Nze kkubo n'amazima, n'obulamu, tewali ajja eri kitange wabula ng'ayita mu nze; Naye kaakano kijja kitya Yesu okweyogerako nti ye yekka okuba ekkubo ?** (Katuddemu ekibuuozo kino nga tubuuza ekibuuozo ekirala);

**Ekibuuozo: Waliwo amateeka ga bika bimeka?**

(Amateeka ag'obutonde, ag'enkolagana y'abantu n'abantu abalala, amateeka ag'eggwanga, n'amateeka ag'omwoyo).

**Ekibuuozo: Amateeka ag'obutonde ga bika bimeka?** (Agaleetera ebintu ebizitowa okukkia wansi nga biva mu bbanga, agakwata ku ngeri ebbugumu okusisinkana n'ebintu).

**Ekibuuozo: Mateeka ki agatekebwaawo abantu b'omu kitundu?**

(Okukugira emisinde emingi, agafuga okulonda/ okuba akalulu).

Nga bwe wali amateeka agafuga obutonde, n'agayisibwa okufuga abantu, era waliwo n'ag'omwoyo. Erimu ku mateeka ag'omwoyo lye lino; Ekibi kisasulwa empeera. Bwe twonoona, tuba tuzizza omusango mu maaso ga Katonda. Olw'okuba tuli bantu, omuntu yekka yasobola okusasula omutango Yesu kubanga ye mwana wa Katonda yekka, era ye yekka asobola okukola ekyo.

Yesu Kristo asobola okweyogerako ng'ekkubo kubanga ayogera mazima, ye Katonda. Era alw'okuba nga Katonda, tulina Ekgambo kya Katonda ekijjudde obuyinza.

**Ekibuuozo:Ate abantu abagamba nti tebakkiriza nti Yesu Katonda. Eddiini yaabwe esomesa ekkubo ddala?**

(Ka twejjukanye ebintu ebikulu bisatu ku mazima);

1. Okukkiriza ekintu nti kituufu tekukfuula kuba mazima, okugeza omuntu bwayigiriza/bwakiriza nti  $1+1=3$  tekiggyawo mazima nti  $1+1=2$ .
2. Okukkiriza tekusobola kuba kukulu okusinga ekkyo ekintu kyoba okkiriza okugeza; osobola okussa okukkiriza kwo mu lwazi nti lusobola okukuwonya/okukulokola, naye olwazi terulokola/teruwonya.
3. Ekituufu kiba kituufu si nsonga abantu balina ndowooza ki ku kyo.

Waliwo abantu ab'enzikkiriza ezitali za Bukristaayo ezitaagala bwagazi kukkiriza nti Yesu Katonda.

**Ekibuuozo:Kiwulikika bubi okugamba nti omuntu engeri gy'akkiriza ku Katonda nkyamu. Ddala Obukristaayo n'eddiini endala tebali kye kimu?** (Obukristaayo si ddiini, wabula eba nkologana ey'obuntu n'omuntu eyazuukira era Katonda omulamu ate nga ekula).

Eddiini endala zonna zifaanagana, zoogera ekintu kye kimu, zikola ebyo Abakristaayo bye bakola, naye waliwo enjawulo ntono nga bw'eri waggulu.

*Baibuli egamba nti laba, nnyimiridde ku luggi nneeyanjula; omuntu yenna bwawulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali era nnaaliira wamu naye, naye nange . [Okubukkulirwa 3:20].*

- Eddiini by'ebyo abantu bye bakola – okunoonya n'okulafubana okutuuka eri Katonda. Wabula Obukristaayo ekkyo Katonda kyakola okunoonya n'okufuuka wansi ku muntu okumuyamba.
- Buli nkola yonna ey'eddiini luba lukalala olw'ebiragiyo. Ate Obukristaayo bwo bulamu bwennyini.
- Eddiini eraga byakola, Obukristaayo bwo bwakolebwa.

**Ekibuuzo:Lwaki obukristaayo bwokka bwe buwa obukakafu bw'obulokozi?**

(Yesu yatukolera ekyo kye twali tetusobola kwekolera ku lwaffe). Atuwa amaanyi okubeera mu bulamu mu ngeri gye twakolebwa okubeeramu. Asonyiwa ebibi byaffe. Atunaazaako ebibi n'atuwa ku kikula kye eky'obutuukirivu-byonna ng'ekirabo.

Mu buli "mirimu" gya ddiini. Tekisoboka okufuna bukakafu bw'obulokozi. Omanya ddi nti kaakano okoze emirimu egimala okufuna obulokozi oba okutuuka ku mutindo gw'obulokozi? Tosobola kumanya era tolimanya. Tewali bukakafu bwa bulokozi mu nkola z'eddiini kubanga obulokozi buyimirirawo ku muntu ssekinoomu okola ekimala okubufuna.

**Ekibuuzo:Ekyo kitegeeza nti Abakristaayo basinga abo abatali bakristaayo?**

(Nedda. Mu butuufu, okusinga ennyo, Omukristaayo alina kwebaza bwebaza kubanga obulokozi bwa buwa buwa okuyita mu Yesu Kristo ng'ekirabo eri bona ababufuna).

**Ekibuuzo:Yesu Kristo alina nkizo ki okuva ku bakulembeze abalala ab'eddiini?**

(Mu bakulembeze abalala bona ab'eddiini, Yesu ye yekka eyeyoyerako okuba Katonda). Abagoberezi ba Muhamadi, Buddha, essira lyabwe balissa nnyo mu kuyigiriza. Naye Yesu Kristo ye alaga ng'okuyigiriza kwe kwetooloolera ku ye (Ye nkulungo y'okuyigirizakwe). Yesu Kristo yabuuzanga ekibuuzo kye kimu: Mmwe mumpita ani?

Si kituufu nti okukkiriza nga bw'okikkirza si kikulu? Kye tukkiriza kirina okuba amazima okuba ekya ddala. Abantu abamu bagamba nti waliwo ekkubo limu eritutwala ewa Katonda. Ekyo kikyamu. Waliwo amakubo mangi ddala agatutuusa ewa Katonda kubanga Baibuli egamba nti olunaku lumu abantu bona baliyimirira mu maaso ga Katonda

[Okubikkulibwa 20:11,12].

Bwoba oyagala okuyingira eggulu waliwo ekkubo limu okuyita mu Yesu Kristo.

Mu misomo egiddako tujja kutandika okutunuulira enjawulo eriwo wakati w'Obukristaayo n'eddiini endala. Ekiddako, tugenda kutunuulira Abakristaayo aba Baibuli kye bakkiriza.

**OMUSOMO # 13: EKYO ABAKRISTAAYO BA BAIBULI KYE BAKKIRIZA.**

Okwejjukanya awaka.

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

*Kubanga Katonda bwe yayaga ensi bwati , n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza alame okubula , naye abeere n'obulamu obutaggwaawo. [Yokaana 3:16].*

Ennyanjula.

Nga tetunangenda mu kulaba enjawulo eriwo wakati w'Obukristaayo bwa Baibuli n'eddiini endala zonna, kiyamba okumanya ennono enkulu ez'enzikkiriza y'Obukristaayo – mu bufunze ekky Abakristaayo ba Baibuli kye bakkiriza.

Ekyo Abakristaayo ba Baibuli kye bakkiriza.

Ekyo Abakristaayo ba Baibuli kye bakiriza ku Yesu Kristo.

6.Oyo bwe yasooka okubeera mu kifaananyi kya Katonda, teyalowooza kintu ekyegombewa okwenkanankana ne Katonda.

7.naye yeggyako ekitiibwa bwe yatwala engeri y'omuddu, n'abeera mu kifaananyi ky'abantu.

8 era bwe yabalabikira mu mutindo ogw'obuntu, ne yeetowaza, nga muwulise okutuusa okufa, era okufa okw'omusaalaba.

9 Era Katonda kyeyava amugulumiza ennyo n'amuwa erinnya liri erisinga amannya gonna;

10 Buli vviivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, ery'oby'omu ggulu n'ebi'oku nsi n'ebya wansi w'ensi.

11 era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama waffe, Katonda kitaffe aweebwe ekitiibwa [Abafiripi 2:6-11].

Yesu ye mulokozi waffe.

*So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola [Ebikolwa 4:12].*

**Ekipuuzo:Lwaki Yesu Kristo ayitibwa Mulokozi?**

(Yesu –ng'erinnya lino litegeeza Mulokozi – Ye mwana wa Katonda emirembe gyonna atulokola mu bibi byaffe).

Bwe twonoona tuba tuzizza omusango mu maaso ga Katonda. Olw'okuba tuli bantu, omuntu yekka yasobola okusasula omutango. Naye kubanga omusango guba gukoleddwa ku Katonda ataliiko kkombo, Katonda yekka ye yali asobola okusasula omutango guno. Yesu nga muntu 100%, yabeerawo awatali kwonoona yabeera mu bulamu obutuukiridde. Yesu Katonda 100%, alina obusobozi obutwala ebibi bya bona nabituggyako; Atamanya kibi, yamufulula ekibi ku lwaffe: ffe tulyoke tufuuke abatuukirivu bwa Katonda mu ye [2Abakolinso 5:21].

Yesu ye Kristo.

15 N'abagamba nti naye mmwe mumpita mutya?

16 Simooni Peetero n'addamu n'agamba nti ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu [Mattayo 16:15,16].

***Ekibuuzo: Lwaki Yesu ayitibwa Kristo?***

(Eyafukibwako amafuta) (Kubanga yayawulwa Katonda kitaffe okutubikkulira enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi). Yesu yabikkula enteekateeka ya Katonda ey'okusumulula abantu okuva mu maanyi g'ekibi n'okufa okuyita mu Ssaddaaka ye ku musaalaba.

**Yesu ye Kabona waffe asinga obukulu.**

23 Nabo bangi baafuulibwa bakabona, kubanga okufa kwabalobera okubeereranga;

24 naye oyo kubanga abeerera okutuusa emirembe gyonna alina obwakabona obutavaawo.

25 Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubangaabeera mulamu ennaku zonna okubawolerezanga.

26 Kubanga kabona asinga obukulu afaanana bw'atyo ye yatusaniira, omutukuvu, ataliko kabi, ataliiko bbala, eyayawulibwa eri abo abalina ebibi, era eya gulumizibwa okukira eggulu.

27 atawalirizibwa, nga Kabona abasing obukulu bali okuwangayo ssaddaaka buli lunaku, okusooka olw'ebibi bye yennyini, oluvannyuma olw'ebyo eby'abantu; kubanga okwo yakukolera ddala omulundi gumu bwe yeewaayo [Abaebbulaniya 7:23-27].

***Ekibuuzo:Lwaki Yesu ayitibwa Kabona waffe asinga obukulu?***

(Yesu yatununula omulundi gumu ne ssaddaaka y'omubiri gwe. Kaakano ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda kitaffe nga kabona atukiikirira emirembe gyonna).

Mu nnaku ez'Endagaano Enkadde omuntu bwe yayagalanga okusonyiyibwa ebibi, omuntu oyo ng'awaayo ssaddaaka, nga esobola okubeera ekinnyonyi oba ensolo nga bwe kirambikibwa mu mateeka, ng'agireeta mu Yeekaalu n'agiwaayo eri kabona, awo nno kabona n'agiwaayo eri Katonda ku lw'omuntu oyo. Yesu mu kwagala kwe yeewaayo okufa ku musaalaba, Katonda yakkiriza ssaddaaka ye, eyasasula mu bujjuvu omuwendo Katonda gwe yali yeetaaga olw'ebibi byaffe. Era kubanga Katonda yakkiriza ssadaaka ya Yesu, kaakano tusobola okutuuka butereevu ewa Katonda, kubanga olukonko olutawula lwavaawo.

**Yesu ye Kabaka waffe.**

11 Ne ndaba eggulu nga libikkuse; era, laba, embalaasi enjeru, n'eyali agituddeko ayitibwa mwesigwa era ow'amazima; ne mu butuukirivu asala emisango era alwana.

12 Era amaaso ge gwe muliro ogwaka, ne ku mutwe gwe engule nnyingi; era ng'alina erinnya eriwandiikiddwa, omuntu yenna lw'atamanyi wabula ye yekka.

13 Era ng'ayambadde ekyambalo ekyamansiwako omusaayi; n'erinnya lye ne liyitibwa Kigambo kya Katonda.

14 N'eggye ery'omu ggulu ne limugoberera ku mbalaasi enjeru, nga bambadde bafuta enjeru ennungi.

15 Ne mu kamwa ke ne muvaamu ekitala eky'obwogi ateme amawanga nakyo; era alibafuga n'omuggo ogw'ekyuma; era alinnya essogolero ly'omwenge gw'obusungu bw'obukambwe bwa Katonda omuyinza w'ebintu byonna.

16 Era alina ku kyambalo kye ne ku kisambi kye erinnya eriwandiikiddwa nti KABAKA WA BAKABA , ERA MUKAMA W'ABAAMI [Okubikkulirwa 19:11-16].

### **Ekituuozo; Lwaki Yesu ayitibwa Kabaka?**

(Yesu ye kabaka waffe emirembe gyonna; alifuga, atukuma, atulabirira, era atununula).

#### Yesu ye Mukama.

9 Ne bayimba oluyimba oluggya, nga boogera nti osaanidde okutoola ekitabo n'okubambula obubonero bwakyo; kubanga wattibwa n'ogulira Katonda olw'omusaayi gwo mu buli kika, n'olulimi n'abantu , n'eggwanga.

10 n'obafuula eri Katonda waffe obwakabaka era bakabona; era bafuga ku nsi  
[Okubikkulira 5:9,10].

### **Ekituuozo: Lwaki Yesu ayitibwa Mukama?**

(Yesu ye Mukama waffe kubanga si na feeza oba zaabu, wabula n'omusaayi gwe yennyini, yatugula omubiri n'emmeeme okuva mu kibi okufuuka ababe).

#### Ekyo Abakristaayo ba Baibuli kye bakkiriza ku Busatu bwa Katonda.

Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnnya Iya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu [Mattayo 25:19].

Katonda Kitaffe, Katonda Omwana, ne Katonda Omwoyo Omutukuvu buli omu yenkanankana, taggwaawo, awamu ye Katonda owa mazima. Katonda yeeraga abantu okumumanya okuyita mu busatu. Wadde nga kino kiringa ekizibu okutegeera, amazima gali nti Obusatu buyigirizibwa okuyita mu byawandiikibwa byonna.

Waliwo Katonda omu eyatonda ebintu byonna kiddinganwa mu Ndagaano Enkadde n'empya: *Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama eyatonda eggulu; ye Katonda; eyabumba ensi nagikola, yaginiweza, yagitonda obutaba ddungu yagibumba okutuulwamu; nti Nze Mukama, so tewali mulala* [Isaaya 45:18].

- Wulira Isiaeri; Mukama Katonda waffe Mukama ye omu. [Makko 12:29].
- Mu ngeri y'emu, Obusatu bulagibwa bulungi mu ndagaano zombi; Enkadde n'Empya:
- Katonda nayogera nti tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi kyaffe; bafugenga eby'omu nnyanja n'ebibuuwa waggulu n'ente n'ensi yonna na buli ekyewalula ku nsi [Olubereberye 1:26]. Ekigambo ekikozesebe
- Wano kiri mu bungi
- Naye omubeezi bw'alijja, gwe ndibatumira ava eri Kitange, omwoyo ow'amazima, ava eri kitange oyo alitegeeza ebyange [Yokaana 15:26].

#### Katonda Kitaffe.

Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi [Olubereberye 1:11]. Katonda y'ensibuko ya byonna ebitondebwa.

#### Katonda omwana

Oyo kye kifaananyi kya Katonda atalabika [Abakkolosaayi 1:15]. "Tulaba" era tumanya Katonda kitaffe okuyita mu mwana we atagwaawo Yesu Kristo.

Katnda Omwoyo Omutkuvu.

Naye bw'alija oyo omwoyo ow'amazima, anaabalungamya mu mazima gonna: Kubanga taayogerenga ku bubwe yekka; naye byonna by'anaawuliranga by'anaayogeranga; ye anaababuuliranga ebigenda okuja. [Yokaana 16:13]. Nga Katonda Kitaffe n'Omwana bwe bali, Omwoyo Omutkuvu muntu yennyini. Tuwlira okubeera wo kwa Yesu okuyita mu Mwoyo Omutkuvu abeera muffe.

Obusatu tusobola obufunza bwe tuti "Katonda ali mu bantu basatu nga benkana era tebagwaawo. Buli omu yeetaagibwa, wanjawulo, naye bona awamu ye Katonda omu.

Ebimu ku biwandiikiddwa mu kuyiga kuno bisimbuliddwa mu kitabo, The Bible Has the Answers, by Henry Morris and Martin Clark, ekyafulumizibwa ba Master Books , 1987.

Ekyo Abakristaayo ba Baibuli kye bakkiriza ku mwoyo gw'omuntu ogutaggwaawo.

*Era bangi ku abo abeebaka mu nfuu fu ey'oku nsi balizuukuka, abamu eri obulamu obutaggwaawo, n'abamu eri ensonyi n'okunyoo meebwa okutaggwaawo [Danyeri 12:2]. Omuntu alina omubiri, emmeeme, n'omwoyo.*

*Kyawandii kibwa nti kubanga Ekigambo kya Katonda kiraamu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula e kyawula obulamu n'omwoyo ennyingo n'obusomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okutumintiriza kw'omutima [Abaebbulaniya 14:12].*

Omubiri gwo: Omubiri gwo gemaka ag'ekiseera omutuula emmeeme n'omwoyo.

Emmeeme yo.

Emmeeme yo teggwaawo. Omubiri gwo bwe gufa, emmeeme yo egenda mu kifo ekitaggwaawo, ekyolubeerera. Emmeeme yo wagye'malira kisinziira ku mwoyo gwo.

1. Bw'oba nga toli mukristaayo oba olina emmeeme etalina mwoyo eyo nga emalira mu ggeyeena.
2. Bw'oba oli Mukristaayo, oba olina emmeeme ejjudde omwoyo, egenda mu ggulu.

Omwoyo gwo:

Fenna tuzaalibwa ng'emyoyo gyaffe mifu nga tewali busobozi bwa kuba na nkolagana ne Katonda. Baibuli egamba; *Era nammwe yabazuukiza bwe mwali nga mufiiridde mu byonoono n'ebibi byammwe [Abaefeso 2:1].*

Bwozaalibwa, ozaalibwa ng'omwoyo gwo mufu, era oba tolina kyoyinza kukola ku lulwo okugufuula omulamu. Era omwoyo bwe guba nga si mulamu, tegusobola kuyingira mu ggulu. Ye nsonga lwaki twetaaga okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri – okuddamu okuzaalibwa. Bw'okkiriza Yesu Kristo mu bulamu bwo okuyita mu Mwoyo Omutkuvu, Katonda azuukiza omwoyo gwo okuba omulamu nate. Olw'ekirabo kino ekiva eri Katonda, enkolagana ne Katonda ekomawo.

Ekyo Abakristaayo ba Baibuli kye bakkiriza ku kibi.

*Laba, nze natondebwa mu bubi; ne mu kwonoona mmange mwe yanzaalira. [Zabbuli 51:5].*

Olunaku Adamu lwe yayonoona, ebintu byasoba. Adamu bwe yayonoona, omwoyo gwe gwafa, ekyo kyalinnya mu mpuliziganya ye ne Katonda. Adamu yagabanya embeera eyo eyokwonoona eri ffe ffenna, twasikira ekizibu ekyo.

Tuzaalibwa n'omwoyo ogutali mulamu, ogwo gwe twandibadde nagwo, naye tuzaalibwa n'emmeeme eyakosebwa ekibi. Ebyawandiikibwa bigamba; *Olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bona, kubanga bona baayonoona.* [Abaruumi 5:12].

Baibuli egamba; *Ffe ffenna twawaba ng'endiga ; twakyamira buli muntu mu kkubo lye ye'*; era Mukama atadde ku ye obutali butuukirivu bwaffe fenna [Isaaya 53:6],

N'olwekyo, tetuzaalibwa buzaalibwa mu kibi kyokka, wabula tugenda mu maaso n'okwonoona mu kusalawo, kye kikula kyaffe, bwe buzaaliranwa bwaffe- ekyo kye tuli.

Era mu buzaaliranwa buno obw'ekibi munda mu ffe kye kituleetera okuwaba okuva ku Katonda.

Ebimu ku biwandiikkidwa mu kuyiga kuno bisimbuliddwa, okuva mu: The Promise, ekya Tony Evans olupapula 96-97, ekyakubibwa ba Moody Press 1996.

Ekyo Abakristaayo ba Baibuli kye bakkiriza ku Bulokozi.

.....kkiriza Mukama waffe Yesu, onoolokoka ggwe n'ennyumba yo [Ebikolwa 16:31].

- Kubanga mwalojoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwava gye muli; kye kirabo kya Katonda. 9-tekwava mu bikolwa omuntu yenna aleme okwenyumirizanga [Abaefeso 2:8,9].
- Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutaggwaawo [Yokaana 3:16]. Obulokozi bujja lwa kukkiriza Yesu Kristo.
- Endiga zange ziwlira eddoboozi lyange, nange nzitegeera, era zingoberera;
- 28 nange nziwa obulamu obutaggwaawo; so teziribula emirembe n'emirembe, so tewali alizisikula mu mukono gwange [Yokaana 10:27-30].

Ekyo Abakristaayo ba Baibuli kye bakkiriza ku kufuna Obulokozi.

Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati, n'okuwaayo n'awaayo omwana eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutaggwaawo. [Yokaana 3:16].

- Bwe twogera nga tetulina kibi twekyamya fekka so nga n'amazima tegali mu ffe. Bwe twatula ebibi byaffe, ye w'amazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu [1Yokaana 1:8,9].
- Kubanga mw'ayatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olokoka [Abaruumi 10:9]. Kkiriza nti Yesu ye mwana wa Katonda era musabe okubeera Mukama wo era omulokozi.

Nga tutandika okutunuulira enjawulo eriwo wakati w'Obukristaayo n'eddini endala, tujja kukozesa enzikkiriza ya Baibuli ku ka Katonda, ku Yesu, Obusatu, Omwoyo gw'omuntu, okwonoona kw'omuntu, obulokozi, okufuna obulokozi ng'ebigenda okozesebwa okulaga enjawulo eriwo wakati w'Obukristaayo n'eddiini endala.

**OMUSOMO # 14: ENJAWULO ERIWO WAKATI W'OBUYUDAAYA N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

*Kubanga, buli alikaabirira erinnya lya Mukama alirokoka. Kubanga tewali njawulo ya muyudaaya na Muyonaani, kubanga omu ye Mukama waabwe bona abamukaabirira [Abaruumi 10:12,13].*

Ekgendererwa ky'okuyiga.

Okulaga enjawulo eriwo wakati w'obuyudaaya n'Obukristaayo bwa Baibuli n'okuwa ebirowoozo ku ngeri y'okubuulira Obukristaayo obwa Baibuli eri omugoberezi w'enzikkiriza Y'obuyudaaya.

Eri omukulembeze w'okuyiga , weetegereze; wadde ng'ebiwandiiikiddwa mu kuyiga kuno biyinza okuddamu ebibuuzo ebimu, ku ebyo ebikulu abantu ab'enzikkiriza y'obuyudaaya bwe bayinza okukkiriza, nzikkiriza nti omukisa ogw'enjawulo gw'olina leero kwe kukakasa ekibiina amazima g'Obukristaayo bwa Baibuli. Ye nsonga lwaki nalonze okuggyayo ebyo ebiraga enjawulo y'Obuyudaaya n'Obukristaayo bwa Baibuli.

Tugenda kulaba ebintu mukaaga Obukristaayo bwa Baibuli bye bukkiriza;

1. Yesu Kristo
2. Obusatu bwa Katonda
3. Omwoyo gw'omuntu ogutaggwaawo
4. Okwonoona kw'omuntu
5. Obulokozi
6. Okufuna obulokozi.

Okuyita mu buli kimu ku bino, amazima g'Obukristaayo gavaayo bulungi era gakakasibwa. Nsaba oleme kwanguiriza ng'oyita mu kuyiga kuno. Bwe kuba okuyiga kuno tekuwedde mu lutuula lumu, osobola okukumaliriza mu lutuula oluddako.

Enyanyula.

Mu ddiini zonna eziri mu nsi, Obukristaayo bulina akakwate kanene nnyo ku Buyudaaya. Oyinza okugamba nti Obukristaayo buzaalibwa okuva mu nzikkiriza y'Obuyudaaya.

Tugabana nabo Endagaano Enkadde n'okuyigiriza kwaayo. Fenna tukkiririza mu Katonda nga kitaffe. Naye ate wadde Obukristaayo n'Obuyudaaya waliwo bingi bye bufaanaganya , era waliwo bingi ebyawukana.

Obuyudaaya : Gwe musingi gw'Obukristaayo, naye bwo bukyalindirira okujja kwa Masiya (Kristo). [Isaaya 11:1-3]

1. Era mu kikolo kya Yese muliva ensibuka, n'ettabi eririva mu mmizi gye liribalala ebibala:

2 n'omwoyo gwa Mukama gulibeera ku ye, omwoyo ogw'amagezi n'okutegeera, omwoyo ogw'okuteesa n'amaanyi, omwoyo gw'okumanya n'okuya Mukama.

3 n'okuya Mukama kw'alisyukira; so taasalenga misango ng'okulaba kw'amaaso ge bwe kunaabanga, so taanenyenga ng'okuwulira kw'amatu ge bwe kunaabanga.

Ebyafaayo by'Obuyudaaya mu bufunze.

Obuyudaaya bwatandika n'endagaano Katonda gye yakola ne Ibulayimu mu mwaka nga 2085 nga Yesu tannazaalibwa mu kiwonvu kya Mesopotamiya (ng'olwaleero ekifo kino we wali amawanga; Iraaka ne Iraani). Obuyudaaya, ng'eddiini ey'abantu Abayudaaya ezimbiddwa ku Tawuleeti oba Amateeka. Amateeka bye bitabo ebitaano ebisookera ddala mu Baibuli eby'Endagaano Enkadde, ebyo nga bye byaweebwa Musa okuva eri Katonda. Katonda yasuubiza nti abantu be singa bagondera amateeka yali wa kubawa omukisa.

Yesu ye ani

Okusinziira ku Buyudaaya?

Abayudaaya abamu bakkiriza Yesu nga nnabbi ow'amaanyi era ne mukuyigiriza kwe mulimu ebintu ebirungi, naye tebeeyongerayo kusukka awo.

Mu nnaku za Yesu ze yatambuliramu ku nsi ng'omuntu, Abayudaaya bo baali bakyalindirira Masiya oba Kristo. Endagaano Enkadde, bannabbi baayogera ku Masiya nga bwe yali ow'okulokola abantu ba Katonda okuva mu bibi byabwe. Naye okumalira ddala ebbanga eddene, obulombolombo bw'Abayudaaya n'entamputa yaabwe ey'ebyawandiikibwa yatandika okusaabulula obwetaavu bw'omulokozi ow'abantu.

Ekyava mu ekyo, Abayudaaya bangi baatandika okunoonya Kabaka eyali owo bbagobera Abaruumi okuva mu nsi yaabwe, akomyeewo ekitiibwa n'amaanyi ga Isiraeri, si mulokozi owo balokola okuva mu bibi byabwe. Oyo Yesu ataakola nga Masiya eyali mu birowoozo byabwe yaleetera Abayudaaya bangi okulowooza nti si ye yali ye. Kino kyaviiramu Abayudaaya okusigala nga bakyalindirira Masiya owaabwe.

Okusinziira ku Bakristaayo bwa Baibuli.

Weewaawo, ayogera nti Ekigambo kyayinga obwangu ggwe okuba omuweereza wange okugolokosa ebika bya Yakobo n'okulokola abawonye ku Isiraeri; era ndikuwaayo okuba omusana eri abamawanga, obeerenga obulokozi bwange okutuusa ku nkomerero y'ensi [Isaaya 49:6].

**Ekibuuzo:Abakristaayo bo Yesu bamuyita batya?**

(Yesu ye mwana wa Katonda, ye Kristo, ye Masiya Isaaya gw'awandiikako mu kitabo kye essuula 49:53. Yesu Katonda ate muntu. Teyalina kibi era yafa okununula abantu bonna okuva mu bibi byabwe).

Ate kiri kitya ku Busatu bwa Katonda?

Okusinziira ku Buyudaaya.

Abayudaaya tebakkiriza nti waliwo obusatu bwa Katonda. Waliwo Katonda, ye Yakuwa; wulira, ggwe Isiraeri; Mukama Katonda waffe ye Mukama omu [Ekyamateeka 6:4].

Okukkiriza mu busatu kiba kitegeeza kukkiriza mu Yesu okuba Katonda, ate nga yeeyogerako ng'omwana wa Katonda era y'enkanankana ne Katonda. Olw'okuba Abayudaaya bakkiriza nti Katonda ali omu, Yesu yali tasobola kuba Katonda.

Okusinzlira ku Bukristaayo bwa Baibuli.

21 Awo olwatuuka, abantu bona bwe baali nga babatizibwa, bwe yasaba, eggulu ne libikkuka.

22 Omwoyo Omutukuvu n'akka ku ye mu kifaananyi eky'omubiri ng'ejjiba, n'eddoboozi ne lifuluma mu ggulu nti ggwe mwana wange omwagalwa; nkusanyukira nnyo [Lukka 3:4,22].

**Ekibuuzo:Abakristaayo bakkiriza ki ku busatu bwa Katonda?**

(Katonda Kitaffe , Katonda Omwana, Katonda Omwoyo Omutukuvu, bona b'enkana bonsantule awamu ye Katonda omu ow'amazima ataggwaawo.

Omuntu alina emmeeeme ey'olubeerera?

Okusinziira ku Buyudaaya.

Obuyudaaya buyigiriza nti waliwo obulamu oluvannyuma lw'okufa. Wabula tebussa ssira ku kuteekateeka omuntu olw'ensi eddako nga bwe bussa essira ku mpisa ez'obulamu obwa leero).

Okusinziira ku Bukristaayo obwa Baibuli.

11 Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu obwo buli mu mwana we.

12 Alina Omwana alina obulamu atalina mwana wa Katonda talina bulamu [1Yokaana 5:11,12].

**Ekibuuzo:Abakristaayo bakkiriza batya ku mwoyo gw'olubeerera?**

(Omwoyo gw'omuntu gulibeerawo emirembe gyonna nga guli mu maaso ga Katonda mu ggulu oba nga gwawuliddwa okuva ku Katonda. Amaka g'omwoyo gwaffe ag'olubeerera gasinziira ku kusalawo kwa buli muntu kw'akola nga kyali ku nsi).

Kiri kitya ku kibi? Okusinziira ku Buyudaaya.

Ekibi kiba kikolwa so si mbeera. Omuntu tazaalibwa nga mwonoonyi, wadde okuba omulungi. Buli muntu azaalibwa ng'alina eddembe n'obusobozi obw'okusalawo wakati w'ekirungi n'ekibi. Buli muntu ebibye bibye.

Okusinziira ku Bukristaayo bwa Baibuli:

Laba, nze natondebwa mu bubi; ne mu kwonoona mmange mwe yanzaalira. [Zabbuli 51:5].

**Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku kibi?**

(Omuntu azaalibwa mufu mu mwoyo era nga mwonoonyi-ng'asikira embeera eno okuviira ddala ku kibi kya Adamu.

Omuntu afuna atya obulokozi okusinziira ku Buyudaaya:

Omuntu teyeetaaga kununulibwa. Omuntu yenna , oba Muyudaaya oba mulala asobola okufuna obulokozi okuyita mu kwewaayo eri Katonda omu n'okola empisa ennungi. Omuntu alina obusobozi okubeerawo ng'akwata amateeka (ago agaaweebwa Musa Katonda nga bwe gasangibwa mu Tawuleeti – ebitabo bya Musa mu Ndagaano Enkadde). Bwalemererwa, aba yeetaaga okuja eri Katonda ng'ayita mu kwenenya.

Okusinziira ku Bukristaayo obwa Baibuli.

30 N'abafulumya ebweru n'agamba nti Bassebo, kingwanidde kukola ntya okulokolebwa?

31 Ne bagamba nti kkiriza Mukama waffe Yesu Kristo onoolokoka ggwe n'ennyumba yo.

[Bikolwa 16:30,31].

***Ekibuuozo:Abakristaayo bakkiriza batya ku kufuna obulokozi?***

(Obulokozi kirabo kya Katonda era obufuna lwa kukkiriza Yesu Kristo).

Ebitabo Ebitukuvu-Okusinziira ku Buyudaaya.

- Tawuleeti – Amateeka agaaweebwa Musa okuva eri Katonda. Ge mateeka g'obulamu.
- Endagaano Enkadde.
- Ebiragiro eby'okubeerawo mu bulamu obwa bulijo (The mishnah).
- The Talmu (Bino nabyo biragiro ebyeyongeraku by'obulamu obwa bulijo).
- Baibuli : Endagaano Enkadde n'Empya.

Embirowoozo engeri gy'oynza okubuulira Obukristaayo omuntu ow'enzikkiriza y'Obuyudaaya.

- Kinywezze nti Abakristaayo abasooka baali Bayudaaya.
- Omuyudaaya talina kusooka kuleka busika bwe ng'Omuyudaaya okusobola okufuuka Omukristaayo.
- Laga nti Abayudaaya be baawandiika Endagaano Empya era ne Yesu yali Muyudaaya.
- Simba essira ku ssaddaaka y'okufa kwa Yesu n'amazima g'okuzuukira kwe.
- Laga nti obunnabbi bw'Endagaano Enkadde bwatuukirizibwa Yesu era buwa obujulizi nti ye Masiya.
- Enjawulo eriwo wakati w'Omukristaayo n'Omuyudaaya y'eno; Eri Omukristaayo, Yesu ye Masiya eyasuubizibwa edda ennyo. Yesu mwetegefu okwaniriza abo bona abamukkiriza; kubanga tewali njawulo ya Muyudaaya na Muyonaani; kubanga omu ye Mukama waabwe bona. Kubanga buli alikaabirira erinnya lya Mukama alirokoka. [Abaruumi 10:12,13].

Ebimu ebiwandiiikkidwa mu kuyiga kuno bisimbuliddwa mu kitabo: So What's The Difference? Fritz Ridenour, pp.55-63, ekya kubibwa aba Regal Books 1979.

Obujulizi obulaga nga Yesu ddala ye Masiya.

Ekigambo ky'Olwebulaniya: "Moishiach" kitegeeza 'Eyafukibwako Amafuta", erinnya eryaweebwa oyo eyasuubizibwa okuba omununuzi olunaku olumu eyali ow'okujja eri abantu ba Isiraeri ng'afukiddwako amafuta nga nnabbi, kabona , kabaka, Katonda yennyini.

Abantu Abayudaaya bangi bakyalindirira okutuukirizibwa okw'ebisuubizo by'Endagaano Enkadde, ono "Moishiach" bwalijja okussaawo obwakabaka mu nsi yonna obw'emirembe n'obwenkanya nga bwetoololera ku ggwanga lya Katonda eddonde Isiraeri. Wabula okussukira ddala emyaka 2000 egiyise, ekibiina eky'Abayudaaya baakkiriza ne babeera Abakristaayo abasooka kubanga baafuna obukakafu nti Yesu omunazaalesi ye yali Masiya eyasuubizibwa.

Baalina ensonga ennungi okukkiriza nti Yesu ye yali Masiya. Waliwo obunnabbi obussuka mu kikumi, mu Ndagaano Enkadde buno nga bwatuukirira mu Yesu Kristo. Obumu ku bunnabbi buno bwali bulaga nga Yesu yali wakujja ng'ekyaasa ekisooka tekinnabaawo.

Okugeza, Yakobo, erinnya lye oluvannyuma eyayitibwa Isiraeri yagamba batabani be ki ekiribaawo mu biseera eby'omu maaso: Effumu lya Kabaka terivenga ku Yuda, Newankubadde omuggo gw'oyo afuga teguvenga wakati mu bigere bye, okutuusa siiro lw'alijja; N'oyo abantu gwe baanawuliranga [Lubereberye 49,10].

Erinnya "Siiro" kitibwa kya Masiya, era obunnabbi bugamba nti ekika kya Yuda kirisigala nga kikulembera Isiraeri nga mwe muva abafuzi oba bakabaka, okutuusa Masiya lw'alijja; obunnabbi buno bwali bulina okutuukirizibwa ng'okuzikirizibwa kw'obwakabaka bwa Yuda tekunnabaawo (Okuyita mu Babulooni n'olvannyuma Abaruumi) ne Yeruseleemi mu mwaka ogwe 70 AD, nga mu biseera ebyo obufuzi bwonna bwali bumaze okuva mu Yuda. Katonda yasuubiza Dawudi nti Masiya yali alina kuva mu zadde lye, ate yali wakufuga emirembe gyonna bwe yagamba nti :Oyo ye alizimbira erinnya lyange ennyumba era ndinyweza entebe ey'obwakabaka bwe ennaku zonna. [2Samwiri 7:13].

1. *Ne nnabbi Isaaya yagamba: Era mu kikolo kya Yesu muliva ensibuka, n'ettabi mu mmizi gye liribal ebibala*
2. *N'omwoyo gwa Mukama gulibeera ku ye, omwoyo ogw'amagezi n'okutegeera , omwoyo ogw'okuteesa n'amaanyi, omwoyo ogw'okumanya n'okutya Mukama;*
3. *N'okutya Mukama kw'alisyukira; taasalenga misango ng'okulaba kwe kw'amaasoge bwe kunaabanga, so taanenyenga ng'okuwulira kw'amatu ge bwe kunaabanga [Isaaya 11:1-3].*

Ettabi lino lye linnya eddala eritegeeza Masiya. Obunnabbi buno bwatuukirira mu Yesu. Taata we ow'oku nsi; Yusufu yali ava mu lunyiriri Iwa Dawudi [Mattayo 1:1-16]. Maliyamu maama we yali wa mu zzadde lya Dawudi [Lukka 3:23-31]. Naye okuviira ddala mu biseera bya Yesu, kiyinza okuba ekizibu okunoonya n'okuzuula olulyo luno olulangira n'ofuna omusika omutuufu asobola okutuula ku ntebe ya Dawudi kubanga ebiwandiiko byonna ebiraga obuzaale n'enyeri byasanyizibwaawo olubannyuma.

Obunnabbi obulala obwewuunyisa ennyo bw'ebwo obwaweebwa nnabbi Danyeri [Danyeri 9:24-27]. Danyeri yagambibwa nti Masiya yali wakujja mu ssabiiti 69 (ssabiiti 69 mu myaka – bwogattamu gye myaka 483). Oluvannyuma ng'etteeka ly'okuddamu okuzimba Yeruseleemi limaze okuisibwa, nga mu biseera bino ekibuga kyonna kyalilfulukwa nga kirekeddawo. Kabaka Nebukadduneeza bwe yakizikiriza...Kabaka Kuulo owa Buperusi ye yayisa etteeka lino oluvannyuma. Wadde ng'ennnaku entuufu etteeka lino mwe lyayisizibwa tezimanyiddwa, naye okutuukirizibwa kw'obunnabbi buno kuteekwa okuba nga kwabaawo mu kyaasa ekisooka mu biro by'okuzaalibwa kwa Yesu. Kiteekwa okuba nga kwabaawo nga Abaruumi tebannazikiriza kibuga ne yeekaalu mu mwaka ogwe 70AD kubanga obunnabbi bukirambika bulungi: Oluvannyuma (aligaanibwa n'okutitbwa) ng'okuzikirizibwa tekunnabaawo.

Kirambulukufu bulungi nti, Yesu yekka ye yatuukiriza obunnabbi buno. Tewali ngeri ndala yonna esoboka okuwumbawumba nti Yesu ali ekyo kye yeeyogerako okuba: Masiya, Mulokozi, Mukama, Katonda.

Ebimu ku biwandiikiddwa mu kuyiga kuno bisimbuliddwa okuva mu kitabo: The Bible Has The Answers, Henry Morris and Martin Clark, ekyakubibwa ba Master Books 1987.

### **OMUSOMO # 15: ENJAWULO ERIWO WAKATI W'OBUYISIRAAMU N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

#### Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

28 *Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza.*

29 *Mwetike ekikoligo kyange, muyigire ku nze; kubanga ndi muteefu era omuwombeefu mu mutima; nammwe muliraba ekiwummulo eky'omu mwoyo gyammwe.*

30 *Kubanga ekikoligo kyange si kizibu n'omugugu gwange mwangu [Mattayo 11:28-30].*

Bino bya nukulembeze w'okuyiga kuno: wadde ng'ebiwandiikiddwa mu kuyiga kuno bisobola okuddamu ebibuuzo ku ebyo ebikulu Abayisiraamu bye bakkiriza, twala omukisa guno leero okukakasa eri ekibiina amazima agakwata ku Bukristaayo bwa Baibuli; ye nsonga lwaki nnonzeewo okulaga enjawulo w'enzikkiriza y'Obuyisiraamu nga nsinziira ku bintu bino omukaaga Abakristaayo ba Baibuli bye bakkiriza:

1. Yesu Kristo
2. Obusatu bwa Katonda
3. Omwoyo gw'omuntu ogutaggwaawo
4. Okwonoona kw'omuntu
5. Obulokozi
6. Okufuna obulokozi.

Okuyita mu buli kimu ku bino, amazima g'Obukristaayo gavaayo bulungi era gakakasibwa, nsaba oleme okwanguiriza ng'oyita mu kuyiga kuno. Bwe kuba okuyiga nga tekuwedde mu lutuula lumu, osobola okumaliriza mu lutuula oluddako.

#### Ebyafaayo ebitonotono ku nzikkiriza y'Obuyisiraamu.

Obuyisiraamu bwatandikibwa omusaja ayitibwa Mohammed, eyazaalibwa mu kibuga kya Mekka, mu Arabiya 570AD (nga Yesu azaaliddwa). Ng'akyali muto, Mohammed yatandika okufuna okwolesebwa nga kugobererwa n'okukwatibwa emyoyo. Okuyita mu kwolesebwa, ye yakkiriza nti malayika Gabudyeri yali amukyalidde. Malayika yamuwa ekiragiro okuddangamu okwogera ebyo bye yali ng'amwolesa (ebyo nno abagoberezi be bye baawandiika oluvannyuma lw'okufa kwe mu kulaani) awo nno Muhammedi yafuuka nnabbi wa Allah (Katonda w'Abayisiraamu).

Obuyisiraamu bufunayoko ebintu ebimu okuva mu Ndagaano Enkadde n'Empya ne bubigatta ku byabwe bye bakkiriza ne bayongerako n'ebimu ku biyigirizibwa mu Bukristaayo.

Ennyanjula ku Nzikkiriza Y'Obuyisiramu.

Obuyisiraamu kitegeeza "emirembe egituukiridde" egiva mu muntu okuwaayo obulamu bwe eri Allah. Ekigambo ekyabikkulirwa ne kiweebwa Muhammed kiyitibwa Korani, n'obubaka buyitibwa Obuyisiraamu. Abagoberezi b'Obuyisiraamu oba obubaka bayitibwa Abayisiraamu, ekitegeeza abo "abagonda".

Obuyisiraamu: Enzikkiriza y'amateeka n'ebiragiro [Mattayo 11:28-30].

28 mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nanage nnaabawummuza.

29 Mwetike ekikoligo kyange, muyigire ku nze; kubanga ndi mutefu era omuwombeefu mu mutima; nammwe muliraba ekiwummulo ekyomu myoyo gyammwe.

30 kubanga ekikoligo kyange si kizibu, n'omugugu gwange mwangu.

1. Waliwo Katonda omu ow'amazima erinnya lye ye Allah
2. Waliwo bamalayika bangi oba abatabaganya Malayika asinga obukulu ye Gabudyeri agambibwa okuba nga yalabikira Muhammedi. Waliwo n'abo bamalayika abaagwa.
3. Ebyawandiikibwa: waliwo ebitabo bina ebirina okulungamizibwa kwa Katonda
4. Allah yatuma bannabbi bangi. Korani yo etuwaayo amannya ga bannabbi 28 aba Allah, ng'abasinga basangibwa mu Ndagaano Enkadde n'Empya. Mu bano mulimu; Adamu, Nuuwa, Ibulayimu, Musa, Dawudi, ne Yesu, agambibwa okuba nti teyalina kibi. Mohammedi ye nnabbi eyasembayo era asinga okuba omukulu mu bannabbi bona.
5. Buli bikolwa bya muntu biritekebwa mu minzaani okulaba oba agenda mu ggulu oba mu ggeyeeena. Eggulu kifo kya kwesiima ate ggeyeeena kifo kyabo bona abawakanya Allah ne bannabbi be.
6. Okwawula: Allah yasalawo dda ekyo ekimusanyusa so tewali asobola okumukyusa ebirowoozo.

Waliwo empagi z'Obuyisiraamu ttaano buli omu zaalina okutuukiriza:

1. Okwatula enzikkiriza: Omusiraamu alina okwatula mu lujjudde nti tewali Katonda mulala yenna okuggyako Allah era Muhammedi ye nnabbi we.
2. Okusaba: Kalombolombo omukkiriza kaalina okukola emirundi ettaano olunaku.
3. Okuwaayo kulw'abatalina: Omuyisiraamu etteeka limwetaagisa okuwaayo 1/40 ku by'obugagga bwe olw'okuyamba abali mu bwetaavu n'abaavu.
4. Omwezi ogw'okusiba: Abayisiraamu kibeetaagisa okusiiba oba okulekayo okulya emmere n'okunywa amazzi mu biseera eby'emisana okumalira ddala omwezi mulamba era tebalina kukola ebyo ebikolwa ebitasaanidde.
5. Okulamaga e Makka: Olugendo luno oluyamba omukkiriza okufuna obulokozi lulina okutambulwa waakiri omulundi gumu mu bulamu bw'omuyisiraamu bwe kiba kisobose.

Yesu ye ani?

Okusinziira ku Buyisiraamu.

Obuyisiraamu bwo tebukkiriza ebyo Yesu bye yeeyogerako nti Katonda , era bugaana Yesu okuba mwana wa Katonda, era tebukkiriza nti waaliwo okuzuukira kwa Yesu mu mubiri. Yesu yali nnabbi; ataalina kibi, era omubaka wa Katonda, nga yenanankana ne bannabbi abalala bona ab'obuyisiraamu, wabula ngali wansiko ku nnabbi

Mohammedi. Yesu teyafa ku musaalaba kulw'ebibi by'abantu. Era teyazuukira, Muhammedi teyazuukira, kale tekisoboka kuba nti Yesu yazuukira.

Okusinziira ku Bukristaayo.

*Olunaku olw'okubiri n'alaba Yesu ng'ajja gyali, n'agamba nti laba, Omwana gw'endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi! [Yokaana 1:29].*

***Ekibuuzo: Abakristaayo Yesu bamuyita ani?***

(Yesu ye mwana wa Katonda. Yesu Katonda ate muntu. Teyalina kibi era yafa okununula abantu bona okuva mu kibi).

Obuyisiraamu buyigiriza nti Yesu yali nnabbi ataalina kibi, naye ekireeta ekizibu gye tuli: Yesu ye yagamba nti Katonda. Bwaba nga Yesu teyali Katonda era nga yali akimanyi kino kiba kitegeeza nti yali mulimba, tasobola kuba nga teyalina kibi.

Kiri kitya ku Busatu bwa Katonda

Okusinziira ku Buyisiraamu.

Olw'okuba tewali Katonda mulala wabula Allah, endowooza eno ey'Obukristaayo eyogera ku busatu kuvvoola kwennyini. Kibi ekitasoniyikika okugatta ku Katonda omuntu omulala. Eri Obuyisiraamu okukkiriza mu busatu buba butakkiriza.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

*16 Awo Yesu bwe yamala okubatizibwa, amangu ago n'ava mu mazzi: laba eggulu ne limubikkukira, n'alaba Omwoyo gwa Katonda ng'akka ng'ejjiba, ng'ajja ku ye;  
17 laba eddoboozi ne liyima mu ggulu, nga ligamba nti Oyo ye Mwana wange, gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo [Mattayo 3:16,17].*

***Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza ki ku busatu?*** (Katonda kitaffe, Katonda omwana, Katonda Omwoyo Omutukuvu) benkana era tebaggwawo- awamu ye Katonda omu ow'amazima ali mu bantu basatu.

Tugezaako okussa Katonda mu bibalo bye tugeera, ne twerabira nti assuka ku butonde n'okutegeera kwaffe. Lwaki kitukalubirira nnyo okukkiriza nti Katonda ye yennyini ye asalawo okweraga gye tuli mu ngeri ez'enjawulo ez'abantu abasatu.

Bwe kituuka ku kibi

Okusinziira ku Buyisiraamu

Obuyisiraamu buyigiriza nti omuntu azaalibwa nga wa ddembe awatali kibi. Omuntu okutuusa ng'amaze okutuuka mu myaka egy'abatiini n'ayonoona olw'onna nalyoka avunaanibwa olw'ensobi ye. Ekiibi kwe kulemererwa kw'omuntu obutatuukiriza amateeka ag'eddiini nga bwe galagibwa mu mpagi ettaano.

Okusinzira ku Bakristaayo ba Baibuli

Era nammwe yabazuukiza bwe mwali mu byonoono n'ebibi byammwe [Abaefeso 2:1].

**Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku kibi?** (Omuntu azaalibwa nga yafa mu mwoyo era nga mwononyi nga embeera eno yagisikira okuva ku kibi kya Adamu).

Omuntu afuna atya Obulokozi Okusinziira ku Buyisiraamu?

Buli yenna awaba, ye yennyini yettiika obuvunanyizibwa obw'okuwaba kwe [Isaaya 10:109].

Mu Buyisiraamu omuntu kimwetaagisa okufuna obulokozi okuyita mu kutuukiriza empagi ettano ez'okukkiriza. Obuyisiraamu bwo omugugu gw'obulokozi bugutikka omuntu oyo.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

*Yesu n'abagamba nti nze mmere ey'obulamu ajja gyendi enjala terimuluma anzikkiriza ennyonta terimuluma n'akatono [Yokaana 6:35].*

**Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku kufuna obulokozi?** (Obulokozi kirabo ekiva eri Katonda, ekijja olw'okukkiriza Yesu Kristo). Yesuasuubiza okutikkula omuntu omugugu ogw'ebibi. Yesu agamba nti; *Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitooweredda, nanage nnaabawummuza.*

*Mwetike ekikoligo kyange, muyigire kunze, kubanga ndi muteefu era omuwombeefu mu mutima; mmwe muliraba ekiwummulo eky'omu mwoyo gwamme [Mattayo 11:28:30].*

Ebitabo ebitukuvu

okusinziira ku Buyisiraamu.

- Korani: Ebigambo bya Muhammed ebyawandiikibwa wansi abagoberezi be.
- Tawuleeti : ebitabo ebitaano ebya Musa bye bisooka mu Ndagaano Enkadde
- Zabur: Zabbulii za Dawudi
- Ingil: Enjiri ya Yesu.

Wadde Obuyisiraamu nga bugatta Endagaano Enkadde n'Obukristaayo, bugayita mazima. Wabula enjigiriza yaabwe ebiseera ebisinga enkontana n'enjigiriza ya Baibuli. Korani eri waggulu w'ebiyawandiikibwa byonna ebyasooka – kye kigambo kya Allah ekisembayo (eky'enkomerero). Awo Korani ne Baibuli w'ebiyawukanira. Abayisiraamu bagamba nti Abakristaayo baakyusa Baibuli.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

Baibuli : Endagaano Enkadde n'Empya

Ebirowoozo Engeri gy'oyinza okubuulira Obukristaayo bwa Baibuli eri Omuyisiraamu.

- Abakristaayo balina okusimba essira ku kizibu ky'ekibi ng'ogeregeranya ekyo Katonda wa Baibuli kye yakola n'oyo ow'Obusiraamu kyatannaba kukola. Obuyisiraamu tebulina wonna we bulagira kizibu kya kibi. Era Allah talinaawo kye yali akoze kulw'omuntu ng'omutango, okuleka Katonda wa Baibuli.
- Laga nti Omuyisiraamu talina nkolagana yonna na Katonda. Allah mu buliwo tamanyika. Okusaba n'okusinza tebirina we bikwataganira n'omuntu ssekinnoomu kubanga buli kimu kiri mu bwandiike.
- Nnyonnyola obuzibu obuli mu kufuna obulokozi ng'oyita mu kutuukiriza empagi ettaano. Omania ddi nti kaakano okoze ekyo ekimala?
- Wa obudde obumala ng'onyweza nti ebyo Yesu bye yeeyogerako nti ye Katonda mazima.

Okuwumbawumba.

Katonda w'obuyisiraamu ye ayagala ggwe okulafubana ng'omunoonya. Obukristaayo gwe mulimu Katonda gwe yatukolera; okutuukako wansi okutuyamba okusobola okukola ekyo kye tutandisobodde ku lwaffe..

Kirage nti: Yesu mulamu naye Muhammed mugenzi.

Ebimu ku biwandikiddwa mu kuyiga kuno bisimbuliddwa okuva mu;

- So Whats the Difference, by Fritz Ridenour, ne kikubibwa/kifulumizibwa ba Regal Books 1979.
- Cults, World Religions and the Ocult, by Kenneth Boa, kyafulumizibwa ba Chariot Victor Publishing, 1990.

#### **OMUSOMO # 16: ENJAWULO ERIWO WAKATI W'OBUHINDU N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

Mwekuume tewabeerangawo muntu abanyaga mu bufurosoofo n'ebi'obulimba obutaliimu, okugobereranga ebyayigirizibwa abantu, okugobereranga eby'olubereberye eby'ensi, okutali kugoberera Kristo [Abakkolosaayi 2:8-10].

Bino bya mukulembeze w'okuyiga kuno: wadde ng'ebiwandiikiddwa mu kuyiga kuno bisobola okuddamu ebimu ku bibuuzo ku ebyo ebikulu abantu b'enzikkiriza y'Obuhindu bye bakkiriza, twala omukisa guno leero okukakasa eri ekibiina amazima agawkata ku Bukristaayo bwa Baibuli. Y'ensonga lwaki nnonzeewo okulaga enjawulo y'Obuhindu n'Obukristaayo bwa Baibuli kye bukkiriza okusinziira ku bintu bino omukaaga:

1. Yesu Kristo
2. Obusatu bwa Katonda
3. Omwoyo gw'omuntu ogutaggwaawo

4. Okwonoona kw'omuntu
5. Obulokozi
6. Okufuna obulokozi

Okuyita ku buli kimu ku bino , amazima g'Obukristaayo gavaayo bulungi era gakakasibwa. Nsaba oleme okwanguyiriza ng'oyita mu kuyiga kuno. Bwe kuba ng'okuyiga kuno tekuweddeeyo mu lutuula lumu, osobola okumaliriza mu lutuula oluddako.

#### Ennyanjula ku nzikkiriza y'Obuhindu.

Obuhindu bwatandika ekibinja ky'abantu abamanyidwa nga Abalyana (Aryans) bwe baawamba amambuka ga Buyindi mu mwaka ogw'e 1500BC (nga Yesu si muzaale). Abalyana bano baali basinza maanyi ga butonde-eggulu, emunyeenye, n'omuliro era enzikkiriza eno baagikakaatika ku Bayindi bonna. Enzikkiriza yaabwe ng'ekolebwa okusaba okuwoggana n'ennyimba ezaawandiikibwa wansi era ne zifuuka omusingi ogw'Obuhindu era obulamu obwa bwabwe bulijjo. Obuwandiike buno bumanyiddwa nga "Vedasi" oba okubikkulirwa kw'amagezi! Okubikkulirwa kw'amagezi kuno kwawukana nnyo okuva ku Baibuli by'eyigiriza.

Tugenda kugezaako nnyo okwetoololera kw'e byo ebikulu enzirkiriza eno by'ekkiriza- Wabula sigala ng'okimanyi nti Omukkiriza ow'enzikkiriza bwakkiriza n'obulamu bw'abeeramu obwa bulijjo byawukana nnyo okuva kw'ebyo ebikulu ebikola enzikkiriza eno, nebyo by'eyigiriza.

Obuhindu: Nze ndi Katonda; naawe oli Katonda – Ate ggwe tewandyagadde kubeera Katonda? [Zabbuli 19:1-4].

1. Eggulu lyogera ekitiibwa kya Katonda; N'ebbanga libuulira emirimu gy'emikono gye.
2. Omusana gugamba ebigambo omusana, n'ekiro kiraga amagezi ekiro.
3. Siwali bigambo newankubadde olulimi, Eddoboozi lyabyo teriwulikika.
4. Okuyigiriza kwabyo kubunye mu nsi zonna.

N'ebigambo byabyo okutuuka ku nkomerero y'ensi. Abiteekeddemu enjuba eweema.

Enzikkiriza okuva e buvanjuba, eyigiriza nti ebintu byonna ebiriwo mu nsi bya kiseera buseera era tebirina makulu. Ekintu kyonna ekikulu kyeckyo ekiri mu nsi eri waggulu w'ensi eno. Era ayagala okutuuka mu nsi eno aba alina okwegaana: mu kufumintiriza ku "magezi agabikkulibwa" okuyita mu byawandiikibwa ebitukuvu.

#### **Ekibuuzzo: Ebyo enzikkiriza eva ebuvanyuba by'eyigiriza byawukana bitya ne Katonda wa Baibuli byayigiriza?**

(Gwe oli muntu mukulu nnyo mu nteekateeka ya Katonda ku nsi yakutonda ng'alina ekigendererwa gy'oli). *Baibuli egamba nti kubanga ggwe olina omwoyo gwange; wambikkako mu lubuto lwa mmange.*

*14 Naakwebazanga; kubanga okukolebwa kwange kwa ntiisa, kwa kitalo; Emirimu gyo gya kitalo. N'ekyo emmeeme yange ekimanyidde ddala.*

15 Tewakisibwa mubiri gwange, bwe nnakolebwa mu kyama, bwe nnatondebwa n'amagezi amangi mu bya wansi eby'ensi.

16 Amaaso go gaalaba omubiri gwange nga teguunatuukirira, ne mu kitabo kyo ebitundu byange byonna ne biwandiikibwa, Ebyabumbibwanga buli lunaku buli lunaku

[Zabbuli 139:13-16]

#### Endowooza y'Abahindu ku Katonda.

Mu bufirosoofo bw'ekihundu, Katonda si muntu wabula kintu- Katonda omu ali kuntikko- ataliimu kabuntu ayitibwa Brahmani – nga eno mmeeme y'ensi yonna.

- Mu Buhindu obumanyiddwa – waliwo amaddaala ag'enjawulo ag'abakatonda. Ba Katonda abali wansiko, nga balina n'emirimu egy'enjawulo.
- Mu butuufu kino Abahindu kye bayigiriza ku Katonda – ggwe oli Katonda.

Obuhindu buwa buli muntu eddembe okutegeera Katonda mu ngeri ye, era okwenoonyeza ekkubo erimutuusa eri Katonda.

**Ekibuuzo:Okuwa buli muntu eddembe okutegeera Katonda n'okunoonya ekkubo erimutuusa gyali kwawukana kutya okuva kw'ekyo Baibuli ky'eyigiriza?** (Abantu abamu bagamba nti waliwo ekkubo limu eritutuusa ewa Katonda. Ekyo kikyamu.

Amakubo mangi ddala agakutuusa ewa Katonda; kubanga Baibuli egamba nti luliba lumu abantu bona baliyimirira mu maaso ga Katonda. Wabula ate Baibuli eyigiriza nti bwoba oyagala okuyingira mu ggulu, eryo ekkubo liri limu lyokka- okuyita mu Yesu Kristo yekka. Yesu agamba "Nze kkubo, n'amazima n'obulamu; tewali alituuka eri kitange okugyako ngayita munze [Yokaana 14:6].

#### Yesu ye ani?

#### Okusinzira ku Buhindu?

Yesu talina njawulo ku bantu balala bona. Obuhindu buyigiriza nti Katonda abadde nga ayambala omubiri emirundi mingi ddala. Yesu y'omu kwabo ababaddle bambala omubiri ne bafuuka abantu. Kiba kyangu omuhindu okukkiriza Yesu ng'owobwa Katonda n'okumusinza nga bw'oyinza okusinza omuyigiriza omulala yenna. Naye omuhindu talikkiriza nti Yesu ye Mwana wa Katonda yekka.

#### Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

*Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati: n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutaggwaawo! [Yokaana 3:16].*

#### **Ekibuuzo:Abakristaayo bo Yesu bamuyita batya?**

(Yesu ye Mwana wa Katonda yekka era ow'emirembe gyonna. Yesu Katonda ate era muntu. Atalina kibi yafa okununula abantu bona okuva mu bibi byabwe).

Abahindu bagamba nti enzikkiriza yaabwe eri waggulu w'Obukristaayo kubanga bo baguminkiriza olw'okuba bayigiriza nti waliwo amakubo mangi agatuusa eri Katonda n'obulokozi. Olw'endowooza eyo Omuhindu tasobola kugattako Yesu ku bakatonda baabwe olw'ebyo Yesu bye yeeyogerako eby'enjawulo. Yesu agamba, tewali aija eri kitange okuggyako ngayita mu nze "N'olwekyo Omuhindu tasobola kuguminkiriza Mukristaayo ng'Omukristaayo bwatasobola kuguminkiriza Muhindu.

Kiri kitya ku Busatu bwa Katonda?

Okusinziira ku Buhindu

Obuhindu nabwo bulina obusatu bwa Katonda okukiikirira Katonda ow'okuntikko ataliiimu ka buntu erinnya lye Brahmani:

1. Brahma (ono tomutabula na Brahmani) ono ye mutonzi.
2. Vishnu-onu nga ye muwanirizi w'ebintu
3. Shiva – ono nga ye muzikiriza.

Abahindu bangi basinza omu oba bona abasatu ku bakatonda bano.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

16 Awo Yesu bwe yamala okubatizibwa amangu ago n'ava mu mazzi; laba eggulu ne limubikkukira, n'alaba Omwoyo gwa Katonda ng'akka ng'ejjiba, ng'ajja ku ye.

17 Laba, eddoboobi liyima mu ggulu, nga ligamba nti Oyo ye mwana wange, gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo [Mattayo 3:16,17].

**Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku busatu bwa Katonda?**

(Katonda kitaffe, Katonda Omwana, Katonda Omwoyo omutukuvu benkana , era tebaggwaawo ye Katonda ow'amazima omu, naye ali mu bantu basatu).

Omuntu alina emmeeme ey'olubeerera?

Okusinziira ku Buhindu?

Kama ly'etteeka erifuga obulamu obwabulijjo. Buli ky'okola kiyinza okkukolera Kama ennungi oba embi. Obulamu bwonna buyita mu kuzaalibwa, n'okuddingana mu kuzaalibwa okumanyiddwa nga okwambala omubiri (re-incarnation). Buli kuzaalibwa kusinziira ku ngeri gye wazimbamu kama mu bulamu bwo emabega. Emmeeme yo eyinza okutandiika ng'ekisiringanyi era okuyita mu kufa n'okuddamu okuzaalibwa egenda erinnya omutindo okutuusa lw'efuuka omuntu. Emmeeme bwe mala okufuuka omuntu egenda mu maaso ng'egenda yeeyongerako eddaala ery'ekitiibwa buli lw'ezimba obulungi Kama okuyita mu bulamu obw'emabega). Emmeeme yeeyongera mu nkulungo ey'okuzaalibwa n'okuddamu okuzaalibwa okutuuka lwe waguza ne yeegatta ku Katonda atalikko kkomo ow'okuntikko n'efuuka ey'ensi yonna.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

11."Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu buli mu mwana we.

12 Alina Omwana alina obulamu; atalina mwana wa Katonda talina bulamu [1Yokaana 5:11,12].

**Ekibuuozo: Abakristaayo bakkiriza batya ku mmeeme y'omuntu ey'olubeerera?** (Omuntu alina emmeeme ey'olubeerera ng'enkomerero yaayo tesinziira ku nkulungo y'okuzaalibwa n'okuddamu okuzaalibwa eryoke efune obulokozi, naye obulokozi bwayo bwsigamye ku kirabo eky'obulamu obutaggwaawo okuyita mu Yesu Kristo).

Obukristaayo bugamba nti Katonda owa Baibuli yavunanyizibwa ku nsi; si Katonda atalina kabuntu oba amaanyi, naye ajjuppe okwagala, omuronzi ayagala okumanyibwa mu bantu era ng'asobola okuyita mu Yesu Kristo.

Kiri Kitya ku kibi?

Okusinziira ku Buhindu?

Olw'okuba nti buli muntu amaliriza afuuse Katonda, tewali kibi kisobola kumwawula kuva ku Katonda. Obuhindu bwo essira bulissa ku bikolwa. Okusonyiyibwa ebibi tekwetaagisa. Buli muntu alina obulamu bwa mirundi mingi ng'okuyita mu bwo oyiga ekyetaasa okwesumulula okuva mu kuddangamu okwambala omubiri ne yeegatta ku Brahmani. Ebyo eby'omuntu okulokolebwa okuva mu kibi tebiriyo.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

8 Bwe twogera nga tetulina kibi, twekamya fekka so nga n'amazima tegali mu ffe.

9.Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era mutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu [Yokaana 1:8,9].

**Ekibuuozo:Abakristaayo bakkiriza batya ku kibi?**

(Bwe twogera nti tewali kibi, tuba tukkirizza bulimba obwatugambibwa).

Omuntu afuna atya Obulokozi okusinzira ku bufirosoofo bw'Obuhindu.

Obuhindu obumanyiddwa bwawukana okuva ku Buhindu obw'obufirosoofo. Bwo bukolera nnyo mu bifaananyi. Omuntu ayinza okufuna obulokozi singa asinza ebifaananyi ebya bakatonda abangi, wonna okuva Katonda omukulu ow'okuntikko okukkira ddala kwabo aba wansi, okukira ddala ku bakatonda b'oku kyalo, ng'alina essuubi ery'okuwaguza okwegatta ne Katonda.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

35 Yesu n'abagamba nti Nze mmere ey'obulamu; aja gyendi enjala terimuluma, anzikiriza ennyonta terimuluma n'akatono [Yokaana 6:35].

**Ekibuuozo:Abakristaayo bakkiriza batya ku kufuna obulokozi?**

(Obulokozi kirabo kya Katonda ekijja olw'okukkiriza Yesu Kristo).

Ebitabo Ebitukuvu (Obuyinza)

Okusinziira ku Buhindu.

1. Ekitabo Yedasi: Kyawandiikibwa mu magezi ag'edda oluvannyuma lw'okuwulira obutereevu okuva eri Katonda. Tekirina kkomo ku biseera era kya lubeerera.
2. Ekitabo Upanishadsi: Eno nga ye nzivunula y'omuntu ey'ekitabo Yedasi. Okusoma ekitabo kino kuwa omuntu amagezi okufuna obulokozi.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.Baibuli: Endagaano Enkadde n'Empya.

Okuwumbawumba Obuhindu mu bufunze.

- Ekitabo Upanishadsi kiyigiriza nti buli kintu mu nsi kitundu ku Katonda.
- Buli kinti ekiramu era ekissa kirina emmeeme ey'olubeerera eyava era nga kitundu ku mmeeme ey'ensi yonna. Buli mmeeme egezaako okuddayo okwegatta. Ku mmeeme ey'ensi yonna kwe yava.
- Engeri yokka ey'okutuuka ku kino kwe kuyita mu kuddamu okwambala omubiri-mpolampola nga yeeyongera mu kumanya obulokozi okuyita mu bulamu obw'emirundi emingi okutuusa ng'evunnuse enkulungo ey'okufa n'okuddamu okuzaalibwa n'eddayo ku meeme ey'ensi yonna – ng'ettundo ery'amazzi bwe liddamu okwegatta ku nnyanja.

Engeri ey'okutuusa Obukristaayo bwa Baibuli ku muntu ow'enzikkiriza y'Obuhindu:

- Laga anti obulamu bulina amakulu n'ekigendererwa: kubanga ffe tuli mulimu gwe abaatondebwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye yasooka okuteekateeka ffe okubitambuliramu [Abaefeeso 2:10].
- Obuhindu buyigiriza nti Katonda abadde ayambala omubiri emirundi mingi okuyigiriza abantu amazima. Baibuli egamba *nti Katonda yayambala omubiri ogw'omuntu omulundi gumu gwokka mu Yesu Kristo, si kuyigiriza buyigiriza muntu, wabula okumuwa obukakafu obw'obulokozi olw'omulimu gwe yatukolera; Era nga yazlikibwa; era nga yazuukizibwa ku lunaku olw'okusatu ng'ebyawandiikibwa bwe byogera [1Abakolinso 15:4].*
- Nyweza engeri Yesu gye yeeyogerako eyenjawulo. Okuyita mu Yesu Kristo tulina obulamu obutaggwaawo, si nkulungo y'okuddangamu okwambala emibri okutakoma: Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu obwo buli mu mwana we.  
*12 Alina Omwana alina obulamu, atalina mwana wa Katonda talina obulamu [1Yokaana 5:11,12].*
- Laga nti okukkiririza mu kintu tekikufuula kuba mazima. Ng'olese ekya Obuhindu kye buyigiriza ,ekibi gye kiri. Era Yesu Kristo yekka y'alina eky'okuddamu eri ekibi.

Ebimu ku biwandiikkidwa mu kuyiga kuno byasimbilibwa mu bitabo;

- So What's the Difference, ekya Fritz Riderous, ekyafulumizibwa ba Real Books 1978.
- Cults, World Religious and the Occults ekya Kenneth Boa, ekyafulumizibwa ba Chariot Victor Publishing 1990.

**OMUSOMO # 17: ENJAWULO ERIWO WAKATI W'ABA MAMONA N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

Ku lubereberye waaliwo kigambo, kigambo n'aba awali Katonda [Yokaana 1:1].

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okulaga enjawulo eriwo wakati w'enzikkiriza ya Mamona n'Obukristaayo bwa Baibuli n'okuwa engeri gy'oyinza okubuulira Obukristaayo bwa Baibuli eri omugoberezi w'enzikkiriza ya Mamona.

Weetegereze:

Okuyiga kuno kutandika ku lukalala w'etuvuirako ku ddiini eziri mu nsi ne tuddako ku bangi ze bayita enjigiriza ez'Obukristaayo enkyamu oba ez'obulimba. Mamona, Yakuwa, Obukristaayo obwa Sayansi, nga zino zigwa mu kiti kino.

Enjigiriza zino zirondayooke ebyo byokka bye zaagala okuva mu kuyigiriza kwa Baibuli ne zibigatta mu njigiriza zaabwe. Wadde nga okuyigiriza kwabwe kufunayooke ebitundu eby'Obukristaayo era nga n'abakkiriza bawulikika ng'Abakristaayo, wabula okuyigiriza kwabwe kugaana amazima gennyini aga Baibuli n'olulimi lwe bakozesa. Ojakulaba, okugeza, aba Mamona boogera ku Katonda kitaffe, Katonda waabwe si yoyo Baibuli gw'eyigiriza. Kiwulikika ng'ekitabula? Kisingawooko, naye bulimba bwennyini. Awo nno we wali akabenje mu njigiriza zino ez'obulimba ng'abamu bwe baziyyita – enjigiriza enkyamu. Tujja kufuba okulaga okubuzaabuza kuno okuzirimu.

Wadde ng'ebiwandiikiddwa mu kuyiga kuno biyinza okuddamu ebibuuzo ebimu, kw'ebyo ebikulu enzikkiriza ya Mamona bw'ekkiriza, nzikkiriza omukisa ogw'enjawulo gw'olina leero kwe kukakasa ekibiina amazima g'Obukristaayo bwa Baibuli.

Bingi ebigiddwayo mu kuyiga kuno ggwe okufuna okumanya okumala. Nkusaba oleme kwanguiriza ng'oyita mu kuyiga kuno. Okuyiga kuno bwe kuba tekusobodde kuggwa mu lutuula lumu, osobola okukumaliriza mu luddako.

Ennyanjula

Enzikkiriza ya Mamona yatandika mu 1820, Yusufu Simithi, omuvubuka omuto mu bugwanjuba bwa New York bwe yakyalirwa Katonda Kitaffe n'Omwana , bano ababiri nga beeyawudde, ne bamugamba obuteegatta ku kkanisa yonna kubanga amakkanisa gonna mu biseera ebyo gaali ga bulimba. Baamugamba atandikewo ekkanisa ey'amazima.

Mu 1823, Yusufu ono y'afuna okukyalirwa okw'okubiri, nga mu kuno malayika ayitibwa Moroni y'amugamba ku byafaayo ebitukuvu ebyawandiikibwa Abaabbulaniya ab'edda mu Amerika, nga biri ku mayinja aga zaabu era byaziikkibwa mu lusozi olwali luliranyewo. Yusufu y'agambibwa nti yali wakulaga obuwandiike buno eri ensi ebumanye.

Yusufu y'afuna amayinja gano okuva eri malayika mu 1827, era nakyusa obuwandiike buno mu lungereza ng'akulemberwa omwoyo gwa Katonda ng'ogasseeko ebikozesebwa ebitukuvu ebyajja n'amayinja gano. Obuwandiike nga bumaze okuvvunulwa bwafulumizibwa mu 1830 ng'Ekitabo kya Mamona.

Ekkanisa ya Mamona emanyiddwa nnyo mu bantu, ng'essira erissa nnyo ku mpisa n'amaka amalungi. Naye wadde ng'aba Mamona nga bamanyiddwa olw'okolessa empisa ez'obuntu n'obulamu obulungi mu maka, okuyigiriza okw'ekkanisa ey'abatukuvu mu biseera eby'oluvannyuma tekukkiriziganya na kuyigiriza kwa Baibuli.

Mamona : Ekkanisa entuufu? [Abaebulaniya 1:1,2].

1. *Katonda edda bwe yayogereranga mu bitundu ebingi ne mu ngeri ennyingi eri bajajjaffe mu bunnabbi.*  
2 *mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogerera naffe mu mwana , gwe yassaawo okuba omusika wa byonna, era gwe yatonza ebintu byonna.*

Katonda ye ani?

okusinziira ku ba Mamona

- Katonda ali waggulu wa byonna mu nsi, naye ate bulijjo abadde takibeeramu ekifo ekyo. Mu mpolampola agezaako okufuna omutindo ogw'obwakatonda ng'ayita mu kubeera mu bulamu obutuukiridde.
- Katonda kitaffe alina omubiri n'amagumba.
- Adamu ye Katonda kitaffe, bali omu era bombi be bamu; "Adamu Kitaffe bwe yajja mu lusuku Edeni, yajja ng'ayambadde omubiri ogwa'waggulu, era y'aleeta ne Kaawa, omu ku bakazi be. Yayambako mu kuteekateeka ensi eno. Ye Mikayiri, malayika omukulu, ow'ennaku ez'edda ng'oyo abantu abatukuvu bamwogerako-oyo ye kitaffe era Katonda waffe, era Katonda yekka gwe tukola naye". Brigham Yonng, Journal of Discourse 1:50-51, April 9, 1852.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi [Lubereberye 1:1].

**Ekibuuzo: Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku Katonda?**

- Katonda Kitaffe, eyakola eggulu n'ensi yabeerawo mu butaggwaawo mu butuukirivu, tabeerangako aweebuuka mu maanyi wadde amagezi okusinga leero.
- Katonda Mwoyo, Katonda gwe mwoyo; n'abo abamusinza kibagwanira okusinza mu mwoyo n'amazima. Talina mubiri wadde amagumba.
- Adamu ye muntu eyasooka okutondebwa era tabangako Katonda.

Yesu ye ani?

Okusinziira ku ba Mamona

- Yesu taata wa Adamu. "Maliyamu embeerera bwe yafuna olubuto lw'omwana Yesu, teyazaalibwa Mwoyo Mutukuvu...Yesu muganda waffe omukulu , yazaalibwa mu mubiri mu mbala y'emu eyali mu lusuku Edeni (Taata Adamu). Brigham Young, Journal of Discourses 1:50-51.

- Yesu ne sitaani, ng'abamu ku ffe, gyali mwoyo gya luganda era abatabani ba Katonda, ng'omwoyo gwa Yesu tegunaweebwa mubiri Maliyamu mu Beserekemu. Yesu ne sitaani baavuganya olw'okufuna omukisa ogw'okutwala omubiri okusobola okufuuka omununuzi, wabula Yesu okuvuganya kuno na kuwangula "Yusufu Smith, Pearl of Great Price, Ekitabo kya Musa 4:1-4.
- Oluvannyuma lw'okufuna omubiri n'omusaayi, Yesu yayimusibwa okufuuka Katonda era ayitibwa "Muganda waffe omukulu" era y'omu ku bakatonda abangi.
- Kristo yawasa abakazi babiri abayitibwa Maliyamu ne Maliza era yazaala abaana singa teyazaala baana teyandiyimusiddwa kutuuka ku ddala lya bwakatonda okusinziira ku ndowooza ya Mamona.
- Yesu si wanjawulo nnyo okuva ku bantu abalala. Taggwaaawo, naye era n'emyoyo gy'abantu gyonna tegiggwaawo mu ngeri y'emu.

#### Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

Oyo kye kifaananyi kya Katonda atalabika, omubereberye ow'ebitone byonna [Abakkolosaayi 1:15].

**Ekibuuzo : Abakristaayo bo Yesu bamuyita ani?** (Yesu Kristo abadde waali okuviira ddala mu butaggwaawo nga Katonda, ow'okubiri mu busatu bwa Katonda, natwala omutindo ogw'obuntu mu kuzaalibwa kwe mu Beserekemu. Okuva kw'olwo ali mu butaggwaawo ng'omuntu omu alina embala ya Katonda n'ey'obuntu).

#### Kiri kitya ku Busatu bwa Katonda?

#### Okusinziira ku bu Mamona

- Katonda omu (Katonda – Taata) ali waggulu wa bakatonda abalala abali mu nsi.
- Taata n'Omwana buli omu alina omubiri.
- Omwoyo Omukutuku talina ka buntu wabula mafuta agafukibwa ku bantu ssekinoomu mu bigera eby'enjawulo.

#### Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

Naye omubeezi bw'alijja, gwe ndibatumira ava eri Kitange, Omwoyo ow'amazima, ava eri Kitange, oyo alitegeeza ebyange [Yokaana 15:26].

**Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku Busatu bwa Katonda?** (Katonda kitaffe, Katonda Omwana, Katonda Omwoyo Omukutuku, bonna benkana era babeerawo emirembe gyonna awamu ye Katonda omu ow'amazima mu busatu). Wadde nga Taata, Omwana, Omwoyo Omukutuku-basatu, bakola Katonda omu.

#### Omuntu alina emmeeme ey'olubeerera?

#### Okusinziira ku ba Mamona:

- Abantu bona n'emyoyo, ng'otwaliddemu Yesu ne Sitaani baaliwo ng'emyoyo nga tebannazaalibwa. Okuzaalibwa okw'omubiri n'abo kwabambaza emibiri, awamu n'okubawa omukisa okusalawo ekituufu n'ekikyamu.
- Abantu bona baligenda mu limu ku ggulu ery'emirundi esatu.

Abatali bakkiriza bo baligenda mu ggulu ery'eddaala erisooka (erya wansi). Bannaddiini nebonna abatali kitundu ku nzikkiriza ya Mamona baligenda mu ggulu ery'okubiri (lye liddako awo).

Awo nno ab'enzikkiriza ya Mamona abalungi bo baligenda mu ggulu ery'eddaala ery'okusatu (eryo lye lisngayo okuba waggulu). Empeera esingayo okuba eya waggulu kwe kufuuka Katonda era n'ofugira ku ssemazinga omulala n'amaka go.

#### Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

Era bangi ku abo abeebaka mu nfuufu ey'oku nsi balizuukuka, abamu eri obulamu obutaggwaawo, era n'abamu eri ensonyi n'okunyoomebwा okutaggwaawo [Danyeri 12:2].

#### **Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku mmeeme y'omuntu ey'olubeerera?**

- Emmeme y'omuntu eba teriyo emabega ng'omuntu tannabeera ku nsi. Ekyo Baibuli terina w'ekiyigiriza.
- Abantu bulijo balibeera wansi wa Katonda. Tuyinza okumufaanana mu mpisa mu ggulu, naye tetulifuuka nga ye mu butabaako kkomo mu busobozi oba okumanya. Baibuli terina ky'eyogera ku kuijuza ensi endala abantu.

#### Kiri kitya ku kibi?

#### Okusinzira ku ba Mamona?

- Okugwa kw'omuntu kwali kulungi era kwali kwetaagisa. Omuntu yalina okujemera erimu ku mateeka ga Katonda (Temulyanga ku Kibala) olwo nno asobole okugondera eddala (muzaale mwale).
- Tewali kibi kisikire okuva eri Adamu, n'abaana bazaalibwa nga tebaliko musango okutuusa nga bakuze okutuuka ku myaka egy'okuwa embalirira olw'ebibi.

#### Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

Laba, nze natondebwa mu bibi; ne mu kwonoona mmange mwe yanzaalira [Zzabbuli 51:3].

#### **Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku bikwata ku kibi?** (Omuntu azaalibwa nga mufu mu bulamu obw'omwoyo era obuzaaliranwa bwe kibi – ekisikire okuva mw'ekyo Adamu kye yakola).

#### Omuntu afuna atya Obulokozi?

#### Okusinziira ku ba Mamona.

- Obulokozi mu bwakabaka bwa Katonda weebuli olw'omusaayi gwa Yesu Kristo. Naye bufunibwa olw'okukkiriza, okwenenya, okubatizibwa n'okulemerako ng'okuma amateeka (okuva mu kitabo kya Mamona).
- Okusonyiyibwa ebibi kubeerawo oluvannyuma lw'okubatizibwa omu ku bakabona abakakasiddwa ab'enzikkiriza ya Mamona.

#### Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

Kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwava gye muli; kye kirabo kya Katonda; tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyimirizanga [Abaefeeso 2:8,9].

Ekibuuozo.Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku kufuna obulokozi? (Obulokozi kye kirabo kya Katonda ekijja olw'okukkiriza Yesu Kristo). Tetusobola kubeera mu bulamu bulungi ekimala okusobola okutuuka ku mutindo gwa Katonda ogw'obutukuvu. Tufuna obulokozi lwa kukkiriza omulimu Yesu gwe yatukolera ku musaalaba, so si lwa bikolwa byaffe. Okubatizibwa n'okubeera mu bulamu obutukuvu bikolwa bya kugondera Katonda, naye si engeri ey'okufunamu obulokozi.

### Ebitabo Ebitukuvu (Obuyinza)

#### Okusinziira ku ba Mamona.

Tukkiriza Baibuli okuba ekigambo kya Katonda, kasita kiba nga kyakyusibwa bulungi; era tukkiriza ekitabo kya Mamona okuba ekigambo kya Katonda.

- Baibuli
- Ekitabo kya Mamona
- Enjigiriza n'Endagaano: Yusufu Smith yakyalirwa emirundi egiwerako ababaka okuva mu ggulu, abo nga baamwawula mu bwakabona obw'amazima. Yeeyongera mu maaso okufuna okubikkulirwa okuva eri Katonda okulungamya ekkanisa era n'okumuwa okweyongera okumanya kw'enjiri. Bingi mu kubikkulirwa kuno byafulumizibwa mu kitabo: Enjigiriza n'Endagaano.
- Ekkula Ery'Omwendu Omungi (The Pearl of Great Price).

#### Okusinzira ku Bakristaayo ba Baibuli.

Temwongeranga ku kigambo kye mbalagira, so temukisangako , mukwatenga ebiragiro bya Mukama Katonda wammwe bye mbalagira (Ekyamateeka 4:2).

#### **Ekibuuozo: Abakristaayo bakkiriza batya ku Baibuli?**

- Baibuli kye kigambo ekyalungamizibwa Katonda.
- Baibuli yokka y'erina obuyinza.
- Okugatta ebirala ku Baibuli tekikkirizibwa
- Yusufu Smith tamanyiddwa nga nnabbi.

#### Ebirowoozo engeri gy'oyinza okubuulira amazima g'Obukristaayo bwa Baibuli eri ow'enzikkiriza ya Mamona.

- Laga nti okuyigiriza kw'enzikkiriza ya Mamona tekukwatagana na Baibuli. Era basoomooze bageregeranye okuyigiriza kwa Baibuli n'enjigiriza ya Mamona.
- Jjukira nti aba Mamona bakkiriza nti okufa kwa Yesu Kristo kusasulira ebibi ebyo byokka eby'emabega-wabula si bibi byonna omulundi gumu. Tewali muntu wa Mamona yenna asobola okufuna obulamu obutaggwaawo mu Kristo. Enkola yaabwe ey'ebikolwa ebaleetera obutaba na bukakafu. Endagaano Empya eraga bulungi nti obukakafu bw'obulokozi buli ku kwsigama ku mulimu Yesu gwe yamala okutukolera.

Ddala Ekklesia ya Mamona ntuufu?

Tukkiriza Baibuli okuba ekigambo kya Katonda kasita kiba kyakyusibwa bulungi; era tukkiriza ekitabo kya Mamona okuba ekigambo kya Katonda . (Okuva mu byawandiikibwa bya Mamona).

Ekitabo kya Mamona

Abantu bangi abeenyigira mu kuwandiika ekitabo kya Mamona okuvira ddala mu mwaka 600 nga Yesu si muzaale (BC) okutuusa mu 428 nga Yesu azaaliddwa (AD). Okusinziira ku kitabo kya Mamona:

- Ekibinja ky'Abayudaaya baalabulwa Katonda ku kutwalibwa mu bunyage bwa Babulooni okwali kunaatera okubaawo era ne basala oguyanja guno ogwa Pasifikasi ne bayingira mu maserengeta ga Amerika.
- Abayudaaya bano beeyawulamu amawanga abiri; Abanefayiti, n'Abalamayiti (Abalamayiti baali baakolimirwa kwe kuba abaddugavu olw'ekibi era be baasibukamu abayitibwa Abayindi abamyufu).
- Abanefayiti baawkata obunnabbi obw'okujja kwa Yesu Kristo n'okukyala kwe mu maserengeta ga Amerika oluvannyuma lw'okuzuukira kwe .
- Abanefuyiti bano nga tebannattibwa mu lutalo n'Abalamayiti, Mamona eyali Omunefayiti yali akunganyiza wamu okubikkulirwa okw'obwakatonda okw'ekitabo kya Mamona, era mutabani we; Moloni yatwala amayinja gano aga zaabu okwali kuwandiikkidwa okubikkulirwa n'agaziika. Amayinja gano gaalabibwa oluvannyuma lw'emyaka 1400 mu New York omwami ayitibwa Yusufu Smith , eyagakyusa. Amayinja gano gaali gawandiikkidwako ebigambo mu mpandiika y'e Misiri ey'Obuaananyi ennongoseemu, eno Yusufu Smith bye yasobola okuvunula ng'akozesa galubindi ez'obufuusa.

Okusoma ku Byafaayo by'Ekitabo kya Mamona.

- Ebyafaayo mu bujuvu n'obugunjufu nga bwe biwandiikkidwa mu kitabo kya Mamona tebirina we bikwatagana n'ebyo ebivumbulwa abanoonyereza ku by'edda wonna mu Amerika.
- Abantu abali mu kitabo kya Mamona, bagambibwa okuba nga baali Bayudaaya wawu abaali abakwasi ennyo ab'amateeka ga Musa, naye mu kitabo kya Mamona, tebalina we balagibwa nga bakwata amateeka ga Musa, wadde okugamanya obulungi.
- Bingi ku byafaayo ebisangibwa mu kitabo kya Mamona byali bimaze okulabikako mu buwandiike mu 1825 (ku ndowooza y'Abaebbulaniya) emyaka ebiri emabega nga Smith tannaba kufulumya kitabo kya Mamona.

Okusoma n'obwegendereza okw'akazikiza akalabikira mu kitabo kino kwa leetera omu ku baweeereza mu kkanisa ya Mamona okuwunzika ng'agamba nti obukakafu bulaga ekitabo kya Mamona nga tekirina buwandiike bw'edda ennyo wabula byali birooto bya Smith nga byesigamye kw'ebyo bye yali amaze okusoma mu kitabo ekyasooka.

- Abantu abo bokka abagamba okuba nga baalaba ku mayinja gano aga zaabu gye mikwano gya Smith gi nfanfe ekkumi n'omu (nga bangi kubo baalina oluganda ne bannaabwe). Tewaali muntu yenna owe bbali eyakkirizibwa okugalabako.
- Wadde ng'ekitabo kya Mamona kyaziikibwa mu 428 nga Yesu azaaliddwa (AD), ekitabo kino kirina ebigrando 25,000 nga biwandiikkidwa kigambo ku kigambo okuva mu nzivvumula ya kabaka Yakobo eya Baibuli.

- Etendekero "Iya Smith erikola kubifulumizibwa mu kitabo kya Mamona bakakasa nti Ekitabo kya Mamona kijjudde ebyo bye yafumintirizanga nga ye. Kino kye kimu ku kitundu ekyaggyibwa mu bano abakola ku bifulumizibwa "Abakola ogw'okunoonyereza eby'edda bagamba nti tebalabawo kakwate konna wakati w'okunoonyereza okw'omulembe guno n'ebyo ebiwandiiikiddwa mu kitabo".
- Ennongosereza ezissuka mu nkumi ebbiri zaakolebwa mu kitabo kya Mamona okuvira ddala 1830, Smith bwe yagamba nti enzivunula eno yamuweebwa Katonda. Naye ate ekitabo kino kikalina ensobi, okukubaganza empawa, n'obunnabbi obw'obulimba.
- Bingi mu biyigirizibwa nga byali bisomesebwa mu kkanisa ya Mamona, era nga bitwalibwa okuba omusingi, ebikulu era eby'obutaggwaawo balekedde awo okubiyigiriza.
- Aba Mamona bakkiriza enzivunula eya Kabaka Yakobo "kasita eba nga evvunuddwa bulungi" naye omanyira ku ki nti evunuddwa bulungi? Ki ekisalawo okuvunula kuno, ebiyigirizibwa mu ba Mamona? Bw'eba nga enjigiriza ya Mamona eyawukana ku biwandiikiddwa mu Baibuli, ebyo ebiwandiiikiddwa biba tebyavunulwa bulungi. Ate ng'ebiwandiikiddwa mu nzivunula ya Kabaka Yakobo bikirizibwa awatali kukusaamu kwonna.
- Yusufu Smith yeeyita nnabbi era emirundi mingi yalagulanga kubigenda okubaawo mu biseera eby'omu maaso "olw'amaanyi ga Katonda". Bungi ku bunnabbi bwawandiikibwa mu kitabo ky'enjigiriza n'Endagaano. Ky'enkana ku bwonna tewali bwali butuukiridde.
- Bangi ku bannabyafaayo bya Mamona bagobeddwa okuva mu kkanisa ng'omutawaana kusibuka kw'ebyo bye bazuula mu kunoonyereza kwabwe ku bituufu ebikwata ku byagaafayo bya Mamona.

Ebimu ku biwandiikiddwa mu kuyiga kuno bigiddwa:

- Dr.John Beclitte, Eden communications [www.ChristianAnswers.Net](http://www.ChristianAnswers.Net), 1998.
- Richard Packham, [www.exmormon.Org](http://www.exmormon.Org), 1997
- So Whats the Difference by Fritz Ridenous ekyafulumizibwa ba Regal Books, 1979.
- Cults , World Religious and the Ocult, by Kenneth Boa, ekyakubibwa ba Chariot Victor publishing , 1990.

**OMUSOMO # 18: ENZIKKIRIZA YA YAKUWA N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero

*Tomasi n'addamu n'amugamba nti ggwe Mukama wange, era Katonda wange.  
[Yokaana 20:28].*

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okutangaaza ku njawulo eriwo wakati w'enzikkiriza ya Yakuwa n'Obukristaayo bwa Baibuli n'okuwa ebirowoozo ku ngeri y'okubuulira Obukristaayo bwa Baibuli eri omugoberezi w'enzikkiriza ya Yakuwa.

Weetegereze: Okuyiga kuno kwongerayo olukalala lw'ezo abangi ze bayita enjigiriza z'Obukristaayo enkyamu oba ez'obulimba, Yakuwa nga bwe kiri ku Mamona n'Obukristaayo bwa Sayansi nayo egwa mu kitiki.

Bino ebityitiba ebibiina by'Obukristaayo birondamu ebyo bye byagala okuva mu Bukristaayo bwa Baibuli ne bibigatta mu kuyigiriza kwabyo. Naye wadde nga mu kuyigiriza kwabwe bayigirizaamuko Obukristaayo, ate nga ebiseera ebimu bivuga ng'Obukristaayo mu kuyigiriza kwabwe beegaanira ddala amazima, amakulu n'olulimi nga bwe bikozesebwu mu Baibuli. Nga bwonoolaga, okugeza, aba Yakuwa bwe boogera ku Yesu Kristo. Yesu waabwe talina wonna wafaananira kw'ekyo Baibuli ky'eyigiriza kuYesu. Bibuzaabuza! Tebikoma mu kubuzaabuza, naye bulimba bwennyini. Waliwo akabenje kanene mu njigiriza zino. Tujja kukola kyonna ekisoboka okulaga wonna awali enzikiza mu bibiina bino.

Wadde ng'ebiwandiikiddwa mu kuyiga kuno bisobola okuddamu ebibuuzo kw'ebyo ebikulu ab'enzikkiriza ya Yakuwa bye bakkiriza , twala omukisa guno leero gw'olina okukakasa ekibiina amazima g'Obukristaayo bwa Baibuli. Waliwo bingi eby'okumanya mu kuyiga kuno, nsaba oleme kwanguiriza mu kubiyitamu. Bwe biba nga tebiwedde mu lutuula lumu, musobola obitandikirako mu lutuula oluddako.

Ennyanjula.

Abantu batono nyo, ng'otwaliddemu n'Abakristaayo ba Baibuli abamanyi ennyo ebyo ebikwata ku ba Yakuwa bye bakkiriza. Wabula ebyo bye bakkiriza byawukana nyo ku Bukristaayo bwa Baibuli. Aba Yakuwa batwala okubaganya ebirowoozo okuba okwa waggulu ennyo ku kuyigiriza kwa Baibuli. N'olwekyo, kyonna ekisangibwa mu byawandiikibwa kasita kibalema okutegeera nga bakigaana. Ebimu ku bye batakkiriza;

- Nti Yesu Kristo Katonda
- Nti Omwoyo Omutukuv Katonda,
- Okuzuukira kwa Yesu mu mubiri.

Aba Yakuwa bo bakkiriza nti enteekateeka y'enzikkiriza yaabwe erina ekitebe kyayo ekya Watch Tower Bible and Tract Society, kye kifo kyokka amazima agakwata ku Katonda gy'osobola okugafuna. N'olwekyo , aba Yakuwa bakkiriza buli kyonna ekiva ku kitebe kya Watch Towers Society awatali kubuuza.

Aba Yakuwa, balina ebintu bye bakkiriza nga bituufu, ate bwe batuuka ku bulamba bw'omulamwa ne bawaba.  
[Yokaana 20:19-29].

19 Awo ku lunaku luli akawungeezi, ku lunaku olusooka mu nnaku omusanvu, enzigi bwe zaali nga ziggaddwawo abayigirizwa mwe baali,n'olw'okutya Abayudaaya, Yesu n'ajja, n'ayimirira wakati mu bbo, n'abagamba nti Emirembe gibe mu mmwe.

20 Awo bwe yamala okwogera bwatyo, n'abalaga engalo ze n'embiriizi ze. Abayigirizwa ne basanyuka, bwe baalaba Mukama waabwe.

21 Awo Yesu n'abagamba nate nti emirembe gibe mu mmwe; nga Kitange bwe yantuma nze, nange bwentyo mbasindika mwe.

22 Bwe yamala okwogera ekyo, n'abassiza omukka, n'abagamba nti mutoole Omwoyo Omutukuvu;

23 be munaggyangako ebibi bona, ba ggibwako; be munaasibiranga ebibi bona, basa birwe.

24 Naye Tomasi omu ku kumi n'babiri eyayitibwanga Didumo, teyali nabo Yesu bwe yajja.

25 Awo abayigirizwa abalala be bamubuulira nti tulabye Mukama waffe. Naye n'abagamba nti bwe ssiriraba ku bibatu bye ne nzisa enkovu z'enninga, ne nsonseka omukono gwange mu mbirize ze, sirikkiriza n'akatono.

26 Oluvannyuma nga wayiseewo ennaku munaana, ate abayigirizwa be baali munda, ne Tomasi ng'ali nabo, Yesu n'ajja, enzigi nga ziggaddwawo, n'ayimirira wakati mu bo n'agamba nti emirembe gibe mu mmwe.

27 Awo n'agamba Tomasi nti leeta wano olunwe lwo olabe ebibatu byange; era oleete n'omukono gwo ogusse mu mbirizi zange; oleme okuba atakkiriza naye akkiriza.

28 Tomasi n'addamu n'amugamba nti ggwe Mukama wange, era Katonda wange.

29 Yesu n'amugamba nti kubanga ondabye, kyovudde okkiriza; balina omukisa abakkiriza nga tebaliko kye balabye.

### Katonda ye ani?

Okusinziira ku nzikkiriza ya Yakuwa.

Yakuwa ye Mutonzi yekka, Omuanirizi wa byonna, era Omulokozi yekka.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

2 Katonda n'ayogera ne Musa, n'amugamba nti NZE YAKUWA.

3 nalabikira Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo, nga Katonda omuyinza w'ebintu byonna, naye mu linnya lyange YAKUWA [Okuva 6:2,3].

**Ekibuuzo: Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku Katonda?** (Ye Katonda omuyinza w'ebintu byonna, Mukama Katonda, ye Katonda kitaffe, omuva ebitonde byonna, era abaddewo emirembe gyonna ne Katonda Omwana ne Katonda Omwoyo).

Enzivunulu ey'ensi Empya (nga ye Baibuli y'aba Yakuwa ) ekозesa erinnya lya Yakuwa ku Katonda. Aba Yakuwa bakkiriza nti lino lye linnya lyokka erya Katonda.

Ate nga erinnya lino teryakozesebwa ku Katonda mu byawandiikibwa ebyasooka. Yakuwa linnya oba kitiiuba kya Katonda, eritegeesa nti "Mukama" okugeza; Mukama omugabirizi, Mukama ow'emirembe.

Mu kuddamu ebingi ebyogerebwa aba Yakuwa nga bageezaako okukakasa, ng'ekikulu mu byonna nti eriyo YAKUWA yekka, era ye yekka ye Katonda. Obukakafu buli nti Yesu Katonda era yazuukira mu mubiri. N'olwekyo, tuja kutwala ekitundu ekiwerako mu kuyiga kwaffe okwa leero nga tutunuulira amazima gano eg'emirundi ebiri.

Yesu Kristo ye ani?

Okusinziira ku ba Yakuwa?

Yesu Kristo ye yasooka okutondebwa Yakuwa era Yakuwa yakozesa Kristo okutonda buli kimu. Yesu Kristo yali musajja atuukiridde. Wabula nga tannayingira mu bulamu buno obw'oku nsi , Yesu ye yali malayika omukulu Mikayiri. Kristo bwe yajja ku nsi, yayambulwa ekitiibwa ky'obwa Malayika n'afuuka omuntu. Yesu teyazuukira mubiri wabula omwoyo. N'olwekyo, Yesu talikomawo mu mubiri wabula mu mwoyo. Yesu yali era bulija ajja kusigala wansi wa Yakuwa. Yakuwa ne Kristo tebenkanankana.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

.....Katonda omukulu ow'amaanyi, Mukama ow'eggye lye linnya lye [Yeremiya 32:18].

**Ekibuuzo:Abakristaayo Yesu bamuyita ani?** (Yesu Kristo mu Ndagaano Empya ye Yakuwa mu Ndagaano Enkadde). Yakuwa likozesebwa mu Baibuli ku Katonda kitaffe ne Katonda omwana. Wadde nga bantu banjawulo naye bombi buli omu asobola okuyitibwa Yakuwa kubanga bombi awamu ye Katonda.

Obwakatonda bwa Kristo buyigirizibwa mu byawandiikibwa.

Kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu olirokoka [Baruumi 10:9].

Bw'oba ojjukira , erinnya Yakuwa litegeeza "Mukama". Ekigambo ekikozesebwa ku Mukama mu lunyiriri lwe twakasoma mu luyonaani kye kimu ekikozesebwa ku Yakuwa mu Ndagaano Enkadde bwe yasooka okuvunulwa okuva mu lw'ebbulaniya okugiza mu Luyonaani. Kristo ayitibwa Mukama emirundi egissuka mu bitaano mu Ndagaano Empya, wabula ab'enzikkiriza ya Yakuwa kino baagaana okikkiriza.

**Ekibuuzo:Lwaki Abakristaayo bakkiriza nti Yesu Kristo Katonda? Kubanga;**

- Obubonero bw'embala ya Yesu bumulaga nti Katonda: Yesu amanyi byonna, talina kibi, taggwaawo, ate takyuka. Katonda yekka yalina embala eno.
- Emirimu gyi Yesu gimulaga nti Katonda: alina obuyinza okusonyiwa ebibi, agaba obulamu obutaggwaawo, alamula ensi, era yafuga obutonde bwonna. Katonda yekka yasobola okola ebyo.
- Kristo yakkiriza okusinzbwa nga Katonda, bamalayika n'abantu basinza Yesu, ate nga Katonda yekka yalina okusinziibwa.
- Yesu yenyini agamba nti Katonda yekka yagwanidde okusinza, wabula ate ye yakkiriza okumusinza.

- Yesu yaliwo ng'okutondebwa tekunnabaawo. Oyo kye kifaananyi kya Katonda atalabika, omubereberye ow'ebitonde byonna; kubanga mu oyo ebantu byonna mwebyatondebwa..... [Abakkolosaayi 1:15,16]. Aba Yakuwa bagamba nti Katonda ye yatonda Yesu. Yesu tatondebwa naye ye mubereberye ekitegeeza omusika; Kristo ye musika wa byonna.
- Yesu Kristo yenkana ne Katonda: Yesu bw'agamba "Nze ne kitange tuli omu [Yokaana 10:30]. Aba Yakuwa bo bakkiriza nti kino kitegeeza nti Kristo ne Katonda bali bumu mu kigendererwa, naye si mu butonde n'obukulu. Ate ng'Abayudaaya abakomerera Yesu bakitegera nti Yesu yeeyogerako nga Katonda. Yesu yeeyogerako nga Katonda so si kuba bumu mu kigendererwa okugaana nti Katonda teyafuuka muntu nti era yawaayo obulamu bwe okuba ssaddaaka olw'ebibi byaffe. Aba Yakuwa balina okukyusa ebitundu ebiwerako mu byawandiikibwa.

Okuzuukira kwa Yesu.

Naye kaakano Kristo yazuukizibwa mu bafu, gwe mwaka omubereberye ogw'abo abeebaka [Abakkoliso 15:20]. Okusinziira ku ba Yakuwa , Yesu yazuukizibwa ng'omwoyo, si mu mubiri. Omusajja eyali Yesu ye mufu. Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli, Yesu yazuukira mu mubiri. Baibuli bw'egamba:

36 Basserkale nabo ne bamuduulira nga bajja wali, nga bamuwa omwenge omukaatuufu, 37 nga bagamba nti oba nga ggwe kabaka w'Abayudaaya, weerokole wekka. 38 Ne wabaawo n'ebbaluwa waggulu we nti ONO YE KABAKA W'ABAYUDAAYA. 39 Omu ku abo abaakola obubi abaawanikibwa n'amuvuma ng'agamba nti si ggwe Kristo? Weerokole wekka nange. 40 naye ow'okubiri n'addamu n'amunenya, n'agamba nti n'okutya totya Katonda, kubanga oli ku kibonerezo kye kimu naye? 41 Era ffe twalangibwa nsonga; kubanga ebisaanidde bye twakola bye tusasulibwa; naye ono takolanga kigambo kyonna ekitasaana. 42 N'agamba nti Yesu, onjijukiranga bw'olijjira mu bwakabaka bwo. 43 Yesu n'amugamba nti mazima nkugamba nti leero onooba nange mu lusukku lwa Katonda. 44 Awo obudde bwali butuuse essaawo nga mukaaga, ne waba ekizikiza ku nsi yonna okutuusa essaawa mwenda. 45 enjuba obutayaka; n'egigi ery'omu yeekaalu ne liyulikamu wakati. 46 Awo Yesu n'ayogera n'eddoboazi ddene, n'agamba nti kitange nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo [Luuka 24:36-46].

Ab'enzikkiriza ya Yakuwa tebasobola kunnyonnyola ki ekyaba ku mubiri gwa Yesu. Naye olw'okuba nti bagaana okukkiriza ekintu kyonna kyebatasobola kunnyonnyola, okuzuukira kw'omubiri kusigala nga kyama ekikweekeddwa eri abantu bano. Naye amazima gasigala nga galaga nti Yesu Kristo yazuukira mu mubiri okuva mu bafu era mulamu leero.

Kiri kitya ku Busatu?

okusinziira ku nzikkiriza ya Yakuwa?

Olw'okuba aba Yakuwa tebasobola kutegeera busatu okusinziira ku ndowooza y'amagezi, bagaana Omwoyo Omutukuvu okuba Katonda, era teyenkana na Yakuwa. Omwoyo Omutukuvu maanyi era talina mbeera yonna ya buntu era si muntu. Mu ngeri y'emu kubanga waliwo Yakuwa Katonda omu, bagaana Yesu Kristo okuba Katonda. N'olwekyo, aba Yakuwa bo bagaanira ddala amazima g'Abakristaayo ba Baibuli aga Katonda kitaffe, Katonda Omwana, ne Katonda Omwoyo Omutukuvu.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

Naye omubeezi bw'alijja, gwe ndibatumira ava eri kitange, Omwoyo ow'amazima, ava eri kitange, oyo alitegeeza ebyange [Yokaana 15:26].

(Katonda kitaffe, Katonda Omwana, Katonda Omwoyo Omutukuvu benkana, ye Katonda ataggwaawo ow'amazima, naye ng'ali mu busatu).

Ddala Omuntu Alina emmemme ey'olubeerera?

Okusinziira ku nzikkiriza ya Yakuwa?

Omuntu talina mmeeme ya lubeereera era emmeeeme teyawukana na mubiri. Era aba Yakuwa bakkiriza nti teri ggeyeena. Okusinziira ku bo tetegeerekeka era eyawukana n'okwagala kwa Katonda.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

Ne bano baligenda mu kibonerezo ekitaggwaawo; naye abatukkirivu baligenda mu bulamu obutaggwawo [Mattayo 25:46].

**Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku mmeeme y'omuntu ey'olubeereera?** (Omuntu alina emmeeeme ya lubeereera, ebeerawo n'olvanyuma lw'okuva mu mubiri omuntu ng'afudde). Aba Yakuwa bo bagamba nti tewali ggeyeena, wabula kino kinaabula amazima ga Baibuli n'obulabe obw'ekibi n'obutukuvu bwa Katonda obutabeera wamu na kibi.

Kiri kitya ku kibi?

Okusinziira ku nzikkiriza ya Yakuwa?

Yesu bwe yafa ku musalaaba, kwali kufa ng'okw'omuntu era okufa kw'omuntu tekumala okubeera ssaddaaka okutangirira ebibi by'ensi. Okufa kwa Yesu ku musaalaba kwaggyawo ebyo ebiva mu kibi kya Adamu olwonno omuntu n'abeera mu kifo ekimusobozesa okukolerera obulokozi bwe ku lulwe.

Okusinzira ku Bakristaayo ba Baibuli

*Kale bwe kityo ng'olw'okwonoona kw'omuntu omu omusango bwe gwasinga abantu bona bwe kityo n'olwobutuukirivu bw'omu ekirabo kyalikubantu bona okuweesa obutuukirivu bw'obulamu . [Abaruumi 5:18].*

**Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku kibi?** (Abantu bona baasikira obuzaalirwanwa bwa Adamu obw'ekibi era nga bafu mu mwoyo. Eno ye mbeera etuleetera okwawukana ne Katonda era y'ensonga lwaki twetaaga omulokozi).

Omuntu afuna atya obulokozi?

Okusinziira ku nzikkiriza ya Yakuwa?

Aba Yakuwa bamanyiddwa olw'okukonkona ku miryango gy'abantu nga ba baategeeza ebikwata ku nzikkiriza yaabwe. Kino bakikola n'amaanyi kubanga baba bakolerera okufuna obulokozi. Tebakiririza mu ggeyeena kale tewali kibaleetera kutya kibonerezo kya lubeerera.

Bo kye batya kwe kulemwa okutuuka ku mutindo gwa Katonda ogw'obulokozi. Abo abalemwa okutuuka ku mutindo guno baba bakuttibwa; emmeeme zaabwe zirekeere awo okubeerawo. Engeri yokka ey'okuwonamu kwe kunyiikira okuyigiriza enjigiriza ya Yakuwa.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli

*Ddala ddala mbagamba nti awulira ekigambo kyange, n'akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggwawo, so talija mu musango, naye ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu [Yokaana 5:24].*

**Ekibuuzo:Abakristaayo bakkiriza batya ku kufuna obulokozi?**

(Obulokozi kirabo ekiva eri Katonda nga kijja lwa kukkiriza Yesu Kristo). Tetusobola kubeera balungi kimala mu bulamu okusobola okutuuka ku mutindo gwa Katonda ogw'obutukuvu. Tuja eri obulokozi lwa kukkiriza mulimu gwa Kristo, so si lwa bikolwa byaffe. Okubeera mu bulamu obutukuvu kiba kikolwa kya kugonda, so si ngeri ya kufuna bulokozi.

*Abo abakkiriza Yesu okuba omulokozi waabwe bafuna obulamu obutaggwaawo. Baibuli egamba nti naye bona abamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye [Yokaana 1:12].*

Ggwe nange tulina omulundi gumu mu obulamu buno okukkiriza Yesu tulyoke tufuuke abaana ba Katonda. Tewali mukisa mulala gwonna ng'aba Yakuwa bwe bayinza okugamba. Era abo abalondawo okugaana Yesu Kristo balindiridde kibonerezo kya lubeerera. Era omuntu yenna ataalabika ng'awandiikkidwa mu kitabo eky'obulamu, n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro [Okubikkulirwa 20:15].

Ebitabo ebitukuvu.

Okusinziira ku nzikkiriza ya ba Yakuwa

Baibuli (eri Enzivunula ey'Ensi Empya). Wabula ekitabo kyennyini eky'obuyinza eri aba Yakuwa ye nzivunula yaabwe ey'ebyawandiikkibwa. Ebiwandiiko n'enjigiriza ya Yakuwa bye bikola nga enzivunula etaliimu nsobi ey'ebyawandiikkibwa. Okusinziira ku ba Yakuwa, enzivunula eno ey'Ensi Empya ye Baibuli yokka entuufu eyawandiika enzivunula eno ye tamanyiddwa.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

Temwongeranga ku kigambo kye mbalagira, so temukisalangako, mukwatenga ebiragiro bya Mukama Katonda wammwe bye mbalagira [Ekyamateeka 4:2].

**Ekibuuzo:Abakristaayo bakkiriza batya ku Baibuli?**

- Baibuli kigambo ekyalungamizibwa Katonda
- Baibuli kye kitabo kyokka ekirina obuyinza.
- Okwongerako oba okutoola ku Baibuli kwagaanibwa.

Nga aba Yakuwa bwe balowooza nti Baibuli (ng'olese Enzivunnula yaabwe) tesobola kutegeeza ekyo kyeyogera (Okugeza nti Yesu Katonda, n'obulamu obutaggwaawo kyotosobola kubeera nakyo kaakano wabula ky'olina okolerera n'okufuna mu biseera eby'omu maaso), bawulira nga balina eddembe okukyusa ebyawandiikibwa okusobola okwatagana obulungi n'ebyo bye bayigiriza.

Okugeza Baibuli egamba “ku lubereberye waalwio kigambo, kigambo naaba awali Katonda, kigambo naaba Katonda [Yokaana 1:1]. Naye mu Enzivunula y'ensi Empya Yokaana 1:1 agamba : ku lubereberye waaliwo kigambo, kigambo naaba “ka” Katonda.... Laba enjawulo eyo? Akagambo ako “ka” kakyusiza ddala amakulu.

Ensonga yokka ewa amakulu mu kino nti waaliwo Katonda ow'amazima asukka mu omu. Naye kino tekirina wonna we kiragibwa mu Baibuli nti waliwo Katonda ow'amazima asukka mu omu. N'olwekyo enzivunula eya bulijjo wabula si eyaba Yakuwa ye yokka ekola amakulu.

Ebirowoozo ku ngeri gy'oynza okubuulira amazima g'Obukristaayo bwa Baibuli eri ow'enzikkiriza ya Yakuwa.

- Aba Yakuwa bateekwa kugoberera kuyigiriza kwa kibiina kyabwe. N'olekyo ebiva ku kitebe kyabwe ekya Watch Tower, so si Baibuli, bye birina obuyinza obw'enkomeredde ku mazima. Sabira amaaso gaabwe okuzibuka bategeere amazima ga Baibuli so si ebyo ebiva ku kitebe kya Watch Tower.
- Okugeezaako okubayigiriza kujja kuggalawo omukisa. Ekisinga, kozesa okuyigirza kwabwe okusobola okubatuukako. Londa omutwe okugeza: obwa Katonda bwa Yesu Kristo ova okuzuukira buuza kye bakkirza na Iwaki bakkiriza batyo. Awo nno tandika okusonga ku byawandiikibwa mu Baibuli yo (so si yaabwe), ebyogera amazima nga bwe gali. Leka Omwoyo Omutukuvu (ono nga Katonda) azibile amaaso gaabwe eri amazima. Ggwe oli kibya kya Katonda. Siga ensigo ebisigadde obirekere Katonda.
- Balage nti Yesu Kristo ye Yakuwa Katonda. Enkola yaabwe yonna eyabulukuka kasita Kristo alagibwa nga Yakuwa Katonda.
- Basomooze okugondera Baibuli so si kuyigiriza kwa Watch Tower.

Ebimu ku biwandiikkidwa mu kuyiga kuno bisimbuliddwa okuva mu bitabo:

- So What is the Difference ekya Fritz Ride nour, ekyakubibwa ba Regal Books, 1979
- Cults ,World Religious and the Occults, ekya Kenneth Boa, ekyafulumizibwa Chariot Victor Publishing , 1990.
- How do Jehovah's Witnesses teachings about Christ compares with the scripture ekya Mark Van Bebber, Edden Communications, www.ChristianAnswers, 1998.
- The Watchman Expositor.w.w.w.watchma.Org.

**OMUSOMO # 19: ENJAWULO WAKATI W'OBUKRISTAAYO BWA SAYANSI N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

*Kubanga ssemanyiiko kigambo; naye ekkyo tekiri mpeesa butuukirivu; naye ansalira omusango ye Mukama waffe [2Abakkolins 4:4].*

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okulaga enjawulo eriwo wakati w'enzikkiriza y'Obukristaayo bwa Sayansi n'Obukristaayo bwa Baibuli, n'okuwa ebirowoozo ku ngeri gy'oynza okubuulira obukristaayo bwa Baibuli eri Omukristaayo n'Obukristaayo bwa Sayansi.

Weetegereze:

Okuyiga kuno kwongerayo olukalala lw'ezo abangi ze bayita enjigiriza z'Obukristaayo enkyamu oba e z'Obulimba. Obukristaayo bwa Sayansi ng'enzikkiriza ya Mamona n'eya Yakuwa, nayo egwa mu kitii kino.

Bino ebiytibwa ebibiina by'Obukristaayo birondamu ebyo bye byagala okuva mu Bukristaayo bwa Baibuli ne bigattamu okuyigiriza kwabyo. Naye wadde nga mu kuyigiriza kwabwe bayigirizaamuko Obukristaayo ate ng'ebiseera ebimu bivuga ng'Obukristaayo, mu kuyigiriza kwabwe beegaanira ddala amazima, amakulu n'olulimi nga bwe bikozesebwa mu Baibuli nga bw'onaalaba, okugeza, Omukristaayo wa Sayansi bwayogera ku mwoyo Omutukuvu, Omwoyo waabwe talina wafaananira n'ekyo Baibuli kye yigiriza ku Mwoyo Omutukuvu. Bibuzaabuza! Tebikoma ku kubuzaabuza kwokka, naye bulimba bwennyini. Waliwo akabanje akanene mu njigiriza zino. Tujja kukola kyonna ekisoboka okulaga wonna awali enzikiriza (obulimba) mu bibiina bino.

Wadde ng'ebiwandiikkidwa mu kuyiga kuno bisobola okuddamu ebibuuzo kw'ebyo ebikulu ab'enzikkiriza y'Obukristaayo bwa Sayansi bye bakkiriza, twala omukisa guno leero gw'olina okukakasa eri ekibiina amazima g'Obukristaayo bwa Baibuli.

Ennyanjula.

Ekkanisa y'Obukristaayo bwa Sayansi egamba nti ye yokka entuufu. Wabula mu kuyigiriza kwayo waliwo ebintu bye bagaana, ebimu ku byo;

- Obusatu bwa Katonda
- Nti Yesu Katonda
- Nti ekibi gye kiri
- Okwetaaga obulokozi
- Ekituufu kiri nti, okuyigiriza kw'Obukristaayo bwa Sayansi kuwakanya buli ekkyo ekitwalibwa ng'omusingi gw'enzikkiriza y'Obukristaayo.

Obukristaayo bwa Sayansi bwatandikibwa kw'ebyo ebyawandiikibwa n'okuyigirza kwa Maliyamu Baker Eddi. Omukyala ono kwe yasinziira okutandika Obukristaayo bwa Sayansi bye bino:

- Katonda ali mu buli kintu era ye buli kintu
- Katonda birowoozo (Mwoyo) n'olwekyo, ebirowoozo(omwoyo) ye Katonda yenna.
- Bwe kiba ng'omwoyo ye byonna, buli kintu kyonna ekitali mwoyo tekiriyo.
- Bwe kiba ng'ebantu bino ebirabika (matter) si mwoyo, kitegeeza nti tebiriwo.
- N'olwekyo ebantu ebirabika ng'endwadde, ekibi, okufa, obubi, tebiriyo.

Obukristaayo bwa Sayansi; temuli kintu kyonna ekiraqa Obukristaayo wadde amagezi aga Sayansi.

(Abakklosaayi 1:15-20).

15 Oyo kye kifaananyi kya Katonda atalabika, omubereberye ow'ebitonde byonna.

16 kubanga mu oyo ebantu byonna mwe byatondebwa, mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika, oba nga ntebe za bwakabaka, oba bwami, oba kufuga, oba masaza; ebantu byonna byatondebwa ye, era ne ku lulwe.

17 naye ebantu byonna bibeerawo mu ye.

18 Era oyo gwe mutwe gw'omubiri, omubereberye ow'omu bafu; ye alyoke abeerenga ow'olubereberye mu byonna.

19 kubanga Kitaffe yasiima okutuukirira kwonna okubeeranga mu ye;

20 n'okutabaganyisa ebantu byonna eri ye yennyini mu ye; bwe yamala okuleeta emirembe olw'omusaayo gw'omusalaba gwe; mu ye okutabaganyisa oba eby'oku nsi oba eby'omu ggulu.

### Katonda ye ani?

okusinziira ku Bukristaayo bwa Sayansi.

Katonda ye byonna. Katonda birowoozo, nnono, bulamu, magezi. Katonda talina kabuntu; nnono, si muntu.

Okusinziira ku Bukristaayo bwa Baibuli

Obwakabaka bwo bwe bwakabaka obutaligwaawo, n'okufuga kwo kunaabeereranga emirembe gyonna [Zabbuli 145:13].

### **Ekipuuozo: Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku Katonda?**

(Katonda muntu, ye yatonda ebantu byonna ebirabika mu mubiri n'omwoyo, n'akola omuntu n'amussa ku ntikko y'ebitonde byonna).

Katonda yatutonda okwolesa/okulaga ekifaananyi kye-ekikula n'embala ye; Katonda kwagala , naffe twagala; Katonda mpisa, naffe tulina'empisa; Katonda agaba; naffe tuli bagabi. Bino bye biraga obubonero bw'omuntu so si nnono omutali kabuntu.

### Yesu Kristo ye ani?

Okusinziira ku Bukristayo bwa Sayansi.

Nga ettundo ly'amazzi lye limu n'ennyanja, ng'ekitangaala kye kimu n'enjuba ne Katonda y'omu n'omuntu, taata n'Omwana be bamu" Sayansi n'obulamu olup 36A.

Bino wammanga bye bimu ku byogerwa ku Yesu Kristo, nga bwe bisangibwa mu kitabo ekitukuvu eky'enzikkiriza y'Obukristaayo bwa Sayansi;

- Yesu mwana wa Katonda naye si Katonda.
- Yesu si wanjawulo ku bantu abalala kubanga abantu bona kitundu ku Katonda.
- Yesu ng'omuntu musajja wa maanyi era muyigiriza w'amaanyi, naye si Katonda.
- Okukomererwa kwa Yesu kwayolesa obulungi obw'amazima n'okwagala eri omuntu.

#### Okusinziira ku Bukristaayo bwa Baibuli

Nze ne kitange tuli omu [Yokaana 10:30].

#### **Ekibuuzo: Abakristaayo Yesu Kristo bamuyita ani?**

- Yesu yafuuka omuntu, ng'alina ekikula ky'obwakatonda n'eky'obuntu.
- Yesu bwe yayiwa omusaayi ku musaalaba, omulundi gumu gwokka yatuukiriza byonna Katonda bye yali yeetaaga ekiseera kyonna okusasula ebibi by'omuntu byonna.
- Obukristaayo bwa Sayansi bwo bugamba nti Kristo atabalika yali mutono nnyo okubeera n'obusimu wabula ate Yesu (omusajja) yalabikira mu mubiri. "Bwe kiba ng'okusinziira ku Bukristaayo bwa Sayansi, nti buli kintu kyonna ekirabika ng'omubiri gwo, tekiriyo, Iwaki Yesu yafuuka omuntu? Kikola makulu ki Yesu okulabika ng'omuntu n'omubiri, bwe giba ng'emibirgyaffe tegiriyo?
- Obukristaayo bwa Sayansi buyigiriza nti Yesu yali muyigiriza w'amaanyi naye teyali Katonda. Yesu teyalekawo mukisa gwa kumusalirawo nga bwe yali omuyigiriza ow'amaanyi kyokka. Nga bwe tulaba Yesu nga yeeyogerako, waliwo ebintu bisatu eby'okulondako:
  - Yesu yali mulimba
  - Yesu yalimu obwakatwewungu
  - Yesu ge yayogeera ge mazima.

Bwe twogera nti Yesu teyayogera mazima, tuba tukakasa ekimu ku kw'ebyo. N'abo abagaana nti Yesu si Katonda, nabo bakinyweza nti Yesu yali muyigiriza w'amaanyi. Balemererwa okukitegeera bino byonna biba bikubagana.

Kiba kizibu nnyo Yesu okubeera omuyigiriza ow'amaanyi ate nga bwatuuka ku nsonga enkulu ennyo okugeza okweyogerako ekyo kyalii, ate nalimba" (Paulo Little-Know why you Believe olupapula 17)

#### Ebintu kye ki?

#### Okusinziira ku mukristaayo wa Sayansi.

Omuntu si bintu; takolebwa bwongo, musaayi wadde amagumba n'ebirala. Ebyawandiikibwa bitulaga nti omuntu yakolebwa mu kifaananyi n'engeri ya Katonda. Ebintu tebirina ngeri eyo.....omuntu mwoyo era atuukiridde – alaga ekifaananyi kya Katonda, oba ebirowoozo, n'olwekyo taggwaawo; ebirowoozo ebitawukanye ku Katonda (Sayansi n'ebyo'obulamu olupapula 139).

Ennono zokka (Katonda) ze ziriwo, ebirala byonna bulimba. Tewali bintu birabika. Ebintu ng'omubiri gw'omuntu tebiriyo. Mu ngeri endala tuliwo mu birowoozo bya Katonda.

Okusinziira ku Bukristaayo bwa Baibuli

Kigambo n'afuuka omubiri, abeerako gye tuli (ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng'ekyoyo eyazaalibwa omu yekka kitaffe, ng'ajjudde ekisa n'amazima [Yokaana 1:14].

Omuntu ky'alaba, kyawunyiriza ,kyakwatako, kyawulira, n'ekyawulira(feeling) bya ddala gye biri. Yesu naye yalaga ng'ebintu bino gye biri, yafuuka omubiri, yalumwa enjala, yawa abalala emmere ne balya.

**Kiri kitya ku busatu?**

Okusinziira ku mukristaayo wa Sayansi.

- Obusatu bwe bulamu, amazima n'okwagala
- Omwoyo omutukuvu bwe bukristaayo bwa Sayansi bwennyini.

Okusinziira ku Bukristaayo bwa Baibuli.

Naye omubeezi bw'alijja, gwe ndibatumira ava eri kitange, Omwoyo ow'amazima, ava eri kitange oyo albategeeza ebyange [Yokaana 15:26].

**Ekipuuzo:Abakristaayo bakkiriza batya ku busatu bwa Katonda?**

(Katonda kitaffe, Katonda Omwana, Katonda Omwoyo Omutukuvu buli omu yenkana, taggwaawo awamu ye Katonda omu ow'amazima, akolebwa abantu basatu).

**Omuntu ddala alina emmeeme ey'olubeerera?**

Okusinziira ku Bukristaayo bwa Sayansi?

Nedda omuntu waali ng'ekitundu ku Katonda nga Katonda bwali byonna. N'olwekyo, nga Katonda bwataggwaawo, n'omuntu wa lubeerera.

Katonda nga bwali omulungi, era nga byonna bwe biri ebirungi, era nga byonna ye Katonda, olwo nno omuntu ng'ekitundu ku Katonda, mulungi.

Okusinziira ku Bukristaayo bwa Baibuli.

Ne bano baligenda mu kibonerezo ekitaggwaawo; naye abatuukirivu baligenda mu bulamu obutaggwaawo [Mattayo 25:46].

**Ekipuuzo:Abakristaayo bakkiriza batya ku mmeeme y'omuntu ey'olubeerera?**

(Omuntu alina omwoyo ogutaggwaawo ebeerawo n'olvannyuma lw'okuva mu mubiri olw'okufa). Omwoyo gw'omuntu gubeera mu maaso ga Katonda emirembe gyonna oba okuggalirwa wabweru w'obwakabaka okusinziira mu kusalawo omuntu kwakola ng'akyali mulamu).

### Kiri kitya ku kibi?

#### Okusinziira ku Bakristaayo bwa Sayansi?

“Omuntu tasobola kola kibi, kulwala wadde okufa” (sayansi n’ebi’obulamu) Ekibi, endwadde, n’okufa byonna bulimba. Obulimba bw’ekibi, obubi, endwadde n’okufa birabibwa ng’ebiriwo lwa birowoozo ebiggwaawo. Ebirowoozo ebiggwaawo bijjudde ensobi kubanga byolekanye/biwakana n’ebirowoozo by’obwakatonda, ebyo ebirungi.

Wano we wali ekizibu ekinene eri enzikkiriza y’obukristaayo bwa Sayansi: bwe biba ebintu byonna ebiriwo birungi kubanga Katonda abirimu, ate olwo ebirowoozo ebiggwaawo, ebibi bibeerawo bitya?

#### Abakristaayo ba Baibuli.

Olw’ebyo, nga ku bw’omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw’ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna mu bantu bona, kubanga bona baayonoona: [Abaruumi 5:12].

**Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku bubi bw’omuntu?** (Ekbi gyekiri. Kitandikira mu mutima gw’omuntu era kya wula omuntu ne Katonda). Empeera y’ekibi kufa. Omuntu tasobola kwewala kufa kwa mubiri, naye asobola okubeera n’emmeeme ejjuziddwa Omwoyo okuyita mu Yesu Kristo eyo eribeera mu maaso ga Katonda emirembe gyonna.

Sikkiriza nti Yesu Kristo yandirese okubeera awamu ne Katonda kitaffe n’Omwovo Omutukuvu, nga yeeyagalidde, n’afa mu bulumi obwenkadde awo kulw’abantu bona Iwakuba yali alimbiddwa mu birowoozo olw’ebintu ebitaliyyo.

### Omuntu afuna atya Obulokozi ?

#### Okusinziira ku Bakristaayo ba Sayansi.

“Omusayi gwa Yesu gwali (tegukyalina busobozi) okulongoosa omuntu okuva ku kibi oluvannyuma lw’okuyiibwa ng’awanikiddwa ku muti omukolimire, nga bwe gwali mukusooka nga gukulukutira mu misuwa gye bwe yali ng’akola emirimu nya kitaawe” (Sayansi n’ebi’obulamu olupapula 25).

Omuntu tali mu mbeera ya kibi era tasobola kwonoona. N’olwekyo teyeetaaga mulokozi. Obulokozi bucolebwa okusumululwa okuva mu bunafu bw’obwongo, (ndowooza enkyamu).

Lwaki ebyo ebisimbiliddwa okuva mu sayansi n’ebi’obulamu byogera ku “Musaayi gwa Yesu” “ekibi”, n’omulimu? Ebintu bino byonna weebiri mu buliwo, nga kino, mu ndowooza y’Obukristaayo bwa Sayansi tebiriyyo.

#### Okusinziira ku Bakristaayo bwa Baibuli.

Eyeetikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri, ffe nga tumaze okufa ku kibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu, okukubibwa kwoyo kwe kwatuwonya [1Peetero 2:24].

(Obulokozi kirabo kya Katonda ky'ofuna olw'okukkiriza Yesu Kristo).

- Abantu beetaaga obulokozi si lwakuba nga balina endowooza enkyamu. Abantu beetaaga obulokozi lwa kibi. Ekibi tekitandikira mu ndowooza wabula mu mutima, era kino kiteekawo olukonko oluwanvu ate nga lugazi wakati wa Katonda n'omuntu , nga tekisoboka olusomoka olw'ebyo bye tukola. Omusaalaba ye ngeri yokka eyali esobola okutindira olukonko luno.
- Ebbanja lye tulina mu maaso ga Katonda ddene nnyo nga tetusobola kulisasula nga ffe. Tewali muntu n'omu alina obusobozi wadde ebikozesebwa ebimala okusasula ebbanja lino. Naye olw'okuba Yesu muntu kikumi ku kinaakyo, asobolera ddala okusasula ebbanja ly'omuntu lyonna.

Era ate Katonda kikumi ku kinnaakyo, asobola okukola kyonna ekyetaagisa okusasula ebbanja eddene ewa Katonda ataliiko kkomo.

Yesu yayiwa omusaayi okutuukiriza byonna ebyali byetaagisa olw'okusasula ekibi mu maaso ga Katonda era yasasula ebbanja lyonna Katonda lye yali abanja omuntu lye yali tasobola kusasula.

### Ebitabo ebitukuvu

Okusinziira ku Bukristaayo bwa Sayansi.

- Baibuli
- Sayansi n'eby'obulamu ng'ekisumuluzo ky'ebyawandiikibwa

Bwodda ku Baibuli;

- Mukyala Eddy agamba nti Baibuli erimu ensobi mu bifo ebiwerera ddala 300,000 mu Ndagaano Empya.
- Mukyala Eddy era agamba nti Baibuli kye kitabo kye era ky'akozesa ng'ensibuko y'obuyinza. Wabula ate yagamba abagoberezi okukozesa ekitabo kye kubanga Katonda ye yakiwandiika era lye ddoboozi ery'omulembe guno erikola amakulu.

Bwodda ku Sayansi n'eby'obulamu ng'ekisumuluzo ky'ebyawandiikibwa Omukyala ono agamba nti yalungamizibwa butereevu okuva eri Katonda bwe yafuna ekubikkulirwa okuwandiika ekitabo: Sayansi n'eby'obulamu. Ekitabo kino temuli nsobi, kyabwakatonda era kirima okuvunula okutuufu okwa Baibuli. Mu butuufu Baibuli w'ekolera amakulu wokka nga evunuddwa ekitabo Sayansi n'eby'obulamu.

Maliyamu Eddy Baker yali teyasoma kigenda wala, era tewali ky'amaanyi kye yali amanyi ku bufirosoofo, okugussa ensonga, ebikwata ku Baibuli, olw'Ebbulaniya, Oluyonaani oba ebyafaayo bya Baibuli. Ekyava mu kino ekitabo kino Sayansi n'eby'obulamu kijjudde ensobi nnyingi mu bufirosoofo, ebyafaayo, okugussa ensonga, n'ebya Baibuli. Ekitabo ekyasookera ddala kyali kijjudde ensobi za ggulama ze baamala ne balongoosa mu kitabo eky'oluvannyuma. Bino byonna byewuunyisa bwe kiba ng'ekitabo kino ddala kyalungamizibwa Katonda.

Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

Temwongeranga ku kigambo kye mbalagira , so temukisalangako, mukwatenga ebiragiro bya Mukama Katonda wammwe bye mbalagira [Ekyamateeka 4:2].

### **Ekibuuzo: Abakristaayo bakkiriza batya ku Baibuli?**

- Baibuli kye kigambo ekirina okulungamya kwa Katonda.
- Baibuli yokka y'erina obuyinza
- Okutolako n'okwongerako ku Baibuli byagaanibwa.

#### Enzikkiriza y'Obukristaayo bwa Sayansi mu bufunze.

Obufirosoofo bw'Obukristaayo bwa Sayansi tebukwatagana. Nga Obukristaayo bwa Sayansi bwe buyigiriza nti Katonda mulungi era Katonda ye byonna, tewandibadde mukisa ogw'ebintu nga ensobi, oba endowooza enkyamu. N'erinnya lyokka Obukristaayo bwa Sayansi nalyo terikola makulu; Obukristaayo bwa Sayansi bye bwogera biri wala nnyo okuva ku kuyigiriza kw'Obukristaayo bwa Baibuli ate era ne bannasayansi tebasobola kukkiriziganya n'ebyo ebiyigirizibwa mu Bukristaayo bwa Sayansi nga bagamba nti ebintu (matters) tebiriyo mu buliwo.

#### Engeri y'okubuuliramu amazima g'Obukristaayo bwa Baibuli eri omugoberezi wa Obukristaayo bwa Sayansi.

- Wa obukakafu nti Yesu ddala Katonda era yafa okutulokola okuva mu kibi ekya ddala.
- Laga nti ab'Obukristaayo bwa Sayansi essuubi lwabwe ery'olugendo lwabwe olw'obulamu obutaggwawo balitadde ku Maliyamu Baker Eddy nga ye mutuufu ne Yesu Kristo mukyamu. Ab'Obukristaayo bwa Sayansi baba bafunamu katono bwe baba nga batuufu, naye ate baba bafirwa kyonna Yesu bwaba nga ye mutuufu.
- Ab'Obukristaayo bwa Sayansi bagamba abagoberezi baabwe okugaana obusimu obutaano ebukwata ku kibi, obulwadde, n'okufa. Lwaki abagoberezi okukkiriza obusimu bwabwe obutaano bye bubagamba n'okukkiriza ebyo bye bawulira ne bye basoma ku Bukristaayo bwa Sayansi.

Ebimu ku biwandiikkidwa mu kuyiga kuno byagibwa;

- So what's the Difference; ekya Fritz Ridenour, ekyafulumizibwa ba Regal Books, 1979
- Cults, World Religious and the Occult ekya Kennety Boa, ekyafulumizibwa ba Chariot Victor Publishing, 199.

**OMUSOMO # 20**  
**EDDIINI Z'ENSI N'ENJIGIRIZA ENKYAMU EBIBUUZO.**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

Yesu n'amugamba nti Nze kkubo, n'amazima n'obulamu; tewali ajja eri kitange, wabula ng'ayita mu nzi [Yokaana 14:6].

Weetegereze:

Nsuubira onoonyumirwa akaseera kano ak'ebibuuzo leero. Nga bwe wali okumanyisa okungi okuweeredwa wano, oyinza okwagala okutangaaza ku bibuuzo ebimu eby'okubaganyaako ebirowoozo mu kibiina kyo leero: ekirowoozo ekimu: Londayo ebibuuzo ebyo ebinaakuyamba nate okweyongera okakasa amazima g'Obukristaayo bwa Baibuli.

Okwejjukanya mu bwangu:

**Ekibuuzo: Obukristaayo n'eddiini endala byonna tebiri ku ky'ekimu?**

(Nedda, Abantu bangi balowooza nti enzikkiriza zonna ziri ku mulamwa gwe gumu, zoogera era zikolera ddala ekyo Obukristaayo kye bukola, naye enjawulo ntono nnyo eri mu bigambo). Wadde nga waliwooko ebifaanagana, naye enjawulo eriwo nnene nnyo.

**Ekibuuzo: Njawulo ki enkulu eriwo wakati w'Obukristaayo n'eddini endala zonna?** (Obukristaayo bwo eba nkolagana ey'obuntu ne Katonda omulamu – Yesu Kristo si ddiini). Eddiini by'ebyo omuntu by'akola eri Katonda- okugezaako okumusanyusa n'okutema ekkubo okumutuukako. Obukristaayo by'ebyo Katonda by'akola kulwaffe; Katonda anoonya n'atuukira ddala wansi okutuyamba okudda gyali.

**Eddiini z'ensi n'enjigiriza enkyamu mu matiigga**

(Ddamu mu ngeri ya kibuuzo?).

Katonda ye ani?

1. Abagoberezi bano tebalina nkolagana ey'obuntu ne Katonda: Be baani abo? (Bayudaaya, Baisiraamu, Bahindu, Ba mamona, ba yakuwa oba Bakristaayo ba Sayansi)
2. Abagoberezi bano bagamba nti Katonda taliimu kabuntu. Be baani abo? ( Bahindu n'Abakristaayo ba Sayansi).
3. Abagoberezi b'eddiini zino bagamba nti Katonda waabwe tamanyika: Be baani abo? (Abahindu n'Abaisiraamu).
4. Abagoberezi b'enzikkiriza zino bagamba nti waliwo Katonda omu era bagaanira ddala nti waliwo obusatu: Be baani abo? (Baisiraamu, Bayudaaya n'aba Yakuwa).

5. Abagoberezi b'eddiini zino bakkiriza nti waliwo Katonda omu, olwo ne bagaana obusatu, naye ate bw'onoonya mu biwandiikibwa byabwe Katonda era ayogerwako nga "ffe" ne "byaffe" . Be baani abo? (Abayudaaya n'Abayisiraamu).

**Yesu Kristo ye ani?**

1. Abagoberezi b'enzikkiriza y'Obukristaayo ey'obulimba ekkiriza nti Yesu kitonde; Baani) Aba Yakuwa
2. Abagoberezi b'eddini zino n'enzikiriza z'Obukristaayo ez'obulimba ezigaana enzikkiriza z'Abaristaayo ba Baibuli nti Yesu Kristo ye mwana wa Katonda, ( Bayudaaya Bayisiraamu, Bahindu, Bamamona, ba Yakuwa, Bakristaayo ba Sayansi)

Eri Abayudaaya , si ye Masiya eyali alindirirwa: Eri Abayisiraamu, Yesu nnabbi, eri Abahindu Yesu y'omu ku bakatonda ab'okusinzibwa, eri aba Mamona, Yesu omu ku bakatonda abangi; er aba Yakuwa, Yesu Katonda ali wansi wa Yakuwa ; eri Abakristaayo ba Sayans, Yesu muntu si Katonda, naye Kristo nnono etuukiridde.

**Kiri kitya ku Busatu.**

1. Abagoberezi b'enzikkiriza z'Obukristaayo ez'obulimba n'eddiini eno bagaana obusatu Abakristaayo ba Baibuli bwe bakkiriza: Baani? ( Bayudaaya, Bayisiraamu, Bahindu, ba Yakuwa, Ba Mamona, n'Abakristaayo ba Sayansi). (Eri Abayudaaya n'Abayisiraamu, Katonda ali omu yekka; Abahindu bo balina engeri eyaabwe ey'obusatu; eri aba Yakuwa n'aba Mamona, Omwoyo omutukuvu si muntu, eri Abakristaayo ba Sayansi, Omwoyo Omutukuvu bwe Bukristaayo bwa Sayansi.

**Omuntu alina Emmeeme ey'olubeerera?**

1. Abagoberezi b'eddiini eno bagamba nti emmeeme y'omuntu eri ku nkulungo y'okuzaalibwa okw'okuddingana okutakoma :Be baani abo? Bahindu).
2. Abagoberezi b'enzikkiriza z'Obukristaayo ez'obulimba bagamba nti omuntu talina mmeeme yalubeerera: Be baani abo? (Ba Yakuwa oba Bakristaayo ba Sayansi).

**Kiri kitya ku kibi?**

1. Abagoberezi b'enzikkiriza zino bajja kugamba nti tewali kibi omuntu kyalina okulokolebwamu; Be baani abo? (Abahindu n'Abakristaayo ba Sayansi).
2. Abagoberezi b'eddiini eno bajja kugamba nti buli muntu alifuuka Katonda, tewali kibi kyawula muntu okuva ku Katonda: Be baaani? (Abahindu).

**Ensibuko y'Obuyinza (Ekitabo Ekitukuvu).**

1. Kwataganya ekitabo n'eddiini oba anjigiriza enkyamu.
  - Korani (Obuyisiraamu)
  - Enzivunula ya Baibuli y'ensi Empya: (Aba Yakuwa)
  - Tawuleeti (Abayudaaya)
  - Upanishadi (Abahindu)
  - Sayansi n'eby'obulamu (Abakristaayo ba Sayansi).
  - Ekitabo kya Mamona (Aba Mamona) – oba olemeddwa singa obuukamu ekimu.
2. Abagoberezi ab'enzikkiriza eno ey'Obukristaayo ey'obulimba bagamba nti Baibuli si nyangu yakutegeera okugyako ebiwandiiko ebifulumizibwa ekibiina kyabwe (be baani? (Aba Yakuwa)
3. Abagoberezi b'eddiini n'enzikkiriza z'Obukristaayo ez'obulimba bagamba nti Baibuli eba nkyamu singa eyawukana kw'ebyo ebitabo byabwe ebitukuvu kye bayigiriza: Be baani abo? Abayudaaya, Abayisiraamu, Abahindu, Aba Mamona, aba Yakuwa, Abakristaayo ba Sayansi?)
4. Ebyawandiikiba bino ebitukuvu bikubagana empawa byokka na byokka: Bye biriwa? Upanishadei (Abahindu) ne Korani (Abayisiraamu).

**Omuntu afuna atya Obulokozi?**

1. Eddiini eno egamba nti engeri yokka ey'okutuuka ku bulokozi kwe kufuna okumanya okuyita mu bulamu obw'emirundi emingi okutuusa emmeeme yo bwesimatuka y'okuddingana okuzaalibwa ne yegatta ku mmeeme ey'ensi yonna (Be baani? Abahindu?)
2. Enzikkiriza y'Obukristaayo ey'obulimba eno egamba nti Yesu bwe yafa ku musaalaba, yali muntu buntu era okufa kw'omuntu tekusobola kumala okufuuka omutango kulw'ebibi by'ensi; y'eriwa? Aba Yakuwa.
3. Abagoberezi b'eddiini zino n'enzikkiriza z'obukristaayo ez'obulimba bagamba nti tewali bwetaavu bwa mulokozi wadde obulokozi; be baani bano? (abayudaaya, Abahindu, Abakristaayo ba Sayansi).
4. Abagoberezi b'eddiini zino n'enzikkiriza z'Obukristaayo ez'obulimba bajja kugamba nti olina okukolerera obulokozi bwo. Be baani abo? Aba Mamona, aba Yakuwa, Abakristaayo ba Sayansi).

**Munsonyiwe; Ekyo Eky'okuddamu kikyamu, naye weebale olw'akazanyo.**

1. Nzikkiriza ki, okusinziira ku by'ekkiriza, etewa bagoberezi baayo bukakafu bwonna olw'obulokozi wadde nga baba bagoberera ebiragiro byayo era nga bagikolerera nnyo? (Obuyisiraamu, n'aba Yakuwa).
2. Nzikkiriza ki ey'Obukristaayo ey'obulimba, nga abakola okunoonyereza ku by'edda ab'omulembe guno baabulwa obukakafu kw'ebyo eby'oyogera ku bugunjufu obwaliwo edda mu massekati ga Amerika nga bwe galambikiddwa mu kitabo kyayo ekitukuvu? (Aba Mamona).
3. Mu ddiini ki Yesu gy'ayogerwako nga nnabbi ataalina wadde ekibi? (Obuyisiraamu).
4. Ddiini ki egamba nti eddiini zonna makubo agatuuka ku bulokozi? (Abahindu).

5. Kitabo ki ekitukuvu eky'enzikkiriza y'Obukristaayo ey'obulimba, ekikkirirzibwa okuba okubikkulirwa okawa obuteerevu eri Katonda ate nga kwe kwasembayo, naye nga kyakakyusibwa nga kirongoosebwa emirundi egiwerako? Mamona (emirundi egisukka mu 2000), Aba Yakuwa n'ba kristaayo ba Sayansi.
6. Ddiini ki eyigiriza nti omuntu alina obulamu bwa mirundi mingi bwalina okuyitamu okutuuka ku bulokozi? (Abahindu).
7. Ddiini ki n'enzikkiriza y'obukristaayo ey'obulimba egamba nti ekibi bulimba tekiriyo? (Abahindu n'Abakristaayo ba Sayansi).
8. Nzikkiriza ki ey'Obukristaayo ey'obulimba egamba nti Yesu ye mubereberye mu bitonde bya Katonda (Aba Yakuwa).
9. Nzikkiriza ki ey'Obukristaayo ey'obulimba egamba nti okufa kwa Yesu kuggyawo ebibi byokka ebyayita, era ne kussa omuntu mu kifo akolerere obulokozi? (Aba Mamona, n'aba Yakuwa).
10. Nzikkiriza ki ey'Obukristaayo ey'obulimba egamba nti Yesu mwana wa Katonda naye si Katonda omwana? (Aba Yakuwa).
11. Nzikkiriza ki ey'Obukristaayo ey'obulimba egamba nti obulokozi kwe kukula ng'ogenda mu maaso n'ofuuka Katonda? (Eya Mamona).
12. Nziikkiriza ki egamba nti obulokozi bwa kitundu, mu ssuubi butuukibwako lwa kwejjukanya ng'oyatula enzikkiriza (Ey'Obuyisiraamu).
13. Ddiini ki n'enzikkiriza y'Obukristaayo ey'obulimba egaana enjigiriza y'Obukristaayo bwa Baibuli ekwata ku busatu? (Zonna).
14. Ddiini ki n'enzikkiriza z'Obukristaayo ez'obulimba ezigaana Yesu okuba Katonda? (Zonna).

Kitundu kya nnyongeza.

Lwaki tekisoboka mu "bikolwa" eddiini okuba n'obukakafu obw'obulokozi? (Kubanga tomanyi era tolimanya ddi lw'oba okoze ebikolwa ebimala okufuna obulokozi. Kigero ki oba bungi ki obumala?) N'olwekyo, mu bikolwa byonna eby'eddiini, tekisoboka kufuna bukakafu bwa bulokozibwo.

Lwaki Obukristaayo bwokka bwe bulina obukakafu ku bulokozi? (Yesu atukolera ekintu ffe ku bwaffe kye tutasobola kukola). Atuwa amaanyi okusobola okukola ekyo kye tuteekwa okukola. Atusonyiwa ebibi , atulongoosa okuva mu kibi, era atuwa obutuukirivi bwe byonna nga kirabo kya buwa.

**OMUSOMO # 21:LWE LUYIMBA LWE LUMU OLUKADDE;  
ENZIKKIRIZA EY'OMULEMBE OMUGYA.**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

9 *Ekyaliwo kye kinaabangawo; n'ekyo ekyakolebwa kye kinaakolebwanga; so tewali kintu kiggya wansi w'enjuba.*

10 *waliwo ekintu abantu kye boogerako nti laba, kino kiggya/ Kyamala okubaawo mu mirembe egyatusooka (Omubuulizi 1;9,10).*

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okulaga enjawulo eriwo wakati w'enzikkiriza y'omulembe omuggya n'Obukristaayo bwa Baibuli, n'okuwa amagezi ku ngeri y'okubuulira Obukristaayo bwa Baibuli eri omugoberezi w'enzikkiriza y'omulemge omuggya.

Weetegereze: Mu kuyiga kuno enzikkiriza y'omulembe omuggya teragiddwa ng'ekitundu ku ddiini z'ensi enkulu oba ezo eziyitibwa Enzikkiriza z'Obukristaayo ez'obulimba kubanga mw'ezo eno terina w'egwa. Yandibadde ku lusegere nnyo n'Obuhindu, naye egattamuko eby'Obukristaayo. N'olwekyo, enzikkiriza y'omulembe omuggya si "ddiini" wabula okusinga ennyo mugendo.

Wadde ng'ebiwandiikiddwa mu kuyiga kuno bisobola okuddamu ebimu ku bibuuzo ebikulu mu nzikkiriza y'omulembe omuggya nzikiriza nti omukisa guno gw'olina leero gukozese okukakasa ekibiina amazima g'Obukristaayo bwa Baibuli.

Ennyanjula.

"Bwe nkозesa ekigambo...kitegeeza ekyo kyemba nonzeewo kitegeeze, tekisalako ate tekissukawo (Humpty Dumpty).

Omw.Dumpty alambululira ddala bulungi omulamwa ogw'enzikkiriza ey'Omulembe Omuggya. Waba tewakyaliwo minzaani omuntu kwasinziira okupima amazima. Ab'Omulembe Omuggya bakiggyawo okukozesebwa ng'omutindo/minzaani okupimirwa amazima.

**Ekibuuuzo: Kino kyawukana kitya ku kukkiriza kw'Obukristaayo obwa Baibuli?**

(Abakristaayo bo bakkiriza nti Yesu Kristo ye nsibuko y'amazima, si Iwakuba be baasalawo ekyo okuba ekituufu wabula Yesu yennyini yayigiriza. Yesu agamba "nze kkubo, n'amazima n'obulamu, tewali atuuka eri kitange okuggyako ng'ayita mu nzi" [Yokaana 14;6].

Enzikkiriza eno ey'omulembe omuggya si ddiini gy'osobola okumanya ng'osinziira ku by'ekkiriza oba abagoberezi baayo. Wabula kintabuli eky'ebibiina n'abantu ssekinoomu abakkiriza nti amazima agaleeta enkyukakyuka n'okutuusa leero agabadde tegamanyiddwa oba nga geerabiddwa gatandise okutegeerebwa abantu.

Awamu n'okuyigiriza kuno okukyamu, wajjavo enzikkiriza/endowooza nti abantu abali awamu (society) bali ku njegoyego y'entikko y'obuwanguzi bw'omwoyo.

**Ekintu ky'ekimu ekikadde. [Lubereberye 3:1-5].**

1 N'omusota gwali mukalabakalaba okusinga ensolo zonna ez'omu nsiko, ze yakola Mukama Katonda. Ne gugamba omukazi bwatyo bwe yayogera Katonda nti temulyanga ku miti gyonna egy'omu lusuku?

2 Omukazi n'agamba omusota nti Ebibala by'emiti egy'omu lusuku tulya'

3 wabula ebibala eby'omuti oguli wakati mu lusuku, Katonda yayogera temugulyangako newankubadde okugukwatako muleme okufa.

4 Omusota ne gugamba omukazi nti okufa temulifa.

5 Kubanga Katonda amanyi nti olunaku lwe muligulyako mmwe, amaaso gammwe lwe galizibuka, nnammwe muliba nga Katonda okumanyanga obulungi n'obubi.

**Entandikwa y'omugendo gw'enzikkiriza y'omulembe Omuggya.**

Bwatyo bwe yayogera Katonda.....? (Lub 3:1).

Baibuli eragira ddala ekiseera kyennyni mu byafaayo ddi "Omulembe Omuggya" we gwatandikira mu lusuku Edeni. Sitaani bwe yaleeta ekirowoozo eri Adamu ne Kaawa ng'araga nti Katonda talina obuyinza kubaako ne kyayogera ku mazima wadde empisa . "Bwatyo bwe yayogera nti....?

Ekiluibirwa kya sitaani eri Adamu ne Kaawa, kwe kulaba nga babeera n'ebibuuzo nti ddala amazima gasobola okumanyibwa ku Katonda, ebyo bye yayogera oba ensi gye yatonda. Awo nno Adamu ne Kaawa balina okukola okusalawo. 1 Okugondera Katonda, 2 Oba okwata ekkubo eryabwe nga bakola okusalawo okwawukana okuva ku mazima Katonda ge yassaawo, bakole ng'okulowooza kwabwe.

Adamu ne Kaawa baasalawo okugoberera ekkubo eryabwe. Okuva kw'olwo twasalawo amazima okugampimira ku kwegomba kwaffe nga bwe kuli. Katonda yali takyasobola kulungamya muntu kubanga omuntu nga tamuganya. Era Katonda ye yawa ekitiibwa okusalawo kwaffe.

Ekibuuozo: Si kizibu okubikkula empapula z'amawulire n'olaba ensi ng'enjudde obwegugungo n'okuggwaamu empisa. Naye Iwaki abantu tebasobola kukola bulungi nga basinziira ku mazima g'okusalawo kw'omuntu? (Kubanga Katonda bwe yali ateekeka ensi eno, yagitegekera abantu nga bamwagala era nga bakuma amateeka ge). Omuntu no bwasalawo okugaana amateeka ga Katonda n'abeera wo ng'okwegomba kwe bwe kuli, Katonda naye abakkiriza bagumire ebyo byonna ebiva mu kusalawo kwabwe.

Ekibuuozo: Emirandira gy'obubaka obw'omulembe Omuggya bulaba nti: Tewali ntandikwa y'amazima, bwatandikira mu lusuku Edeni. Ebyobuwangwa mu kitundu eky'ebuvanjuba kino babadde bakkiriza bulijjo, naye Iwaki kitandise n'okuwulirwa ne mu bugwanjuba? (Lwa Baibuli).

Okumalira ddala ebbanga ddene, Baibuli yakuuma ebitundu eby'obugwanjuba obutawambibwa nzikkiriza n'ondowooza y'ebuvanjuba.

Ab'Ebugwanjuba baayimirira nnyo ku kukkiriza nti Katonda wa Baibuli ye yatonda ensi. Olw'okukkiriza kuno, omuntu ng'akkiriza nti alina obuvvunannyizibwa bw'okuba n'empisa eri Katonda. Tetuyinza gamba omuntu w'Ebugwanjuba nti talina kibi oba atuukiridde, naye waakiri yalina endowooza oba endaba y'ebintu eya Baibuli. Olw'endowooza eno yagezaako okuzimba abantu mu kitundu ngabawa Katonda wa Baibuli ekitiibwa. Wabula emyaka e 500 nga giyiseewo, endowooza eno yatandika okukyuka.

Mu biseera eby'okuzaalibwa kw'okumanya (Renaissance), ekirowoozo kyatambula okwetooloola nti Katonda yali alemereddwa kubanga obwakabaka bwali tebuzzze nga bwe kyali kisuubirwa. Obutali bw'enkanya bwajjula si mu nsi mwokka naye ne mu kkanisa awo no ab'endowooza eno baatandika okusuubiza "omulembe Omuggya". Nga bagamba "Tujja kuggirawo ddala ensi eno erowooleza mu Katonda ffe tulyoke tweteerewo minzaani eyaffe ey'amazima.

Mungeri enyangu Omulembe Omuggya yeeyo endowooza ey'edda mu bitundu eby'ebuvanjuba (laba omusome 16), abalowooza nti omuntu era Katonda. Bw'ogatta ebibiri, ofunamu "Omulembe Omuggya". Kale katulabe enjawulo eriwo wakati w'enzikkiriza y'Omulembe Omuggya n'Obukristaayo bwa Baibuli.

### Katonda ye ani?

#### Okusinziira ku mulembe Omuggya?

"Tolina kromo lwakuba tokimanyi" (Shirley Maclaine, Dancing in the Light). Endowooza y'omulembe Omuggya ku Katonda yeeyo yennyini ey'ekihindu mu Buvanjuba: Ensi ne byonna ebigirimu biri kimu. Tewaliwo Katonda ali ku ntikko wabula buli muntu Katonda.

#### Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

Ku Lubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi (Lub 1:1).

Ekibuuzo: Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku Katonda? (Ye Katonda ayinza byonna, eyakola eggulu n'ensi, asibukamu amazima gonna, omutanzi waffe, atuwanirira era Omununuzi.

### Yesu Kristo ye ani?

#### Okusinziira ku Mulembe Omuggya?

Yesu Kristo ky'akulabirako ekirungi ennyo, omuntu bwalina okufaanana. N'olw'ekyo, ne Buddha bwali. Okusinziira ku Mulembe Omuggya, twetaaga okufaanana nga Kristo oba Budha. Engeri y'Omulembe Omuggya ey'okufaanana Kristo oba Buddha kwe kwerongoosa nga weeyongera okusoma n'okulongoosa ebikolwa okuyita mu kuzaalbwanga emirundi emingi.

#### Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

Era nga yazikibwa; era nga yazuukizibwa ku lunaku olw'okusatu ng'ebyawandiikibwa bwe byogera.  
[1Abakolinso 15:4].

**Ekibuuozo: Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya?** (Baibuli egamba nti Katonda yafuuka omuntu omulundi gumu mu muntu Yesu Kristo, okuwa obukakafu obw'obulokozi, olw'ekyo kye yatukolera ku musaalaba).

Okuyita mu Yesu Kristo tulina obulamu obutaggwaawo si nongoosereza za kuzaalibwanga okutaggwa. Baibuli egamba nti:

Naye bwe twakubaganyizza ebirowoozo nga tutunuulira obuhindu, okuzaalibwanga emirundi emingi tekulina musingi gwonna omuntu kwasinziira okukkiriza. Mu ngeri endala, obukakafu weebuli obukwatikako mu byafaayo obulaga nti Yesu yazuukira okuva mu bafu, nga bunyweza ebyo bye yeeyogerako nti Katonda (Emisomo 4-6).

### Kiri kitya ku kibi n'obulokozi?

#### Okusinziira ku Mulembe Omuggya?

Ekibi ndowooza mbi esala ku ngeri gye twerwoozaako. Tuzitoowererwa omugugu nga twesalira omusango. Kaakano nno tulina okukoza obwongo okumalirawo ddala omugugu guno era tulabe engeri y'okulongoosa ne engeri gye twerwoozaako.

#### Okusinziira ku Bakristaayo ba Baibuli.

8 Bwe twogera nga tetulina kibi, twekyammya fekka so nga n'amazima tegali mu ffe. 9 Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu [1Yokaana 1:8,9].

#### **Ekibuuozo: Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku bubi bw'omuntu?**

(Ekibi kisukkawo ku ndowooza, kya ddala. Bwe twogera nti tewali kibi, tuba tukkirizza obulimba [1Yokaana 1:8,9]. Baibuli kyeyogera ku kibi kyawukanira ddala kw'ekyo ab'Omulembe Omuggya kye boogera. Tuwlira okwesalira omusango olw'okuba tuba tulina omusango. Eddagala si kubikkako ku kibi, wabula ku kyatula ne tunaazibwa n'omussayi gwa Yesu Kristo gwe yayiwa ku musaalaba.

### Ebirala ab'Omulembe Omuggya bye bayigiriza.

Empisa: Buli kibi oba eky'obugwagwa ky'okola kigaziya okutegeera kwo (Shirlye Machaine: kisimbilirwa okuva Supernatural Spirit Guide).

#### Amazima g'Obukristaayo.

Katonda buli lwaggyibwa mu bulamu bw'omuntu, waba tewakyaliwo minzaani ey'obwenkanya ey'okupima amazima n'empisa. Omuntu bwalekera awo okukkiriza mu Katonda aba asobola okukkiririza mu kintu kyonna.

#### Obulamu bwennyini -Ab'Omulembe Omuggya we bayimiridde.

Obulamu bulina amaanyi agatonda nga gabuvuga gabutwala ku ddaala erisingawo. Abantu mu kitundu beenyigira mu nteekateeka ennene nga beeyambula okufuuka ebintu eby'amaanyi mu Mulembe Omuggya.

#### Amazima g'Obukristaayo.

Sayansi n'abantu abali awamu mu kitundu byo bikakasa kirala. Etteeka ery'okubiri mu sayansi akola ku nkolagana y'ebugumu n'amaanyi amalala ligamba nti ensi yeeyongera kunafuwa so sikufuuka y'amaanyi.

Ng'oggyeko amagezi ag'ekikugu, tuli bantu ba butabanguko era abazikiriza okusinga emabega yonna. Okubulawo kw'empisa ezetooloolera ku Katonda kuviiirako abantu abali awamu mu kitundu okubeera mu kavuyo k'empisa.

Engeri y'okbuuliramu amazima g'Obukristaayo bwa Baibuli eri omugoberezi w'Omulembe Omuggya.

Amazima g'Obukristaayo gaddamu ebibuuzo abo abagoberezi b'Omulembe Omuggya bye banoonya okuddibwamu.

**Ekibuuuzo: Waliwo amakulu gonna mu nsi yaffe?** (Ensi yaffe yatondebwa Katonda omugezi, omwenkanya, era omutukuvu, alina enteekateeka n'ekigendererwa olw'ensi nga bw'ebikkuliddwa mu Baibuli. Awatali Lubereberye essuula 1:1, twandibadde tubeera mu nsi etalina makulu wadde enteekateeka. Abantu mu bitundu abayaniriza enzikkiriza ey'Omulembe Omuggya, nga Buyindi ziri mu butabanguko na kavuyo.

**Ekibuuuzo” Nsobola ntya okugasa mu bantu abali eyo mu buwumbi?** (Katonda ataliiko kromo, omuronzi amanyi byonna ebikukwatako, era ayagala ggwe okumumanya). Katonda talina nteekateeka eri ensi eno yokka wabula n'eri ggwe ng'omuntu omu [Zabbuli 139:1-16].

**Ekibuuuzo: Ssuubi ki lye nnina mu bulamu buno?** (Ekibi weekiri ddala. Empeera y'ekibi kyaffe kye tugwanidde – kufa-okwawukana ne Katonda mu mwoyo. Katonda ayagala okukuwa obulamu obutaggwaawo. Yesu yaffa n'azuukira okuva mu kufa okukuwa obulamu obujjudde era obw'emirembe n'emirembe ku nsi kuno kw'owangaalira ne mu bulamu obugenda okujja [Yokaana 10:1-10].

Ebimu ku biwandiikkida mu kuyiga kuno biggyiddwa mu Cults, World Religious and the Occult, ekya Kenneth Boa, ekyafulumizibwa ba Chariot Victor publishing, 1990.

**OMUSOMO # 22:  
AKABUGA KANO SI KANENE KIMALA KULWAFFE FEMBI.  
OKUTONDA KUKWATAGANA EVOLUSONI (EKITUNDU 1).**

Okwejjukanya waka

Ebibuuzo n'olunyiriri

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero

Bwe mbabuulidde eby'ensi , ne mutakkiriza, mulikkiriza mutya bwe nnaababuulira eby'omu ggulu? [Yokaana 3:12].

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okuwa obukakafu obw'ensonga obulaga amazima ag'okutondebwa so si "evolution".

Weetegereze: okuyiga kuno kutandika ku kajegere ku kutondebwa nga kukwataganye n'endowooza y'evolusoni. Akajegere kano kaja kuba kawa Baibuli kyeyogera ku kutondebwa n'okulaga obukakafu bwa Baibuli ne Sayansi nga byonna biwigira okutondebwa.

Bino ebiwandiikiddwa mu kajegere k'okuyiga kuno, biyinza okusoomooza ebirowoozo bingi ebikkirizibwa mu nsi yonna, ng'ebituufu. Ekigendererwa ky'okuyiga kuno si kuwakana ku busonga obutono, naye okuleeta okusoomooza gyoli okulooza ku nsongea eno ng'osinziira ku Baibuli.

Ennyanjula.

- Ekigambo kya Katonda, Baibuli kigamba nti ensi ye yasooka okutondebwa olwo ne kuddako enjuba.
- Omuntu mu ndowooza ye agamba nti enjuba ye yasooka okukolebwa ensi n'eddako.
- Mu Baibuli , Katonda agamba nti obulamu butandikira mu ye.
- Omuntu mu ndowooza ye agamba nti obulamu butandikira mu ndowooza eno eya "evolusoni".
- Katonda agamba nti okutondebwa kwonna kwaggwera mu nnaku mukaaga.
- Omuntu mu ndowooza ye agamba nti ebintu byonna bizze bibeerawo okumalira ddala emyaka mingi nga bijja birabika bimu bimu.
- Ekigambo kya Katonda kigamba nti ekikolwa kya Adamu eky'obutagonda mu lusuku Edeni ky'akosa obutonde bwonna okuviiroa ddala kw'olwo n'okutuusa leero.
- Omuntu mu ndowooza ye agamba nti obutonde bwonna bwali buvunda okumalira ddala obuwumbi bw'emyaka.

**Ekibuuozo: kikola amakulu omuntu bwaba akkiriza nti ensi yatondebwa butondebwa oba yabwatuka bubwatusi n'ebeerawo?** (Nzikkiriza nti kikola amakulu. Ensonga eri nti obuyinza bw'ekigambo kya Katonda bukwatagana n'endowooza za y'omuntu).

Endowooza y'omuntu.

Endowooza y'omuntu kitegeeza endaba y'ebintu nga bw'ekkirizibwa mu nsi n'ebafaayo bw'omuntu nga bwe bisomesebwa mu by'enjigiriza nga bwe byateekebwaawo. Bwe kituuka ku ndowooza ya "evolusoni" kigenda wala kubanga yo ewakanyiza ddala ekigambo kya Katonda.

Ekigambo kya Katonda.

Ekigambo kya Katonda kigamba nti alipoota ey'okutondebwa erambikiddwa bulungi mu Lubereberye 1:11, nambulukufu bulungi ng'eraga ebintu byonna nga bwe byatandika;

- Eggulu n'ensi byatondebwa mu nnaku mukaaga nga buli lumu lulina essaawa abiri mu nnya.
- Abantu banna bazukulu ba Adamu ne Kaawa (bava mu Adamu ne Kaawa).
- Waaliwo amataba mu nsi yonna.

Baibuli kigambo kya Katonda. Okuyita mu yo kyayogera aba akitegeeza, era ategeeza ekyo kyayogera. Ekyo nno kiba kituleeta okola okusalawo.

Okukola okusalawo.

Ng'okulowooza kw'omuntu bwe kuwakanya ekigambo kya Katonda mu nsongya ey'okutondebwa nga kwolekanye n'endowooza ya "evolusoni", awo nno tuba twolekedde okukola okusalawo ku bino:

- Kkiriza endowooza eyegulira etutumu era ekkirizibwa wonna eya "evolusoni".
- Kkiriza Baibuli bweyogera ku ntandikwa y'ensi n'obulamu.
- Londa era osalewo ekyo kye twagala okukkiriza okuva mu byombi era tubigatte wamu.

Ebiseera ebisinga okulonda n'okusalawo okuva ku njuyi zombi n'obigatta wamu, abantu abasinga kye bakola. Era kino kitutwala ku nsongya eddako.

Obutuufu bwa Baibuli.

Abantu bangi bagamba nti Baibuli ntuufu ku bintu ebimu ate nkyamu ku bintu ebirala. Ekika ky'endowooza eno ereeta ekizibu eky'amaanyi.

**Ekibuuozo: Kabenje ki akaliwo singa omuntu atwala endowooza eri bwetyo?**

- Bweba Baibuli ntuufu ku bintu ebimu ate nga nkyamu ku birala, ani avunanyizibwa ku kulamula nti ku kino ntuufu ate ku kino nkyamu?
- Bweba nga ntuufu mu bitundu ebimu byokka, tusobola tutya okumanya ekintu kyonna ekikwata ku Katonda, Obukristaayo oba Yesu?

Endowooza eno eya "evolusoni" egenda mu maaso, ng'olese ekigambo kya Katonda amazima ge kyogera ku bulamu n'okutandika kwabwo ku nsi, okufuna obuzibu okuviiira ddala ku ntandikwa yaayo.

Ekizibu ky'amazima

Amazima gaba ku ntikko era malongoofu. Mu ngeri endala, wabeerawo engeri emu yokka ekintu kye kibaamu nga bwe kirina okuba. Bwe kituuka ku kutondebwu kw'obulamu okwambalagana n'endowooza ya "evolusoni" tekisoboka okubeera nti ekitundu kya "Evolusoni" ate ekitundu kya-tondebwa. Kirina kubeera ekimu ku byombi. N'olwe'kyo, bwe kiba ng'ekitundu ku kutondebwu kituufu, kiba kitegeeza nti byonna bituufu, (mu nsonga eno njogera ku kutondebwu kw'obulamu kwokka mu ntandikwa). Endowooza ya "evolusoni" eri mu kaseerezi okuviiira ddala ku ntandikwa yaayo. Kino si kye kizibu kyokka ekiri ku ndowooza ya "evolusoni". Tujja kuba tutunuulira ebizibu ebirala ebiri ku ndowooza ya "evolusoni" mu kuyiga okuddako.

Wadde ng'endowooza ya "evolusoni" erina obunafu, ku ntobo yaayo ewa ensonga nga ya sayansi lwaki egaana amazima g'ekigambo kya Katonda.

Okutondebwu nga kwambalaganye n'endowooza ya "evolusoni": Akabuga kano si kanene kimala ku lwaffe ffembi  
(Lubereberye 1).

1. Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi.
2. Ensi yali njereere nga yeetabuddetabudde; n'ekizikiza kyali kungulu ku buziba; omwoyo gwa Katonda ne gumaamira kungulu ku mazzi.
3. Katonda n'ayogera nti wabeeewo obutangaavu. Ne wabaawo obutangaavu.
4. Katonda n'alaba ng'obutangaavu bulungi: Katonda n'ayawula wakati mu butangaavu n'ekizikiza.
5. Katonda obutangaavu n'abuyiga emisana, n'ekizikiza n'akiyita ekiro. Ne buba akawungezi, ne buba enkyia, olwo lwe lunaku olumu.
6. Katonda n'ayogera nti wabeeewo ebbanga wakati mu mazzi, lyawulenga amazzi n'amazzi.
7. Katonda nassawo ebbanga n'ayawula amazzi agali wansi w'ebbunga n'amazzi agali waggulu mu bbanga; bwe kityo bwe kyali.
8. Katonda ebbanga n'aliyita eggulu. Ne buba akawungeezi, ne buba enkyia, olwo lwe lunaku olw'okubiri.
9. Katonda n'ayogera nti amazzi agali wansi w'eggulu gakungaaniire mu kifo kimu, olukalu lulabike; bwe kityo bwe kyali.
10. Katonda olukalu n'aluyita ensi, n'ekkungaaniro ly'amazzi n'aliyita ennyanja; Katonda n'alaba nga birungi.
11. Katonda n'ayogera nti ensi emere ebimera, omuddo ogubala ensigo, omuti ogw'ebibala, ogubala ebibala mu ngeri yaagwo, ogulimu ensigo yaagwo, ku nsi; bwe kityo bwe kyali.
12. Ensi n'emere ebimera, omuddo ogubaala ensigo mu ngeri yaagwo, n'omuti ogubala ebibala, ogulimu ensigo yaagwo, mu ngeri yaagwo; Katonda n'alaba nga birungi.
13. Ne buba akawungeezi ne buba enkyia, olwo lwe lunaku olw'okusatu, olwo lwe lunaku olw'okusatu.
14. Katonda n'ayogera nti wabeeewo ebyaka mu bbanga ery'eggulu, byawulenga emisana n'ekiro; bibenga ng'obubonero, n'ebiro , n'ennaku n'emyaka.
15. Bibenga ng'ettabaaza mu bbanga ery'eggulu byakenga ku nsi: bwe kityo bwe kyali.
16. Katonda n'akola ebyaka bibiri ebinene: ekyaka ekisinga obunene okufuganga emisana, n'ekyaka ekitono okufuganga ekiro; era n'emmuneenyenye.
17. Katonda n'abiteeka mu bbanga ery'eggulu byakenga ku nsi,
18. Bifugenga emisana n'ekiro, era byawulenga obutangaavu n'enzikiza: Katonda n'alaba nga birungi.
19. Ne buba akawungezzi, ne buba enkyia, olwo lwe lunaku olw'okuna.

20. Katonda n'ayogera nti amazzi gazaale ebyewalula bingi ebirina obulamu, era n'ekibuuka kibuuke ku nsi mu bbanga ery'eggulu.
21. Katonda n'atonda balukwata abanene, na buli kirina obulamu ekyewalula, amazzi kyegaazaala mu ngeri zaabyo, na buli ekibuuka ekirina ebyoya mu ngeri yaakyo; Katonda n'alaba nga birungi.
22. Katonda n'abiwa omukisa n'ayogera nti mweyongere mwale mujuze amazzi ag'omu nnyanja, era n'ebibuuka byeyongere mu nsi.
23. Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'okutaano.
24. Katonda n'ayogera nti ensi ereete ekirina obulamu mu ngeri yaakyo, ente, n'ekyewalula, n'ensolo y'ensi mu ngeri yaayo; bwe kityo bwe kyali.
25. Katonda n'akola ensolo y'ensi mu ngeri yaayo, n'entemu ngeri yaazo, na buli ekyewalula ku nsi mu ngeri yaakyo; Katonda n'alaba nga birungi.
26. Katonda n'ayoera nti tukole omuntu mu nger yaffe, mu kifaananyi kyaffe; bafugenga eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu n'ente eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu n'ente n'ensi yonna, na buli ekyewalula ku nsi.
27. Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ya Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda.
28. Katonda n'abawa omukisa; Katonda n'abagamba nti mweyongerenga mwalenga mujuze ensi mugirye; mufugenga eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu na buli ekirina obulamu ekitambula ku nsi.
29. Katonda n'ayogera nti laba, mbawadde omuddo gwonna ogubala ensigo, oguli ku nsi yonna, na buli muti ogulimu ekibala ky'omuti ogubala ensigo, eri mmwe gunaabanga mmere;
30. N'eri buli nsolo ey'oku nsi, na buli ekyewalula ku nsi, ekirimu omukka omulamu, ngiwadde omuddo gwonna omubisi okubeeranga emmere; bwe kityo bwe kyali.

### **“Evolusoni”**

**Ekibuuozo :** “Evolusoni” kitegeeza ki? (Evolusoni y'endowooza abantu gye bayita eya Sayansi ng'ennyonyola entandikwa y'ensi n'omuntu. Endowooza eno egamba nti ensi yatandika okubeerawo oluvannyuma lw'okubwatuka okw'amaanyi era n'omuntu yava mu kisodde. Enkomerero evaamu kino eraga nti ekintu kigenda kikyuka okufuuka ekirala ate ekisinga kw'ekyo kye kibadde.

**Ekibuuozo: Bweba ng'endowooza ya “evolusoni” eyimiridde ku musingi munafu, Iwaki ate yamutawaana nnyo?** (Kubanga endowooza eno eya evolusoni egaana Katonda ayinza byonna, amanyi byonna, ataggwaawo era omutonzi wa byonna oba okumussa wansi w'eddaala lyaliko).

Tukirabye nti buli lwoggyawo Katonda mu kifo kye, omuntu asobola okukkiriza ekintu kyonna (okugeza omugendo guno ogw'omulembe omuggya, oba Eddiini z'ensi endala zonna enkulu eziri ebweru w'Obukristaayo bwa Baibuli). Mu ngeri endala , endowooza ya evolusoni esiga ensigo ey'okubuusabuusa ekigambo kya Katonda n'abo abamujjulira mu kutondebwa kw'ensi n'ebintu byonna.

### Akabenje akali mu ndowooza ya Evolusoni.

1. Evolusoni eraga obutonde bwa Katonda mu ngeri eya kifuula nnenge. Kino ekikola kubanga okufa n'okuvunda endowooza eno ekulaga ng'enkola ya Katonda ku butonde.

2. Okufa n'okuvunda tebyali kitundu ku nteekateeka ya Katonda ku nsi n'okutondebwa okuva mu ntandikwa. Katonda bwamala okutonda ekintu, omulimu gw'ogerwako nga ogwali omulungi era ogutuukiridde (Lubereberye 1:31).
3. Endowooza ya evolusoni ekendeeza Katonda n'emussa wansi. Ekifo kyokka ekiweebwa Katonda ky'ekitundu ku butonde endowooza eno kyetesobola kunnyonyola. Katonda assibwa nateekebwa ku ddala lya kuziba mabanga, ekyo nga kimutwala ku ddala nti alina wakoma oba aliko ekkomo.
4. Evolusoni egaana enjigiriza ya Baibuli. Okutondebwa nga bwe kuli mu Baibuli ekulaga ng'enger, so si alipoota ey'ebafaayo nga bwe byabeerawo. Tewali mu Baibuli wonna we kiragibwa nti ennyinnyonyola ya Baibuli ey'okutondebwa erina okutegeerebwa mu ngeri endala yonna etali mazima. "Kubanga mu nnamu omukaaga Mukama mwe yakolera eggulu n'ensi, ennyanja, n'ebintu byonna ebirimu, n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu; Mukama kyeyava aluwa omukisa olunaku olwa Ssabiiti, n'alutukuza (Okuva 20:11).
5. Evolusoni eggyawo ekyetaago eky'okulokoka "Mukama Katonda n'abumba omuntu n'enfuufu y'ensi n'amufuwamu mu nnyindo omukka omulamu" (Lubereberye 2:7). Evolusoni tekkiriza nti Adamu ye muntu eyasooka, oba nti yatondebwa okuva mu nfuufu ey'ensi. Evolusoni egamba Adamu yali lugero. Bwaba nga ddala Adamu teyaliyo:
  - Lwaki Yesu yali yeetaaga okufuuka omuntu? Ensonga yennyini lwaki Yesu yafuuka omuntu n'afa ku musaalaba kwe komiyawo enkolagana y'omuntu ne Katonda, eyali amaze okukosebwa olw'ekikolwa kya Adamu eky'obutagonda.
  - Lwaki Yesu yalina okufa? Awatali kugwa (Adamu bwe yayonoona n'agabana obutonde/embala ey'obutonde eri abantu bonna), wandibadde tewali lukonko wakati wa Katonda naffe.
6. Baibuli awo kiba kifuuka kitabo kya ngero oba mboozi ezagunjibwa obugunjibwa. Evolusoni ejjungulula ebiseera Baibuli nga bwebirambika, nga kino kiba kireetera byonna Baibuli byeyogera obutabitwala ng'ebikulu.
7. Okutondebwa olwo nno kuba okulaga ebiriwo mu butuufu mu ngeri y'ekifuula nnenge. Byonna byonna Baibuli byeyogera by'amazima agataliiko kibuuzo; ng'otwaliddemu n'obutonde mu sayansi.
8. Evolusion eba eggyawo ekigendererwa;
  - Omuntu kye kigendererwa ekikulu eky'okutondebwa kw'ensi ne byonna (Lub 1:27-28).
  - Omuntu kye kigendererwa ky'enteekateeka ya Katonda okununulibwa (Isaaya 53:3).
  - Omuntu kye kigendererwa ekikulu eky'omulimu ogwaleeta omwana wa Katonda [1Yokaana 4:9].

**Ekibuuzo: Kikola amakulu bw'okkiriza endowooza ya evolution waggulu w'okutondebwa?** Nnyo ddala bw'oba okkiriza endowooza y'omuntu okusinga obuyinza n'amazima g'ekigambo kya Katonda).

**OMUSOMO # 23:**

**AKABUGA KANO SI KANENE KIMALA KULWAFFE FEMBI  
OKUTONDA KUKWATAGANA N'EVOLUSONI (EKITUNDU 2).**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

*Kubanga Katonda si wa kuyoogaana, naye wa mirembe; nga mu kkanisa zonna ez'abatukuvu [1Abakkolinso 14;33].*

Ekigendererwa ky'okuyiga kwa leero.

Kwe kuwa obukakafu obw'ensonga obulaga nti ebizuulibwa mu kunoonyereza kwa sayansi ku ntandika y'obulamu n'amazima g'okutondebwa nga bwe galagibwa mu Baibuli tebikkubagana wabula bikiriziganya.

Weetegereze: Okuyiga kuno kutandika ku kajegere ku kutondebwa nga kukwataganye n'endowooza ya evolusoni. Akajegere kano kaja kawa Baibuli ky'eyogera ku kutondebwa n'okulaga obukakafu bwa Baibuli ne sayansi nga byombi biwagira okutondebwa.

Bino ebiwandiikiddwa mu kajegere k'okuyiga, biyinza okusoomooza ebirowoozo bingi ebikkirizibwa wonna ng'ebituufu. Ekigendererwa ky'ebi'okuyiga kuno si kuwakana ku busonga obutono, naye okuleeta okusoomooza gy'oli okulowooza ku nsonga eno ng'osinziira mu Baibuli.

Ennyanjula.

- Ebipimo bya sayansi biteeka obukulu bw'ensi ku myaka wakati w'obuwumbi obubiri n'obutaano (2-5billion).
- Okunoonyereza kwa sayansi kulaga nti ebintu byonna byajja birabika okumala emyaka mingi.
- Okuyiga kwa sayansi kulaga nti omuntu eyasooka yava mu kisodde (muzukulu wa kisodde).
- Okwekeneenya kwa sayansi kugamba nti ebitonde byali bivunda emyaka buwumbi na buwumbi omuntu nga tannabaawo.

Endowooza esinga okumanyika n'okuba n'etutumu eraga nti endowooza eno eya evolusoni yakakasibwa ng'entufu eya sayansi. Okunoonyereza kwa sayansi kuvuddeyo nnyo n'ebizuulibwa nga bingi okuwagira endowooza eno eya evolusoni.

**Ekibuuuzo: Tusobola tutya okukkiriza nti Baibuli ntuuufu ku bikwata ku kutondebwa mu mbeera eno nga waliwo obulinga obukakafu nga bwo buwagira endowooza eno eya evolusoni?**

(Tuwagira nnyo endowooza y'omuntu naye ate ne tutawagira kimala abajulizi ba Katonda). Bwe kituuka ku sayansi, omuntu alina okujjukira nti ekikkirizibwa ng'ekituuufu leero ebiseera ebisinga kikyuka bwe wabeerawo okunoonyereza ebippyaa n'ebizuulibwa . (Laba omusomo # 8).

Tewali w'ekiragibwa wonna mu Baibuli nti okutondebwa mu Lubereberye kusoboka okutegeerebwa mu ngeri endala esinga ku alipoota erambikiddwa mu bulambulukufu ng'eraga ebintu nga bwe byaliwo mu butuufu bwabyo.

Wabula endowooza y'omuntu ku nsonga eziri wakati wa sayansi n'okukkiriza yo eraga nti kisoboka. Ebiseera ebisinga endowooza za sayansi zogera ebintu ebiringa bino;

- Ekyogerwa bwe kiba nga tekisobola kukeberebwa mu bisenge bya laabu ebya sayansi ng'okozesa enkola za sayansi ow'obutonde, kiba tekisaanidde, tekiyinza kukkirizibwa wadde okwesigika.
- Ebizuulibwa mu sayansi birowoozebwa nga bya bwenkanya tebirriko kyekubira era biba bya buliwo.
- Ebyo ebyogerebwa ebiteekwa okukkirizibwa bitunuulirwa n'obutali bumativu.

**Ekipuuozo: Kisoboka ebyo Baibuli byeyogera okukkiriziganya ne sayansi?**

(Weewaawo eky'okuddamu kiri mu nkola ezikozesebwa ne mu nkula ya Baibuli).

**Akabuga kano si kanene kimala kulwa ffe fembi [Lubereberye 1;1-19].**

1. Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi.
2. Ensi yali njereere nga yeetabuddetabudde; n'ekizikiza kyali kungulu ku buziba; omwoyo gwa Katonda ne gumaamira kungulu ku mazzi.
3. Katonda n'ayogera nti wabeewo obutangaavu. Ne wabaawo obutangaavu.
4. Katonda n'alaba ng'obutangaavu bulungi: Katonda n'yawula wakati mu butangaavu n'ekizikiza.
5. Katonda obutangaavu n'abuyiga emisana, n'ekizikiza n'akiyita ekiro. Ne buba akawungezi, ne buba enkyा, olwo lwe lunaku olumu.
6. Katonda n'ayogera nti wabeewo ebbanga wakati mu mazzi, lyawulenga amazzi n'amazzi.
7. Katonda nassawo ebbanga n'yawula amazzi agali wansi w'ebbunga n'amazzi agali waggulu mu bbanga; bwe kityo bwe kyali.
8. Katonda ebbanga n'aliyita eggulu. Ne buba akawungeezi, ne buba enkyा, olwo lwe lunaku olw'okubiri.
9. Katonda n'ayogera nti amazzi agali wansi w'eggulu gakungaaniire mu kifo kimu, olukalu lulabike; bwe kityo bwe kyali.
10. Katonda olukalu n'aluyita ensi, n'ekkungaaniro ly'amazzi n'aliyita ennyanja; Katonda n'alaba nga birungi.
11. Katonda n'ayogera nti ensi emere ebimera, omuddo ogubala ensigo, omuti ogw'ebibala, ogubala ebibala mu ngeri yaagwo, ogulimu ensigo yaagwo, ku nsi; bwe kityo bwe kyali.
12. Ensi n'emere ebimera, omuddo ogubaala ensigo mu ngeri yaagwo, n'omuti ogubala ebibala, ogulimu ensigo yaagwo, mu ngeri yaagwo; Katonda n'alaba nga birungi.
13. Ne buba akawungeezi ne buba enkyा, olwo lwe lunaku olw'okusatu, olwo lwe lunaku olw'okusatu.
14. Katonda n'ayogera nti wabeewo ebyaka mu bbanga ery'eggulu, byawulenga emisana n'ekiro; bibenga ng'obubonero, n'ebiro , n'ennaku n'emyaka.
15. Bibenga ng'ettaabaaza mu bbanga ery'eggulu byakenga ku nsi: bwe kityo bwe kyali.
16. Katonda n'akola ebyaka bibiri ebinene: ekyaka ekisinga obunene okufuganga emisana, n'ekyaka ekitono okufuganga ekiro; era n'emmunyeenyenye.
17. Katonda n'abiteeka mu bbanga ery'eggulu byakenga ku nsi.

18. Bifugenga emisana n'ekiro, era byawulenga obutangaavu n'enzikiza: Katonda n'alaba nga birungi.
19. Ne buba akawungezzi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'okuna.

**Ekibuuozo: Sayansi kye ki?** (mu bufunze sayansi annyonnyola ebintu ebiriwo mu butonde). Sayansi y'sigamye ku birabibwa n'ebikolebwa nga bifaanangana. Ekintu okukasibwa mu sayansi, kiteekwa okuba nga kirabika, nga kiddingana era nga kipimika. Y'ensonga lwaki sayansi alina obuzibu mu kunnyonnyola ebyawandiikibwa. Kikulu okuyiga, okusoma obutonde naye si ebiri waggulu w'obutonde.

**Ekibuuozo: Sayansi annyonnyola eby'obutonde n'ebyawandiikibwa ebinnyonnyola ebyo ebiri waggulu w'obutonde bisobola bitya okukkiriziganya?** (Sayansi bwaba nga avunnuddwa bulungi akkiriziganya n'ebyawandiikibwa).

Katonda awuliziganya naffe mu ngeri za mirundi ebiri:

1. Okutwalira awamu; okuyita mu butonde, oba ensi etwetooloodde.
2. Mu ngeri eyenjawulo; okuyita mu byawandiikibwa: Baibuli

Okubikkulirwa kuno okw'emirundi ebiri kuva wa Katonda. Olw'okuba Katonda takontana nga ye-tumaliriza tugamba nti ebyo ebyawandiikibwa mu Baibuli n'ebyo bye tulaba ebitwetooloodde bikkiriziganya byombi. "Kubanga Katonda si wa kuyogaana naye wa mirembe [1Abakkolino 14:33].

**Ekibuuozo: Naye lwaki ebyo Baibuli , ne Sayansi byayogera ebiseera ebisinga birabikanga ebitakkiriziganya?** (Si Baibuli na sayansi bye bikuubagana, wabula sayansi n'ebyo ebrisomesebwa ku Katonda bye bikuubagana).

- Sayansi nga y'enzivvunula y'omuntu etatuukiridde ku nsi eno erabika.
- Okusoma ku Katonda y'enzivvunula y'omuntu etatuukiridde ku byawandiikibwa.

Amazima Katonda g'abikkulidde mu byombi: Obutonde n'ebyawandiikibwa byo bikkiriziganya. Enzivvunula yaffe enkyamu eya Sayansi n'ebyawandiikibwa bye birabikanga ebireeta akavuyo.

**Ekibuuozo: Naye tufuna tutya obukakafu nti Baibuli ntuufu naye ate nga tusisinkana n'akakuubagano n'okutoolebwako okw'ensonga okulabika mu sayansi?** (Tuwa nnyo obuwagizi ebyo ebirabika mu sayansi wabula ate ne tutawagira abo abakugu abajulira okutondebwa bye bajulira).

Bino bye bimu ku bintu eby'okujukira ng'osisinkanye akakuubagano wakati w'ebyawandiikibwa n'ebyo ebirabibwa mu sayansi.

- Katonda alina amaanyi agataliiko kkomo era tayimiriddewo ku mateeka ag'omubiri ge tulaba.
- Ebyafaayo bya sayansi biraga nti ebyo ebituufu mu mulembe ogumu biyinza okusaabululwa mu guddako okugeza: Kkolombasi bwe yali tannatabula okwetooloola ensi, kyali kikkirizibwa nti ensi y'esimba nga ntereevu. Emboozи nti ensi yali eteredde yali emanyiddwa ng'entuufu.

Naye mu 1492, Kkolombasi bwe yaseyeyya okwetooloola oguyanja ogwa Bbulu, natasanga nsi ng'ekoma, emboozzi eno egamba nti ensi yali ntoreevu yasasika kubanga ekituufu ekippy ya kyayanjulwa.

Kati olwa leero, awo Baibuli w'erabika ng'enkyamu mu bitundu ebimu kubanga ebizuulibwa mu sayansi bibisaabulula, oluvannyuma ate Baibuli ekakasibwa nga ntuuufu, ate obukakafu obuppya bwe buzuulibwa. N'olwekyo, tewali n'omu asobola okunafuya ebitundu ebimu mu Baibuli kubanga ku nsongya eyo sayansi ne Baibuli bikubaganye empawa.

Ka twejjukanye kw'ebyo bye twayize mu kuyiga kwaffe okw'emabega (#8) ng'eby'okulabirako.

Sayansi mu byawandiikibwa:

1. *Eggulu lyogera ekitiibwa kya Katonda: N'ebbangla libuulira emirimu gy'emikono gye.*
2. *Omusana gugamba ebigambo omusana. N'ekiro kiraga amagezi go.*
3. *Siwali bigambo newankubadde olulimi. Eddoboozi lyabyo teriwulikika.*
4. *Okuyigiriza kwabyo kubunye mu nsi zonna. N'ebigambo byabyo ku nkomereo y'ensi. Abitekeddemu enjuba eweema [Zabbuli 19:1-4].*

Ennono nnyingi mu sayansi w'omulembe omuggya zaawandiikibwa ng'ebituufu mu butonde mu Baibuli emyaka bikumi oba nkumi nga ne Sayansi tannabikakasa. Ebiramkiddwa mu butuufu byawandiikibwa, byawukanira ddala n'ebyo ebyali bikkirizibwa mu kiseera ekyo, okugeza:

- Ensi nnetoolooovu [ Isaaya 40:22].
- Empewo okutambula ng'ekyukakyuka [Omubuulizi 1:6].
- Amaanyi g'ensi agaleetera ebintu ebizitowa okukka [Yobu 26:7].

Wadde ng'amazima gano tegawandiikiddwa mu lulimi olw'ekikugu mu sayansi lwe tulina leero, naye byonna bikkiriziganya bulungi nnyo n'ebyo ebituufu mu sayansi.

Baibuli ewandiikiddwa mu ngeri nti ebintu birambikibwa nga bwe biri. Okugeza: eyogera ku njuba okuvaayo ku makya n'okugolooba akawungeezi. Tukimanyi nti enjuba tevaayo wadde okugolooba wabula ensi yetambula nga yetooloola enjuba, nga kino kiraga enjuba nga evaayo ate n'egwa. Naye tukozesa ebigambo evaayo era n'egwa ne mu mulembe guno ogwa sayansi agenze ewala kubanga kitegeerekeka bulungi eri abantu bonna. Olw'okubanga Baibuli eyogera mu ngeri eno; kitegeerekeka bulungi eri abantu ab'emirembe gyonna n'obuwangwa bwonna.

**Ekibuuzo: Bwe waba nga waliwo obukakafu nti Baibuli tekuubagana na sayansi, wabula ewagira n'okukkiriziganya n'ebyo ebizuulibwa mu sayansi, lwaki wakyaliwo okubuuusabuusa n'ebibuuzo ku mazima ga Baibuli bwe bituuka ku bintu bya sayansi? (Kubanga endowooza z'abantu okuyaayaana okunnyonnyola ebikwata ku butonde nga bwe butandika nga beewala Katonda ali waggulu w'obutonde).**

Ebiseera ebisinga, Baibuli eba etuwa eby'okuddamu ebiri waggulu w'obutonde. Eky'okulabirako, "naye ye w'olubereberye mu byonna, era ebintu byonna bibeerawo mu ye. [Abakkolosaayi 1:17].

Ebitonde byonna bisobola okusaasaana bwe wataba maanyi ge agabiwanirira. Baibuli etugamba lwaki ensi eri wamu, naye tetugamba Yesu bwakikola.

Katonda n'alaba buli ky'akoze; era, laba nga kirungi nnyo. Ne buba akawungeezi, ne buba enkyia, olwo lwe lunaku olw'omukaaga [Lubereberye 1:31]. Olunaku olw'ogerwako wano lwe lwa bulijjo olw'essaawa 24 olw'ekitangaala n'ekizikiza. Tewali Baibuli weeraga nti ekigambo kino olunaku olukozesebwa mu ntandikwa y'essuula esooka mu lubereberye lukozesebwa mu ngeri yanjawulo okuva ku bitundu ebirala mu kitabo , oba awalala wonna mu Ndagaano Enkadde.

Ebintu bino bizibu okukkiriza kubanga tetusobola kubitegeera n'amagezi g'obuntu. Okutondebwa kw'ensi kwali waggulu wa butonde. Olw'okubanga tetusobola kubitegeera, ebiseera ebisinga tunoonya okunnyonnyola eby'obutonde okusinga okunnyonnyola okuli wagguli w'obutonde.

Naye Katonda ali waggulu w'obutonde akolera waggulu w'obutonde, kizibu nnyo okukkiriza nti Katonda asobola akola ekintu kyonna?

Olw'okubanga tetusobola kunnyonnyola ebintu bye tulaba, tekitegeeza nti tewali kyakuddamu oba anti Baibuli nkyamu. Olw'okubanga Katonda ye mutandisi era omutonzi w'amaanyi gonna ag'obutonde, ekyo Sayansi ky'annonnyola n'ekyo Baibuli ky'eyogera ng'amazima olunaku lumu birirabibwa nga bikkiriziganya buli kimu ne kinaakyo.

Ebimu ku biwandiikkidwa mu kuyigwa biggyiddwa mu: Reasoning from the Scriptures Ministries, Dr. Don Rhodes. www.ChristianAnswers.net.

**OMUSOMO # 24:**

**OLUFULUBE LW'OBUJULIZI: OKUTONDEBWA KUKWATAGANA N'EVOLUSONI (EKITUNDU 3).**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

...ng'edda waaliwo eggulu, n'ensi eyavamu mazzi, olw'ekigambo kya Katonda.

6 ensi ey'edda amazzi kyegaava gagisaanyaawo n'ezikirira [2Peetero 3:5-6].

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okuwa obujulizi obw'ensonga obulaga nti ebyafaayo by'amataba nga bwe biweebwa mu Lubereberye essuula 6:9 byaliwo nga Baibuli bw,eyogera.

Weetegereze: Tukyagenda mu maaso n'olukalala lwaffe olukwata ku Katonda nga kukwatagana n'evolusoni. Mu lukalala luno tujja kulaga Baibuli ekyo kyeyogera ku kutondebwa era tuwe obujulizi bwombi obwa Sayansi n'obwa Baibuli nga tunyweza ebyo ebyogerwa.

Leero tujja kugatta wamu okwogera kwa Baibuli mu mataba n'obukakafu nga bwe bulagibwa mu sayansi nga bunyweza ekyo Baibuli kyeyogera. Ebimu kubiragibwa mu kuyiga kwa leero biyinza okusaabulula ebirowoozo bya mirundi mingi ebikkirizibwa okubuna wonna ng'ebituufu. Ekigendererwa kya leero kwe kuleeta okusoomooza gy'oli okulowooza ku nsongwa eno ng'osinziira ku Baibuli.

Ennyanjula.

Endowooza ya Sayansi eya evolusoni egamba nti obulamu bwonna obwa leero bwatandika nga buva mu kuzimba obutafaali obwetaagisa obulamu ne bugaitibwa wamu mu ngeri ennyangu ennyo, ne bufuuka obutafaali obulamu, obwo bwe bwagenda nga bweyubula mpola nga bukyuka bufuuka obulamu obw'omutindo ogwa waggulu nga bwe guli.

Baibuli egamba nti waaliwo amataba ag'amaanyi agabuna ensi yonna ne gazikiriza buli muntu okuleka Nuuwa n'ennyumba ye bokka, na buli nnyonnyi ey'omubbanga eyali ebeera ku nsi okuleka ebyo byokka ebyali mu lyato. Baibuli yeeyongerayo neyogera nti abantu bonna okuvira ddala kw'olwo baava mu ntumbwe za Nuuwa n'ennyumba ye, na buli kika kye nnyonnyi, ebisolo ne byonna ebyewalula ku nsi byava mwebyo Nuuwa n'ennyumba ye bye baakuma mu lyato.

Bwe biba ng'ebafaayo by'amataba nga bwe biweebwa mu Lubereberye essuula 6-9, ddala byaliwo ebyo.

Bwe biba ng'ebafaayo by'amataba nga bwe biweebwa mu Lubereberye essuula 6-9 nga ddala byaliwo, kino kiba kimala mu ensa endowooza ya evolusoni nga kinafuyiza ddala akajegere akaatekebwavo nga kalaga engeri ey'okugenda mu maaso okwa evolusoni. Ddala amataba ag'amaanyi agaabuna ensi yonna gaaliyo, era waliwo obukakafu nga bwo buweebwa sayansi okunyweza ebyo Baibuli byeyogera ku mataba.

Olufulube Iw'obujulizi – [Lubereberye 7:11].

Mu mwaka ogw'omukaaga ogw'obulamu bwa Nuuwa, mu mwezi ogw'okubiri, ku lunaku olw'ekkumi n'omusantu olw'omwezi ku lunaku olwo ne zizbukuka ensulo zonna, ez'omu nnyanja ennene, n'ebituli eby'omu ggulu ne bigguka [Lu b 7:11].

Obujulizi bw'ekyo ekyaleetera amataba okubaawo.

Bwe lityo ezadde ery'eggulu n'ensi bwe lyatondebwa, ku lunaku Mukama Katonda lwe yakolerako ensi n'eggulu. 5 Na buli muti ogw'omu nsiko nga tegunnaba kubeera wo mu nsi, na buli muddo ogw'omu nsiko nga tegunnaba kumera; kubanga Mukama Katonda yali nga tannaba kutonnyesa nkuba ku nsi; 6 naye olufu ne lulinnya okuva mu nsi, ne lutonnya amazzi ku nsi yonna [Lub 2:46].

Ensulo ezoogerwako wano z'ezo ezaatondebwa mu ntandikwa okufukirira ensi. Mu kusooka tewali nkuba, naye olufu (ensulo) ne zirinnya waggulu okuva mu nsi okufukirira amaaso g'ensi yonna. Ewigambo ky'Endagaano Enkadde eky'olw'Ebbulaniya ekitegeeza ensulo tekyogera ku lufu, omuzira, n'omusulo byokka naye ne ku gasulo agannene, agaleeta amazzi agookya.

**Ekibuuozo: Amazzi gonna agaaleeta amataba gaava wa?**

(Ensibuko enkulu ez'amazzi ag'amataba ze zaali ensulo, n'agasulo agoogeddwako nga n'ensulo eza waggulu tezinnaba kuzibukkuka).

Ensulo ez'omu nnyanja ennene.

....ne zibukuka ensulo zonna ez'omu nnyanja ennene n'ebituli eby'omu ggulu ne bigguka [Lub 7:11]. Olunaku amataba lwe gaatandika, Baibuli eraga nga waaliwo okuzibukuka, n'okweggula nga kino kitegeeza agaatika agannene mu ttaka. Amazzi agaali gakuumiddwa wansi mu ttaka gaabwatuka nga galina amaanyi ag'okuzikiriza.

Ne leero, okutuukira ddala ku bitundu kyenda ku kikumi ebiva mu kubwatuka eyo mu nsozi waggulu gaba mazzi nga gali mu ngeri y'omukka. Kubanga waliwo okubwatuka kw'enjazi munda ne mupipapajo mu byafaayo by'enjazi-kiba kya nsonga ensulo ezo ennene ezagguka muyinza okuba nga mwalimu okubwatuka okw'amazzi agookya nga gafubutuka okuyita mu ttaka.

....n'ebituli eby'omu ggulu ne bigguka [7:11]. Ensibuko endala ez'amazzi agaaleeta amataba ga Nuuwa kwali kugguka kwa bituli eby'omu ggulu. Enkuba yatonnyera ddala okumala ennaku ana emisana n'ekiro nga tesirikamu wadde, ekitegeeza nti okugguka kw'ebituli ye yali entadikwa y'okutonnya kw'enkuba omulundi ogusooka.

**Ekibuuozo: Ebituli bino Baibuli by'eyogerako kye ki?** Abayizi bangi batwala ebituli bino okuba olufu olwafuluma mu bbanga ne lwetooloola okubuna ensi yonna ne lukola amazzi agalinga omukka mu bbanga.

Ku lunaku olw'okubiri olw'okutondebwa [Lubereberye 1:6-8] Katonda yayawula mu amazzi agaali ku nsi okuva ku gaali waggulu w'ensi ng'assaawo ebbanga wakati w'amazzi ago. Mu bbanga lino oluvannyuma Katonda mwe yassa ebinnyonyi [Lub 1:20], kaakano ebbanga lino litegeeza empewo gye ttussa leero.

Kino Kitegeeza nti waaliwo amazzi agaali waggulu mu bbanga agataliwo leero. Amazzi gano tegasobola kuba bire kubanga ebire byo bibeererayo ddala mu bbanga okutonyesa enkuba.

Kyabaalibwamu obungi bw'amazzi mu ngeri y'omukka agasobola okwebunganya mu bbanga nga kibulangiti okwetooloola ensi. Kisoboka okuba amazzi mu ngeri y'omukka ag'enkana ko nga fuuti 40 obugazi; nga gamala okukola enkuba entonnyera mu nnaku 40 emisana n'ekiro.

Singa amazzi gano gaali lufu mu ngeri y'ebire, so si ng'omukka mu bbanga, olwondo, olufu olwo bwe lupimwa ng'enkuba, Iwandibadde luli wansi wa buyinki nga bubiri (two inches) nga buno kiba kizibu okuvaamu enkuba entonnyera ennaku 40 emisana n'ekiro n'evvaamu amataba.

N'olwekyo, kirabika nti ebituli egy'eggulu ebyogerwako mu Lubereberye 7:11 nga bigguka biraga okugwa kwa kibulangiti eky'amazzi mu ngeri y'omukka, ne gatonna ng'enkuba. Waliwo n'obujulizi obulala obulaga okubeerawo kwa kibulangiti eky'amazzi mu ngeri y'omukka amataba nga tegannabeerawo.

#### Ebiyumba ebikuuma ebirime ebyaka zibwako erya kiragala.

Amazzi mu ngeri y'omukka gayinza okuba nga gaakola engeri y'ekiyumba okwetooloola ensi, eyo okukira leero, ebbugumu ery'amaanyi g'enjuba nga lisikibwa munda mu kiyumba.

Kyeraga bulungi okuva mu kunoonyereza nti embeera y'ebiyumba bino yabeerawooko mu nsi, ng'erina embeera y'obudde okwetooloola ensi yonna, ne ku guwagi olwa leero okuli bi bbalaafu. Ng'eno yasobozesa ebimera okumera okwetooloola ensi yonna. Ebikakasa kino ge mmanda (coal) agalabika okuba nga gaavumbulwa mu Antarctica nga gaalina ebimera mu kiseera kino by'olosobola okusanga nga bimera awali ebiwagi bino olw'obunnyogovu, naye nga byo bimera mu mbeera ya bbugumu.

#### Ebbanga ly'obulamu.

Bajajjaffe aboogerwako mu Lubereberye baawangaalanga nnyo okumalira ddala emyaka nga 900. Kino kirabika ng'ekitakkirizika kubanga olwa leero tuwangaala emyaka wakati we 70-80. Wabula obukakafu obulala amazzi gano mu ngeri y'omukka oba kibulangiti kwe kuziyizibwa ebbugumu ery'obulabe nga lino lye luleetera abantu obutawangaala nnyo.

N'okugwa kw'amazzi gano mu ngeri y'omukka (okweggula kw'ebituli eby'eggulu), tekyewuunisa nti ebbanga omuntu ly'amala nga mulamu lyatandika okugenda nga likendeera mu myaka oluvannyuma lw'amataba. Ezadde eryava mu ntumbwe za Nuuwa oluvannyuma, emyaka egy'okubeera abalamu gyakkako wansi wa 900, era waayita ekiseera kitono emirembe egyaddako ebbanga ery'okuba omulamu lyakkira ddala wakati we 70 ne 80, era gino kaakano gye tuwangaala.

#### Obujulizi obw'amataba

Katonda n'ayogera nti amazzi agali wansi w'eggulu gakunganire mu kifo kimu, olukalu lulabike; bwe kityo bwe kyali [Lub 1:9].

**Ekibuuozo: Amataba bwe gamala okubeerawo, oluvannyuma amazzi gaalaga wa?**

(Ebyawandiikibwa biraga amazzi g'amataba gaakuluguukira mu gayanja.

8 Oba ani eyasiba ennyanja n'enziyi bwe yawaguza ng'ekiva mu lubuto;

9 Bwe nnafuula ekire okuba ekyambalo kyayo. N'ekizikiza ekikutte okuba ebire eby'okubikka.

10 Bwe nnalagira etteeka lyange, ne nzissaawo ebisiba n'enziyi

11 Ne njogera nti wano wokomanga so tosukkangawo; era wano amayengo go ag'amalala we gaziyizibwanga.

[Yobu 38:8-11].

**Ekibuuozo: Bwe gaba ng'amataba gakyaliwo ne leero, Iwaki ensozi empaavu ennyo tezibikkibwa n'amazzi?**

(Eky'okuddamu kisangibwa mu Zabbuli 104); wagibikkako ennyanja ng'ekyambalo; Amazzi ne gayimirira waggulu w'ensozi. Ggwe bwe wanenya ne gadduka; Eddoboozi ery'okubwatuka kwo bwe lyawulirwa ne ganguwa okugenda.

9 Wagalagira ensalo gye gatayinza kusukkako; Galeme okudda nate okubikka ku nsi.

Oluvannyuma lw'amazzi okubikka ensozi, Katonda yagakomya, ne gakendeera; ensozi ne zirabika nate, ebiwonvu ne bikka wansi, Katonda n'addamu n'akola ensalo, nate galeme okuddamu okubikka ensozi. Amazzi ag'amataba n'amazzi agawandikiddwa mu Zabbuli 104 ge gamu!

Kyenkana ebitundu 70 ku kikumi eby'ensi bibikiddwa mazzi. Leero, singa ensi yonna etereezebwa n'oggyamu ebigulumidde ng'ensozi n'enjazi n'oleka olukalu lwokka, amazzi agali mu gayanja gayinza okubuna olukalu lwonna n'obuwawanvu bwa mayiro nga bbiri okukka wansi. Amazzi ag'amataba ga Nuuwa olwa leero ge gali mu gayanja ago.

Obujulizi buno kirabika bulaga nti okuyita mu mataba Katonda yakyusaamuuko ku nkula y'ebiri ku nsi.

- Ettaka eriggya ku ssemazinga lyayongerwako okusobola okugulumiza ensozi.
- Amazzi ag'amataba gaasenda ne gatereeza ettaka erikola olukalu lw'ensi ng'agayanja gateekebwaa wo okumira amazzi g'amataba ensi okuddamu okufuuka olukalu.
- Ng'ensozi zigulumira, n'ebiwonvu bikka wansi, amazzi gaakala ne gagweerawo ddala ku lukalu.
- Obwangu amazzi gano bwe gaakozesa n'obungi bwe gaaliko bwe bwakola enkula y'ettaka n'ebyo ebiririko nga bwe tubiraba leero, ng'otwaliddemu n'ebifo nga Grand Canyon.

Ye nsonga Iwaki emirundi egisinga, ebiwonvu ebiriwo leero binnene nnyo okusinga bwe byandibadde, bwogerageranya n'emigga emitono kaakano egikulukuta nga gibiyitamu. Mu ngeri endala, okulukuta kw'amazzi kwe kwakola ebiwonvu bino, okugeza; Grand Canyon eteekwa okuba nga yali nnene okusinga amazzi agakulukutira mu mugga ogwo leero.

Okuwumbawumba.

Abantu leero bagamba ebyoyerwa ku mataba ga Nuuwa nga bwe biri mu Baibuli tegabuna kubikka nsi yonna ng'otwaliddemu n'ensozi ez'ennaku ezo, wabula ekitundu kyokka ekya Mesopotamiya. Bagamba nti abantu bonna mu nsi osanga baali mu kitundu kino kyokka, osanga abantu bonna abaali ku nsi tebaattibwa na mataba.

Naye byombi; Endagaano Enkadde mu lw'Ebbulanyia n'Oluwonaani (Endagaano Empya), ebigambo ebikozesebwa okunnonnyola amataba ga Nuuwa byanjawulo kw'ebyo ebya bulijo ebikozesebwa nga boogera ku mataba. Bannyonnyola ejega eyaliwo nga yanjawulo nnyo.

Baibuli yo eyigiriza nti amataba ga Nuuwa mu kiseera ekyo gaabuna ensi yonna era byonna ebyalina obulamu; ensolo n'abantu byaafa okuleka ebyo ebyali mu lyaato. Baibuli esobola etya okuba enambulukufu okusingako awo ku mataba ag'ensi yonna, oba, bwe gaba nga gaali mataba ga mu kitundu kimu, yandibadde esobola etya okukyamya abantu kw'ekyo eyaliwo?

Ebimu ku biwandiikkidwa mu kuyiga kuno byasimbulibwa okuva mu: The Answers Book, Revised Edition, by Ken Ham, Andrew Snelling and Carl Wieland, ekyafulumizibwa ba Master Books , 1992.

**OMUSOMO # 25**  
**OKUTONDEBWA KUKWATAGANA N'EVOLUTION (EKITUNDU 4)**  
**TAATA WO TEYALI NKIMA.**

Okwejjukanya awaka

Ebibuuzo n'olunyiriri

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

Katonda n'akola ensolo y'ensi mu ngeri yaayo, n'ente mu ngeri yaazo, na buli ekyewalula ku nsi mu ngeri yaakyo:  
Katonda n'alaba nga birungi [Lub 1;25].

Ekigendererwa ky'okuyiga.

Okuwa okunoonyereza kwa sayansi nga kulaga obukakafu nti abantu tebaava mu bisodde.

Weetegereze: Ebiwandiikkida mu kuyiga kuno biyinza okusoomooza ebirowoozo ebikkirizibwa wonna ng'ebituufu mu sayansi. Njagala okubiriza ggwe okulowooza ku nsonga eno ng'osinziira ku Baibuli.

Ennyanjula

Endowooza eyetutumu eri nti evolusoni nga bweri mu sayansi w'obulamu yakakasibwa nga entuufu mu sayansi.

Lowooza ku mutwe oguli ku lupapla 7 mu kitundu A olw'amawulire ag'oku makya mu Dallasi, olw'okutaano 23.1999.

Ebitundu by'ekiwanga bibikkula ebippy; biziba omuwaatwa ogwa evolusoni ku muntu.

"Ebitundutundu ebiwerako eby'obuwanga okuva mu ddungu lya Ethiopia biyinza okuziba omuwaatwa ku nsibuka y'omuntu , ebintu eby'edda ebiweza emyaka obukadde 25, bikiikirira ekika ekiggya eky'omuntu gy'asibuka nga bimukwataganya ne bajajja be, alipoota y'abanoonyereza, lwakutaano akatabo k'amawulire aga Sayansi.

- Baibuli egamba nti abantu bona leero basibuka mu muntu eyasooka; omusajja n'omukazi abaatondebwa Katonda.
- Banna-evolusoni bagamba nti obulamu bwonna obwa leero bwakyukanga mpola nga buva mu kiramu ekirina akatofaali akamu, ne bagenda nga bukula mu mutindo gw'obulamu ogwa waggulu, nga bajulira nti ekituufu kiri nti abantu n'ebisodde balina okufaanagana mu ndaga butonde ky'enkana emirundi kikumi ku kikumi.

**Ekibuuzo: Bwe tuba nga tetwajja nga tukyuka mpola mpola okuva mu bisodde tusobola tutya okuwa eky'okuddamu eri ebyo ebikakasibwa ng'ebituufu abo abasayansi nti mwe twava?**

**Taata wo tebangako nkima –Lubereberye 1:26-29 .**

26 Katonda n'ayogera nti tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi kyaffe; bafugenga eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu n'ente n'ensi yonna na buli kyewalula ku nsi. 27 Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ye Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda. 28 Katonda n'abawa omukisa; Katonda n'abagamba nti mweyogerenga mwalenga mujjuze ensi mugirye; mufugenga eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu na buli ekirina obulamu ekitambula ku nsi. 29 Katonda n'ayogera nti laba, mbawadde omuddo gwonna ogubala ensigo eri mmwe gunaabanga mmere.

Obujulizi obulaga nti okufaanagana kw'endaga butonde teziraga nti ensibuko y'emu.

Okufaanagana mu bimu si kabonero ka ku ntikko akalaga nti ensibuko y'emu (evolusoni) naye kasonga ku eyategeka (okutondebwa). Lowooza ku kino: Emmotoka ya Porsche ne VW Beetle zombi zirina awayisa empewo, sirinda za yingini nnya nga zesimbye zoolekanye, sasipensoni ezeetongodde, enzigi bbiri, bbutu mu maaso gaazo n'ebirala bingi bye zifaanaganya.

**Ekibuuuzo: Lwaki emmotoka zino zombi nga zanjawulo zirina ate bye zifaanaganya?**

(Kubanga eyazikola ali omu).

Ekibuuuzo: Singa abantu baali banjawulo nnyo okuva ku biramu ebirala, ova buli kiramu nga kyali kyanjawulo nnyo okuva ku kirala. Kino kyandibadde kiraga Katonda omuronzi omu? (Nedda! Mu butuufu, twandibadde tulowooza waliwo Abatonzi bangi). Okuba ng'obutonde bulina ebifaanagana, kyoleka Katonda omu ow'amazima eyakola okutonda kwonna. *Baibuli egamba, kubanga ebibye ebitabalika okuva ku kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeererwa ku bitonde, obuyinza bwe obutaggwaawo n'obwakatonda bwe; babeere nga tebalina kya kuwoza [Abaruumi 1:20].*

**Ekibuuuzo : Lwaki ggwe nange tulya emmere?** (Okutuwa ebiriisa, amaanyi okusobola okuba abalamu). Singa abantu baali banjawulo okuva ku bintu ebirala ebirina obulamu, twandibadde teturiwo kubanga ebintu birina okufaanagana ekimala mu kukolebwa kwabyo gye tuli ffe okuba emmere!

- Abantu n'ebisodde waliwo bingi bye bafaanaganya mu ndabika, kale tusuubira nti ne mu ndaga butonde waliwo okufaanagana.
- Obusobozi bw'ebirungo ebikola obulamu bye bimu eri ebintu ebirina obulamu. Waliwo ekipimo ky'okufaanagana wakati wa ndaga butonde y'ekizimbulukusa n'eyabantu. Kubanga obutafaali obw'omuntu busobola okukola ebintu bingi nga n'ekizimbulukusa kibikola, tugabana ebifaanaganba bingi mu ndaga butonde.

**Ekibuuuzo: Abantu n'ebisodde balina ebitundu 96% bye bafaananya mu butonde. Ekyo kikakasa nti abantu baagenda bakyuka mpola okuva jjajja y'omu n'ekisodde? [Nedda].**

Okufaanaganya ekikula tekitegeeza kufaanaganya mirimu/mugaso. Gerageranya sentensi zino ebbiri:

- Waliwo abantu bangi abanyumirwa okugenda mu kuyiga Baibuli, okusoma ku kigambo kya Katonda
- Abantu si bangi abanyumirwa okugenda mu kuyiga Baibuli okuyiga ekigambo kya Katonda.

Sentensi zino zirina ebitundu 97% mu kikula kyaazo, naye ate zaawukanira ddala mu makulu. Mu ngeri y'emu endaga butonde zisobola okufaanagana mu kikula, naye ate tewali kufaanagana mu mirimu/mugaso.

#### Okuwumbawumba.

Okufaanagana kw'endaga butonde tekitegeeza ekyo abawolereza ba evolusoni bye boogera. Wadde taatawo wadde jjaajjavo tebaali nkima!

Ebiwandiikkidwa mu kuyiga kuno biggyiddwa mu: Answers in Genesis omuwandiisi Dr. Don Battern, Ph'D.

### **OKWEBAZA KISEERA KYA KWEBAZA N'OKUWAAYO.**

1. *Mumwebazenga Mukama, mukaabirenga erinnya lye; mumanyisenga ebikolwa bye mu mawanga.*
2. *Mumuyimbirenga, muyimbenga okumutendereza; mwogerenga ku byamagero bye byonna [Zabbuli 105:1,2].*

Okwebaza kwe kubeera ku kusanyuka ng'osiima ekyo kyoweedreddwa. Leka tulowooze kw'ekyo kye tufunye okumala akaseera. Soma olunyiriri oluddirira: Ensi ya Mukama n'okujula kwaayo.... [Zabbuli 24:1].

**Ekibuuzo: Buli kintu kyonna ky'olina kiva wa?** (Buli kinti kyonna kye tulina kiva kw'ebyo Katonda byabaatuwadde).

**Ekibuuzo: Waliwo omuntu yenna eyali awaddeyo okusinga Katonda?**

- *Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo [Yokaana 3:16]. Katonda atuwa obulamu obutaggwaawo ng'ekirabo.*
- -----eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawuliranga, n'ebitayingiranga mu mutima gw'omuntu, byonna Katonda bye yategekera abamutya [Abakkolinso 2:9]. Katonda alituwa ebisukuluma okutowooza kwaffe.

Katonda akakasa Abakristaayo (Abo abaasembeza Kristo mu bulamu bwabwe ng'Omukokozi era Mukama waabwe), nti olunaku luliba lumu, balibeera wamu naye mirembe n'emirembe mu bifo ebya waggulu! Naye...ebiseera ebimu twerabira ekisuubizo ekirala ekirungi ennyo Katonda ky'akola.

"Nze najja mube n'obulmau , mube nabyo mu bungi ddala [Yokana 10:10]. Yesu agamba nti takuwa butuuze kyokka mu ggulu, naye ate n'obulamu obusingayo okuba obulungi ku ludda luno olw'eggulu! Katonda atuwa ekyo ekisinga okuba ekirungi mu nsi zombi!

**Ekibuuozo: Bantu ki abalina bye bakuwadde?** (Abazadde abakulaga okwagala kwa Katonda, abasomesa abakuyamba okuyiga ku ssomero, abatendesi abakuyamba okumanya emizannyo, abasirikale abakuuma ensi yo ng'erina emirembe). Lowooza ku ngeri gy'okiuliramu omuntu bwabeerako ne kyakuwa.

Mazima ddala bingi ebituweereddwa era tulina bingi eby'okwebaliza. Ka tubugumemu katono nga tetunaatuka ku kazannyo ku nkomerero y'okuyiga kuno:

**Ekibuuozo: Ogw'omwenda nga 11, 2001-olunaku abasajja lw'ebaavuga ennyonnyi okugiyingiza mu kizimbe eky'ebi'obusuubuzi ekya World Trade Centre mu New York- ki ekyaliyo eky'okwebaliza?** [Katonda yakkiriza okuzikiriza kutono okusinga bwe kyandibadde, abantu bangi batadde okukkiriza n'obwesige bwabwe mu Yesu Kristo ng'Omulokozi waabwe, n'okuza obuggyaa obulamu obw'okusaba, n'okujjumbira okungaana mu kkanisa].

**Ekibuuozo: Waliwo okulwala okw'amaanyi mu nnyumba yo, ki ky'osobola okuzuula nga kya kwebaliza?** (Obulamu bw'olina, okwagala kwa Kristo okoklera mu bantu okubayamba , essuubi mu bulamu obulungi mu maaso).

**Ekibuuozo: Tiimu yo ey'ebi'emizannyo ye yasembye mu liigi, ki ky'osobola okwebaliza?** (Obulamu bw'omubiri okusobola okuzannya, okuyiga n'okukula mu kutegeera emizannyo, okufuna okuyiga obulungi okuyamba ne bwoba toli mizannya: okwegendereza okugumikiriza, ekisa).

**Ekibuuozo: Tunula okwetooloola awaka, ki ky'ozuula eky'okwebaliza?** (Abantu bawaka okubeera n'amaka, engoye, emmere n'ebirala.

**Ekibuuozo: Tunula okwetooloola ekkanisa ki ky'olina okwebaliza?** (Yesu Kristo, omusumba, ekifo aw'okusinziza).

**Ekibuuozo: Katugambe osisikanye omuntu atalina waka, n'akubuuza , nze ki kyeniza okwebaliza?** (Katonda okusisinkana ebyetaago byo okwagala n'okufaayo kw'abantu – teweerabiranga, okyalina omukisa okuba n'awaka nate).

Tulina bingi eby'okwebaliza Katonda, naye ekitundu eky'okubiri eky'okwebaza kyo kya ku waayo, kale katwogere ku kuwaayo:

**Ekibuuozo: Waliwo engeri ssatu ez'okuwaayo, olowooza ze ziriwa?**

1. Tusobola okuwaayo ebiseera byaffe
2. Tusobola okuwaayo obusobozi bwaffe.
3. Tusobola okuwaayo ssente zaffe.

**Ekibuuzo: Lwaki tulina okuwaayo?** Baibuli egamba nti:..... *mwaweebwa buwa, nammwe muwenga buwa [Matt 10:8]. (Waayo kubanga naawe waweebwa). Baibuli egamba nti Asiga entono; alikungulu ntono, asiga ennyingi alikungula nnyingi. 7 Buli muntu akolenga nga bwamaliridde mu mutima ggwe si lwa nnaku, newankubadde okuwalirizibwa; kubanga Katonda ayagala oyo agaba n'essanyu [2Abakkolins 9:6,7].*

**Ekibuuzo : Ki kye tuyinza okuwaayo?** (Omukisa bwe gubaawo, gabana n'abalala). Baibuli egamba nti mugabirenga abatukuvu abali mu bwetaavu [Abaruumi 12:13]. Ekiseera kyonna kiba kituufu kya kugaba1.

Ng'okwebaza kuno bwe kuggulawo ebiseera by'oluwummula, kiba kiseera kya kunoonyereza engeri z'okugabamu:

**Ekibuuzo: Osobola otya okussa mu nkola ng'owaayo obusobozi bwo, obudde bwo, n'essente zo?**

Nsobola okozesa obusobozi bwange;

- Awaka – nga nnyamba okutegeka awaka.
- Ku ssomero – nga nnyamba ko mu kutegeka mu pulojekiti ya sayansi.
- Ku kkanisa nga nnyimba mu kwaaya.
- Ku kitundu-nга nnyambako muliraanwa omukadde.

Nsobola okokozesa ebiseera byange;

- Awaka – nga nnyambako mu mirimu egypt'awaka.
- Ku ssomero – nga nnyambako mu kunganya ssente za pulojekiti.
- Ku kkanisa – nga nnyambako mu Sunday school.
- Mu kitundu – nga nennyigira mu bulungi bwa nsi.

Nsobola okokozesa essente zange;

- Awaka – okugula – ekirabo egypt'awaka wonna.
- Ku ssomero – okugulira mukwano gwange egypt'emisana.
- Ku kkanisa – nga mpaayo 10% eri mu kkanisa.
- Mu kitundu – nga mpaayo eri abantu abali mu bwetaavu.

**OKUYIGA OKWENJAWULO KU SSEKUKULU/MAZAALIBWA.**

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

*Era, laba, oliba olubuto, olizaala omwana ow'obulenzi, oli mutuumma erinnya Yesu [Lukka 1:31].*

Ekibuuozo eky'okubaganyaako ebirowoozo

Biki by'osinga okunyumiwa bw'ojjukira ku mazaalibwa?

**Emboozi ku mazaalibwa [Lukka 2:1-7].**

Awo olwatuuka mu nnaku ezo etteeka ne liva eri Kayisaali Augusto ab'ensi zonna okuwandiikibwa 2 Okwo kwe kuwandiikibwa okwasooka okubaawo Kuleniyo bwe yali nga y'afuga Obusuuli. 3 Bonna ne bagenda okwewandiika, buli muntu mu kibuga kyabo 4 Ne Yusufu n'ava e Nazaleesi mu kibuga eky'e Ggaliraaya, n'alinnya e Buyudaaya okugenda mu kibuga kya Dawudi, ekiyitibwa Besirekemu, kubanga yali wa mu nnyumba era wa mu kika kya Dawudi 5 yeewanndike ne Malyamu, gwe yali ayogereza, ng'ali lubuto. 6 Awo olwatuuka baali bali eyo, ennaku ze ez'okuzaala ne zituuka. 7 N'azaala omwana we omubereberye ; n'amubikka mu ngoye ez'omwana omuwere n'amuzazika mu kisibo kubanga tebaalaba bbanga mu kisulo ky'abagenyi.

Emboozi y'amazaalibwa, bulamu obwewuunyisa kyamagero ku luguuddo olws 34. Kyangu nnyo obutafuna makulu ga mazaalibwa singa by'omanyi ku mazaalibwa, by'ebyo by'olaba ku terefayina, oba mu masitoowa, osobola okulowooza nti amazaalibwa kwe kugula n'okufuna ebirabo, okubeera ku bubaga, naye amazaalibwa gasingako kw'ebyo.

**Ekibuuozo: Amazaalibwa kye ki?** (Kwe kusanyuka n'okujaguza olw'ekyo ekyabaawo mu byafaayo emyaka nga 2000 emabega).

**Ekibuuozo: Amazaalibwa g'atandika ddi?** (Emboozi eyo eyamazaalibwa yatandikira ddala mu mutima gwa Katonda nga n'ensi eno tennatondebwa).

Ku Lubereberye, Katonda y'atonda ensi era n'ayogera nti nnungi. Awo nno Katonda natonda omuntu eyasooka. Adamu, n'omukazi eyasooka, Kaawa. Be baali enkulungo y'okutondebwa. Mu ntandikwa baali batuukiridde, nga Katonda bwe yali abaagalira ddala okubeera.

**Ekibuuozo: Katonda y'alina ekigezo eri okwagala kwa Adamu ne Kaawa. Ekigezo kya Katonda kyali ki?** (Ekigezo kya Katonda eri okwagala kw'abantu kwali kugonda). Naye Adamu yasalawo okulondawo ekyo ekyali kyawukana n'ekyo Katonda kye yali ayagala abeere. Yasalawo okujeemera Katonda era mu kiseera ekyo yakka wansi w'omutindo ogw'okutuukirira. Kaakano, Adamu yali alowooza mu ngeri gye yayagala. Yali takyasobola kubeera ekyo Katonda kye yali amutegekedde mu kusooka.

**Ekibuuozo: Ki ekyabaawo olw'okujeema kwa Adamu?** (Olw'okwonoona kwa Adamu ggwe nange twyawukana okuva ku Katonda).

Baibuli egamba nti olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna mu bona, kubanga bona baayonoona [Abaruumi 5:12]. Buli muntu okuva ku Adamu, aze asikira obuzaaliranwa buno obw'okujeemera Katonda. Erinnya eddala ery'okujeemera Katonda "kibi". Era olw'okuba nti Katonda mutukuvu eyayawulibwa okuva ku kibi-omuntu omwonoonyi tasobola kuyimirira mu maaso ga Katonda. N'ensi Katonda gye yatonda yafirwa ekyali okusooka mu bulungi.

**Ekibuuzo: Katonda y'akola ki?** (Y'akola okusuubiza ekisuubizo kiri nti "siribaleka mu mbeera eno emirembe gyonna awatali ng'eri ya kubataasa okuva mu kibi n'okunjawukanako. Njakussaawo engeri okutinda olukonko luno lunene olubawula ku nze musobole okujja gyendi. Engeri gyenja okussaawo eribalaga okwagala kwe mbagala, n'okwagala kwe njagala mube nakwo gye ndi n'eri buli omu ne munne").

Okuvira ddala Katonda bwewakola ekisuubizo eky'asooka waliwo abo abakkiriza. Waliwo abantu abatadde okukkiriza n'obwesige mu kigambo kya Katonda.

Emyaka nga 2000 egiyise, mu kiseera ekyo ekituufu, waaliwo omuwala omuto ayitibwa Maliyamu ku kaalo akatono ak'e Nazaaleesi mu Galiraaya. Maliyamu yali mbeerera, nga si mufumbo, naye ng'ayogerezebwa omusaja ayitibwa Yusufu.

Maliyamu yakkiriza ekisuubizo kino Katonda kye yakola. Ne yeesiga Katonda olunaku olumu bwe yali ng'asaba, Malayika, omubaka okuva eri Katonda n'ajja gyali.

**Ekibuuzo: Omubaka ono yamugamba ki?** (Malayika yamugamba obutatya-yali wakuzaala omwana – eyatondebwa mu ye olw'amaanyi g'omwoyo wa Katonda. Yali wamutuuma erinnya lye Yesu, eritegeeza Omulokozi oba Katonda alokola).

Eno yali nteekateeka ya Katonda okussawo engeri y'okudda gyali, nga bwe yasuubiza. Malayika era nalabikira Yusufu. Maliyamu ne Yusufu bajjula essanyu okulondebwa okuba abazadde b'omwana Yesu abaali ab'okutulaga engeri Katonda gye yali atwagala.

Ng'eno Maliyamu ebisa binaatera omusimba eby'okuzaala omwana ono, Kayisaali eyali afuga ensi n'agamba buli omu okugenda mu kitundu gy'azaalibwa okwewandiisa n'okubalibwa. Maliyamu ne Yusufu ne bagenda e Beserekemu nga bakatuuka, ekiseera kye ky'okuzaala omwana ne kituuka mu Beserekemu, omujuzzo gwali mungi nnyo, ebisulo byonna byali bijjudde, naye Maliyamu ne Yusufu ne bafuna we beewogoma, Maliyamu n'azaala omwana we n'amuzazika mu kiraalo ky'ente.

**Ekibuuzo: Ekiraalo kye ki?** (Ekiraalo kye kiyumba ebisolo by'awaka mwe bibeera).

**Ekibuuzo: Omwana ono ayitibwa Yesu ye ani?** (Omwana ono kyali kirabo Katonda kye yawa ensi – omuntu omulamu owa ddala, eyazaalibwa omukazi, naye ate nga yali mwana wa Katonda. Yesu yali Katonda kikumi ku kikumi, ate yali kikumi kukimu muntu. Nga Katonda bwe yalagira Yusufu ne Maliyamu ne bamutuuma erinnya lye Yesu (Erinnya erimanyiddwa ku Yesu leero lyandibadde "Yoswa" eritegeeza nti Katonda alokola, ne Katonda ali nnaffe), ye yali ow'okuba Omulokozi w'ensi).

Mu kiseera ekyo ebweru ku ttale mu Beserekemu, waaliwo abasumba abalunda endiga. Amangu ago, ne balaba ekitangaala ekinene waggulu, Malayika n'abalabikira.

**Ekibuuzo: Malayika y'agamba ki?** (Ebyawandiikibwa bigamba; *waaliwo abasumba mu nsi eyo abaatuulanga ku ttale, nga bakooma ekisibo kyabwe ekiro mu mpalo.*

*Malayika n'abagamba nti temutya, kubanga laba mbaleetera ebigambo ebirungi eby'essanyu eringi eririba eri abantu bona.*

11 Kubanga leero azaaliddwa gye muli Omulokozi mu kibuga kya Dawudi, ye Kristo Mukama waffe. 12 Kano ke kabonero gye muli; munaalaba omwana omuwere ng'abikkiddwa mu ngoye ez'obwana obuwere ng'azazikiddwa mu kisibo [Lukka 2:10-12].

Amangu ddala, egghe lya bamalayika ne lirabika ne Malayika nga batendereza Katonda nga bagamba nti "Ekitiibwa kibe eri Katonda ali waggulu ennyo, ne ku nsi emirembe gibe eri abantu bona abalabye ekisa". Abasumba bali kw'abwo abakkiriza ekisuubizo kya Katonda, n'olwekyo baayanguwako nnyo okugenda eri ekiraalo, ne bafukamira ne basinza omwana.

**Ekibuuzo: Ekiro Yesu mwe yazaalibwa, Iwaki olowooza nti bamalayika baalabikira basumba mu kifo kya bakabaka, oba abamassaza oba abakungu ba gavumenti oba abakulembeze b'eddiini?** Olw'omulimu gwabwe ogunyoomebwba, abasumba nga balabibwa abaalemererwa mu bantu. Baali abantu abatalina eyali ayagala okwetaba nabo nga bwoyinza okulaba oba abalalina we baabeera leero. Yesu ye yajja kubbera naabo abaavu, abo abasinga okubeera n'obwetaavu. Kubanga Yesu ye talinaayo atamutuukirira). Osobola okulowooza ku ssanyu abasumba lye baalina bamalayika ab'eggulu bwe baabalabikira mu kiro Yesu mwe yazaalibwa?

Mu kitundu eky'ensi endala, mu kiseera ekyo ekyayitibwa Buperusi, nga mu kiseera kino nga ye Yiraaka ne Yiraani, waaliyo abasajja abagezigezi, nga bawabuzi ba Kabaka waabwe nga basoma ku by'emunyeeny.

Ekyabeeunyisa, emmunyeeny empya etangaala ennyo nerabika mu bwangu. Era baali bawuliddeko ku kisuuubizo Katonda kye yali akoze. Ne batandika olugendo Iwabwe, nga bagoberera emmunyeeye okumanya wa gy'eneebakomya. Tetumanyi abagezigezi bameka abajja okulaba Yesu, naye kye tumanyi nti baaleeta ebirabo bisatu.

**Ekibuuzo: Birabo ki abagezigezi bano bye baaleeta?** (Zaabu, ebyakaloosa, n'obubaane).

**Ekibuuzo: Ebirabo bikkirira ki?** (Buli kirabo ku bino kirina kye kikiikira ku bulamu bwa Yesu n'omulimu Katonda gwe yamutuma okutuukiriza). Zzaabu kyo kirabo kya kabaka, kubanga Yesu ye kabaka waffe ow'omuggulu.

Obubaane bukозесебва mu kusinza Katonda, kubanga Katondaa yeeraga yekka ng'ayita mu muntu Yesu.

Ebyakaloosa byo biba kawoowo ebikozesebwa mu kuteekateeka omuntu agenda okuziikibwa ng'afudde. Ensonga Iwaki Yesu yajja kwe kufa, ng'okuyita mu kufa kwe, asasule omuwendo oguijjudde ogwali gwetaagisa okutusonyiwa ebibi bye twakola eri Katonda.

Ebyo bye wakawulira y'emboozi nga bulijjo bw'eyogerwa ku ssekukulu. Naye amakulu gaayo ngandiba amatono ennyo singa togattako ekitundu kino ekigoberera:

Maliyamu ne Yusufu baadayo n'omwana waabwe e Nazaleesi. Yesu yali ajuziddwa Omwoyo wa Katonda. Yabeera mu bulamu obutuukiridde. Yali mugonvu eri Katonda bulijjo.

**Ekibuuzo: Yesu Katonda yali amuyita ani?** (Yesu yali ayita Katonda nti taata). Yesu atujukiza nti Katonda kyayagala y'enkolagana eya ddala ey'obuntu naawe, nga taata bwayagala omwana we ow'obulenzi oba ow'obuwala. Yesu era atujukiza nti Katonda atwagala era atukkiriza nga bwe tuli era mu ngeri y'e,mu. Katonda ayaayaana ffe okwagalana fekka na ffekka.

**Ekibuuzo: Yesu yajja kola ki?** (Yesu yajja okuwa obulamu obuggyga era obw'enjawulo eri oyo yenna abusaba). Bwe bulamu obusinga obulungi omuntu bwayinza okulowoozaako. Obulamu buno Yesu bwagaba, tebuggwaawo – era butandikira awo w'ennyini w'otandikira omwesiga n'omukkiriza.

Ku myaka 33, ng'amaze okuyigiriza n'okukola ebintu bingi, Yesu yattibwa ku musaalaba abantu abaali tebasobola kumukkiriza ekyo kyali. Waliwo abantu abaagaana nate okwagala kwa Katonda.

**Ekibuuzo: Yesu baamutta nga bamuvunaana ki?** (Yesu teyaffa lwa kikolwa kyonna kya bujeemu ku lulwe- obulamu tebwaliko kyakunenyezebwa. Wabula y'afa olw'okugondera Katonda- kitaawe). Yesu yafa olw'okusaawo engeri ey'okutaasa oyo yenna alondawo okununulibwa okuva mu kibi n'okwawukana ku Katonda.

Bwe twonoona, tuba tuziza omusango eri Katonda. Olw'okuba tuli bantu, omuntu yekka ye yali asobola okusasula engassi y'ensonga lwaki y'atuma Omwana Yesu gye tuli. Yesu muntu kikumi ku kikumi-y'abeera mu bulamu obutaaliko kya kunenyezebwra nga butuukiridde. Yesu Katonda ddala, alina obusobozi okuggyawo ebibi bya bona n'abitwalira ddala "ng'ekibi bwe kyafugira mu kufa, era n'ekisa bwe kityo kiryoke kifuge olw'obutuukirivu okuweesa obulamu obutaggwaawo, ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe [Abaruumi 5:4], [2Abakkolinso 5:21].

Yesu bwe yafa, y'etikka ebisobyo ggwe nange bye twakola, ne bye tulikola. Ebisobyo ebyali bitukuumye nga tweyawudde ku Katonda. Naye bw'osalawo okumwaniriza mu bulamu bwo oba tokyeyawudde ku Katonda. Yesu ly'ekubo eritukomyaawo eri Katonda eryasuubizibwa edda ennyo.

Ennaku ssatu ng'amaze okufa n'okuziikizibwa, yazuukira nate okuva mu bafu, n'atambula ku nsi nate ng'omuntu omulamu. Okuzuukira kwa Yesu bwe bukakafu nti Katonda y'akkiriza ssaddaaka Yesu gye yawaayo kulw'abantu bona.

Wakyaliyo bingi ku mboozi eno. Naye ebiseera bino eby'amazaalibwa ng'ebirabo biwanyisaganya emikono oija kujukira ekirabo ekisinga ekyali kiweereddwa – nga kyatuweebwa Katonda ffenna – ye Yesu Kristo. Ye yekka y'ensonga ey'okujaguza olw'amazaalibwa.

**AMAZUUKIRA – OKUKOMERERWA.**

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero.

*Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati, n'okuwaayo nawaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo [Yokaana 3:16].*

Ennyanjula.

Okutegeera ensonga Iwaki Abakristaayo bajaguza amazuukira, olina okutegeera amakulu ga ssekukulu. Nkusaba oddeyo ko ku ssuula ekwata ku mazaalibwa osobole okwejukanya okufuna omusingi gw'amazuukira.

**Okwetegekera okukomererwa.**

**Ekibuzzo: Okulokoka kitegeeza ki? (Okutaasibwa).**

**Ekibuzzo: Ki kye twetaaga okutaasibwamu? (Ekibi).**

**Ekibuzzo: Ekibi kye ki? (Ky'ekikolwa kyonna eky'obutagondera Katonda).**

**Ekibuzzo: Lwaki twetaaga okutaasibwa okuva mu kibi? (Bwe twoonoona, tuzza omusango eri Katonda.**

Olw'okuba nti tuli bantu, omuntu yekka y'asobola okusasula engassi eno. Naye kubanga omusango teguliiiko kkomo, gw'akolebwa eri Katonda atakoma, Katonda yekka ye yali asobola okusasula engassi eno. Y'ensonga Iwaki Katonda yasindika Omwana we Yesu gye tuli. Yesu yali muntu ajjudde – ataayonoona-eyabeera mu bulamu obutuukiridde. Yesu era Katonda ajjudde, alina obusobozi okutwala ebibi bya bona era nabituggyako).

*Ataamanya kibi, n'amufuula ekibi ku lwaffe; ffe tulyoke tufuuke obutuukirivu bwa Katonda [2Abakkolins 5:21].*

Amawulire amalungi gali nti Katonda agamba nti osobola okutaasibwa okuva mu kibi bw'okkiriza nti Katonda y'amuzuukiza okuva mu bafu, era yaniriza Yesu mu bulamu bwo.

Wuliriza ennyinnyonnyola eno ey'ekyo eky'abaawo eri Omwana wa Katonda Yesu, n'olwekyo, osobola okutaasibwa okuva ku kibi n'okuggulawo engeri ey'okudda eri Katonda. Yesu n'amenya omugaati nawa abayigirizwa, n'akwata ekikompe ne yeebaza n'abawa ne bagenda ku lusozi olw'e Zayituni.

**Okukomererwa [Mattayo 26:36-39 ne Lukka 22:43-44].**

Gesusamane

36 Awo Yesu n'atuuka nabo mu kifo ekiyitibwa Jesusamane, n'agamba abayigirizwa be nti mutuule wano, ngende eri nsabe. 37 Natwala Peetero n'abaana ba Zebbedaayo bombi, n'atanula okunakuwala n'okweraliikirira ennyo.

38 Awo n'abagamba nti Omwoyo gwange guliko ennaku nnyingi, ziggenda kunzita; mubeere wano, mutunule nange. 39 N'atambulako katono, n'avuunama n'asaba n'agamba nti ai Kitange, ekikompe kino kinveeko, oba kiyinzika; naye si nga nze bwe njagala.

43 Malayika n'amulabikira ng'ava mu ggulu ng'amussaamu amaanyi. 44 n'afuba ng'alumwa ne yeeyongera okusaba ennyo entuuyo ze ne ziba ng'amatondo g'omusaayi nga gatonnya wansi [Lukka 22:43,44].

Nga n'okomererwa ku kyali Yesu yali atandise okuwulira obulumi mu Jesusamane olw'ekyo kye yali ayitamu mu mubiri n'omwoyo olw'okununula ffe – okutuukiriza enteekateeka ya Katonda ku lulwo nange. Okunyigirizibwa kw'obulumi kwali kungi nnyo, kale Katonda yalina okusindika Malayika okumuzaamu amaanyi. Yesu y'asaba emirundi essatu bwe kiba kiyinzika aleme okuyita mu mbeera eno ey'okukomererwa – naye wabula mu kusaba kwe ng'agamba okwagala kwa taata we kwe kuba kukolebwa.

Okukwatibwa kwa Yesu.

*Ekiro ekyo omu ku bayigirizwa ba Yesu ayitibwa Yuda, yeekobaana n'amuleetera ekibiina ky'abantu abakaawu. Ne bakwata Yesu ne bamutwala eri Kayafa; kabona asinga obukulu ne ba mmemba b'olukiiko olw'ekkooti y'Abayudaaya enkulu. Nga bali eyo, ne bamuwandulira amalusu mu maaso ge ne bamukuba [Mattayo 26:67].*

*Naye obudde bwe bwakya, bakabona abakulu bona n'abakadde b'abantu ne bateesa wamu ebya Yesu okumutta. 2 ne bamusiba, ne bamutwala, ne bamuwaayo eri Piraato owessaza [Mattayo 27:1,2].*

Piraato n'alagira Yesu akubwe emiggo era akomererwe. Emiggo eg'yakozeesewa okumukuba gyali giyitibwa "Fiyagula". Gwalina enkoba ez'amaliba kkumi n'abiri nga kuliko n'ekyuma ekisongovu nga kisibiddwa ne balyoka bamukuba emiggo 39 ku mabega ge.

*27 Awo basserikale b'owessaza ne batwala Yesu mu kigango eky'emisango, ne ba mukunganyizaako ekitongole kyonna. 28 Ne bamwambula, ne bamwambaza olugoye olumyufu. 29 Ne baluka engule ey'amaggwa, ne bagissa ku mutwe gwe, n'olumuli mu mukono gwe ogwa ddyo; ne bafukamira mu maaso ge ne bamudduulira, nga bagamba nti mirembe, kabaka w'Abayudaaya. 30 Ne bamuwandulira amalusu, ne batoola olumuli ne bamukuba mu mutwe. 31 Awo bwe baamala okumuduulira ne bamwambulako olugoye, ne bamutwala okumukomerera [Mattayo 27:27-31].*

Okukomererwa

Oluvannyuma lwa kino, abasirikale Abarooma, n'ebamumalamu amaanyi, bwe yavaamu omusaayi nga bamukuba, n'eyetikka omusaalaba gwe ye bwe baali bamutwala mu kifo ekiyitibwa Gologosa okumukomerera. Bwe yali takyayinza kweyongerayo, ne bakwata Simooni okuva a Kuleene, ne bamuwaliriza okwetikka omusaalaba. [Yokaana 19:16, Makko 15:21].

Nga bamaze okutuuka e Gologoosa, ne bagolola Yesu, ne bamuwanika ku musaalaba, ne bamufumita efumu mu mbirizi ze, ne bakwata omukono omulala ne bagukomerera ku musaalaba. Buli kiseera ennyondo bwe yakoonanga, ndowoozaamu nga Yesu agamba "Taata, basonyiwe, basonyiwe kubanga tebamanyi kye bakola. Era abasirikale ne badira ebigere bye ne baleka amaviivii ge nga galinga ageewese, kubanga eno ye yali enkola y'Abaruumi gye baakomererangamu abantu. Awo nno ne bakomerera enninga mu bigere bye.

Nga Yesu ateekeeddwa ku musaalaba baaguyimusa ne gugwa mu binnya ebyasimibwa mu ttaka okumuleega kuno kulabika kwayawula ebibegabega bya Yesu, awo nno entiisa n'obulumi bw'omusaalaba ne butandika.

Olaba, ng'akomererwa, Yesu yalinga akyasobola okuyingiza omukka ogw'okussa, naye okugufulumya nga kizibu, nga takyasobola kuguggyayo eri mu mawuggwe olw'okumuleega.

Naye Abaruumi baali bamanyi kye baali bakola y'ensonga Iwaki baaleka amaviivi ge nga geweseemu katono.

Yesu bwe yayagala nga okubaka omukka nga yessindikamu waggulu okusobola okufulumya omukka. Ate nalyoka addawo nga bw'abadd. Embeera eno yajimalamu essaawa eziwerako. Bannabyafaayo batugamba nti abantu abaabanga bakomererwa baayogeranga ebigambo ebikaawu eri abo abaalinga okumpi.

Baibuli egamba:

*38 Awo abanyazi babiri ne bakomererwa naye, omu ku mukono ogwa ddyo, omulala ku gwa kkono. 39 N'abaali bayita ne bamuvuma, nga banyeenya emitwe gyabwe,*

*40 nga bagamba nti ggwe amenya yeekaalu, agizimbira ennaku essatu, weerokole; oba nga oli mwana wa Katonda, va ku musaalaba okke. 41 Bakabona abakulu n'abawandiisi n'abakadde ne baduula bwe batyo, nga bagamba nti 42 Yalokola abalala, tayinza kwerokola yekka. Ye kabaka wa Isiaeri; ave kaakano ku musaalaba, naffe tunaamukkiriza.*

*43 Yeesiga Katonda; amulokole kaakano oba amwagala: kubanga yagamba nti ndi Mwana wa Katonda. 44 Abanyazi abakomererwa naye era nabo ne bamuvuma bwe batyo.*

[Mattayo 27:38-44].

**Ekibuuzo: Ssaddaaka kye ki?** (Saddaaka kwe kuwaayo ekintu nga kya muwendo mungi okugasa abalala). Yesu yasaddaaka obulamu bwe ku lulwo nnange tusobole okutaasibwa okuva mu kibi.

**Ekibuuzo: Ki ky'olwooza, Iwaki Yesu yakubibwa, n'awandirwa amalusu n'okuvumibwa?** [Guno gwe gwali omukisa gwa sitaani ogusembayo okulemesa enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi eri abantu bona ng'otwaliddemu ggwe nnange). Sitaani ye yaali emabega w'okukubibwa kuno, okuwandirwa amalusu, okuvumibwa, okujeregebwu n'okuduulirwa kuno kwonna. Nga mu bino byonna ekigambo kimu ne ekirowoozo okuva mu Yesu nga bya bukambwe, nze naawe obulokozi twalindadde tubufuuwa mu ngombe.

**Ekibuuzo: Singa Yesu yali ayonoonye ng'akozesa obukambwe eri abantu, abaamukuba ne bamuwandira amalusu, okumuvuma n'okumuduulira, Iwaki enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi yandibadde ewanguddwa?** (Olaba, omuntu okubeera ssaddaaka kulw'abantu abalala bona- Yesu yalina okuba nga taliiko kyakunenyezebwu era ng'atuukiridde, nga talina kibi kyonna).

Ekiseera kyo sitaani kyali ki mugwaako, awo nno kwe kuzza omuliro. Obulumi obw'okufumitibwa, okvumibwa, okuduulirwa n'okukolimirwa okwongerera ddala ku bulumi buli obw'omusaalaba, ekibiina ekyaliwo nga kiwoggana ebigambo eby'okuvoola byandibadde bimuleeta obusungu mu bwangu. Naye Yesu kino yakitebuka natazaayo muliro, wabula n'agamba nti (Kitange basonyiwe, kubanga kye bakola bo kye batamanyi" Lukka 23:34).

Naye ekintu eky'entiisa Yesu kye yali asinga okutya tekwali kubibwa, okuduulirwa wadde okukomererewa, naye kyali ekyo ekyali kinaatera okubeerawo. Ekyo Yesu kye yasabira kitaawe mu lusuku Jesusamane aleme okukiyitamu.

**Ekibuuozo: Olowooza kyali ki ekyo Yesu kye yasinga okutya?** (Baibuli tekitugamba) Naye okuva ku ssaawa ey'omukaaga kyali kizikiza ku nsi yonna okutuuka ku ssaawa ey'omwenda. 46 Obudde bwe bwatuuka ng'essaawa ey'omwenda Yesu n'ayogerera waggulu n'eddoboozi eddene ng'agamba nti Eri, Eri, lama Sabakusaani? Amakulu gaakyo nti Katonda wange, Katonda awange kiki ekikundesezza.

Yesu mu kiseera kino yali ayawuliddwa ne kitaawe-Katonda. Okuviiira ddala ng'ensi tennabaawo, Yesu yalina enkolagana ennungi etuukiridde ne kitaawe. Naye jjukira ekibi tesisobola kubeera mu kubeerawo kwa Katonda Omukutuku. Yesu nga Ssaddaaka ya Katonda, akaliga ka Katonda, akataliiko bulema, yasasula omutango kul'ebibi eby'abantu bonna, nga kino kyenkanira ddala ekipimo ky'ekigero ky'obusungu bwa Katonda. Kyateekebwa ku mubiri gwe. Yesu n'ayogerera waggulu nti "Kiwedde" [Yokaana 19:30].

**Ekibuuozo: Lwaki Yesu ayitibwa akaliga ka Katonda?** (Mu biseera by'obulamu bwa Yesu, waalingawo okuwaayo ssaddaaka buli lunaku mu yeekaalu mu Yerusalem. Nga ssaddaaka eno bulijjo yabanga ndiga, nga yattbwanga ku ssaawa ey'omwenda, nga ye ssaawa eddirira amalya gy'ekyemisana, awamu n'olunaku olw'okuyitako). Mu kiseera ekyo, kabona yayimiranga waggulu wa yeekaalu n'afuuwa ekondere ng'ategeeza abantu nti anaatera okuwaayo ssaddaaka y'endiga.

Nga Yesu bwe yawanikibwa ku musaalaba yawulira eddoboozi ery'omwanguka nga livuga ng'ekondeere okwetooloola ekibuga. Yesu wano yakitegeera nti essaawa ey'okussaddaaka yali etuuse. Kabona bwe yasala akaliga k'okuyitako, Yesu yayimusa amaaso ge waggulu n'agamba nti; Kiwedde". Mu kiseera ekyo, Endiga ey'okuyitako –Yesu mu kifo ky'endiga nga ke kaliga ka Katonda akaggyawo ebibi yali amaze okufa ku ssaawa ey'omwenda.

Baibuli egamba nti Yesu bwe yamala okuwaayo omwoyo gwe, ejiji lya yeekaalu ne liyulikamu wabiri okuva waggulu okutuuka wansi. Bannabyafaayo bagamba nti ejiji lya Yeekalu baali baaliluka bulungi ng'ate ddene, ggumu ddala, nga ne bw'oleeta embalaasi nnya n'ozisibako, zaali tezisobola kulyuza. Ejiji lino mu Yeekalu lye lyali lyawula awatukuku wa watukuku ku muntu owa bulijjo. Wano ng'okubeerawo kwa Katonda we kwakkanga.

**Ekibuuozo: Olowooza Iwaki ejiji lya Yeekalu lyayulikamu emirundi ebiri?** (Katonda ye yaliyuzaamu emirundi ebiri okumanyisa abantu nti omuntu yali takyasobola kwawulwa ku Katonda olw'ekibi).

Yesu yagamba nti "Kiwedde" era kyaggwa. Tewakyali ky'osobola kukola okwongera ku bulokozi bwa Katonda. Kiba kirabo kya Katonda gyoli. Yesu ke kaliga ka Katonda akaggyawo ebibi byonna n'ebya bantu bonna abakkiriza nti Mwana wa Katonda ne bamusaba okuyingira mu bulamu bwabwe ng'Omulokozi.

**Ekibuuozo: Wali omusabye omwana wa Katonda okkununula okuggyaa mu kibi kyo?** Wali omwaniriza mu bulamu okuba omulokozi wo? Bw'oba tokikolanga , naye nga wandyagadde, leero osobola, ekiseera kino kyennyini. Bw'oba oyagala kola kino, saba essaala eno, ng'osirikiridde mu mutima gwo nange kaakano;

Ai Yesu,

Nzikkiriza nti ndi mwonoonyi, nsaba onsonyiwe ebibi byange byonna, njagala leero okukkiriza okubeera omulokozi wange. Nkwaniriza mu bulamu bwange otandike okunfuula omuntu oyo gwoyagala mbeere, Amina.

**OKUSABA OKWENJAWULO.**

Olunaku lw'Eggwanga olw'okusaba.

*Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetowazange ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi, kale naawulrnaga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe [2Ebyomumirembe 7:14].*

Olukiiko olwa wansi olw'eggwanga lya Amerika (congress) baateekawo olunaku oluyitibwa “Olunaku lw'Eggwanga olw'okusaba mu 1952. Lwe lunaku olwayawulibwa ng'abantu bonna aba Amerika basabibwa okusabira eggwanga lyabwe, abakulembeze n'abantu bonna”.

Olwa leero tugenda kusabira abantu mu biti bitaano:

- Gavumenti
- Ekkanisa n'obuwereza bw'ebibiina ebya nakyewa
- Amakolero n'emirimu
- Amaka
- Okwesabira ffe bennyini.

Ebirowoozo oba ebyokulabirako mu buli kibinja biweebwa okuyambako okulowooza ku bantu ab'okusabira. Era ebyawandiikibwa kimu oba bibiri bisomebwa buli kibinja okuyambako ku ki eky'okubasabira.

Nga mu kungaanye mu bwa ssekinoomu; taata, omuwala n'omulenzi, oba awamu ng'amaka agali mu bibinja ka twewombeeke nga tuleka ebibi tukyukire ebirungi , ka tumukowoole, anaatuwlira ngayima mu ggulu n'asonyiwa ebibi byaffe, n'awonya ensi yaffe.

“Wulira ebigambo byange ai Mukama.....” [Zabbuli 5:1].

**Gavumenti yaffe.**

1. Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kw'ababi, newankubadde okuyimirira mu kkubo ly'abo abalina ebibi, newankubadde okutuula ku ntebe y'abanyooma.
2. Naye amateeka ga Mukama ge gamusanyusa; era mu mateeka ge mw'alowooseza emisana n'ekiro.

Saba nti abakulembeze baffe beegayirire Katonda abayambe bakole okusalawo okulungi, ayimirire nabo, ne bwe baba nga bye basalawo abantu si bye baagala.

- Abakulembeze ab'okuntikko; Pulezidenti, ab'olukiiko olwa waggulu, n'olwa wansi n'abalondebwa abakulembeze.

- Abakulembeze ab'omukitundu; Gavanna, abakiise mu lukiiko olw'amasaza, ba mmeeyya, ne bona abalondebwa.
- Ekitongole ekivunaanyizibwa ku by'amateeka; kkooti ey'oku ntikko n'eya waggulu.
- Ebitongole ebikuma ddembe; Eggye ery'omu bbanga ery'oku ttaka, ery'oku mazzi, erya balubbira, n'ezibizi.

"Peetero n'abatume abalala ne baddamu; ne bagamba nti kigwana okuwulira Katonda okusinga abantu [Ebikolwa 5:29].

Ekkanisa n'obuweereza obwannakyewa.

Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi [Abagaalatiya 6:9].

Eggwanga lyaffe lyetaagira ddala okumanya nti waliyo Katonda omu, era n'amazima ge yassaawo nga mulundi gumu gwokka eri bona.

Sabira;

- Omusumba wo, abakulembeze ab'ekkanisa, abayigiriza ekibiina, obuweereza, ekigambo kya Katonda okubuulirwa n'obuvumu awatali wadde okuswaala, era ekkanisa ebeere ennongoofu era ekitangaala eky'amaanyi mu kizikiza ekikutte mu nsi bwe kit;
- Ebibiina bw'obuweereza by'owagira, oba ebiyamba ab'enneyumba y'ewammwe okugeza Salvation Army, Focus on the Family, Christian Camps, Practice Ministries; nti obulamu bunaakyusibwa, ekigambo kitekebwe mu nkola buli lunaku.

Okusabira abali mu kkomera n'abayigganyizibwa.

"Beera n'amaanyi, guma omwoyo, totya, so tobatekemukira; kubanga Mukama Katonda wo ye wuuyo agenda naawe; taakulekenga so taakwabulirenga [Ekyamateeka 31:6].

- Ebiseera ebisinga, abantu abo abali mu kkomera olw'okuza emisango beetaaga emitima gyabwe (Ebirowoozo, n'endowooza zaabwe) okulongoosebwa balekere awo okuzza emisango nate. Yesu yekka ye mukugu mu kukyusa emitima gy'abantu. Basabire emitima gyabwe gikyusibwe.
- Abantu abamu "bafuulibwa baddu" eri ebiragalalagala, omwenge oguyitiridde, enzikkiriza / endowooza enkyamu ku Katonda era bali mu kkomera, oba mu buwambe. Yesu yekka yalina ebisumulizo ebisobola okusumulula n'okutula enjegere ezo ezisibidde abantu mu buwambe. Basabire basumululwe.
- Ebiseera ebimu Abakkiriza bafuuka ekisekererwa oba banyoomebwa. Mu bitundu ebimu eby'ensi, Abakristaayo bateekebwa mu makomera, ne baggalirwa ne batuusibwako obulabe, emirimu gyabwe, amaka n'abennyumba zaabwe ne bibaggyibwako. Basabire okuba obulungi, ne Katonda okuweebwa ekitiibwa mu bigambo wamu n'ebikolwa byabwe.

Abantu abatwetooloode n'empisa zaabwe.

2 Balina omukisa abo abeekuma bye yategeeza. Abamunoonya n'omutima gwonna.

3 Weewaawo, abo tebakola ebitali bya butuukirivu; batambulira mu makubo ge.

4 Watukuutira ebiragiro byo, Tubikwatenga nnyo [Zabbuli 119:2-4].

Buli tutwalibba ebyo bye tulaba, bye tuwulira, bye tusoma, oba ebitugambwa; wadde bituufu oba bikyamu, birungi oba bibi, bya bwakatonda oba nedda.

Osobola okulondako kimu oba bibiri ku bibinja bino obasabire mu nsonga zino;

- Amakolero n'emirimu: empuliziganya, eby'ensimbi, amateeka bye bakola.
- Emirimu gy'omukitundu; ebibiina by'obwa nnakyewa, poliisi
- Ebyenjigiriza: Abatendesi, abayizi, abasomesa.
- Bannasayansi: Okunoonereza n'okulakulana.
- Ab'ebypuliziganya: Abaterefayina, Laadiyo, empapula z'amawulire
- Ebisanyusa: Firimu eby'okuyimba, emizannyo ebikubibwa

### Amaka

5 Era onooyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna n'amaanyi gonna. 6 Era ebigambo bino bye nkulagira leero binaabanga ku mutima gwo. 7 era onoonyikiranga okubiyigiriza abaana bo, era onoobyogerangako bw'onotabuliranga mu kkubo, era bw'onoogalamiranga, era bw'onoogolokokanga [Ekyamateeka 6:5-7].

- Katonda yategeka amaka okubeera awali amazima ge, n'amakubo ge we gayigirizibwa. Sabira abazadde n'addala bataata okukulembera ennyuma zaabwe ng'eb yokulabirako bya Katonda mu bazira ba Baibuli bye batuwa.
- Sabira ab'omu nju yo, mikwano gyo, baliraanwa bo, bannatiimu bo, amaka agamenye, n'abo abatalina maka.

### Okuzibwa Obuggyga ng'omuntu n'empisa.

23 Onkebere , ai Katonda, omanyé omutima gwange; onkeme, omanyé ebirowoozo byange;

24 Olabe ng'ekkubo lyonna ery'obubi liri mu nze. Era onnungamyenga mu kkubo eritakoma [Zabbuli 139:23,24].

- Saba Katonda, naye anaakulaga ekitundu ekitamuleeta kaseko ku matama, era omukkirize okuyamba okutereeza ebyo ebitateredde.
- Sabira abantu bonna mu ggwanga lyaffe, bayaayaane okunoonya Katonda, era bakyuke okudda gyali ng'abava mu kulowooza n'okola ebikyamu, balowooze era bakole ebyo bituufu.

Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala atuwulira [1Yokaana 5:14].

Okuyiga kuno kwasimbuliddwa okuva mu Dallas Leadership prayer Breakfast Guide , 1997.

## KISEERA KYA BUJULIZI.

Olunyiriri lw'okuyiga kwa leero:

“..Ekigambo kimu kye mmanyi nti nnali muzibe wa maaso, naye kaakano ndaba” (Yokaana 9:25).

Ennyanjula.

Mu 2001, n'ayambako mu kussaawo essomo eriyitibwa; okuwa obujulizi mu kkanisa ey'omu kitundu e Dallas, TX, okusobola okuyamba abantu okuyiga okuzimba n'okugabana ebibakwatako-engeri gye baatandikamu enkolagana yaabwe ne Yesu Kristo. Ekiseera eky'obujulizi y'engeri gye tufunzaamu essomo lino, naye ng'ekigendererwa kiba kye kimu-okuyamba abalala okusobola okujulira amaanyi ga Yesu Kristo agakyusa obulamu bwo.

Ekiseera ekisinga okubeerra eky'omuwendo ate nga kikulu nnyo ggwe n'abaana mu kuyiga Baibuli, ye taata oba omwana ow'obulenzi oba omuwala okugabana obujulizi obw'olugendo lwabwe ne Yesu Kristo.

Buli lwe musalawo okola kino ng'ekibiina kiba kiseera kya kusooka kubikka ku Baibuli, ebitabo ebirala ne musooka muwuliriza. Kiba kiseera kirungi eky'okubeerako awamu.

(Ebisinga tunaabiraba mu ku maliriza essuula eno).

Kiseera kya Bujulizi – (Yokaana 9:1-25).

1. Bwe yali ng'ayita n'alaba omuntu eyazaalibwa nga muzibe wa maaso. 2 Abayigirizwa be ne bamubuuza nga bagamba nti Labbi, ani eyayonoona, ono oba abazadde be, kye kyamuzaaza nga muzibe wa maaso? 3 Yesu n'addamu nti ono teyawonoona, newankubadde abazadde be, naye emirimu gya Katonda girabikire ku ye. 4 Ffe kitugwania okukola emirimu gy'oyo eyantuma obudde nga misana. Ekiro kijja omuntu mwatayinziza kukolera. 5 Bwe yamala okwogera bwatyo, nawanda amalusu ku ttaka, n'atabula ettana n'amalusu, n'amusiiga ettaka n'amalusu ku maaso, 7 n'amugamba nti genda onaabe mu kidiba kya Sirowamu (okutegeezewa kwakyo nti eyatumibwa). Awo n'agenda, n'anaaba, nakomawo ng'alaba.

8. Awo baliraanwa be ne n'abaamulabanga edda ng'attudde ng'asabiriza, ne bagamba nti si ye wuuno eyatuulanga ng'asabiriza? 9 Abalala ne bagamba nti Nedda, naye afaanana naye. Ye n'agamba nti nze nzuuno. 10 Awo ne bamugamba nti kale amaaso go gaazibuka gaty? “Ye naddamu nti omuntu ayitibwa Yesu y'atabula ettaka, n'ansiiga ku maaso n'angamba nti genda ku Sirowamu, onaabe awo ne ngenda, ne nnaaba, ne nzibula. 12 Ne bamugamba nti ali ludda wa oyo? N'agamba nti simanyi. 13 Ne bamutwala eri Abafalisaayo oli eyali edda omuzibe wa maaso. 14 Naye Iwali Iwa ssabiiti olunaku olwo Yesu lwe y'atabulirako ettaka. 15 Awo Abafalisaayo ate ne bamubuuza bwe y'azibula.

16 Awo Abafalisaayo abamu ne bagamba nti omuntu ono si wa Katonda, kubanga takwata Ssabiiti. Naye abalala ne bagamba nti omuntu alina ebibi ayinza atya okukola obubonero obwenkanidde wano? Ne wabaawo okwawukana mu bo.

17 Awo ne bamugamba nate omuzibe wa maaso nti ggwe omuyita otya, kubanga yakuzibula amaaso? Naye n'agamba nti ye nnabbi. 18 Kale Abayudaaya tebakkiriza bigambo bye, nga yali muzibe wa maaso n'azibula, okutuusa lwe baamala okuyita abazadde b'eyazibula. 19 ne bababuza nga bagamba nti one ye mwana wammwe gwe mugamba nti yazaalibwa nga muzibe w'amaaso? Kale kaakano alaba atya? 20 Abazadde be ne baddamu ne bagamba nti tumanyi ng'ono ye mwana waffe, era nga yazaalibwa nga muzibe wa maaso. 21 naye bw'alaba kaakano tetumanyi so n'eyamuzibula amaaso ffe tetumumanyi wali mumubuuze musajja mukulu, aneeyogerera yekka. 22 Abazadde ekyaboogeza bwe batyo kubanga baali batya Abayudaaya baali nga bamaze okulagaana nti buli muntu anaamwatulanga okuba Kristo, agobebwenga mu kkunganiro. 23 Abazadde kye baava booger anti musajja mukulu mumubuuze ye. 24 Awo ne bayita omulundi ogw'okubiri oli omuntu eyali omuzibe w'amaaso ne bamugamba nti gulumiza Katonda, ffe tumanyi ng'omuntu oyo alina ebibi. 25 Ye n'addamu nti oba ng'alina ebibi simanyi ekigambo kimu kye mmanyi nti nnali muzibe wa maaso, naye kaakano ndaba".

Okuwa Obujulizi bwo:

Ekirowoozo eky'okuwa obujulizi bwo kisobola obutaba kyangu nnyo eri bona. Oyinza okutya okulemererwa oba nga tomanyi kya kwogera. Ye nsonga Iwaki nzisiaawo ekitundu kino eky'ogera kukuwa obujulizi nga tuli ffenna awamu. Buli omu ku ffe alina kyayinza okwogera, wabula engeri y'okuyigamu okuwa obujulizi bwo ye yeetaagisa okutwala amawulire amalungi aga Yesu Kristo mu bulamu bw'omuntu omulala.

Kati...obujulizi bwo bwe buliwa?

"Mpa obujulizi bwo.." Singa oba obuuziddwa ekibuuzzo ekifaananako n'ekyo oyinza kukiddamu otya? "Sirowooza nga nnina nnyo obujulizi obw'okugabana" Watya nga nnina obujulizi naye nga si bwe bunyuma ennyo okuwuliriza? Kyabulijjo omuntu okuwulira bwatyo. Naye kkiri wala n'amazima. Ffenna tulina obujulizi nga bwanjawulo, bwawukana ate era nga bukola amakulu okubugabana ng'olese abalala bwe bagabana naffe. Bw'oba wasisinkana Yesu, olina obujulizi obw'okugabana.

Osanga obumanyi bulungi. Osanga okyetaaga obuzimba oba obutegeka obulungi. Engeri zombi , okuwandiika n'okugabana obujulizi obwo busobola okuba bukujukiza bulungi engeri Katonda gy'akolamu mu bulamu bwo. Busobola okubeera obw'amaanyi mu kujulira eri abo abawulira n'addala muwala wo oyo ne mutabani wo oyo.

Ekyo kye kigendererwa mu kugabana obujulizi bwo – kwe kwogera ku maanyi ga Kristo agaakyusa obulamu bo. Bw'ogabana obujulizi, oba obuulira amawulire amalungi. Awo oba ofuudde enjiri eriwo mu buliwo, eya nnamaddala era ekwatikako mu bulamu bwo.

Kaakano tutandise.....

Bw'oba nga tolowoozangako ngeri y'akubuulira muntu bujulizi bwo, oba ebyo by'oyiseemu teeka obujulizi bwo ku lupapula. Bino bye bimu ku birowoozo ku ngeri gy'oyinza okunganyaamu obujulizi bwo;

Okukyuka kwo;

Bw'oba ojjukira ekiseera kyennyini, ekifo oba ekyali kikolebwa (omukolo, enjiri, kusinza) olwo lwe wakkiriza Yesu okuyingira mu bulamu bwo. Okukyuka kwo bwe kuba nga kukulu, geezaako okuzimba obujulizi bwo okusinziira ku bibuuzo bino;

- Obulamu bwo bwali bufaanana butya nga tonnasembeza Yesu?
- Ki ekyasikiriza (mukolo, njiri, n'ebirala) ggwe okukkiriza Yesu okuba omulokozi wo?
- W'afuna otya era ddi Yesu okuba omulokozi wo?
- Yesu akoze atya omulimu ogw'okukyusa obulamu bwo?

Olugendo lwo:

Singa okukkiriza luba lugendo ka tuluyite olw'omwoyo. Geezaako ebibuuzo bino;

- Bintu ki ebikulu ebibaddewo ng'okuyita mu byo Katonda akoze nnyo mu bulamu bwo?
- Biki by'oyiseemu, mbeera ki z'osisinkanye oba bantu ki abakuyambye okusobola okuzza okukkiriza mu Kristo?
- Obulamu bwo bwandibadde butya awatali Kristo (embeera y'obulamu, endowooza, by'otwala ng'ebikulu, enkolagana?).

Okugabana enjiri okuyita mu bujulizi bwo.

"Nti Katonda yali mu Kristo ng'atabaganya ensi naye yennyini...." (2Abakolinso 5:19).

Enjiri bwe bujulizi obukwata ku Yesu. Obujulizi kye kitundu ku bujulizi oba emboozi ennene eye'byawandiikiba okutandikira ddala ku kutondebwa, okuyita mu kugwa, okutuuka mu kununnulibwa Yesu kwaleeta. Eno y'emboozi ennene ddala naye nga erina ekinnyusi oba omulammwa gumu. Okuyita mu mboozи yonna; ekinyusi kino; okutabagana!.

Engeri emu ey'amaanyi ey'okugabanamu amawulire amalungi aga Yesu Kristo, kwe kugatta amawulire mu bujulizi bwo. Geezaako okunyigamu ebibuuzo bino mu bujulizi bwo;

Okutonderwa:

- Otegeera otya ekigendererwa kya Katonda mu kutondebwa? "Bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo, nga bwe yasiima olw'okwagala kwe' (Abaefeso 1:5).
- Otegeera otya ekigendererwa ky'obulamu bwo? "....yalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna-yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka" (Matt 22:37-40).

Okugwa.

- Ekibi kikuyisizza kitya mu bulamu bwo? "Obanga munjagala munaakwatanga ebiragiro byange" (Yokaana 15:15).

- Biki ebyava (ebiva) mu kibi ekyo? “naye obutali butuukirivu bwammwe bwe bwawudde mmwe ne Katonda wammwe.....” (Isaaya 59:1).

Okununulibwa.

- Watandika otya okuteeka okukkiriza kwo mu Kristo? “Kubanga mwalokola lwa kisa lwa kukkiriza, so tekwava gye muli, kye kirabo kya Katonda; tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga” (Abaefeso 2:8,9).

Okungaanya awamu obujulizi bwo.

- Kitundi ki mu bujulizi bwo ekiyinza okunyumira omuntu omulala?
- Nnyiriri ki okuva mu Baibuli z'oyinza okunyiga ku buli kibuuzo ekiyise?
- Biki by'oyiseemu mu bulamu nga bisobola okola nga ekyokulabirako obujulizi bwo okusobola okuvaayo obulungi?
- Wandiika obujulizi bwo ng'alina gw'obuulira omulala.
- Bukuumire wakati w'eddakiika esatu n'ettaano.

Ekiseera ky'obujulizi mu kuyiga Baibuli.

Abamu ku bataata n'abaana mu kibiina kyo bajja kuba beetegefu okugabana obujulizi bwabwe. Abalala bayinza okuwulira nga abateetegese. Ekyo kiri kale.

Nga tonaaleeta kya kuyiga kino, sooka olange nga wabulayo wiiki nga nnamba obategeze okuyiga engeri gye kunaabaamu.

Nsaba ogambe ekibiina oba nga ggwe onookulembera oba omu ku bataata osobole okuvaayo okulembera.

Osobola okubeera n'ekitundu kimu oba ebiwerako olw'okuba obudde busobola obutamala. Zisobola okuba wakati wa wiiki emu oba ebbiri. Abantu bwe kiba kisoboka bawe obudde obumala basobole okuwa obulungi obujuizi bwabwe.

MANNYA OKUNNYONYOLA KY'OKKIRIZA

## **EBY'OKUDDAMU OKUYITA MU BAIBULI**

### **SOMA EKITABO EKIRUNGAMYA OMUKULEMBEZE KU KUYITA MU BAIBULI**

Ekitabo ekirungamya omukulembeze ku kuyiga ng'oyita mu Baibuli kyategekebwa lwa nsonga bbiri;

1. Okuwa eby'okuddamu eri ebibuuzo ebibuuzibwa mu kuyita mu Baibuli n'ebyawandiikibwa ebijulizibwa.
- 2.
3. Okuwa eby'okuddamu ebirowoozeddwako ku bibuuzo ebitalina byakuddamu bya nkomeredde.

Eby'okuddamu ebirowoozeddwako ebiwereddwa si bye by'okuddamu byokka, naye tusuubira nti binaakuyamba okukozesa ng'olungamya okubaganya ebirowoozo eri ekibiina mu kuyiga kuno okw'okuyita mu Baibuli.

**Okuyita mu Baibuli** kusobola okuba engeri ey'amaanyi eyamba abaana ne bataata okuyigira awamu Baibuli, era n'okuleetera aba famire yonna okugenda ebuziba mu kutegera ekigambo kya Katonda.

**OMUSOMO # 1:  
ENNYANJULA KU MANYA OKUNNYONNYOLA KY'OKKIRIZA .**

Omwaganya okusoma okuyita mu Baibuli.

1. **Omukristaayo ye ani?** Ye muntu ayingidde mu nkolagana ey'obuntu ne Yesu Kristo [Okubikkulirwa 3:20].
2. **Obukristaayo kye ki?** Abakristaayo abakulemberwa ne baweebwa amaanyi Omwoyo Omutukuvu okubeera mu bulamu obw'okugondera ebiragiro n'okuyigiriza kwa Yesu [Yokaana 14:15-17].
3. Lwaki kikulu okuyiga engeri gy'oyinza okubuulira amazima g'Obukristaayo? Kikuyamba okumanya n'okutegeera amazima agakwata ku Bukristaayo, kikuyamba okubuulira abantu amazima g'Obukristaayo, n'okkuwa obugumu mu kukkiriza kwo kubanga kwesigamye ku bujulizi obukakafu era obw'ensonga [1Peetero 3:15; Yokaana 8:31-32].
4. **Baibuli ki kyeyogera ku mazima?** Amazima gamanyika / osobola okugamanya [Yokaana 8:31-32].
5. Amazima gawanira ddala n'obukyamu. Bweba ng'endowooza y'Obukristaayo ku Katonda mazima, olwo... Endowooza zonna ezigiwakanya buba bulimba/nkyamu.

Ebigambo ebirungi okujukira.

Naye mutukuzenga Kristo mu mutima gwammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijjo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya [1Peetero 3:15].

## OMUSOMO # 2: DDALA KATONDA AMANYIKA?

Soma Yokaana 10:1-18.

Omwaganya okuyita mu Baibuli.

1. **Endiga zimanya zitya omusumba waazo?** Endiga zimumanyi era ziwulira eddoboozi lye [Yokaana 10:4].
2. **Ki kye tumanyi ku Katonda?** Ddala Katonda asobola okumanyika [ Yokaana 10:14].
3. **Ggwe nange tusobola tutya okumanya Katonda?** Katonda assaawo ngeri y'okumanya ng'oyita mu Yesu Kristo [Abakkolosaayi 1;15].  
Ng'oyimiridde ku ttaka, kyangu okukkiriza nti omuvuzi w'ennyonyi asobola okutambuza mu bbanga okuva mu kifo ekimu okutuuka mu kirala. Wabula kiba kirala okulinnya ennyonnyi n'omwesiga okukutambuza okutwala gy'ogenda.

**4.Ng'okozesa akagero kano ak'ennyonnyi n'omuvuzi waayo, kitwalaki okukkiriza okubeera omukristaayo?**  
Okukkiriza okwo okukulinnyisa mu nnyonyi.

### 5. Baibuli eyogera ki ku kubuulira amazima g'Obukristaayo?

- Abantu abamu bajja kukkiriza Yesu okuba Omulokozi waabwe [Abagalatiya 6:9].
- Abalala bajja kugaana okumukkiriza [Yokaana 5:40].
- Ngeri ki gy'oyinza okozesa okubuulira amazima g'Obukristaayo/ N'obukkakamu n'okuwa ekitiibwa [1Peteero 3;15].

Ebigambo ebirungi okujukira.

Nze musumba omulungi; era ntegeera ezange, n'ezange zintegeera [Yok 10:14].

**OMUSOMO # 3.**  
**OBUJULIZI OBULAGA NGA KATONDA DDALA GYALI.**

Soma Okuva 19:16-19.

Omwaganya okuyita mu Baibuli.

Bwe kiba nga mazima nti Katonda gyali, era ng'amazima ku Katonda gasobola okumanyika, kino kiraga nti waliwo obukakafu nti Katonda wali.

1. **Lwaki tosola kukakasa nti Katonda gyalo ng'okozesa amakubo aga Sayansi?** Ekintu okakasibwa ng'okozesa amakubo aga sayansi, kiteekwa okuba nga kiddingana, nga kirabibwa, nga kipimibwa.
2. **Bwe kuba ng'okubeerawo kwa Katonda tekusobola kukakasibwa ng'okozesa amakubo aga sayansi, tuina kunoonya ki?** (Obubonero).
3. **Bujulizi ki obusinga okulaga okubeerawo kwa Katonda?** (Abo abaamulaba n'amaaso gaabwe bye boogera) [Okuva 19:16-19].
4. **Baibuli eyoogera etya ku ngeri Katonda gyeyeeragamu okumanyibwa?** (Okuyita mu byatondebwa bye) [Abaruumi 1:19-20].
5. **Bujulizi ki bw'oyinza okuzuula mu nsi obulaga nga Katonda gyali?** (Enteekateeka n'entegeka ey'ensi) [Zabbuli 19:1-4].
6. **Bujulizi ki obuli ku nsi obulaga nga Katonda gyali?** ( Ebintu engeri gye byakolebwamu ku nsi [Engero 8:25-29].
7. **Bujulizi ki obuli mu bantu obulaga nga Katonda gyali?**
  - Abantu bonna abali mu nsi kyenkana bakkiririza mu Katonda [Zabbuli 49:10].
  - Okubeerawo kw'amateeka agalungamya empisa mu buwangwa bwonna ekiseera kyonna [Koseya 14:9].
8. **Bujulizi ki obusingira ddala okulaga nga Katonda gyali?**  
(Okutondebwa kw'obulamu [Zabbuli 139:12-14].

Obubonero obw'obutonde, ebyafaayo, obulamu, byonna bisonga nga biraga obujulizi obukakasa nga Katonda gyali. Jjukira, wadde ng'obubonero bwokka buyinza obutakakasiza ddala nti Katonda gyali, naye bwotandika okunganya bwonna awamu kiba kyeraga lwatu nti Katonda gyali.

Ebigambo ebirungi okujukira:

*Kubanga ebya Katonda ebimanyika birabika eri abo: kubanga Katonda yabibalabisa.*

*20 Kubanga ebiye ebit*

*Alabika okuva ku kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeererwa ku bitonde, obujulizi obutaggwaawo n'obwakatonda bwe; babeere nga tebalina kya kuwoza. [Abaruumi 1:19,20].*

**OMUSOMO # 4**  
**DDALA YESU KRISTO KATONDA?**

Omwaganya okuyita mu Baibuli.

1. **Ngeri ki esinga obulungi Katonda gye yandikozeseza okuwuliziganya n'omuntu?** (Okufuuka omuntu n'abeera naffe).
2. **Kino Katonda yakikola ? Ani era atya?** (Weewaawo [Abebbulaniya 1,1,2]. Yesu Kristo, Ekigambo ekyayambala omubiri n'abeerako gye tuli [Yokaana 1:14].

Yesu kye ky'okuddamu ekisinga obulungi n'obulambulukufu okutuwa engeri ey'okumanya nga Katonda gyali ne bwafaanana. Ebirala ebiraga bwe bubonero. Ekibukakasa kwe kuzaalibwa, obulamu, okufa, n'okuzuukira kwa Yesu Kristo.

3. **Ki ekifuula Yesu okuba ow'enjawulo okuva ku bakulembeze abamanyiddwa ab'eddiini endala zonna?** (Yesu ye yeeyogerako nga Katonda [Mattayo 26:63-64].
4. **Okweyergerako kuluwa okw'emirundi essatu nga Yesu yeyergerako nga Katonda?**
  - Yesu ye eyoyergerako ng'omwana wa Katonda [Mattayo 26:63-64].
  - Yesu ye eyoyergerako ng'eyenkanankana ne Katonda [Yokaana 10:30-33].
  - Yesu ye eyoyergerako nga Katonda [Okuva 3:13,14; Yokaana 8:58].
5. **Tusobola tutya okumanya nti okweyergerako kwa Yesu nga Katonda nti mazima?** (Osanga okweyergerako kwe mazima oba bulimba).
6. **Kiri kitya singa okweyergerako kwe kuba kwa bulimba?**
  - Yesu aba yakimanya nti bye yeeyogerako bulimba, era kino kiba kimufuula mulimba
  - Yesu teyakimanya nti bye yeeyogerako bulimba, kino kiba kimufuula katwewungu.
7. **Kiri kitya singa Yesu bye yeeyogerako gaba mazima?** (Kitegeezza nti Yesu ali ekyo kyali, ye Katonda)

Kino kiba kijja gyoli okusalawo, tolina nnyo ddembe obutasalawo, bwogaana okola okusalawo, era oba osazeewo okwegatta kw'abo abaamugaana, era mu kwagala oba okkiriza okugumira ebyo, byonna ebiriva mw'ekyo.

**8. Ggwe Yesu omuyita ani?**

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Katonda edda bwe yayogeranga mu bitundu ebingi ne mu ngeri ennyingi eri bajajjaffe mu bunnabbi, 2 mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogerera naffe mu mwana, gwe yassaawo okuba omusika wa byonna, era gwe yatonza ebintu byonna [Abaebbulaniya 1:1,2].*

## OMUSOMO # 5: OKUZUUKIRA.

Soma 1Abakkolinso 15:12-20.

Yesu yeeyogerako bingi ebimukwatako- yagamba nti balimutta, ate oluvannyuma lw'ennaku ssatu alizuukira n'aba mulamu nate. Singa yali ayogedde nti alizuukira n'amala natazuukira, byonna byonna bye yali yayigiriza ne bye yeeyogerako byandibaddeko ekibuuzo ekinene. Okuzuukira kwe okuva mu bafu kaali kabonero ka Katonda okunyweza amazima ga Yesu gonna ge yayogera: n'ekyo kye yagamba nti kyali ; Omwana wa Katonda!

Omwagaanya okuyita mu Baibuli

1. **Singa Yesu teyazuukizibwa okuva mu bafu n'aba omulamu nate, Pawulo agamba nti okukkiriza kwaffe kwandibadde kutya?** (Kuggala kkanisa, amataala gonna kugaggyako, na kudda waka, byonna kubivaako). [1Abakkolinso 15:14].
2. **Singa Yesu teyazuukizibwa kuba mulamu nate, Iwaki Pawulo agamba nti okukkiriza kwaffe kwandibadde tekulina makulu?** (Twandibadde tukyalina ebibi nga tewali mulokozi) [Abakkolinso 15:17-18].
3. **Mazima ki agali mu kuzuukira kwa Yesu Kristo?** (Ddala ddala yazuukira) [1Abakkolinso 15:20].

Okuwa ebyafaayo ebiraga okuzuukira kwa Yesu Kristo.

Soma Yokaana 19:38-42.

4. **Omubiri gwa Yesu gwagalamizibwa wa bwe yamala okukomererwa?** Mu ntaana eyali empya.

Soma Mattayo 27:62-66.'

5. **Abakulembeze b'eddiini Abayudaaya baakola okakasa nti entaana eriko obukumi?** Baagiteekako ejinja n'abakumi.

Soma Mattayo 28:1-7 ne Yokaana 20:2-7.

6. **Maliyamu y'alaba ki bwe yakeera ku ntaana ku lunaku olw'olubereberye?** Peetero ne Yokaana bo baalaba ki? Malayika!Tewaali kirala1 Wabula essuuka n'engoye ezaali ziziikkiddwamu.

abantu bangi, bakkiriza nti Baibuli bye yogera ku kuzuukira kwa Yesu bwe bukakafu obumala okulaga nti ddala yazuukizibwa, era nti ekyo kye yeeyogerako kyali. Naye abantu abalala bangi bayinza okuba nga tebakkiriza ekyo Baibuli kyeyogera, oba tebaagala kukkiriza ekyo Baibuli kyeyogera. Mu butuufu abantu abamu bavuddeyo n'enyonnyola endala nga ziraga Iwaki entaana yasangibwa njereere. Tujja kulaba ebyo bye boogera ne Iwaki bikyamu mu kuyiga kwaffe, okuddako!.

Ebigambo ebirungi okujukira:

Naye kaakano Kristo yazuukizibwa mu bafu, gwe mwaka omubereberye ogw'abo abeebaka [1Abakkolinso 15:20].

## OMUSOMO # 6: OKUNNYONNYOLA OKUZUUKIRA

### Soma 1Abakkolino 15:3-7.

Waaliwo endowooza nnyingi nga zireetebwa abantu ssekkinnoomu nga bagezaako okunnyonnyola lwaki entaana yasangibwa njereere ku lunaku olw'olubereberye ku makya. Katulabe kye boogera na lwaki bakyamu.

### Endowooza egamba nti entaana yali nkyamu: Soma Yokaana 20:1-3

Endowooza eno egamba nti Maliyamu yagenda ku ntaana nkyamu. Bwaba nga Maliyamu yagenda ku ntaana nkyamu, kitegeeza nti Yokaana ne Peetero nabo baagenda ku ntaana nkyamu, n'abakuumi Abaruumi nabo bateekwa okuba nga baali bakuma ntaana nkyamu. Naye kyali kizibu abakulembeze b'eddiini y'Ekiyudaaya okwonoona obudde bwabwe, ne batalaga ntaana ntuufu we yali.

### Endowooza ya Yesu okuwunga: Soma Yokaana 19:31-35

Endowooza eno egamba nti Yesu ddala teyafa, naye yawunga, ng'akooye n'okuggwaamu omusaayi. Naye oluvannyma y'addamu n'ategeera n'ava mu ntaana. Naye buli muntu yenna eyali mu kifo Yesu we yakomererwa yamala kukakasa nga Yesu afudde okussa ekikkowe. N'omu ku basirkale yagenda n'amufumita asobole okukakasa nti afudde. Bandibadde tebamuggya ku musaalaba ng'akyali mulamu.

### Abayigirizwa Bamubba; Soma Yokaana 20:19

Endowooza eno egamba nti osanga abayigirizwa baagenda ku ntaana ne babbayo omubiri gwa Yesu. Naye okumalira ddala ennakku ssatu nga Yesu afudde, abayigirizwa baali bakyeggalidde nga beesibidde mu kisenge olw'okutya okungi nga batabuddwa, beebuuza eky'okukola, na ki ekiyinza okuddirira. Ate abakuumi? Kubanga baaliwo nga bakuma. Ddala abayigirizwa abaali bakankana olw'okutya, baali basobola okwanganga ekibinja ky'abasirkale abaali abatendeke nga bakugu mu kulwana, ne babba omubiri gwa Yesu? Naye ate, n'engoye ze baamuziikamu nazo zaaliwo awo.

### Abaruumi oba Abayigirizwa baggyawo omubiri ggwe ; Soma Mattayo 28:11-15

Bwe kiba nga kino bwe kityo bwe kiri lwaki ab'obuyinza tebaalaga omubiri gwa Yesu we gwali? Kino kyandibadde kizikiririza ddala Obukristaayo nga tubulabye wadde ne ku njuba.

### Obujulizi obukakasa okuzuukira kwa Yesu Kristo;

- Engoye ze yaziikibwamu zaasangibwawo.
- Yesu yalabikira abantu ab'enjawulo emirundi egiwerera ddala kkumi.
- Bwe kuba nga ddala tekwali kuzuukira kwa Yesu, ki ekyo ekyakyusa abayigirizwa ne bafuuka abavumu, ne babuulira n'obuvumu nti Yesu ye Kristo eyazuukira okuva mu bafu?

### Ebigambo ebirungi okujukira.

*Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; 20 nga mubayigiriza okukwatanga byonna bye nnabalagira mmwe; era, laba nze ndi wamu nammwe ennakku zonna okutuusa emirembe gino lwe girigwaawo . [Mattayo 28:19,20].*

**OMUSOMO # 7: OKWEJJUKANYA EMISOMO 1-6.**

1. **Ekintu kyonna ekiwakanya amazima buba bulimba. Bweba ng'endowooza y'Abakristaayo ku Katonda mazima, kitegeesa endowooza zonna eziwakanya za bulimba. Kati olwo, Abakristaayo balina bukakafu ki? Katonda gyali, Yesu mwana wa Katonda, Baibuli (yonna) eyogera mazima, Yesu yekka ly'ekkubo erituuka eri Katonda.**
2. **Bujulizi ki obuliwo nga bulaga nti Katonda ddala gyali?** Ensengeka y'obutonde, enteekateeka y'ensi okukkiririza mu Katonda mu bantu bona, okubeerawo kw'amateeka aga kwata ku neyisa mu nsi yonna, obulamu.
3. **Bujulizi ki obusinga okukakasa nti ddala Katonda gyali?** (Yesu Kristo okujja ng'omuntu).
4. **Ki ekifuula Obukristaayo okuba obwenjawulo okuva ku ddiini endala zonna?** Obukristaayo si ddiini. Eddiini ye muntu okugezaako okola ebyo ebiyinza okusanyusa Katonda asobole okwekolera ekkubo erigenda mu ggulu. Obukristaayo eba nkolagana y'omuntu ne Yesu Kristo.
5. Yesu yeeyogerako okuba Katonda, okweyogerako kwe; kusobola okuba obulimba oba amazima.
6. Bwekuba ng'okweyogerako kwa Yesu bulimba, kitegeesa nti Yesu yali mulimba oba katwewungu.
7. Bwe kuba ng'okweyogerako kwa Yesu nga mazima, kitegeesa nti Yesu ddala Katonda.
8. **Lwaki okuzuukira kukulu nnyo?** Kubanga Obukristaayo okusinzira ku kuzuukira kwa Yesu Kristo, busobola okuyimirira oba okugwa:
9. **Tumanya tutya nti ddala Yesu yazuukira?** Alipoota z'abajulizi nga bwe zisangibwa mu kigambo kya Katonda-Baibuli.
10. **Biki ebikyamu ebiri mu ndowooza ezigamba nti Yesu ddala teyazuukira?**
  - Maliyamu yagenda mu ntaana nkyamu; Peetero, Yokaana n'abakuumi n'abo baali ku ntaana nkyamu?
  - Yesu ddala bwe yali ku musaalaba teyafa; omu ku basirkale yafumita Yesu okukakasa nti afudde.
  - Abayigirizwa be babba omubiri gwa Yesu; Abayigirizwa baali bakyeggalidde nga beesibidde mu kisenge olw'okutya n'obutamanya ki ekiyinza okuddako, oba okubatuukako.
  - Ab'obuyinza Abaruumi oba Abayudaaya be baalina omubiri gwa Yesu.

11. Bujulizi obuliwo okukakasa okuzuukira kwa Yesu Kristo? Engoye mwe yaziikibwa zaasigala mu ntaana nga tezikwatibbwako. Yesu yalabibwako n'abayigirizwa baakyusibwa ne bafuna obuvumu.

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Naye mutukuzenga Kristo mu mutima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateka bulijo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusuubira kwammwe, naye n'obuwombeefu n'okutya. [1Peetero 3:15].*

## OMUSOMO # 8: BAIBULI DDALA GEYOGERA MAZIMA?

### 1.Baibuli waliwo by'eyogera nga byo byewuunyisa.

- Baibuli kigambo kya Katonda [2Timo 3:4].
- Katonda agamba nti ekigambo kye ye nkulungo okwetooloolera amazima [Engero 30:15]
- Ekigambo kyali mazima nga kiwandiikibwa n'leero ky'amazima, era kisigala nga mazima emirembe gyonna [Zabbuli 119:160].

### 2.Baibuli era eyogera nti mu yo osobola okusanga:

- Amazima agakwata ku mbeera y'obulamu bwaffe obw'omwoyo leero [Abaruumi 3:23].
- Amazima agakwata kw'ekyo Katonda kye yatukolera [Yokaana 3:16].
- Amazima agakwata ku ki kye tuteekwa okola okusobola okulokoka [Abaruumi 10:9]
- Amazima agakwata ku ngeri y'okubeeramu n'okusinza Katonda [Abaruumi 12:1,2].

Byeyogera bye wuunyisa- yee! Naye bweba nga Baibuli eyogera mazima, awo tumanyi nga Katonda gyalii, Yesu mwana wa emirembe gyonna, era olina amazima agakwata ku makulu n'ekigendererwa ky'obulamu.

3.Wadde nga Baibuli yawandiikibwa abawandiisi abawerera ddala 40 ab'enjawulo okumalira ddala ebbanga lya myaka nga 1500, naye Baibuli erina obubaka bwa mulundi gumu obugigatta; kwe kuyaayaana kwa Katonda n'enteekateeka ey'okulokola omuntu okuva ku kibi. Naye kino kyatuukibwako kitya? Katonda yennyini yabikkulira abawandiisi bano mu biseera eby'enjawulo ng'ayagala okuwuliziganya naawe wamu nnange okuyita mu yo [2Peetero 1:4].

### 4.Abanoonyereza ku by'edda bayamba batya okunyweza nga Baibuli eyogera mazima?

- Bongera okukakasa ebyo ebiwandiikkidwa mu Baibuli
- Bawa omusingi n'ebafaayo eby'abantu n'ebifo nga bwe biweebwa amannya mu bubaka bwa Baibuli.

### 5.Mazima ki aga Sayansi agaawndiikibwa mu Baibuli emyaka bikumi oba nkumi nga ne Sayansi tannaba na kubikakasa?

- Ensi n'ekulungirivu/ n'etoolooovu [Isaaya 40:22].
- Okwetooloola kw'empewo mu bbanga [Mubulizi 1:6]
- Ensi okubeera n'amaanyi agaleetera ebizitowa okukka wansi nga biri mu bbanga [Yobu 26:7].

**6.Ebyo omuntu byayitamu eby'obuntu bisobola bitya okunyweza ebyo Baibuli by'eyogera?**

- Akizuula nti ebisuubizo bya Baibuli bya mazima [Zabbuli 119:160].
- Aba asobola okujulira nti okuwabula n'amagezi ga Baibuli matuufu.
- Akakasa nti ebiragiro n'obukwakulizo bya magezi.

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Ekigambo kyo kyonna kyonna mazima; n'emisango gyo egy'ensonga gyonna gyonna gibeerera emirembe gyonna [Zabbuli 199:160].*

**OMUSOMO # 9: DDALA BAIBULI EYOGERA MAZIMA?**

**1.Ngeri ki ez'emirundi ebiri ze tusobola okumanyiramu nti Yesu Mwana wa Katonda-Masiya?**

- Obunnabbi obumaze oktuukirira [Isaaya 7:14; Lukka 2:1-7].
- Okukozesa olunyiriri lw'ebayaayo by'okuzaalibwa kwa Yesu (Obujjajjabwe). Mattayo 1:1-16.

**2.Kwataganya obunnabbi buno n'enjeri gye butuukiriramu:**

- Okujja kwa Masiya ; [Malaki 3:1] -----d-----
- Enjeri Masiya gyalimanyibwa [ ] -----b-----
- Okuzaalibwa kwa Masiya [Isaya 7:14,Mikka 5:2] -----f-----
- Okukemebwa kwa Masiya [Isaya 53:7] -----a-----
- Enfa Masiya gye yali ow'okufaamu [53:5] -----e-----
- Okuzuukira kwa Masiya [ 53:11] -----c -----
  - (a) Mattayo 27:12-14
  - (b) Makko 1:10-11; Lukka 7:22
  - (c) Mattayo 28:1-7(a)
  - (d) Lukka 2:24-32
  - (e) Mattayo 27:26
  - (f) Lukka 2:1-7.

**3.Obunnabbi bwa mirundi emeka obukulu mu Ndagaano Enkadde obukwata ku Masiya Yesu obwatuukirira mu Yesu mu Ndagaano Empya?**

- (a) 8
- (b) 19
- (c) 60

**4.Kwataganya olunyiriri lw'ennyumba ya Yesu.**

- (a) Ku batabani ba Nuuwa abasatu Yesu yava mu ani?
- (b) Mutabani ki owa Isaaka Yesu mwe yava?
- (c) Ntumbwe za mutabani ki owa Yakobo Yesu mwe yava?

(d) Yesu yava mu ntumbwe za kabaka ki mu Isiraeri

5. Bombi Yusufu ne Maliyamu baava mu ntumbwe ze ani?

- (a) Dawudi aggyawo abazukulu b'abantu abalala bona Masiya mwe yali asobola okuva.
- (b) Seemu aggyawo bibiri bya kusatu eby'abantu bona Masiya mwe yali asobola okuva.
- (c) Dawudi, awa obusika obwa ddala okutuula ku nnamulondo y'obwakabaka.
- (d) Yuda, aggyawo 11/12 ku busobozi bwonna obusigadde.
- (e) Yakobo aggyawo ½ ku bona abasigadde.

Ebigambo ebirungi okujukira.

Naye yafumitibwa olw'okusobia kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukurivu bwaffe; okuvonerezebwa kw'emirembe gyaffe kwali ku ye; era emiggo gye gye gituwonya [Isaya 53:5].

### OMUSOMO # 10: DDALA BAIBULI EYOGERA MAZIMA?

1. Ebyawandiikiba bwe biri leero, bwe byari mu kusooka nga biwandikiba?

- Ng'ekyuma ekikuba ebitabo, ebyawandiikiba mu kusooka byawandikiba kigambo ku kigambo n'emikono n'obwegendereza obw'ekika ekya waggulu.
- Endagaano Enkadde mu kusooka yawandiikiba mu Iw'Ebbulaniya, n'ekyusibwa mu Lulatini n'oluvannyuma mu Luyonaani, enzivvunula ey'olw'Ebbulaniya, Olulatini, n'Oluynonaani zaali nga zikkirizaganya bulungi nnyo.
- Ekitabo nga kiramba eky'Endagaano Enkadde kyawandiikiba mu mwaka ogwo 900 A.D nga Yesu amaze okuzaalibwa. Tumanyi ebiwandiiko ebyawandiikiba emabega w'omwaka 900AD byakuumibwa bbulungi okuva mu mizingo gy'ennyanja enfu. Emizingo gino egiali mu nnyanja enfu bwe gyazuulibwa, ebitabo bye byawandiikiba bye bimu emyaka 1000 egleyawudde nga bw'obigeregeranya nga bye bimu. Enjawulo entono ennyo eyasangibwa nga terina w'ekoseza wadde n'akatono amakulu ag'ebyawandikiba.
- Ekitabo ekya Seputwaginti (nga y'enzivvunula y'Endagaano Enkadde mu Luyonaani) mu myaka 2000BC nga Yesu simuzaale bwe yageregeranyizibwa n'emizingo eggyava mu Nyanja enfu, okugerageranya kino kulaga nga byali bifaanagana bulungi.
- Waliwo obukakafu nti ebyawandiikiba eby'Endagaano Enkadde byakuumibwa n'obwegendereza obwa waggulu okuvira ddala mu mwaka ogwa 200 BC nga Yesu si muzaale, era nga ne kaakano tulina ebyo bye nnyini nga bwe byali mu kusooka.
- Olwaleero ebitabo eby'enzivvunula ez'enjawulo ez'Endagaano Empya ezisuuka mu 4000 ze ziriwo. Enzivvunula zino zanjawulo mu kuwandiika n'ebyakozesebwa okusobozesa ebyawandiikiba mu biseera eby'enjawulo okugeregeranyizibwa
- Nga mu kugeregeranya ebitabo bye byawandiikiba eby'enjawulo ebiri mu bikozesebwa eby'enjawulo, mwasangibwa enjawulo ntono nnyo kabekasinge n'obutabaawo.

**Obukakafu nti ebyo ddala ebyawandiikibwa mu Ndagaano Empya byawandiikibwa bulungi mu butuufu bwabyo.**

- Okusooka tuteekwa okukkiriza nti ebyawandiikibwa wansi bituufu, ng'olese abawandiisi okwawukana muko mu byogerwa.
- Abasajja abaaliwo ne balaba n'amaaso gaabwe, n'aba abaagattagatta ebyo abyaliwo mu buliwo bye baayogera mu Ndagaano Empya .
- Ebyo ebyawandiikibwa mu Ndagaano Empya ku Yesu byasaasanyizibwa mu biseera nga ne bano abaali ne Yesu mu bulamu nga bakyaliwo. Ng'abantu basobola okukakasa oba okugaana obutuufu bw'ebyo ebyali biwandiikkidwa.

**Obukakafu obuli wa bweru wa Baibuli nga bunyweza ebyo ebyawandiikibwa mu Baibuli nga mazima.**

- Okunoonyereza ku by'edda kunyweza obubaka bungi nnyo mu Baibuli nga mazima.
- Ebyo ebiralala ebyawandiikibwa mu biseera byennyini Enjiri ya Yesu mwe yawandiikibwa bikkiriziganya bulungi n'ebyo ebyateekebwa mu byawandiikibwa.

Ebigambo ebirungi okujukira.

Kubanga twetagoberera ngero ezaagunjibwa n'amagezi bwe twabategeeza obuyinza n'okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo, naye twalaba n'amaaso gaffe obukulu bwe [2Peetero 1:16].

## OMUSOMO # 11: OKWEJJUKANYA EMISOMO 8-10.

### 1.Baibuli biki byeyogera?

- Baibuli erimu ebyo byennyini Katonda bye yayaga biwandiikibwe wansi [2Tim 3:16]
- Ekigambo kya Katonda ye minzaani okupimirwa amazima gonna [Engero 30:5].
- Ekigambo kya Katonda gaali mazima bwe kyawandiikibwa, mazima ne leero, era kinaabanga mazima emirembe gyonna [Zabbuli 119:160].
- Ge mazima agakwata ku mbeera yaffe eya leero [Baruumi 3:23].
- Ge mazima agakwata ku ki kye tuteekwa okola okulokoka [Abaruumi 10:9]
- Ge mazima agakwata ku ngeri gye tuyinza okubeeramu n'okusinza [Abaruumi 12:1-2].

### 2.Bujulizi ki obuliwo nga bukakasa nti Baibuli eyogera mazima?

- Engeri Baibuli gye wandiikibwamu
- Ebizuulibwa okuva mu kunoonyereza kwebyo eby'edda.
- Obutuufu bw'ebyo sayansi bye yakakasa naye nga biri mu Baibuli.
- Obujulizi obw'omuntu ssekinnoomu.
- Obunnabbi obumaze okutuukirira.

**3.Ngeri ki ez'emirundi ebiri ezsobola okutuyamba okumanya nti Yesu ddala mwana wa Katonda – Masiya?**

- Obunnabbi obumaze okutuukirira.
- Okukozesa olunyiriri lw'ebayaayo eby'okuzaalibwa kwa Yesu.

**4.Tumanya tutya nti ebyawandiikibwa biringa bwe byali mu kusooka nga byakawandiikibwa?**

- Okuwandiika kigambo ku kigambo n'obwegendereza obwekika ekya waggulu.
- Enzivuunula eyo Lulatini n'Oluynaani ezaggyibwa mu nzivvunula eyasooka ey'Olwebbulaniya zikkiriziganya bulungi nnyo.
- Ebitabo by'ewandiikibwa emyaka nkumi na nkumi egleyawudde zikkiriziganya bulungi.

**5.Tumanya tutya nti ebyawandiikibwa mu Ndagaano Empya byawandiikibwa mu butuufu bwabyo?**

- Abo abaalaba n'amaaso, n'abo abaagattagatta ebyo abo abaaliwo bye baayogera.
- Ebyo ebiri mu Ndagaano Empya ebikwata ku Yesu, byasaasanyizibwa mu biseera ng'abo abaaliwo mu biseera by'obulamu bwe bakyali balamu. Abantu bano abaali balamu mu biseera ebyawandiikibwa mwe byawandiikibwa baali basobola okukakasa oba okugaana obutuufu bwabyo nga bwe byawandiikibwa.

**6. Bukakafu ki obuliwo nga buno bwo buli wabweru w'ebyawandiikibwa obunjweza ebyawandiikibwa mu Baibuli nti bituufu?**

- Obukakafu obuva mu kunoonyereza ebyo eby'edda.
- Ebiwandiiko ebitasangibwa mu Baibuli bikiriziganya n'ebyo ebyawandiikibwa ebiri mu Ndagaano Empya.

Ebigambo ebirungi okujukira.

Buli kyawandiikibwa kirina okulungamya kwa Katonda.... [2Tim 3:16].

**OMUSOMO # 12: DDALA YESU LY'EKKUBO LYOKKA ERITUUTUUSA EWA KATONDA?**

**1.Abakristaayo bakkiriza batya ku Yesu Kristo?** Tewali bulokozi mu mulala yenna [Ebikolwa 4:12].

**2.Lwaki Abakristaayo bakkiriza kino?** Kubanga Yesu Kristo bwatyo bwayigiriza [Yokaana 14:6].

**3.Ate kiri kitya ku bammemba ab'eddiini endala aboogera nti enzikkiriza zaabwe ze zirina eby'okuddamu ku Katonda ye ani?** Bwe kiba nga ddala Yesu ali ekyo kye yeeyogerako, ekyo kitegeezza nti ye ly'ekkubo lyokka eritutuusa eri Katonda.

**4.Kitegeezza ki Yesu bw'agamba nti “Nze kkubo”?** Kitegeezza nti ye lye kkubo erikomyawo enkolagana ey'obuntu ne Katonda [Yoka 14:7].

**5.Yesu asobola atya okwogera nti nze kkubo, n'amazima n'obulamu?** Etteeka ery'omwoyo eryetaaga okusasulira ekibi lisobola kutuukkirizibwa kuyita mu kufwa kwa Yesu ng'ate ku musaalaba [Abaruumi 3:23-25].

**6. Kiwulikika ng'ebbogo okugamba nti omuntu ky'akkiriza ku Katonda kikyamu. Ddala Abakristaayo n'eddiini endala tebali ku ky'ekimu?** Nedda. Wadde nga waliwo ebifaanagana, naye enjawulo eriwo nnene okusinga okufaanagana.

**7. Njawulo ki ey'amaanyi eriwo wakati w'Obukristaayo n'eddiini endala zonna?** Obukristaayo si ddiini, Eddinni ye muntu okugezaako okola ebyo ebisanyusa Katonda, okusobola okufuna obulokozi. Obukristaayo yo eba nkolagana wakati w'omuntu ne Katonda [Yokaana 14:15-18].

**8. Lwaki Obukristaayo bwokka bwe buwa omuntu obukakafu obw'obulokozi?** Yesu atukolera ekyo ffe kye tutayinza [Abaefeso 2:8-9].

**9. Abakristaayo basinga abantu abalala abatali Bakristaayo?** Omukristaayo talina lukusa kugamba nti asinga abalala. Omukristaayo ayogera ng'omwonoonyi eyalokolebwa olw'ekisa kya Katonda.  
[Abaefeso 2:4-5].

**10. Yesu ayawukana atya ku bakulembeze b'eddiini endala zonna enkulu?** Mu bakulembeze b'eddiini endala zonna ab'amaanyi mu nsi, Yesu ye yekka eyeyogerako okuba Katonda.

[Mattayo 16:15-17].

Ebigambo ebirungi okujukira.

Yesu n'amugamba nti Nze kkubo, n'amazima n'obulamu, tewali ajja eri kitange, wabula ng'ayita mu nze. 7 singa muntegedde, ne kitange mwandimumanya, okusooka kaaka mumutegeera era mumulabye. [Yokaana 14:6,7].

### OMUSOMO # 13: EKYO ABAKKRISTAAYO BA BAIBULI KYE BAKKIRIZA.

**1. Lwaki Yesu ayitibwa mulokozi?** Kubanga ng'omuntu, yasobola okusasula ebbanja abantu lye baali babanjibwa Katonda. Yesu yalina obusobozi okusasula ebbanja eritaliiko kkomo eri Katonda atakoma [Ebikolwa 4:12].

**2. Lwaki Yesu ayitibwa Kristo (eyafukibwako amafuta)?** Yesu yabikkula enteekateeka ya Katonda ey'okusumulula abantu bona okuva mu maanyi g'ekibi n'okufa okuyita mu ssaddaaka ye ku musaalaba [Matt 15:16].

**3. Lwaki Yesu ayitibwa kabona omukulu?** Yesu yatununula omulundi gumu, ne bona ne ssaddaaka y'omubiri gwe era kaakano ali ku mukono ogwa ddyo ogwa kitaawe atwegayirira eri kitaffe [Abaebbulaniya 7:23-27].

**4. Lwaki Yesu ayitibwa kabaka?** Yesu, kabaka waffe ataggwaawo afuga, atuwolereza, atuwanirira, atununula (okubikkulirwa 19:11-16].

**5.Lwaki Yesu ayitibwa Mukama?** N'omuwendo ogw'omusaayi gwe ye yatugula okuva mu kibi. [Okubikkulirwa 5:9-10].

**6.Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku busatu bwa Katonda?** Katonda kitaffe, Katonda Omwana, Katonda Omwoyo Omutukuvu, bona benkana, tebaggwaa wo, era awamu ye Katonda omu ow'amazima [Matt 28:19].

**7.Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku mmeeme y'omuntu?** Emmeeme y'omuntu teggwaa wo.

**8.Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku kibi?**

- Twazaalibwa mu kibi [Zabbuli 51:5].
- Twonoona olw'okusalawo [Isaya 53:6].

**9.Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku bulokozi?**

- Obulokozi kirabo [Abaefeeso 2:8-9].
- Obulokozi obufuna kuyita mu kukkaniza Yesu Kristo [Yokaana 3:16].
- Obulokozi bwa ddala era bwa lubeerera [Yokaana 10:27-30].

**10.Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya ku kufuna obulokozi?**

- Kkiriza era oyatula ekibi [1Yokaana 1:8,9]
- Kkiriza Yesu ng'Omwana wa Katonda, musabe okubeera Mukama era Omulokozi wo [Abaruumi 10:9].

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati, n'okuwaayo Omwana omu yekka, buli amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutaggwaa wo [Yokaana 3:16].*

#### OMUSOMO # 14: OBUYUDAAYA N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.

- Okusinziira ku Ndagaano Enkadde, Masiya ye ani? Masiya yali wakununula abantu be okuva mu bibi byabwe. [Isaaya 53].
- Enzikkiriza y'Ekiyuddaya ekkiriza etya ku Masiya? Abayudaaya balina endowooza nti Masiya aliba omuntu Katonda gwalituma okukomyawo ekitiibwa kya Isiraeri, n'okuleeta emirembe eg'yolubeerera.
- Enzikkiriza ey'Ekiyudaaya ekkiriza etya ku Yesu Kristo? Abayudaaya abamu bakkiriza nti Yesu yali nnabi ow'amaanyi, era yayigirizanga ebintu ebirungi. Yesu teyabaleetera omulembe guli ogwa Masiya, kale si ye Masiya. N'olwekyo, Abayudaaya bakyalindirira okujja kwa Masiya.
- Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza nti Yesu ye Mwana wa Katonda, ye Kristo, Masiya eyalagulwa Isaaya essula 49:53. Yesu Katonda ate era muntu. Teyalina kibi era yafa okununula omuntu okuva mu kibi.
- Enzikkiriza y'Ekiyudaaya bakkiriza batya ku busatu bwa Katonda? Abayudaaya tebakkiririza mu busatu. Waliwo Katonda omu yekka. Yakuwa [Ekyamateeka 6;4].

Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza: Katonda kitaffe, Katonda Omwana, Katonda Omwoyo Omutukuvu, bona benkana, tebaggwaawo, be bakola Katonda omu [Luuka 3:21-22].

abayudaaya bakkiriza batya ku kwonoona kw'omuntu? Ekibi kikolwa so si mbeera.

Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza; omuntu azaalibwa nga mufu mu mwoyo, era azaalibwa ali mu mbeera ey'ekibi nga yakisikira okuva mu bujeemu bwa Adamu [Zabbuli 53:5].

Enzikkiriza y'Ekiyudaaya bakkiriza batya ku bulokozi? Omuntu teyeetaaga kununulwa. Omuntu yenna, oba muyudaaya oba nedda asobola okufuna obulokozi okuyita mu kwewaayo eri Katonda omu n'okubeera mu bulamu obw'empisa ennungi. Omuntu alina obusobozi okubeerawo nga yeekuma amateeka (Tawuleeti). Bwalemererwa, aba kye yeetaaga kyokka kwe kugenda mu maaso ga Katonda mu kwenenya.

Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza obulokozi kirabo ekiva eri Katonda era obufuna lwa kukkiriza Yesu Kristo. [Abaefeso 2:8,9].

Ebitabo: Ebitabo ebitukuvu eby'enzikkiriza y'Ekiyudaaya.

Endagaano Enkadde, na ddala ebitabo bya Musa ebisooka ebitaano n'ebyawandiikibwa ebitukuvu.

### **Abakristaayo ba Baibuli; Baibuli Endagaano Enkadde n'Empya.**

Ebirowoozo ku ngeri y'okubuulira Obukristaayo bwa Baibuli eri omuntu ow'enzikkiriza y'Ekiyudaaya.

- Ssa esira ku ssaddaaka y'okufa kwa Kristo, n'amazima g'okuzuukira kwe.
- Laga obunnabbi bw'Endagaano Enkadde nga bwe bwatuukirira mu Yesu nga buwa obukakafu nti ye Masiya.

#### Ebigambo ebirungi okujukira.

Kubanga buli alikaabirira erinnya lya Mukama alirokola [Abaruumi 8:13].

### **OMUSOMO # 15: OBUYISIRAAMU N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

- **Obuyisiraamu bukkiriza butya ku Katonda?** Waliwo Katonda omu ow'amazima – erinnya lye ye Allah ne Muhamadi ye nnabbi we.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza** Katonda Kitaffe yeeraga ng'ayita mu byawandiikibwa n'okuyita mu mwana we Yesu Kristo.
- **Obuyisiraamu bukkiriza butya ku Yesu Kristo?** Obuyisiraamu bugaana Yesu okuba omwana wa Katonda, era ne bugaana n'okuzuukira kwe.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Yesu mwana wa Katonda. Ye Katonda ate muntu. Teyalina kibi era yafa okununula abantu bona okubaggya mu kibi [Yokaana 1:29].
- **Obuyisiraamu bukkiriza butya ku busatu bwa Katonda?** Tewali Katonda mulala wabula Allah. Kuba kukola kibi ekitasoyika okugatta ku Katonda.

- **Abakristaayo ba Baibuli bakkriza;** Katonda kitaffe, Katonda Omwana, Katonda Omwoyo Omutukuvu; bona benkana, tebaggwaawo, awamu bakola Katonda omu ow'amazima [Mattayo 3:16-17].
- **Obuyisiraamu bukkiriza butya ku kibi?** Obuyisiraamu buyigiriza nti omuntu azaalibwa nga talina kibi. Ekibi ye muntu okulemererwa okutuukiriza ebyo eddiini bye mulagira nga bwe birambikiddwa mu mpagi etaano.
- Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza omuntu azaalibwa nga mufu mu mwoyo era ngali mu mbeera y'okwonoona [Abaefeeso 2:1].
- **Obuyisiramu bukkiriza butya ku bulokozi?** Obuyisiraamu buyigiriza nti omuntu alina okolerera obulokozi bwe ng'atuukiriza empagi etaano ez'okukkiriza, okusaba, okugabira abaavu, okusiiba omwezi ogwa Ramadani, n'okulamaga e Mekka.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza** obulokozi bujja lwa kukkiriza Yesu Kristo. Yesuasuubiza okwetikka omugugu gw'ekibi okuguggya ku muntu [Mattayo 11:28-30].
- **Kitabo ki ekitukuvu eky'Obuyisiraamu?** Korani, Tawuleeti (ebitabo bya Musa ebitaano), Zabbuli za Dawudi, Enjiri ya Yesu (eyakyusibwa okuva mu Baibuli).

**Ebirowoozo ku ngeri gy'oyinza okubuulira mu obukristaayo bwa Baibuli eri Omuyisiraamu.**

- Laga enjawulo kw'ebyo Katonda wa Baibuli by'akoze n'ebyo Katonda w'Obuyisiraamu bya tannakola. Ku bikwata ku kizibu ky'ekibi, Obuyisiraamu tebulaga nti waliwo ekibi. Era Allah talinaawo kye yaakoledde muntu ekitwala omuwendo, ng'olese Katonda wa Baibuli.
- Era laga anti Omuyisiraamu talina nkologana yonna na Katonda.
- Nnyonnyola ensobi eri mu kufuna obulokozi ng'obeerawo okusinziira ku mpagi ettaano. Omanya ddi nti kaakano okoze ekimala ob anti okoze bulungi ekimala?

**Ebigambo ebirungi okujukira.**

*Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange naabawummuza. 29 Mwetikke ekikoligo kyange, muyigire mu nzi; kubanga ndi muteefu era omuwombeefu mu mutima; nammwe muliraba ekiwummulo [Mattayo 11:28-30].*

**OMUSOMO # 16: OBUHINDU N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

- **Obuhindu bukkiriza butya ku Katonda?** Mu Buhindu obw'obufirosoofo, Katonda "kintu" mu Buhindu obulina etutumu, waliwo bakatonda bangi, ku nkomerero omuntu afuuuka katonda.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** nti Katonda muntu [Yokaana 14:1-7].
- **Obuhindu bukkiriza butya ku Yesu Kristo?** Yesu y'omu ku bakatonda abangi abafuuka omuntu. Yesu si ye mwana wa Katonda yekka.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza:** Yesu ye mwana wa Katonda omu yekka ataggwaawo. Ye Katonda ate era muntu. Teyakola kibi, era yafa okununula abantu bona okuva mu kibi [Yokaana 3:16].
- **Obuhindu bukkiriza butya ku busatu bwa Katonda?** Obusatu bwa bakatonda bukkirira Katonda oyo ow'okuntikko atalinaamu ka buntu. Abahindu bangi basinza omu, oba bona abasatu.

- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza** ; Katonda kitaffe, Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; benkana, tebaggwaawo awamu ye Katonda omu ow'amazima
- **Obuhindu bukkiriza butya ku mmeeme y'omuntu?** Emmeeme egenda mu maaso mu nkulungo y'okuddingana mu kuzaalibwa okutuusa bwawaguza naaba wa ddembe neyeegatta ku butakoma.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** omuntu alina emmeeme ey'olubeerera ng'obulokozi bwsigamye ku kirabo eky'obulamu obutaggwaawo okuyita mu Yesu Kristo [1Yokaana 5:11-12].
- **Obuhindu bukkiriza butya ku kibi?** Olw'okuba nti omuntu yenna amaliriza afuuse Katonda, tewali kibi ekimwawula okuva ku Katonda.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** ng'obulokozi bwsigamye ku kirabo eky'obulamu obutaggwaawo okuyita mu Yesu Kristo [1Yokaana 5:11-12].
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Ekibi weekiri era kya ddala [1Yokaana 1:8,9].
- **Obuhindu bukkiriza butya ku bulokozi?** Obulokozi bujja okuyita mu kukola emirimu emituufu, okumanya, okusinza omu oba bakatonda abangi.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** nti obulokozi kye kirabo kya Katonda ekijja olw'okukkiriza Yesu Kristo. [Yokaana 6:35].
- **Kiri kitya ku bitabo ebitukuvu?** Ekitabo Upanishadi.
- Abakristaayo ba Baibuli; Baibuli; Endagaano Enkadde n'Empya.

Ebirowoozo ku ngeri y'okubuuliramu Obukristaayo bwa Baibuli eri Omuhindu.

- Obuhindu buyigiriza nti Katonda abadde afuuka omuntu emirundi mingi okuyigiriza abantu amazima. Baibuli egamba nti Katonda yafuuka omuntu omulundi gumu gwokka mu muntu Yesu Kristo, si kuyigiriza buyigiriza, naye era n'okutukakasa okufuna obulokozi okuyita mwekyo Yesu kye yatukolera.
- Simba essira ku kweyogerako okwenjawulo okwa Yesu okuyita mu Yesu Kristo, tulina obulamu obutaggwaao, naye si kufuukanga bufuusi emirundi emingi.

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Mwekuume tewabeerangawo muntu abanyaga mu bufiroosofo n'eb'y'obulimba, ebitaliimu okugobereranga ebiyigirizibwa abantu. 9 kubanga mu oyo mwe mufuula okutuukirira kwonna kw'obwa Katonda ng'omubiri bwe guli.... [Abakkolosaayi 2:8-10].*

**OMUSOMO # 17: ABA MAMONA N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

- **Aba Mamona bakkiriza batya ku Katonda?** Katonda si yabadde ow'okuntikko bulijo. Adamu ye Katonda kitaffe.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Katonda taata abaddewo okuva mu butaggwaawo era mu butuukirivu [Lubereberye 1:1]. Katonda mwoyo [Yokaana 4:24]. Adamu tabangako Katonda.
- **Aba Mamona bakkiriza batya ku Yesu Kristo?** Oluvannyuma lw'okufuna omubiri Yesu, ayitibwa baaba, yakuzibwa okufuuka Katonda, era omu ku bakatonda abangi.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Yesu Kristo abaddewo okuvira ddala mu butaggwawo nga Katonda ow'okubiri mu busatu, oluvannyuma nafuuka omuntu [Abakkolosaayi 1:15].
- **Aba Mamona bakkiriza batya ku busatu bwa Katonda?** Katonda taata ali waggulu wa bakatonda abalala mu nsi. Omwoyo Omutukuvu ye ali mu ngeri ya mazzi.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** wadde nga Katonda Taata, Omwana, Omwoyo Omutukuvu bantu basatu, naye bakola Katonda omu [Yokaana 15:26].
- **Aba Mamona bakkiriza batya ku mmeeme y'omuntu?** Okuzaalibwa kw'omubiri kuwa emibirri omwoyo n'omukisa okulondawo oba kituufu oba kikyamu. Abantu bonne bagenda mu ggulu.
- Abakristaay ba Baibuli bakkiriza; nti Emwoyo gy'abantu tegibeerawo nga tebannazaalibwa. [Zabbuli 139:13].
- **Aba bakkiriza batya ku kibi?** Tewali kibi kisikire mu buzaaliranwa
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Omuntu azaalibwa nga mwonoonyi [Abaruumi 5:12].
- **Aba Mamona bakkiriza batya ku bulokozi?** Bufunibwa muyita mu Yesu Kristo yekka, okwenenya, okubatizibwa, n'okukuuma amateeka.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Obulokozi kirabo kya Katonda ekijja olw'okukkiriza Yesu Kristo [Abaefeeso 2:8-9]. Okubatiza n'okubeera mu bulamu obutukuvu bikolwa bya kugondera Katonda, naye si kkubo lya kufuna bulokozi.
- **Kiri kitya ku bitabo ebitukuvu?** Baibuli singa eba evunnuddwa okusinziira ku njigiriza ya Mamona, Ekitabo kya Mamona , Enjigiriza n'Endagaano.
- **Abakristaayo ba Baibuli:** Endagaano Enkadde n'Empya. [Ekyamateeka 4:2].

Ebirowoozo ku ngeri y'okubuuliramu Obukristaayo bwa Baibuli eri owa Mamona.

- Ssa essira ng'okakasa nti obulokozi weebuli eri abo abakkiriza omulimu gwa Yesu ogwaggwa ku lwabwe.
- Basoomooze mu bwesimbu okugerageranya okuyigiriza kwa Baibuli n'okwa Mamona.

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Kubereberye waaliwo kigambo, kigambo n'aba awali Katonda, kigambo n'aba Katonda [Yokaana 1:1].*

## OMUSOMO # 18: ABA YAKUWA N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.

- **Aba Yakuwa bakkiriza batya ku Katonda?** Mutonzi, mukuumi, mulokozi.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Katonda kitaffe abaddewo emirembe gyonna n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu [Yokaana 1:1].
- **Aba Yakuwa bakkiriza batya ku Yesu Kristo?** Yesu Kristo ye yasooka okutondebwa Yakuwa , era Yakuwa yamukozesa okutonda ebirala byonna. Yesu ka katonda.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Yesu ye Yakuwa Katonda [Yeremiya 32:18].
- **Aba Yakuwa bakkiriza batya ku busatu bwa Katonda?** Omwoyo Omutukuvu si Katonda kubanga waliwo Katonda omu; era bagaana Yesu Kristo okuba Katonda.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Katonda Taata, Omwana n'Omwoyo Omutukuvu, benkana, tebaggwaa, awamu ye Katonda omu, mu bantu basatu [Yokaana 15:26].
- **Aba Yakuwa bakkiriza batya ku mmeeme y'omuntu?** Omuntu talina mmeeme ey'olubeerera era emmeme teyeeyawudde na mubiri. Ggeyeena ekontana n'okwagala kwa Katonda.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Omuntu alina emeeme ey'olubeerera ebeerawo n'olvannyuma lw'okuva mu mubiri ng'afudde [Mattayo 25:46].
- **Aba Yakuwa bakkiriza batya ku kibi?** Okufa kwa Yesu ku musaalaba kwaggyawo ebyo byokka ebyava mu kibi kya Adamu, era n'okussa omuntu mu kifo okwekolerera obulokozi bwe ye.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Ekibi kyawulira ddala abantu bonna okuva ku Katonda, naye okufa kwa Yesu kwabafuula ba ddembe ne kubawa obulamu [Abaruumi 5:18].
- **Aba Yakuwa bakkiriza batya ku bulokozi?** Abo abatatuukagana na mutindo gwa Yakuwa balittiba; emmeme zaabwe zirirekera awo okubeerawo. Engeri yokka ey'okuddukamu/okuwona kwe kukkiriza n'obuulira enjigiriza ya Yakuwa.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Obulokozi kirabo ekiva ewa Katonda [Yokaana 5:24].
- **Kiri kitya ku bitabo ebitukuvu?** Enzivvunula y'ensi Empya kye kitabo ekituufu ekivvunula Baibuli.
- **Abakristaayo ba Baibuli;** Baibuli Endagaano Enkadde n'Empya.

Ebirowoozo ku ngeri y'okubuiliramu Obukristaayo bwa Baibuli omukkiriza wa Yakuwa.

\

- Kozesa enjigiriza yaabwe okubatuukako. Leka Omwoyo Omutukuvu (nga Katonda) abikkule amaaso gaabwe eri amazima. Ggwe oli kikozesebwa, siga ensigo, ye Katonda akole.
- Balage nti Yesu Kristo ye Yakuwa Katonda.

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Ddala ddala mbagamba nti Buli awulira ekigambo kyange n'akkiriza oyo eyantuma alina obulamu obutaggwaawo, so taliva mu musango naye ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu [Yokaana 5:24].*

**OMUSOMO # 19: OBUKRISTAAYO BWA SAYANSI N'OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

- **Obukristaayo bwa sayansi bakkiriza butya ku Katonda?** Katonda birowoozo, Nnono, bulamu, magezi.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Katonda muntu [Zabbuli 145:13].
- **Abakristaayo ba Sayansi bakkiriza batya ku Yesu Kristo?** Yesu (omuntu), yali muyigiriza wa maanyi, naye si Katonda. Yesu kye kirowoozo kya Katonda, atuukiridde atali mu buntu.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Yesu Kristo waali ng'omuntu omu alina embeera ey'obuntu neya Katonda [Abafirippi 2:6-7].
- **Obukristaayo bwa Sayansi bukkiriza butya ku Busatu bwa Katonda?** Obusatu bulamu, mazima, n'okwagala. Omwoyo omutukuvu bwe bukristaayo bwa Sayansi bwennyini.
- **Obukristaayo bwa Sayansi bukkiriza butya ku mmeeme y'omuntu?** (Omuntu waali ng'ekitundu ku Katonda, olw'okuba Katonda ye byonna. N'olw'ekyo, olw'okuba Katonda taggwaawo, n'omuntu taggwaawo. Olw'okuba Katonda mulungi era ne byonna birungi, n'omuntu olw'okuba ekitundu ku Katonda, mulungi).
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza batya?** Omuntu alina emmeeme etaggwaawo eribeerawo ng'amaze okuva mu mubiri oluvannyuma lw'okufa [Mattayo 25:46].
- **Abakristaayo ba Sayansi bakkiriza batya ku kibi?** Ekibi, endwadde n'okufa bulimba.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Ekibi ddala gye kiri [Abaruumi 5:12].
- **Abakristaayo ba Sayansi bakkiriza batya ku bulokozi?** Omuntu talina busobozi kwonoona, n'olwekyo, teyeetaaga mulokozi. Obulokozi butwaliramu okusumululwa okuva ku ndowooza enkyamu.
- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Obulokozi kirabo okuva eri Katonda, nga kijja lwa kukkiriza Yesu Kristo [1Peetero 2:24].
- **Ebitabo ebitukuvu?** Sayansi n'ebiyobulamu.
- **Abakristaayo ba Baibuli;** Baibuli, Endagaano Enkadde n'Empya.

**Ebirowoozo ku ngeri y'okubuuliram Obukristaayo bwa Baibuli eri ow'Obukristaayo bwa Sayansi.**

- Wa obukakafu nti Yesu Kristo Katonda era yafa okutulokola okuva mu kibi nga gye kiri ddala.
- Abakristaayo ba Sayansi bazanyira ku nkomerero yaabwe nga basuubira nti Maliyamu Bakeri Eddi ye mutuufu. Yesu Kristo ye mukyamu.

**Ebigambo ebirungi okujukira.**

*Katonda ow'emirembe gino; be yaziba amaaso ng'amagezi gaabwe abatakkiriza omusana gw'enjiri ey'ekitiibwa eya Kristo, oyo kye kifaananyi kya Katonda gulemenga okubaakira [2Abakolinso 4:4].*

**OMUSOMO # 20: EDDIINI Z'ENSI N'EBIBUUZO KU NZIKKIRIZA Z'OBUKRISTAAYO EZ'OBULIMBA.**

1. **Njawulo ki enkulu eriwo wakati w'Obukristaayo bwa Baibuli n'eddiini endala zonna?** Eddiini zikulagira kukola, ate Obukristaayo kyakolebwa ne kiggwa.
2. **Okunsinziira ku Buyudaaya omuntu afuna atya obulokozi?** Omuntu yenna Omuyudaaya oba atali, afuna obulokozi lwa kugoberera mateeka n'empisa.
3. **Okusinziira ku kuyigiriza kw'obuyisiraamu, Omuyisiraamu afuna atya obulokozi?** Empagi ettaano, okusaba(swala), okugabira abanaku, okusiiba omwezi omutukuvu, okulamaga e Makka.
4. **Obuhindu buyigiriza butya ku muntu?** Omuntu ku nkomerero afuuka Katonda.
5. Abagoberezi bano tebalina nkolagana yonna ne Katonda; Abayudaaya, Abayisiraamu, Abahindu, Aba Mamona, Aba Yakuwa n'Abakristaayo ba sayansi.
6. **Abagoberezi b'eddiini zino bagamba nti tosobola kumanya Katonda?** Abahindu, Abayisiraamu.
7. **Abagoberezi b'enzikkiriza z'Obukristaayo abw'obulimba zino, bakkiriza nti Yesu kitonde;** Aba Yakuwa.
8. **Abagoberezi b'eddiini bagaana Obusatu bw'obukristaayo bwa Baibuli:** Abayudaaya, Abayisiraamu, Abahindu, Aba Yakuwa, Mamona ne Abakristaayo ba Sayansi.
9. **Abagoberezi b'eddiini zino bagamba nti Emmeeme y'omuntu yetooloola ng'edingana mu kuzaalibwa okutakoma okuyitibwa okwambala omubiri.** Abahindu.
10. **Eddiini zino zigamba nti Baibuli si ntuufu singa eyawukana n'ebitabo byazo ebitukuvu;** Obuyisiraamu, Abayudaaya, Aba Mamona, Abakristaayo ba Sayansi, Aba Yakuwa.
11. **Abagoberezi b'eddiini zino bajja kugamba nti olin a okolerera obulokozi bwo;** Abayudaaya, Abayisiraamu, Abahindu, Aba Mamona, Aba Yakuwa, Abakristaayo ba Sayansi.
12. **Nzikkiriza ki ezitawa bagoberezi baazo obukakafu bwonna bw'obulokozi, wadde nga baba bagoberedde amateeka gonna ssaako n'okola ennyo?** Obuyisiraamu n'aba Yakuwa.
13. **Ddiini ki egamba nti eddiini zonna gaba makubo ag'enjawulo agatutuusa eri Katonda?** Obuhindu.
14. **Ddiini ki ezigaana nti Yesu si Katonda?** Zonna.

15. Lwaki tekisoboka mu “bikolwa”, eddiini okufuna obukakafu obw’obulokozi? Tolimanya era tosobola kumanya nti kaakano okoze ekimala okusobola okwewangulira obulokozi.
16. Lwaki Obukristaayo bwokka bwe buwa obukakafu ku bulokozi? Yesu atukolera ffe kye tutandisobodde kukola.

#### **OMUSOMO # 21: OMULEMBE OMUGGYA N’OBUKRISTAAYO BWA BAIBULI.**

1. **Ab’omulembe omuggya bakkiriza batya ku Katonda?** Ensi ne byonna ebigirimu biri kimu. Tewaliyo Katonda wa ku ntikko mu buntu. Buli muntu yenna asobola okolerera okufuuka Katonda.
  - **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Katonda ayinza byonna, yakola eggulu n’ensi, asibukamu amazima gonna, era abaddewo emirembe gyonna, ne Katonda omwana n’Omwoyo Omutukuvu Katonda omu, mu bantu basatu [Lub 1:1].
  - **Ab’omulembe omuggya bakkiriza batya ku Yesu Kristo?** Yesu Kristo kya kulabirako; eky’okulabirako eky’omuntu omulungi atatuukikako.
  - **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Katonda yayambala omubiri omulundi gumu n’afuuka omuntu mu Yesu Kristo okuwa obukakafu obw’obulokozi n’ekyo kye yatukolerera [1Abakkolino 15:4].
  - **Ab’omulembe Omuggya bakkiriza batya ku kibi?** Ekibi eba ndowooza mbi ekendeeza omuntu omussa wansi mu kw’ekkiririzaamu.
  - **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza:** Ekibi kisingawo ku ndowooza obulowooza yokka, gye kiri era kya ddala [1Yokaana 1:8,9].
  - **Ab’omulembe omuggya bakkiriza batya ku bulokozi?** Ekkubo eritutuusa ku “bwa Kristo” kwe kuzimba obwa Karma obulungi ng’oyita mu kuzaalibwa emirundi emingi.
  - Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza; okuyita mu Yesu Kristo tulina obulamu obutaggwaawo, so sikajegere ka kuzaalibwanga okutakoma [1Yokaana 5:11-12].
  - **Ab’omulembe Omuggya bakkiriza batya ku bulamu?** Obulamu bulina amaanyi gaabwo agatonda agagenda nga linnya eddaala okugenda ku mutindo ogwa waggulu. Abantu mu kitundu benniyigira mu nteekateeka y’okweyubula okufuuka eky’amaanyi. Ggwe mulembe Omuggya.

- **Abakristaayo ba Baibuli bakkiriza;** Ensi teyeyongera kukula mu maanyi wabula okuzikirira [Lub 3:17-19]. Okubulawo kw'empisa ez'obwakatonda kuteka abantu mu mbeera ey'akavuyo n'okuggwaamu ensa [Abaruumi 1:18-31].

Ebirowoozo ku kubuulira Obukristaayo bwa Baibuli eri omugoberezi w'Omulembe Omuggya.

- Ensi yaffe yatondebwa Katonda alowooza, omwenkanya, era omutukuvu, ng'alina enteekateeka n'ekigendererwa ku nsi eno kye yabikkulira mu Baibuli [Lub 1].
- Awatali Lubereberye essuula 1, twandiwangaalidde mu nsi etalina makulu wadde entegeka. Abantu bonna mu kitundu abakkiriza mu nzikkiriza ey'Omulembe Omuggya, nga mu Buyindi, kaakano bali mu kavuyo n'okutabukatabuka.
- Katonda taliiko kkomo era amanyi byonna ng'omutonzi. Katonda talina nteekateeka ku nsi yokka, wabula n'eri ggwe ng'omuntu ssekinnoomu.

Ebigambo ebirungi okujukira.

11 Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu obwo buli mu mwana we.

12 Alina Omwana alina obulamu; atalina mwana wa Katonda talina bulamu [1Yokaana 5:11,12].

#### **OMUSOMO # 22: OKUTONDEBWA N'ENDOWOOZA YA EVOLUSONI.**

1. **Baibuli egamba etya ku ntandika y'obulamu ku nsi?** Katonda yatonda eggulu n'ensi n'ebyonna ebigirimu n'ebiri ku nsi [Lub 1:1-21].
2. **Endowooza eno eya evolusoni yo eyogera etya ku ntandiko y'obulamu ku nsi?** Obulamu bwe yubula nga buva mu bintu ebitaalina bulamu ne bugenda nga bwe yubula mpola okutuusa lwe bulinnya ne butuuka ku mutindo ogwa waggulu ennyo.
3. Abamu bagamba nti Baibuli ntuufu mu bitundu ebimu , ate mu bintu ebirala nkyamu. Bw'eba nga Baibuli ntuufu mu bitundu ebimu ate nga mu birala nkyamu, mutawaana ki oguli mu kulowooza okw'ekika kino?
  - Bweba nga Baibuli eba ntuufu biseera bimu byokka. Ani asobola okulamula, ng'ayogera nti wano watuufu?
  - Tusobola kumanya tutya obukakafu bwa Katonda oba Obukristaayo oba Yesu?

Lwaki endowooza ya Evolusoni ya mutawaana?

- Evoluson egaana okubeerawo kwa Katonda oba emukendeeza omussa ku ddala erya wansi okusinga nga bwali. Endowooza eno esiga ensigo ey'okubuusabuusa amazima g'ekigambo kya Katonda.
- Endowooza eno eya Evolusoni esiiga ekifaananyi ekikyamu ku kikula kya Katonda, kubanga eraga ng'okuwa n'okuvunda Katonda y'abissaawo ng'ennono y'obutonzi bwe.

- Evolusoni essa wansi Katonda; Ekifo kyokka ekiweebwa Katonda ky'ekitundu eky'obutonde evolusoni kye tesobola kunnyonnyola. Katonda ateekebwa ku ddaala lya kuzibikira miwaatwa, nga kino kitusindika ku ndowooza eraga nti Katonda aliko ekkomo.
4. **Ki ekibaawo singa Katonda agibwaawo mu ndowooza y'abantu?** Kitegeesa nti omuntu aba asobola okukkiriza ekintu kyonna [Abaruumi 1:21-22].
  5. **Endowooza eno ey'evolusoni egaana etya okuyigiriza kwa Baibuli?** Okutondebwa nga bwe kuli mu Baibuli kuba kufuuka nfumo, so si alipoota eri mu byafaayo okulaga ebyo ebituufu ebyabaawo [Okuva 20:11].
  6. **Endowooza ya evolusoni esiiga etya ekifaananyi ekikyamu kw'ekyo eky'amazima?** Ebyo byonna Baibuli by'eyogera by'amazima ng'otwaliddemu ebyo byonna ebirimu nga bya Sayansi [Zabbuli 119:160].

Eri omukristaayo, okusoomoozebwaa okunene wakati w'evolusoni n'okutondebwa kwe kuba ng'okkiriza endowooza y'omuntu okusinga obuyinza n'amazima g'ekigambo kya Katonda.

Ebigambo ebiru ngi okujukira.

*Bwe mbabuulidde eby'ensi, ne mutakkiriza, mulikkiriza mutya bwe nnaababuulira eby'omu ggulu? [Yokaana 3:12].*

### OMUSOMO # 23: BAIBULI NE SAYANSI.

Mu bufunze, Sayansi mu bigambo annyonnyola ebintu mu butonde ebibaawo. Ekintu kyonna okukakasibwa mu sayansi, kiteekwa okuba nga;

- (a) Nga kisobola okulabibwa
- (b) Nga kiddingana
- (c) Nga kipimibwa.

Ensonga Iwaki Sayansi asanga akaseera akazibu okunnyonnyola ebintu ebimu ebiri mu byawandiikibwa, eri nti; ebintu bino ebiri mu maanyi ag'obwa Katonda, tebiddingana wadde okupimibwa.

1. **Ngeri ki ez'emirundi ebiri Katonda ze yakozesa okuwuliziganya naffe?**
  - Okutwalira awamu, ng'ayita mu butonde ne ebintu eby'omunsi ebitwelooloodde [Abaruumi 1:19].
  - Obutereevu ng'ayita mu Baibuli [Yokaana 1:14].
2. **Tusobola tutya okuwunzika nti Sayansi n'ebyawandiikibwa tebikontana?** Bino byombi okubikkulirwa kuno okwawamu n'okw'obutereevu biva wa Katonda, era Katonda takontanangako [Abakkolinso 14:33].

Bino bye bintu bye tulina okujukira bwe tusisinkana akakuubagano wakati w'ebyawandiikibwa n'ebyo ebirabibwa mu sayansi.

- Katonda ye Katonda ow'amaanyi agataliiko kromo, era ateesigamye mu mateeka g'obutonde agalabibwa, kubanga ye yagateekawo.
  - Ebyafaayo bya Sayansi biraga nga ebyo ebikakasibwa mu mulembe ogumu ate bisobola okujungululwa mu guddako.
- 3. Biki ebiri mu Baibuli ebyawandiikibwa ng'ebituufu mu butonde ate ne bikakasibwa ne mu sayansi?**
- Ensi n'etoloovu [ Isaaya 40:22]
  - Okwetoloola okw'omu bbanga [Omubulizi 1:6]
  - Ensi erina amaanyi agasika ebizitowa okubissa wansi [Yobu 26:7].

Bwe kirabika nga Baibuli nkyamu mu kitundu ekimu, nga bwe bitugambibwa nga byakakasibwa mu sayansi, obukakafu obuggyga bwe bulabika, Baibuli emaliriza ate efuuse ntuufu, n'olw'ekyo, tewali n'omu asobola okugoba ebitundu ebimu ebya Baibuli olw'okuba mu kiseera ekyo sayansi takwatagana nabyo, era nti Baibuli erabika nga ekubagana empawa.

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Kubanga Katonda si wa kuyogaana, naye wa mirembe . [1Abakkolinso].*

**OMUSOMO # 24: OLUFULUBE LW'OBUJULIZI.**

1. **Amazzi agaakola amataba ne gajjula ensi gaava wa?** Mu nsulo ez'omu nnyanja ennene n'ebituli eby'omu ggulu n'ebizibukuka. [Lub 7:11].
2. **Ebituli n'ensulo zino Baibuli bye yogerako bye biruwa?** Kyali kibulangikiti ekyali kikutte amazzi mu bbanga [Lub 1:6-8].

Ku lunaku olw'okubiri olw'okutondebwa [Lub 1:6-8], Katonda n'ayawulamu amazzi agaali ku nsi okuva kw'ago agaali waggulu w'ensi ng'asaawo ebbanga, oba obwengula wakati w'amazzi ago. Kino kitegeesa nti waali waliyo amazzi mu bwengula agataliwo leero; kye ki bulangikiti ky'amazzi.

Bino wansi bye biraga obukakafu nti amazzi gano gaaliwo;

- Amanda agalabika mu Antalantika nga galimu ebirime nga bino byakuliranga mu mbeera y'obudde nga ya bbugumu.
- Okutambula kw'empewo tekwabangawo mu kusooka olw'embeera y'obudde eyali ennyinnyogovu.
- Abantu abaawangaalanga ennyo mu biseera bya bajjaja [Lub 5] olw'amaanyi g'enjuba okuziyiizibwanga obutabatuukako nnyo.
- Okuwangaala kw'obulamu kw'agenda kukendeera mpola olw'okuba nga kibulangiti kino kyavaayo n'ekikendeeza okuziyiiza ebbugumu.

3. Bujulizi ki obuliwo obulaga nti ddala amataba gaaliyo?
  - Agayanja agannene agaliwo leero [Yobi 38:8-11]
  - Ebantu engeri gye byaddiringana [Zabbuli 104:6-9].
  - Kyenkana ebitundu 70% eby'ensi byonna gagyalii mazzi.
  - Ga ssemmazinga agaliko ensozi gagulumizibwa.
  - Ebinnya ebikola agayanja byonna byajjuzibwa amazzi.
  - Amakubo agaakuluguza amazzi agaasigalawo ensi bwe yali ng'eddawo okuba olukalu nate okugeza; Grand Canyoni.

Ebigambo ebikozesebwa mu lw'Ebbulaniya [Endagaano Enkadde] ne mu Luyonaani [Endagaano Empya] nga bikozesebwa okunnyonnyola amataba by'anjawulo kw'ebyo ebyabulijo ebikozesebwa ku mataba. Byo biraga nti kaali katyabaga kennyini.

Baibuli eyigiriza butereevu nti Amataba ga Nuuwa gaabuna ensi yonna era na buli kintu kyonna ekyalina obulamu ku nsi; ensolo zonna n'abantu, ng'olese abo abaawona olw'okuba mu lyaato. Baibuli yandibadde esingawooko okuba enaambulukufu ng'eyogerako ku mataba gano agaasaasaanira ensi yonna? oba, bwe gaba nga gaali mataba mu kitundu butundu eky'ensi, Baibuli esobola okuba nga ebuza bantu ku bungi n'obunene bwago?

#### Ebigambo ebirungi okujukira.

*Ku lunnuku olwo ne zizibukaka ensulo zonna, ez'omu nnyanja ennene, ebituli eby'omu ggulu ne bigguka. Enkuba n'etonnya era ku nsi ennaku amakumi ana emisana n'ekiro [Lub 7:11-12].*

#### OMUSOMO # 25: TAATA WO TEYALI NKIMA.

1. **Bwe tuba nga tetweybula mpola nga tuva mu kisodde, nga Sayansi bwa bityebeka nti kye kituufu, bujulizi ki bwe tuyinza okuwa okukakasa nti ekyo si kituufu?** Okufaanaganya kwe ebantu ebimu, si ke kabonero ak'okuntikko akalaga nti bajajja baffe be bamu (ng'endowooza ya evolusoni bwegamba), naye kasonga ku eyatutonda nga bwali omu (ng'okutondebwa bwe kugamba).
2. **Wandirowoozesi ki singa abantu baali banjawulo nnyo okuva ku bintu ebirala byonna nga birina obulamu, oba singa buli kiramu nga kyali kyanjawulo okuva ku kirala kyonna?** Kyandibadde kirowoozebwa nti ababitonda oba ababikola banjawulo. Ebitonde okuba nti birina obumu n'okufaanagana kiraga Katonda omu ow'amazima eyabikola byonna [Abaruumi 1:20].
3. **Nsonga ki emu ekakasa nti ebirungo ebikola obulamu bifaanagana mu bintu byonna ebirina obulamu ng'otwaliddemu n'omuntu?** Ebirungo ebikola obulamu birina okuba bye bimu, kino kyetaagisa nnyo ffe tusobole okuba nga tulya emmere y'emu okuba abalamu.
4. **Mu bisolo byonna, ebisodde bifaanana nnyo abantu, ki ky'oyinza okusuubira ku ndagabutonde ey'ebisodde n'eyo ey'abantu?** Nazo ziyanza okufaanagana.

5. Okubeera nga kituufu, abantu n'ebisodde okuba nga birina ebintundu **96% ebifanagana ku ndagabutonde, kitegeeza abantu beeyubula bava mu bisodde?** Nedda, obungi bw'ebyo ebiva mu ndagabutonde mu buli katafaali k'omuntu, birowoozebwा okw'enkanankana n'ebyo ebsangibwa mu bitabo nga lukumi bi kalimagezi. Ne bw'oba n'ebitundu 96% era waba wakyaliyo ebitundu 4% ebikola enjawulo ku ndagabutonde. Nga bino bikola obungi bw'ebigambo 12,000,000 nga by'ebitabo 40 bikalimagezi.

Kati guno guba muziziko munene nnyo mu kukwataganya enjawulo eno. Abantu okuba nga beeyubula okuva mu bisodde.

6. Okugerageranya sentensi zino ebbiri wansi kusobola kutya okutuyamba okunnyonnyola okufaanagana okuliwo wakati wa ndagabutonde ey'abantu n'ebisodde nti tetegeeza nti omuntu yeeyubula ng'ava mu bisodde?
  - Waliwo abantu bangi abanyumirwa okugenda mu kuyiga Baibuli okweyongera okuyiga ekigambo kya Katonda.
  - Waliwo abantu si bangi abanyumirwa okugenda mu kuyiga Baibuli okweyongera okuyiga ekigambo kya Katonda.

Sentensi zino zifaanagana ebitundu 97% mu kuwandiikibwa kwaazo, naye ate ng'emu ewakanyiza ddala ginaayo mu makulu. Mu ngeri y'emu endagabutonde zisobola okuba nga zifaanagana, naye ate nga zikola byanjawulo.

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Kubanga ebibye eбitalabika okuva ku kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeererwa ku bitonde, obuyinza bwe obutaggwaawo n'obwakatonda bwe; babeere nga tebalina kya kuwoza*

*[Abarumi 1:20].*

**OKWEBAZA  
KISEERA KYA KWEBAZA N'OKUWAAYO**

Soma Zabbuli 105:1-2.

Omukisa ogw'okuyita mu Baibuli

**1. Byonna by'olina biva wa?** Ensi n'okujjula kwayo bya Mukama [Zabbuli 24:1.]

**2.Ki Katonda ky'atuwadde?**

- Obulamu obutaggwaawo ng'ekirabo [Yokaana 3:16]
- Obulamu mu bungi ddala [Yokaana 10:10].
- Okusinga bye tulowooza mu bulamu obugenda okujja [1Abakkolinso 2:9].

**3.Osobola okwebaza ne mu kiseera ekizibu?** Katonda asobola okufuula ekintu ekibadde ekibi okuba ekirundi [Lubereberye 50:20].

Tulina bingi nnyo eby'okwebaliza. Naye ekitundu eky'okubiri eky'okwebaza kya kuwaayo. Baibuli egamba, Naye kye njogedde kino nti asiga entono, alikungula ntono, era asiga ennyingi alikungula nnyingi.

7 Buli muntu akolenga nga bwamalirdde mu mutima gwe; si lwa nnaku, newankubadde olw'okuwalirizibwa; kubanga Katonda ayagala oyo agaba n'essanyu [2Abakkolinso 9:6,7].

**4.Osobola otya okukoza obusobozi bwo, ebiseera byo, ne ssente zo okuwaayo?**

Engeri empya gye nsobola okukoza obusobozi bwange okuyamba abalala:

- Mu kitundu kyange: Okusoma ku ddwaliro ly'abaana.
- Ebweru w'ekitundu kyange: Okugendako mu misooni ennyimpi n'abamaka gange.

Engeri empya gye nsobola okukoza ebiseera byange

- Mu kitundu kyange: Okutegeka okulongoosa ku muliraano.
- Ebweru w'ekitundu kyange: Okubeera n'omukwano nga gwa bbaluwa.

Engeri empya gye nsobola okozesa ssente zange.

- Mu kitundu kyange: Okuwaayo ku musaala gwange eri ebibiina ebiyamba abantu.
- Ebweru w'ekitundu kyange: Okuyamba okuwagira omu misaani.

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Mumuyimbirenga, tuyimbenga okumutendeeza; mwongerenga ku bya magero bye byonna [Zabbuli 105:2].*

**AMAZAALIBWA / SSEKUKULU.**

Soma Lukka 2:1-7

Omukisa ogw'okuyita mu Baibuli

1. **Ssekukulu yatandika ddi?** Mu Lubereberye 1:28.

2. **Katonda yaleeta ekigezo eri Adamu ne Kaawa, ekigezo ekyo kyali ki?** Okugonda [Lubereberye 2:15-17].

3. **Ki ekyabaawo olw'obutagonda bwa Adamu?** Ekibi kyayingira mu nsi ne wabaawo okwawukana kw'omuntu okuva ku Katonda [Abaruumi 5:12].

4. **Katonda kino yakolera ki?** Katonda y'assaawo ekkubo eriyamba okutaasa omuntu okuva mu kibi n'okwawukana ku Katonda [Yokaana 3:16].

Yesu yayita Katonda, nti "ddaddi". Yesu kyatujjukiza nti Katonda ayagala enkolagana ey'obuntu eya ddala naawe, nga taata bwayagala mutabani oba muwala we.

Bwe twonoona, tuba tuzizza omusango eri Katonda. Kubanga tuli bantu, omuntu yekka ye yali asobola okusasula omuwendo. Naye ate omusango gwali munene ogataliiko kkomo nga gwakolebwa ku Katonda ataliiko kkomo, wabula nga Katonda yekka ye yali asobola okugusasula. Ye nsonga Iwaki Katonda yatuma Omwana okuja akole ekyo kyennyini. Yesu, nga muntu 100% teyakola kibi kyonna, yali atuukiridde. Yesu nga Katonda 100% alina obusobozi okuggyawo ebibi byaffe byonna n'abitwala.

Yesu bwe yafa yeetikka ebibi byaffe byonna, ggwe nange bye twakola nebye tulikola. Ebibi bino byakukuuma nga bikwawudde okuva ku Katonda. Naye bw'osalawo okumwaniriza mu bulamu bwo, oba tokyayawuddwa ku Katonda. Yesu lye kkubo lye tukwata nga tukomawo eri Katonda eryasuubizibwa edda ennyo.

Bikyalibingi ebiriyo naye osanga leero, ku mazaalibwa gano, naddala ng'ebirabo biwanyisiganya emikono, oija kujjukira ekirabo ekisinga obunene ekyali kiweereddwayo – ekyaweebwayo Katonda gye tuli ffenna – Yesu Kristo. Ye yekka ye ensonga Iwaki tujaguza ssekukulu.

Amazaalibwa amalungi okuva eri Practice Ministries.

Ebigambo ebirungi okujjukira.

Atamanya kibi , yamufula ekibi ku lwaffe; tulyoke tufuuke obutuukirivu bwa Katonda mu ye [2Abakkolins 5:4].

## AMAZUUKIRA

Soma Yokaana 3:16.

### Ebyafaayo.

Mu kiro eky'ekyeggulo ekisembayo nga Yesu amaze okumenya omugaati n'aguwa abayigirizwa, n'okutoola ekikompe neyeebaza n'abawa, ne baagenda ku lusozi olwa Zayituuni.

### Omukisa gw'okuyita mu Baibuli.

**1. Yesu yasaba ki emirundi esatu Katonda akole mu Iusuku Gesusamane?** Aleme okuyita mu kokomererwa n'okwawukana ne Katonda [Mattayo 26:38].

**2. Nga Yesu amaze okukwatibwa, abasirkale Abaruumi bamukola ki nga bali mu lubiri?**

- Baamukuba
- Baamutikka engule ey'amaggwa ku mutwe
- Baamudduulira
- Baamuwandira amalusu
- Baamufumita [Mattayo 27:27-31].

**3. Nga Yesu akomererwa ku musaalaba, bigambo ki bye baamwogerera?**

- Okumuvuma n'okumukolimira
- Weerokole wekka bw'oba ngali mwana wa Katonda
- Kka wansi okuva ku musaalaba, naffe tunnakukkiriza.
- Leka Katonda akutaase bwabanga ddala akwagala [Mattayo 27:36-44].

**4. Yesu ye yaddamu ki? Kitange basonyiwe kubanga tebamanyi kye bakola [Lukka 23:34].**

Mu nkola eya bulijo, okuwaayo ssaddaaka eya bulijo mu yeekaalu mu Yerusaalemi, yabangawo ku ssaawa ey'omwenda oluvannyuma Iwamalya gy'ekyemisana ng'otwaliddemu n'olunaku olw'okuyitako. Mu kiseera ekyo, kabona yayimiriranga waggulu ku kituuti kya yeekaalu nafuuwa akagombe oba ejjembe ly'endiga ng'akabonero akalaga nti baalinga beetegese okuwaayo ssaddaaka y'endiga. Nga Yesu awanikiddwa ku musaalaba, yawulira okuvuga kw'akagombe mu kibuga. Yesu yakitegeera nti essaawa ey'okussaddaakibwa kwe yali etuuse. Nga kabona asala endiga y'okuyitako, Yesu yayolekeza amaaso ge mu ggulu n'agamba nti "Kiwedde" [Yokaana 19:30]. Mu kiseera ekyo, endiga y'okuyitako, noyo eyadda mu kifo ky'endiga Yesu – Akaliga kaffe ak'okuyitako, yafa ku ssaawa mwenda ez'olweggulo.

"Kiwedde" era nga kiwedde. Tewakyali kirala kyonna ky'asobola kwongera ku bulokozi. Kye kirabo kya Katonda eri ggwe. Yesu ke kaliga ka Katonda akaggyawo ebibi byo n'ebibi by'ensi. Ggwe osabye Omwana wa Katonda okukusonyiwa ebikolwa byo ebikyamu n'endowooza yo? Wakkiriza Yesu mu bulamu bwo okuba omulokozi wo?

Ebigambo ebirungi okujukira.

*Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana buli muntu yenna omukkiriza naye abeere n'obulamu obutaggwawo [Yokaana 3:16].*

**OLUNAKU LW'EGGWANGA OLW'OKUSABA.**

Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe [2Ebyomumirembe 7:14].

Wandiika okusaba kw'abantu b'eggwanga lyaffe. Waliwo ebibinja 5 ebiragiddwa wansi okukuyamba.

1. Gavument: Katonda okubayamba okola okusalawo okulungi n'okukuyimirako. Federo, amasaza, abakulembeze b'ebitundu, n'obuweereza bw'amaggye.
  2. Ekkanisa n'obuweereza bw'ebibiina eby'obwannakyewa. Amazima okugakuma. Abasumba, ekibiina, ebibiina ebiyamba ab'ennyumba yo.
  3. Emirimu n'amakolero: Okwolesa obufuzi bwa Katonda, okutwala amazima nga ga muwendo, okulabika obulungi, ebisanyusa, eby'amawulire n'amakolero [Londako kimu oba bibiri].
  4. Ab'ennyumba: Okubeerawo ku mazima ga Baibuli: Abazadde, abaana, ab'enganda, amaka agamenyese, abaliraanwa, mikwano.
  5. Ffe bennyini: Okuzibwa obuggyga, amaanyi mu by'empisa.
- 
- 
- 
- 

Ebigambo ebirungi okujukira;

*Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagalam atuwulira [1Yokaana 5:14].*

## KISEERA KYA BUJULIZI

Ekirowoozo ky'okuwa obujulizi bwo -engeri Yesu gye yayingila mu bulamu bwo, kiyinza obutaba kyangu. Osanga otya okulemererwa oba oluusi oyinza n'obutamanya aw'okutandikira. Naye Yesu bwaba nga ddala ali mu bulamu bwo tewali kubuuusabuusa olina eky'okubuulira abantu. Okuyiga engeri ey'okuwaamu obujulizi bwo kye kyetaagisa okuleeta amawulire amalungi aga Yesu Kristo mu bulamu bw'omuntu. Kaakano ka tutandikire wano.... Bw'oba nga tolowoozangako ngeri yakuwaamu bujulizi bwo, bino wammanga birowoozo ebisobola okuyamba okutegeka obulungi obujulizi bwo.

### Okukyuka kwo:

Bw'oba ojjukira ebiseera byennyini, ekifo ekyaliwo (omukolo) we wakkiririza Yesu, emboozি eyo eyinza okola obulungi. Gezaako okutegeka obujulizi obwo nga wetoololera ku bibuuzo bino;

- Obulamu bwo bwali butya nga tonnasembeza Yesu
- Ki ekyakusikiriza (mukolo, njiri, n'ebirala) okukkiriza Yesu okuba omulokozi wo?
- Wafuna otya era ddi Yesu okuba omulokozi wo?
- Yesu akyusizza atya obulamu bwo?

### Olugendo.

Singa okukkiriza luba lugendo ka tuluyite "olw'omwoyo" ebibuuzo bino bisobola okukuyamba;

- Bintu ki ebibaddewo ng'okuyita mu byo Katonda akoze nnyo mu bulamu bwo?
- Mbeera ki, bintu ki ebikwetooloodde oba bantu ki abakuyambye okuza okukkiriza kwo mu Kristo?
- Obulamu bwo bwandibadde butya awatali Yesu? (Okugeza eneeyisa, endowooza, by'otwala ng'ebikulu, enkolagana).

### Okugabana okukkiriza kwo okuyita mu bujulizi bwo:

Gezaako ebibuuzo bino:

- Otegeera otya ekigendererwa kya Katonda mu kutondebwa? [Abaefeso 1:5]
- Otegeera otya ekigendererwa ky'obulamu bwo [Mattayo 22:27-29].
- Ekibi kikuyisizza kitya mu bulamu bwo? [Yokaana 14:15].
- Biki ebyava (ebiva) mu kibi ekyo? [Isaaya 59:2].
- Watandika otya okuleeka obulamu bwo mu Kristo? (Eky'okuddamu). [Abaafeeso 2:8-9].
- Watabagana otya ne Katonda [ Biki ebyavaamu ) [Abaruumi 5:11].
- Ekkanisa oba abakkiriza bakozeemu mulimu ki? [Abakkolinso 12:27].

### Okugatta awamu obujulizi bwo:

- Kitundu ki mu bujulizi bwo ekiyinza okusinga okunyumira omuntu omulala?
- Nyiriri ki mu Baibuli z'oyinza okugatta, oba okozesa mu bujulizi bwo ku buli kibuuzo ekibuuzeiddwa emabega?
- Biki by'oyiseemu mu bulamu bwo nga bisobola okola ng'ekyokulabirako obujulizi bwo okusobola okuvaayo obulungi?

## MANNYA OKUNNYONYOLA KY'OKKIRIZA

- Wandiika wansi obujulizi bwo ng'oli nga abuulira omuntu omulala.
- Bukuumire wakati w'eddakika essatu n'ettaano.

Ku lupapula oluddako, wandiika obujulizi bwo, ng'olaga engeri gye wayingizaamu Yesu Kristo mu bulamu bwo okuba omulokozi era Mukama wo!